LUBAALE MBEERA

KYAWANDIIKIBWA

KIMULI BOB

EBIRIMU

Akagambo k'omuwandiisi.

1. Bakuntumye.
2. Lwe nava mu lubuto lwa mmange.
3. Ntandika okulowooza ku buddu.
4. Ibrahim antaasa okufa.
5. Nnyigirizibwa omutego gwa Lwanyisa.
6. Ntwalibwa ng'omuddu e Buwalabbu.
7. Nsisinkana Sanyu Nnambi.
8. Nkwatagana ne Mbazzi.
9. Nsooka okusisinkana kitange mu ddwaniro.
10. Lwanyisa anzijako Sanyu Nnambi.
11. Akaakyama amamera.
12. Nfuuka omubbi w'okumayanja.
13. Akabwa ke weeyolera.
14. Eyanzaala n'eyankuza, ensisinkano ey'olubereberye.
15. Mmalirira okusaanyawo obusuubuuzi bw'abaddu.
16. Kabaka anneegattako okusaanyaawo obusuubuuzi bw'abaddu.
17. Sanyu Nnambi bamuwamba.
18. Lwanyisa anninnya ku mutwe.
19. Nsisinkana bazadde bange bombi.
20. Okufa kwa Lwanyisa ne Ibrahim.
21. Nfuna omuwala ow'amagezi.
22. Kabaka ansobozesa okuwangula abalabe emitwalo enkaaga.
23. Nneegatta ne bakabaka abalala okumalawo obusuubuzi bw'abaddu
.
24. Bw'eyinda si bw'etonnya.
25. Ensisinkano teba ya lumu.
26. Nsiibulwa kabaka.
28. Omulonde abeera mulonde.

Ebimu ku bisoko n'amakulu gaabyo.

Ezimu ku ngero ez'olulimi Oluganda.

Akagambo k’omuwandiisi

Bw’obanga ofunye ebizibu ne bikulemerera, n’ogezaako buli ky’osobola ne kigaana, oddiranga ebizibu ebyo byennyini n’obikozesa okusobola okubyeteewuluzaako.

Ekyokulabirako.
Oli muyizi mu ssomero, toyita bulungi bibuuzo olw’ensonga nti tolina ttaala waka gy’okozesa okusoma ebitabo ekiro ate nga tewali budde misana kubanga muba musoma mu kibiina. So nga banno bbo bayita bulungi kubanga awaka waabwe basobola okusoma obulungi olw’ensonga nti balina ettaala kwe basomera.
Okozesanga ekkizibu ekyo eky’obutaba na ttaala waka n’osomeranga ku ssomero mu kadde konna k’obanga ofunye ka kibe kitundu kya ddakiika naye ng’osoma n’amaanyi go gonna era n’amagezi go gonna ng’omanyi lwaki osomera ku ssomero. Awo oliyita bulungi okukira abamu ku abo, abasomera awaka waabwe ku ttaala zaabwe.

Ekyokulabirako ekyokubiri.
Obadde mukozi mu kampuni oba ng’olina akukozesa. Wabula mukama wo n’akugoba ng’akugamba nti takyalina sente. N’onoonya ku mirimu naye nga tegirabika. Sso nno nga tolina ttaka mu kyalo nti ogende olimeko ofune ku ssente. Oddiranga ekizibu ekyo kyennyini eky’obutaba na mulimu n’oddayo nate ewa mukama wo, n’omusaba omukolere ku bwereere. Oba n’onoonya omuntu atera okubeera n’emirimu, naye nga talina mu kiseera ekyo, n’omusaba okumukolera nga takusasula wazira n’ofuba okulaba nga okola bulungi emirimu gye, ate n’okola nga teweesaasira wadde okwerekerayo, kasita ng’ofuna ky’olya. Awo bw’alifuna ssente, taliwa muntu mulala omulimu ogusinga obulungi okuggyako gwe. Awo buli lw’olijjukira mu kiseera we wakolera obwereere, kiri kuwa amaanyi n’obumalirivu okutereka ssente ogule ettaka mu kyalo, oddukire ng’eyo embeera bw’eriddamu nate okukubijjira.

KIMULI BOB.


BAKUNTUMYE

“Lumu tulyawukana era ng’abemikwano buli omu aliba asubwa munne. Tulijjukiranga emboozi ze twanyumyanga n’enseko ze twasekanga nga tukyali ffenna. Ebbanga liriyitawo ddene ddala, okutuusa olutindo olugatta ebirowoozo byaffe lwe lulizikirira ekimpoowooze, era bwe lutyo ne luggweerawo ddala. Mmanyi ng’omwana wange alikwata akatambaala kano n’abuuza nnyini ko, era naawe n’omuddamu n’essanyu nti ako kako ggwe, kubanga kitaawo yakakulukira okubeeranga nako buli w’oligenda olw’okumujjukiranga. Bw’owuliranga ng’owubadde, olwo n’okatunulako, n’otegeera nga kitaawo akiikiriddwa. Nkakasa ng’ajja kukasiima, bw’olimunyumiza engeri gy’ennamwesungamu okumulabako mu biseera byaffe bye tweyagalirangamu nga tukyali ffembi, kubanga twali tetufunanga biseera bisinga ebyo okunyuma, era tetusuubira kufuna biseera binyuma bityo nate mu bulamu buno. Omusabiranga nnyo emikisa omwana wange bwaliba azaaliddwa, era bwotyo omundabiranga nnyo.”

Ebyo by’ebyali ebigambo bya kitange ebyasembayo okugamba mmange oluvannyuma lw’okuwulira nti ekyalo kyali kirumbiddwa omulabe mu kaseera ako. Yabyogera gamuwedde agalya, kubanga n’emmere yagirekawo mu kibya. Bwatyo ng’amalirizza byonna, yafuluma ebweru okugoolekanya n’ag’omulabe eyali yakatuuka ku nsisira yaabwe. Ng’oluvuuvuumo luwedde, kitange yatwalibwa omulabe ewala eyo gye yali tamanyi, mu kaseera ako.

LWE NAVA MU LUBUTO LWA MMANGE.

Nga ntudde ku lusebenju mpujjaddeko oluvanyuma lw'okulya ekyemisana, mmange yajja n'atuula okumpi nange, teyakoma okwo n'okwesigama ne yeesigama ekisenge. Bwe nalaba nga aluddewo kko nga atudde awo bukonge era nga tayogera, namusaba annyumize ku ngeri gye nazaalibwamu n'embeera eyaliwo mu biro ebyo. N'alyoka nno alunviira ku ntono! Yannyumiza nti nazaalibwa kawungeezi ng'obudde butandiikiriza okuziba era ku olwo omwezi lwe gwaboneka oluvanyuma lw'ekizikiza ekyali kimaze ebbanga eriwera nga kiridde ensi, anti ng'ezzooba terikyalabika. Buli muntu k'ebe nsolo baali mu kwaziirana, nga basula ku tebuukye, era nga olukeesa lwe babala, anti olw'obusuubuzi bw'abaddu obwali bweriisa enkuuli buli olukya.



N'alyoka nno alunviira ku ntono

Yaŋŋamba nti mu kuteebereza kwe, nazaalibwa mu 1800AD ku mulembe gwa Ssekabaka Kamaanya, wamale wayite emyaka kkumi gyokka, ate Ssekabaka Suuna ow'okubiri amuddire mu bigere, era alye nnamulondo oluvannyuma lw'okuzaawa kwa kitaawe mu 1810.

Obusuubuzi obw'enjawulo bwanyiinyitira nnyo mu biseera ebyo, naye nga Abawalabbu be baali abasaale mu bwo. Abantu baafa nnyo era baatokomokera ddala, nga totaddeeko bintu byabwe omuli n'amayumba ebyaasaanawo. Ebyo okubaawo byaleetebwa entalo n'okusuubula abaddu okwali kulidde Ssemazinga Africa kumpi yenna, era kyali nga kizibu nnyo omuntu wa bulijjo okusimattuka. Kino nno kyavaamu enjala nnyingi etayogerekeka, eyaleetera n'amawanga agamu okusengukanga buli kiseera, mpozzi okufuna ku buweerero ekitaali nga kyangu n'akamu n'akeddagala. Anti ng'oluusi gye boolekera ofundako ne gye bava. Abawalabu bwe baalumbanga, baatwalanga abavubuka bonna okubafuulanga abaddu, so ng'ate abakadde n'abaana abatasobola kulima mmere gye banaalya okubabeezaawo, baasimattukiranga watono okuttibwa.

Lumu mba nsemberedde okutonnya ku nsi era nga kitange ne mmange bali mu nsiisira yabwe bavuunyula ddigobe embuzi evuunyuula biwata, kwe kuwulira enduulu eyali ezuukusa n'abaafa ebweru. Kitange yafulumirawo ebweru nga teyeebuzzizza na ku muntu yenna okutegeera ekigenda mu maaso, mpozzi anadduukirira ssinga nga waliwo omutawaana. Bwe yeetegereza, n'alengera enju zonna ez'ekyalo nga zirumbiddwa omulabe era nga enju z'abataka b'okukyalo ezisinga ziteta muliro. Naye ng'omulabe akyali walako okuva we bali. Awo kyeyava ayingira nate mu nsiisira nga atunula kwennyamira kweereere enkoko kw'etunula nga erengedde ekiddirawamu ekigyolekedde. Awo kwe kukwata ebbali awo n'ajjawo akatambaala keyeerukira n'emikono gye ye, bwatyo

n’akakwasa mmange n’emikono ebiri nga amutunuulizza amaaso ag’ekisa. N’ayogera ebigambo bino nga ayogera nti, “Luliba lumu ne twawukana era ng’abemikwano buli omu aliba asubwa munne. Tulijjukiranga emboozi ze twanyumyanga…….” Ng’amaliriza okwogera ebigambo ebyo, yassa ekikkowe n’asiriikirira. Baba bali awo ne bawulira Abawalabbu nga bazze. Akataayi okusala oluggya nga kitange ali bweru. Kitange n’alyoka apapirira, n’akikiitana, natuuyana, okutemya n’okuzibula ng’afukamidde n’okuvuunama navuunama. Omanyi Abawalabbu nga tebaagala bitiibwa bitooke by’ebigwa!

Awo omusuubuzi oyo omukulu eyali akulembedde okusinziira ku by’ambalo bye kyava alagira nti “Mumukwate oyo n’enju mugyokye.” Awo kitange n’alyoka ayogera mu ddoboozi eriwulikika nti “Lindako ssebo, waliwo kye njagala okukusaba taata, nkuweereze n’omutima gwange gwonna nga sseerekeddeeyo wadde. Ssebo mukyala wange ali mu ssanya we njogerera, bambi mbadde nkusaba ontwale ng’omuddu era obonyeebonye emmome nga bwoyagala, naye oli omuleke azaale bulungi. Ekyo bw’okinkolera, nkusuubiza abavubuka ab’amaanyi ku kyalo kino, nkulage n’ensibuko ya feeza ne zaabu, era nja kukulaga gye balundira egganga ly’enjovu okuyoola amasanga nga bw’oyagala. Ssi ekyo kyokka, nja kukola buli ky’oyagala kyonna mu bwesimbu obw’ekika ekya waggulu, wabula nga nkikola lwa kwagala mukama wange eyawonya mukyala wange n’omwana so si muntu gwe nneekokkola obulamu bwange.”

Awo oyo omukulu kyava yemwemwetula ng’ekikutuzi ekirabye eyeeyalira, n’amala n’amutunuulira ekiziimuziimu omugole kyatunuulira ettooke etto n’asirika. Kitange n’alyoka akaaba agajjulujjulu ng’alinda omukulu ky’anaasalawo. Olwo nno mmange mu nsiisira gyali, awulira ekigenda mu maaso ebweru, omutima gumukubagana, emeeme emutundugga,

entuuyo zittulukuka ng'ava mu luzzi, era ng'asaba busabi Balubaale bayambe buyambi, kubanga yalabira ddala nga emmandwa eyunguka amaziga mu kadde ako.

Awo omukulu oli n'alyoka alagira nti "Mumusibe mumuggyewo mangu." Ne bamuggyawo. omukulu oyo n'atoola abamu ku basajja be mukaaga mulambirira n'abalagira okukuuma ensiisira eyo, omukyala abeere mu mirembe, ate era azaale bulungi nga kitange bwe yali asabye, wozzi okuwuliriza kwe kuleme kufa ttogge. Awo kitange n'agwa wansi ne yeebaza omukulu oyo, n'amusuubiza okumuweereza n'obulamu bwe bwonna era nga bw'akaaba ag'essanyu eringi mu kaseera ako. Ng'amalirizza, baamusiba enjegere mu bulago ne ku bigere, ne bamuyunga n'abaddu abalala. Newankubade kitange baali bamutwalidde ku njegere nga tewali na ssuubi lya kuddamu kumulaba nate, mmange yasanyuka era teyakola kirala wabula okwebaza Balubaale olw'obuyambi bwe baali bamuwadde mu kiseera ekyo.

Nga wayise akaseera mpa we kaaga, Abawalabbu abalala nga bayitawo bagenda, eyali akulembeddemu kyava atta ku bigere, n'awuliriza era n'akyusa amaaso ge n'agolekeza ku nsiisira mmange mwe yali. Olw'okuba yali ekuumibwa, yeeyongerayo gye yali alaga. Kyokka aba tannaba kweyongerayo bigere biwera kkumi, kwe kulagira basajja be bamugoberere mbu nga alabika yali alina kye yeekengedde. Ng'atuuse ku nsiisira omwali mmange, kyava abuuza abakuumi nti "Mwe mukola ki wano?" Tebaamuddamu. Yalaba tebamuzzeemu, kwe kulagira abakuumi b'ensiisira nti "Mwokye akayumba mujje mungoberere, kubanga kirabika mwabuze, tomanya nnyinza okusanga mukama wammwe mu butanwa." Era tebaamuddamu. Kyava abalagira bave mu mulyango ayingire alabe ekiri mu nda. Ko bbo nti "Ssebo muno mulimu baddu ba mukama waffe, era atulagidde

tubakuume okutuusa ng'akomyewo. Ko ye nti "Kati lwaki obwedda temunnyanukula?"
Awo n'akwata ekkubo n'agenda. Bw'aba aky'agenda, n'akyuka n'abatunuulira nate, n'awulira ng'omutima teguteredde. Awo n'akomawo n'ajja nga yeebuuza nti "Naye bwe tujja okutwala abaddu, tutwala abasobola, abasigade ne tubatta n'enju ne tuzookya. Kijja kitya ate nga waliwo be baasibidde omwo? Enjegere z'ezaabuze oba?" Ky'ataamanya nti yayogera bino ng'anatera okubatuukako, era yatomera n'omu ku bakuumi ba mmange nga tagenderedde. Mu budde obwo kyeyava yeesulamu jjulume, n'abalagira bamuviire ayitewo akebere munda. Omu ku bakuumi kyava amutaayiza mu kkubo n'amugamba nti "Ssebo omukulu, kiki ekikukomezzawo? Ffe tuli ku biragiro bya mukama waffe, oba olina ekibuuzo kyonna, linda mukama waffe akomewo obuuze ye so si ffe."
Ko ye nti "Wamma basajja bange muyingire mulabe ekiriyo."
Baba bayingira, omukuumi eyababuuza ekyali kibakomezzaawo kyava atta omusajja w'omukulu oyo ng'agezaako okuyingira, n'owokubiri n'assa okwo. Awo n'alagira banne abataano badduse omukyala, ye asigale ng'ataayiza bano. Ko bo nti "Nedda mukama waffe, tujja kufiira wano naawe." Awo ne batandika okulwanyisa abaserikale b'omukulu oyo. Naye waliwo abamu ku basajja b'omukulu oyo abaatta abakuumi ba mmange babiri balambirira, era baasigala bana. Awo ne beeyawulamu kubanga yabagamba nti "Tetutyinza kujeemera biragiro bya mukama waffe. Yatulagidde tumukuume n'obulamu bwaffe, kati mwe ababiri mumutwale, ffe tutaayize bano, bwe tunaamala, tujja kubagoberera." Munnange abaalagirwa tebaali babi nga batwala mmange, bano ababiri ne basigala. Mmange bwe baali bamutwala okuwona ekibambulira, yatunula ennyuma we, n'alengera nga abasigadde emabega

balwana kufa na kuwona. Kyokka teyamanya ng'eryo lye lyali eriiso erisembayo okubalaba mu bulamu buno. Anti okuva ku olwo, tebaddangamu kulabika na guno gwaka. Awo bano ababiri ne bamubuuza gye baba balaga. Ko ye nti, "Tugende mu biggya, mu malaalo amangi, kubanga eyo Abawalabu tebatera kugendayo, anti baba tebasuubirayo bantu." Awo ne boolekera eyo, ne bazimbayo n'ensiisira. Enkeera w'olunaku olwo nga kye bajje basenge mu malaalo ago, nange ne ndyoka nzaalibwa, era we baannyumiriza bino, akatambaala kitange ke yali yandukira ka ndi mu ttaano.

Nga tumazeeyo eddaaza dambirira, waaliwo abalala abaatwegattako. Mmange bwe yali anyumiza basajja be bali obugero bwa Abaganda obw'edda, kyebava balengera omusajja akutte omwana ku mukono abaali baboolekedde nga balinga abadduka ekibambulira so ng'era bwe kyali. Nga batuuse, mmange y'abaaniriza, n'abatuuza wansi, era n'abasanyukira nnyo. Nga balidde n'okunywa banywedde, mmange kwe kubuuza omusajja nti "Naye ssebo, ng'ofaanana mayumba kkumi?" Ko ye nti, "Ye nze," yaddamu kino ng'assa nnyo, n'ayongerako nti "Naye kati si kyali." "Awo n'alyoka anyumya ebimutuuseeko. Yagamba nti nga balumbiddwa Abawalabu ye n'ab'omumaka ge, abamu ku b'awaka baajjayo amafumu n'emiggo okuziyiza Abawalabbu okukwata ku mayumba kkumi. Nga balemereddwa, Abawalabbu baajjayo eryanyi ly'emmundu ne batirimbula abaalemerako ennyindo z'abatirimbuddwa ne zinywegera ettaka. Mayumba kkumi ye yafulumira manju ayotte. Naye aba afuluma, n'awulira abalabe nga bajja misinde okuva ku ludda olumu olw'ennyumba, awo kwe kudda ku lulala. Bwe yalingiza emiryango, yagenda okulaba ng'abavubuka bonna abaali bawonyeewo babatwalira ku njegere so ng'ate abakazi n'abaana abaalabika nga tebalina mugaso gye bali baabatta

bussi. Aba akyali awo, agenda okuwulira ng'emmanju waliyo abavaayo bajja ku ludda lwe yaliko ate nga emiryango waliyo ekizibu. Awo kye yakola, kwe kugwa wansi n'asembera mpolampola emiryango, ne yeekulula, n'akwata omusaayi ogwali gulegamye mu kisasi ebbali, ne yeesaaba, era n'afuna n'akaso akaali kaanywedde mu ddiba, n'alijja mpolampola ku gumu ku mirambo, bwatyo n'alyewumuzzaako nga litonnyolokoka omusaayi. Buli eyamulaba, teyasuubira nti na mulamu tteke. Bino yabikolanga nga abalabe bali mu kunyweza bavubuka b'awaka. Nga akavuvunano ako kawedde era nga n'abalabe bagenze, awo we yaddukira nga bukyali si kuba nga waliwo eyasigadde emabega n'amulaba ate ne zidda okunywa. Anti baalugera dda nti "Ennindiza……." Aba agenda awammanta bwatyo, kyava awulira omulenzi amuyita ennyuma we nga aleekaana nti "Ayi mayumba kkumi, nnyamba ŋŋende naawe, anti ewaffe nze awonyeewo nzekka, nnyamba bambi mayumba kkumi." Awo kyava ayimirira n'amulinda, n'amukwata ku mukono, n'adduka naye yenna amaziga nga gamuweddemu olw'okukaaba ennyo. Omulenzi oyo oluvannyuma yakula era n'erinnya lye yali ayitibwa Lwanyisa Embeera ate nze Lubaale Embeera, weewaawo abantu baasalanga ku mannya gaffe ye ne bamuyita Lwanyisa ate nze Lubaale. Lino erinnya lyantuumibwa kitange nga tannaba kulumbibwa na kutwalibwa Bawalabu ku lunaku lwe yategeera nga mmange alina olubuto. Olwo nange lwe nategeera nti omukulu oli gwe twayitanga jjajja ffembiriri nze ne Lwanyisa teyali jjajjaawe ddala, era lwe nategeera n'ebyaliwo nga sinnaba kuzaalibwa. Mmange ng'annyumirizza ebigambo ebyo, ekintu ky'okutusuubula ng'abaddu kyanfumita nnyo mu mutima gwange era ne nsaba mmange ŋŋende mu kibuga nneerabireko bwe basuubula abaddu. Awo kyava anziramu nti "Tokigezaako, onoonya kufiira bwereere nga ne kitaawo

yawaayo obulamu bwe ku lulwo mwana wange! Tuba tukyali awo, Lwanyisa we yatuukira n'ansaba tugende tuzannye. Okusinziira ku mayumba kkumi, Lwanyisa yali ansingako emyaka ng'ena egy'obukulu. Mu kikula kye yali akaayanira nnyo ebintu bye ng'omuntu abikutteko, so nga n'omala omugambako nga akutte ku bibyo, nga ojja kwejjussa ekimukugambisizza. Bwe yayagalanga omuntu nga amwagala n'omutima gwe gwonna. Kyokka bwe yakyawanga omuntu, nga ne bwokola otya talikwgala. Bwe twali tuzannya, namubuuza ambuulire ebimukwatako. Kyokka bwataagaana! Nagezaako ne mmusosonkereza nnyo ambuulire naye n'agaanira ddala. Bwe nalaba nga nkowoola musibe abombye, nange ne nkona nga bikongo obutaddamu kumubuuza nate. Anti "Ekita ekitava ku ssengejjero------"

NTANDIKA OKULOWOOZA KU BUDDU

Ekiro ky'olunaku olwo nabulwa otulo era nasula amatu gali bweru nga nfuuyirira kagalo obudde bukya ddi nsobole okugenda mu kibuga nga tewali ategedde. Nasula ndowooza ku ngeri gye baatwaalamu kitange, ate ebirowoozo ne bigenda biraba Lwanyisa nga muto, bazadde be battibwa mu maaso ge, enju yaabwe eyokeddwa n'akasolya kaguddemu kyokka naye awonedde watono okufa ate nga muto nnyo. Kale nno emmeeme yange n'eremererwa okutereera ekiro ekyo. Ku nkya, obudde nabulabira mu luggi ne nkeera nnyo mu matulutulu nga n'emmunyeenye zikyetimbye ku ggulu. Nafuluma mpolampola ne ntambula, bwe ntyo ne njolekera okugenda mu kibuga kasirise. Bwe mba ŋŋenda, Lwanyisa n'ayita n'eddoboozi ddene nti, "Lubaale nkulaba, komawo togenda, oba si ekyo nninda tugende ffenna." Ko nze "Nja kukuteeka mu buzibu bwa bwereere, luno olugendo lwange nzekka." Ko ye nti "Lwaki ogenda nga nnyoko ya kugaanye?" Ko nze "Eyeetuukidde tanywa matabangufu." Ko ye nti,

“Kayemba nnantabuulirirwa……..” Ko nze “Oyo yali Kayemba naye nze Lubaale Mbeera ag’obuzaale.” Ebyo nabyogera mbulirayo era sikiwa nga yabiwulira n’okubiwulira. Bwe ntyo ne nzirukira ddala butatunula nnyuma si kuba nga Lwanyisa angoberera. Nga naatera okutuuka mu kibuga, nasooka ne nneekweka mu ttale eryali awo ebbali si kuba nga nneeyoleka Abawalabu ne bansanga ne nnejjusa ekyantonza ku nsi. Ebyembi, nali siraba bulungi, bwe ntyo kwe kuwalampa omuti nsobole okulaba obulungi ekigenda mu maaso mu kibuga. Nga ntuuse mu matabi, nalengera abantu be saasobola na kubala nga basibiddwa olujegere lumu mu bulago wazira nga waliwo alusikira mu maaso okubatwala gye balina okulaga. Si ekyo kyokka, nga n’ebigere bisibe byombi ebya buli muntu nga sitaddeeko emigugu bigonwa gye baali beetisse nga babulako katono okukweeya mu ttaka n’emigugu. Ekyasinga okunkola obubi, ge mabwa agaali gajjudde emibiri gyabwe nga n’ensowera zibanyookako, kyokka nga bbo Abawalabu batambulira ku mbalaasi bwe babakuba embuukuuli z’emiggo mbu banguwe. Mba nkyatunula, ne ndaba nga waliwo omukazi eyali yabinikiddwa eggugu eddene erimukubisaamu emirundi ebiri mu bunene wabula nga aliko kyasaba omu ku bakuumi amuyambe kye ssaasobola kuwulira kubanga nali wala. Okwali ng’okuddamu, omukuumi oyo yawuttula muwuttule eriggo, okwetegereza ng’omusaayi gukulukuta nga mazzi ga mugga, era baamwongerayo ziizo oli nga agudde eri era n’atasukkawo. Anti “Eva ku mugendo…..”

Bwagwa, ate eyamuli mu maaso olujegere ne lumutuga naye abakuumi ne balukwaata. Awo ne babakwaata bombi ne babasumululako ne baleka awo, kyokka nga babayisizzaamu ebitala si kuba nga baali baakiteeseteese ne bawona. Mba nkyasamaaliridde ku ebyo, nga n’omumwa njasamye, ettama ndiwaniridde okukira omukadde awaniririra mmindi ye, gye

nakuba amaaso ku kasolya k'ensiisira emu nga kagwamu. Waliwo abaabuukayo naye buli eyabuukangayo nga bamussa kitala, oyo eyali nga tayagala kuttibwa kitala nga asigalayo olwo nga omuliro gwokya emmome. Awo ne ndyoka nkulabira okufa n'okubaalinga okwali wali nga sitaddeeko okwokya n'okubabira buli kasiisira akaaliwo. Kye nalaba ku olwo sikirojja. Nzijukira bwe baakwata omusajja ne bamusiba. Bwe yali akaabira mukazi we omuserikale n'alyoka amuwuula olukoba mu mbiriizi ne basanjaga mukazi we nga alaba. Si kyokka, n'abaana be ne babakola bwe batyo ne bamala ne bamukasukira ebiwuduwudu. Olwo omusaayi ne gumumansukira, ate bo enseko ne zitta. Nga bamaze ebyo ne bamwongera eriggo liri ffulula biswa mu mugongo ne basiba ne batwala. Awo ne ntunula era ne ndaba nga balirwana beewaayo nga beesiimidde. Anti "Atatya musajja munne……"

Nga ndi mu muti ntunula n'okutya kunnyambadde, nawulira akasense waggulu mu muti nga kabuuka. Kyokka olw'entiisa gye nalimu, nneekanga nnyo ne ndowooza nti nange bantwala. Mu kwekanga okwo, nagwa ekigo ssonsomola n'enkoona n'enywa. Awo omusuubuzi omu bwe yali akulembedde eggye lye, nga balina abaddu be batwala, omu ku baserikale be kyava awulira ekigwa. Bwe yajja okumpi we nali, nateebereza nti andabye. Ko nze "Wano wafiira muloge, bwe ntyo nga ntiguka nga nnejjawo. Olw'okuba nali ntaasa bulamu, nadduka emisinde miyitirivu, ne mpita awaali ebinnya kubanga ekifo nali nkimanyi bulungi. Olwo nno nga njagala oli aggweemu amaanyi agangoba ssinga ansimbako. Bwe ntunula nti emabega, nga mmulaba angoba nga amubbyeeko akasawo ka zaabu. Kyokka ne mu binnya gye nayita teyabigwaamu, bwe ntyo ne nziruka nga nsaba busabi nneme kukwatibwa. Munnange nga tudduka, nzuuyo, mpise mu bwakedde mpulira, mmubuuse, olwo nno njagala

amulemese. Naye olowooza yamulemesa? Wa! Yabuuka mubuuke!! Awo nno ne mmanya eyanjalula bw'esiride era nga okuwona omusajja oyo kunaaba kusomoka kyokero. Bwe nali naatera okutuuka awaka, ne ndyoka mpitaayita mu ddoboozi erizuukusa n'abaafa nti "Lwanyisa, maama, nfa."Awo bwe yawulira nga mpita ate nga tennabaayo ajja, kyava akyusa amaaso ge addeyo gye twali tuvudde. Aba addayo bwati, nga abakuumi ba maama bali ababiri baamutaayizza dda. Ssi be bokka, ne Lwanyisa nga wuuno. Bwatyo n'asibwa emigwa. Aba yeecanga, Lwanyisa n'amussa ekyambe kyange ku bulago, bwatyo nakkakkana. Kyokka newankubadde nadduka bwe ntyo, ekyannyamba okusinga kwe kuba nti mukama we yasooka kumugamba kunkwata nga ndi mulamu. Mu kaseera ako nali ntandise okuddduka, ate bwe nayongeramu nga atandise okungoba, awo wamma ne mpenyuka nga kaweewo. Awo Lwanyisa n'agenda n'afuna eriggo eddene obulungi eryakula ne liwola n'amubetenta ku kibegabega, n'amukubira ddala ng'atta omusota. Ate si ye yawonera awatono okuttibwa Abawalabu! Ono ye yasasula. Nalaba agenda kumussa emiggo, nze kwe kuyimirira ku magulu gange ne mmuyimiriza nga mmugamba nti "Ttotta musajja ssebo, si ye yatta bazadde bo ssebo." Ko ye nti "Simanyi mwekobaanye?" Ko nze "Nedda baaba." Ko ye nti, "Kati ndeka." Awo kwe kusituka ne mmuwawaabira ewa mmange ne jjajja .Bwe baagezaako okumuyimiriza, yakuba mmange oluyi olwamusuula ne wansi nga teyeesiimidde .N'alyoka amugamba nti "Ekikukubizza kuyomba lutulumuko nga gwe babbira omuzigo. Ate oyo Lubaale anankola ki?" Mu butuufu nali sirabangako nga Lwanyisa akyuse okutuuka ku kino. Awo kyenva nnyamba ku mmange n'asituka n'ayimirira. Bwe nalaba nga Lwanyisa ayinza okunzitira omuzadde ate nga ayinza okutta omusajja atalina kyakoze kibi, kwe kujjawo ekyambe kyange ne nkiteeka ku bulago

bwa jjajja ne mmugamba nti “Bwotolekeraawo kutulugunya musajja oyo jjajjaffe wa kuyingira kaganga.” Awo Lwanyisa n’alyoka alekeraawo okutulugunya Omuwalabu oyo era ne ndagira abakuumi bamutwale bamuggyewo. Nga bamuggyeewo, jjajja yansaba ntwale maama mmufunire ku ssere amusibe we yali anuubuse, kubanga yali akyanyeenyeza Lwanyisa mutwe ku kye yali amukoze. Newankubadde nga nange nali sisobola kunakuwala nnyo nga Lwanyisa ayimbya Omuwalabu oyo endubaale, naye okumuwolereza n’okumutaasa okuva mu omukono gwa Lwanyisa byava ku mpisa mmange ze yali yankulizaamu awaka. Nga ezimu ku zino y’enneeyisa gye yali yansomesa okweyisangamu nga Lwanyisa anjiikirizza bwe twabanga tuzannya nga anzijeeko ebyange. Awo nga tusigadde ffekka nze n’Omuwalabbu ono, namukubako enfuufu ne muteewuluzaako ku migwa gye yali asibiddwa newankubadde si gyonna aleme okudduka. Kyenva mmusemberera nga nzimbye ng’obudde era nga nzirugadde ng’entamu efumba ne mugamba nti, “Bw’ombuulira amazima njakukuwonya n’okusumulula nkusumulule. Naye bw’ogaana, ng’omanya ebbwa lisambye eddagala kubanga ndi mwetegefu okuwoolera eggwanga nga Lwanyisa ku lw’abazadde baffe.” Awo ne mmubuuza nti “Mbuulira, kitange wali omulabyeko e Buwalabbu?” N’anziramu nti, “Naye taata ssebo, nga tutwala abaddu bangi, olowooza nnyinza okumutegeera? Wozzi mbuulira enfanana ye osanga naamutegeera.” Ebyembi nange nali simulabangako era nga simanyi bwafanana. Ky’enva ndowooza eky’okukola ne kimbula. Ne nfumiitiriza nga mu butufu sirina bwe nnyinza kunnyonnyola kitange bwe yali. Mba nkyali mu birowoozo, kyava anneegayilira obutamutta, mbu kubanga naye yali agendedde ku biragiro lwe yangoba. Wazira n’andaalika nti ssinga mmuwa omukisa, ajja kukola kyonna kye naaba mmulagidde. Ko nze nti, “Ky’otegeeza oyagala nkute?” “Ko

ye nti, “Bwe kuba kunsindika nzireyo, awo waakiri onzita kubanga alemererwa ewa mukama wange n’addayo tattibwa mu bukambwe kyokka, wazira n’abomumaka ge bonna nga mulimu n’abazadde battibwa okusobola okulaga abalala ebibala ebiva mu kulemwa okutuukiriza mukama wo kyakugambye ye kyayita obujeemu.” Awo nze kwe kumugamba nti “Nsuubiza nti onaabera mukwano gwange era onneerayirire obwesigwa bwo okuwangayo obulamu bwo ku lwange ng’obeera muddu wange, ekyo osobola okukikola?” Ko ye nti “Okuva leero nnaabeeranga muweereza wo, omuddu wo era mukwano gwo nga ggwe mukama wange. Sirikkiriza kintu kyonna kukutuukako nga nze tekinnantuukako.” Ko nze “Kakasa by’oyogera kubanga ng’oluyindiyindi bwerutaliibwa nkagga, nange bwe ntyo sirimbibwa, owulidde?” Ko ye nti, “Ssebo nkakasa kye njogera.”

Nga mmalirizza okumulayiza, namwongerako akakwakulizo akalala nti “Okkiriza n’okukuwongayo eri Balubaale baffe? Kubanga bw’okkiriza, ndi kwesiga n’omutima gwange gwonna era ndibeera mugumu ng’asula wansi. Anti bwe mmala okukuwongayo, n’omala ondyamu olukwe, ggwe ne mukazi wo, n’abaana bo, n’olulyo lwonna okuva ku jjajjaawo balifa ne baggwawo yonna gye baliba bali nga bafa muliro. Era nkuwa gaabuwa nti “Bwoba toosoble kuba mwesigwa, ŋŋamba nkutte otaase abantu bo, okkiriza okukuwongayo?” Awo n’alyoka alowoozaamu okumala akaseera okutuusa lwe yanziramu nti, “Mu butuufu oli kiso kya Muwalabbu, bwe kiva mu kiraato kyakyo tekinyweerayo nate nga tekiyiye omusaayi.” Ko nze “By’oyogera sibitegeera.” Ko ye nti, “Engeri gy’otomala gasiriwazibwa newankubadde okulimbibwa, nkukakasa nga nkugamba nti tewali mulabe alikulema kuwangula era tewali alikulemesa yonna gy’olitambulira kasita nga olwanirira kituufu.” Ebigambo

ebyo nno byatuulira ddala mu mutima gwange, era nabikuuma ne leero. Kyokka nno olowooza namukimulaga nti mpulirizza byayogera? Wa! Naboggolera muboggolere nti “Sikugambye kunziramu ebyo era toddamu n’okola ensobi eyo. Owulidde?” Ko ye nti “Nsonyiwa mukama wange.” Ko nze “Nziraamu kati.” N’asooka asirika. Awo ne mmugamba nti “Owange jjukira nti, “Nze ndi kagumba ka mmale akatanyigirwa mu tooke.” Nga mmalirizza okwogera ebyo, ne nsitula ekyambe kyange nkimusogge. Wabula mba sinnaba, ye kwe kumbwatukira omulundi gumu nti, “Ssebo nzikirizza lekeraawo.” Awo ne nzisa ekikkowe, ne ndagira abakuumi bamuwe amazzi anaabeko. Oluvannyuma nafuna eddagala ne mmusiiga ku biwundu nga tannagenda kwebaka. Nga tumalirizza ekyeggulo, namulaga aw’okusula awalungi we nali namutegekedde. Era saaganya kintu kyonna kibi kutuuka ku muddu wange. Anti “K’onooweeka.....”

Ebyo nno byonna okubaawo, Lwanyisa ne mmange awamu ne jjajja baali boolekedde kwambalaga na gyalobera wannyindo okweggala, mpozzi n’okugula emmere mu katale. Mu kiro ekyo, nneebakayo ekisisimuka kimu kyokka. Anti nga ndowooza ku Muwalabu oyo kye nali ow’okumukozesa na butya bw’anannyambako mu kuzuula kitange. Nga nkyalowoolereza, nasituka omulundi gumu ne nfuluma ensiisira yange okwolekera ensiisira Omuwalabu gye yali asuzeemu. Gaali mattansejjere ne ŋŋenda nga nneerimba mu bisiikirize by’emiti emitonotono egyali okumpi n’oluggya. Akeezi kaali kaaka wamma ggwe nga keememula. Ebikere nga bikaaba, n’omusulo okuva mu ggulu nga gujjudde omuddo gwonna era nga n’ensi yonna esirise. Ate natambula mmeka! Nga ntuuse mu nsisira ye, saalwa ntuuse munda, nkoleezezza ettaala, mmutadde ekyambe ku bulago, mmuzuukusizza, azuukuse, yeekanze, mmugumizza nga bwe ndi mukama we Lubaale mbeera. Ko ye nti “Lubaale Mbeera

kye ki?" Ko nze nti, "Eryo linnya lyange, ate ggwe erinnya lyo ggwe ani?" Ko ye nti, "Nze Ibrahim mukama wange." Bwe yagenda okwetegereza, oluggi nga lusibe nga bwe yali yalulese. Kyava ambuuza engeri gye nayingiramu. Mu kifo ky'okumuddamu, nalagira mulagire kufuluma bweru. Nga tufulumye, twatambula kasirirse naye nga tusambyasambyako okutuusa lwe twatuuka we twali tulaga. Nali nategese buli kimu gye twali tulaga. Era tutwatuukira ku nsonga. Nga mmaze okumukolako emikolo egitali gimu, twakomawo nate awaka. Nga tutuuse, nze kwe kumugamba nti "Kati nkwesiga, kubanga w'okolera ensobi yonna, owedde, owulidde?" Ko ye nti "Ye ssebo." Awo ne mmugumya nti emitawaana gya Lwanyisa egyo gyali gya kukya mu bwangu. Nga tutuuse mu nsiisira, yatuula ku buliri bwe nga atintima yenna omubiri, olw'erimu ku ddagala eryali likambagga lye nali mmunaazizza. Namuleka atema bisiki, nze ne nvaayo okudda mu nsiisira yange. Awo ne ndyoka nfuna ku tulo. Omanyi nali nasima engeri y'empuku esobola okuyingira mu nsiisira gye nassaamu Ibrahim ono. Era omwo mwe nayita mmale nnyingire ewuwe. Kino yakiteegeera luvanyuma.

IBRAHIM ANTAASA OKUFA

Nga bukedde, Lwanyisa yabukeereza nkokola n'ayita Ibrahim, n'amusiindiikiriza nga amulagira okusima ekinnya kya kabuyonjo ekipya. Musajja wattu n'akisima nga bwalagiddwa si kuba nga Lwanyisa akola kyatandikoze. Anti "Ssekawuka kaali kakulumye……..." Omanyi nga Lwanyisa yaguddemu kasiiku mu mutwe, nga takwata kiti akwata mbazzi. Bwatyo n'adda awo kuzingira mikono mu kifuba nga bw'atunuulidde Ibrahim nga asima ekinnya. Awo mu kalasamayanzi abaana abato we basinga okunyumirwa nga boota akasana ak'okumakya, natuuka ku kinnya kye yali asima ne mmukoowoola ajje alye ku kintu. Anti naawe omanyi bwe gava mu kulya. Nali ndeese ebibya ebinene obulungi bibiri, ng'ekimu kijjudde lumonde omwokye ate ekirala nga kirimu enva za kawo ezaali zibugumiziddwa nga zaafisse ku kyeggulo, mpozzi n'ekitole ekinene eky'ettooke. Naleeterako n'olwendo lw'amazzi anyweko ageme ku nnyonta. Anti naawe omanyi nga bwe yatta nakabutuzi e Ssingo. Wamma ddala abaalugera baalutuusa nti "Akwanyuyira naawe omwanguyira empogola weyeeyasiza w'ogisusira," anti embooge okugenda okubuguma, nga yavuddeyo dda, wamma ggwe nga ekirevu kizina n'emimiro nga gikola dduyiro. Tuba tuli awo tulya, nga tulinga abatuuse ku ntikiko y'ensi, Lwanyisa nga zimuleese. Teyalwa, n'ajja ekibya mu ngalo za Ibrahim, n'alya emmere ye n'agimalawo, n'anywa amazzi n'olwendo n'akunkumula. Bwe yamala okubikaza, ekibya n'olwendo n'akasuka awo. Tugenda okutunulamu nga byonna biragula. Nze ne Ibrahim twatunuulira mutunuulire era tewali yamuwuuna newankubadde okumubuuza. Nalaba munnange agenda kuviiramu awo nga ogw'ekkanzu, nze nga ekyange nkiwa Ibrahim. Olwali okukimuwa bwenti, era nga atandise n'okulya, Lwanyisa kyeyava asamba ekibya ne kigwa mu

ttaka n'ekitole kyeyali akutte nakyo ne kigendera mu kkowe lye limu. Awo n'akirinnyalinnya, n'akimementula, n'atuula awo ebbali n'atutunuulira. Nga bwe bagamba nti totta kibe nga tekinnakenena ndusu, nasalawo mmutereke mmukwase oluvannyuma. Wazira ssinga Lwanyisa yamanya ekiruyi kye nali mmufunyeeko mu budde obwo, yandibadde tasigalawo we nali mmulabira, kubanga nawulira ne kanzunzu mu mutwe omuyizzi kaawulira nga bamunyazeeko omunyago gwabadde aguzeemu obulamu. Olw'obusungu obungi obwali bwegazaanyizza omwoyo gwange, kyenva nnyimirira ne mutunuulira ng'anaamumira. Okutemya n'okuzibula nga amputtude oluyi, sibadde mubi ngudde ku ttaka, ngolokoseewo mmukutte okugulu, mmulumye omusaayi gutiiriise. Bwe yalaba ku nsanke okuva mu kugulu kwe, n'alyoka agamba nti ka nkukube ne nnyoko asiime. Kwe kunkuba ebikonde ne ngwa wansi, taludde ajjeeyo ekyambe akinfumite. Awo Ibrahim we yabuukira mu bbanga n'amukuba ensamba ggere mu mugongo ne bagwa ku bitittiriri ebbali. Bagwaŋŋanye mu malaka, oluyimba ntandise nti kino kyani, kya Lwanyisa, kino kyani, kya Ibrahim. Wazira gye byaggweera, Ibrahim yakuba Lwanyisa nange we nali ne nsunguwalira ate Ibrahim, kubanga Lwanyisa bwe yali agudde wansi, Ibrahim yaleeta ekigere kye n'akisituza akalevu ka Lwanyisa, n'amukuba ensambaggere mu kabutobuto, n'agwa mu kinnya kye yali asimye okutuusa lwe namuyimiriza. Awo Lwanyisa nga avuddeyo, yalagira abakuumi ababiri batusibe, batukube okutuusa okufa. Ko bbo nti, "Naye ssebo, lwaki….?" N'abasala ekirimi nti, "Mwe mukole kye ŋŋambye, nze ssiyola ŋŋaaŋa gye siiryeko magi." Bino nno yabyogera n'obukambwe bungi nnyo. Mu kiseera ekyo jjajja ne mmange baali tebaliiwo era twaliwo ffekka. Abalagiddwa kye baakola, baaleeta amafumu gaabwe nga bakankana mbu batutte. Ibrahim yabuuka mu bbanga

omulundi gumu, agenda okutuuka ku ttaka nga bonna bagudde ekigwo n'amafumu gye gagudde nga mpaawo amanyiiyo. Nga bagafunye, baamwolekera bawoolere eggwanga. Wazira bwe baali beemalamala mbu basinziira bamufumite, akataayi okusala oluggya nga ensamba ggere zibalidde, amatama n'ennyindo zinyweegedde ettaka. Mu kusooka, nateebereza n'okuteebereza nti emba zaabwe zaawogoka, kubanga bwe nneetegereza emba zaabwe oluvannyuma, zaali zaakwatiddeko n'engalo za Ibrahim. Oti nno yakoma okwo? Wa! Yabasitula n'okubasitula n'abalindiggula ennume y'ekigwo wansi n'okunuubuka ne banuubuka. Awo ne ndyoka nzikakkana mu mwoyo, era mu butuufu namuwagira yeerwaneko. Anti "Nkoba za mbogo…." Ne ndyoka ntunuulira Lwanyisa nga simutegeera!! Mu butuutu yammala emmya kabootongo z'amala enkwale, era awo nno we nategeerera ddala obubi bwa Lwanyisa. Nga bagenze, nsigadde ne Ibrahim, namwebaza ku kyeyali akoze. Era namuwagira ayongere ne mu maaso, kubanga nasuubira nga wa kuntaasa nnyo empisa za Lwanyisa embi. Kyokka ennwana ye yansanyusa nnyo! N'olwekyo namusaba antendeke ensamba ggere ze yakozesa, n'okubuuka kwe yabuuka, kubanga byannyumira nnyo nnyini. Naye teyali mubi n'akkiriza.

Ku lunaku olwo, twalwawo nnyo nga tetunnatuuka waka. Yasooka n'ambulira nti ennwana ze yali agenda okuntendeka ziyitibwa "martial arts" nga zimanyiddwa nnyo ku ssemazinga "Asia," era nga ne mu Buwalabu zettanirwa nnyo. Yaŋŋamba nti ssinga nkuguka mu martial arts, nali nja kumalako n'embeera ye Buwalabu ssinga mba mpambiddwa oba nga ndi mu kifo kyonna e Buwalabu. Yayongera n'aŋŋamba nti okuzikugukamu, nali nnina okuba n'obugumiikiriza, okwagala kyendiko, n'okuddiŋŋana ennyo kye mba njize buli lunaku. Ennwana zino yali wa

kuzintendeka mu bibu bisatu, ekisooka, kyali kya bikonde n'ensamba ggere, eky'okubiri kyali kya kulwanyisa kitala, effumu n'omuggo, ate eky'okusatu kyali kya kuntendeka kukuba kasaale. Nga amalirizza okumbuulira enteekateeka nga bwe zaali zigenda okubeera, twasituka asooke andageko ye mwennyini. Bwaba kyajje atandike bbanga ssi ddene, ne wabaawo eyankasukira akaso kanfumite. Eky'omukisa Ibrahim yakalabuukirira mangu n'assaayo omukono gwe ne kafumita mu ye. Ak'okubiri n'ak'okusatu bwakasukibwa okutuusa lwe nagwa wansi obusigadde n'akuba bukube na muggo gwe nga bugwa bbali, ekyayongera okunzikirizisa nti Ibrahim yali mukugu mu kwerwanako.


Tugenda okwetegereza awava obuso, nga ku Lwanyisa kwe tukuba amaaso. Yali tasalikako musale nga yenna azimbye ng'obudde, addugala ng'entamu efumba. Kyava atugamba nti, "Naye basirusiru mwe mulina omukisa! Ne mutafa ate nga nabakuguseemu!" Kyenva mmubuuza nti "Ani yabukuyigirizza okubukasuka?" Ko ye nti, "Abu era y'asinga obukugu, oyo Ibrahim talina kyamanyi n'okumuleka muleke oyo omugwagwa." Ko nze "Gundi weegendereze by'otandise okwogera ebyo." "Ko ye nti, "Nze ndi muzira atatya, era mbalabula oluddako temuliwona." N'akwata ekkubo n'agenda nga amaaso ge gakakanyadde. Ate olowooza tweyongerayo? Wa! Twagoberera mugoberere wazira nga tuyita mu kkubo ddala waatatulabira. Nga Lwanyisa anaatera okutuuka eka, nalengera Abu (omu kubakuumi baffe ababiri) nga amukoonako ku bibegabega era nga bwayimiriza ekyala kisajja ng'alinga amuwaana nti ayize. Weewaawo simanyi oba kyali ekyo, naye bwe ntyo bwe nateebereza okusinziira bwe nalaba.

Nga tusisinkanye mmange ne jjajja, nabategeeza nga Lwanyisa bwe yali amaliridde okutumiza omusu nze ne Ibrahim. Kyokka ate nga Ibrahim yali agenda kuntendeka

amangu ddala. Awo mmange kwe kutuwa amagezi tukolagane n'abakuumi tugobe Lwanyisa kubanga empisa zaali zimuyinze okubeera embi. Nze ekirowoozo ekyo saakisiima, kubanga nalowooza nti ayinza okukomangawo mu kyama n'atuteganya nga ndi ne Ibrahim, wozzi ffe twegobe tugende tufune gye tubeera, naye nga si Lwanyisa. Owa! Lwanyisa yali afuuse muziziko gyetuli nze ne Ibrahim! Oluvannyuma nasalawo tusigalewo, kubanga nalowoozaamu okutwala Lwanyisa nga omulabe nga tekiggya. Ne nteesa nti waakiri tutuule ku mmeeza emu ne Lwanyisa, tunoonye ensibuko y'obutakkaanya, tugijjewo n'okusonyiwagana tusonnyiwagane nga ab'oluganda. Nga tugaayizzaamu ensonga ez'enjawulo ffenna abaawaka, twatuuka ne tukkaanya era ffenna ne tusonnyiwagana. Wazira okusinziira ku nsonga Lwanyisa kwe yeesigama, alabika nga yali tayagala Ibrahim mu mutima gwe weewaawo Ibrahim teyalina mpalana yonna eri Lwanyisa. Anti Omuganda agamba nti, kyoyagala tekikwagala ssinga emmere esiiba mu ttama.

Newankubadde twali tusonnyiwaganye, nze Lwanyisa namulabanga nga mulabe, era nga mbeera nneerinda obubi bwonna obuyinza okuva eri ye okutuuka ku nze oba Ibrahim. Anti naawe omanyi bwe baalugera nti, "Okwerinda si buti ……."

Nga wayise ebbanga nakuguka mu martial arts era nga kaakano tubeera twegezaamu ng'abalwanyi nnamige ffembiriri nze ne Ibrahim.



"nakuguka mu martial arts".

Olowooza nno Lwanyisa yalekeraawo okututeganyanga? Wa! Naye ekirungi twasobolanga okubuuka emisanvu gye yatuteganga. Anti bajjajjaffe baalugera dda nti, “Ekijja omanyi kinyaga bitono ekiddukano tekinyaga byenda.”

Nga wayiseewo ebbanga, ddaaki twamala ne tusenguka nze ne Ibrahim nga nkooye okubeeranga ku maggwa buli kaseera, lwakuba twagenda tetusiibudde. Anti nga tetwagala baawaka kumanya gye tulaga, si kuba nga Lwanyisa atugwa mu buufu n’atuzza mu bye twali twadduka okuva eka. Olunaku nga lutuuse lwe twalonda, twakeera nnyo mu kinywa mbogo awo we zivubirira amazzi ng’eziva e magombe ne tusitula entwaala yaffe wamma ggwe ne byolera. Nga tutambulidde ddala, twatuuka mu kyererezi ekyatusanyusa, bwe tutyo kwe kuzingazinga ekisiisira ne tusula omwo. Era awo tetwavaawo, wabula we waafuuka awaka waffe awajja okuva ku lunaku olwo. Awo Ibrahim n’alyoka antendeka obukodyo obulala buli nange bwe nalaba nti abulina tawangulwa, era ne mbunywererako n’okubugginŋŋananga nga bwe yali yaŋŋamba. Ekyo nno okukituukako, omutendesi wange yampa okutendekebwa okuzito omwali okunkasukanga mu bbanga, okubuuka okuva ku miti waggulu ennyo, n’ebirala. Naye byonna nabigumira nsobole okufunamu. Anti “Ogutateganya…..” Ate era “Ennungu enkalirize ekisa tewona.” Wazira ng’oggyeeko martial arts, Ibrahim yanjigiriza okuwandiika, n’okwogera olulimi Oluwabu era ne ndukugukamu, kubanga lwe twayogeranga lwokka kasita twabanga nga tuli babiri. Anti mu kusooka twakozesanga Luswayiri, kubanga lwe lwatugattanga. Lwali lumu nga tumalirizza okwegezaamu, kyenva ndeeta ekirowoozo nti, “Tugende tulabe ku mmange.” Ye n’asooka agaana. Awo ne tulwanyisa emiggo okusobola okusalawo kye tuba tukola. Anti bwe twatuukanga ku butakkaanya mu bintu ebimu, eno y’enkola gye twakozesanga okumalawo obutakkaanya. Nga

tulwanye, namuwangula, bwe kityo ekirowoozo kyange ne kitwalibwa okubeera ekituufu. Munnange nga tugwa mu ddene kutambula kugenda kulaba ku mmange. Anti olwo nga ogw'ebbeere gulumye. Nga tutuuse, baatwaniriza nga bulijjo, kubanga twateranga okugendayo oluusi. Nga tutudde mu ddiiro tunywa ku mubisi ogwali gusogoleddwa mmange, jjajja kyava ayita "Abu ne Wahid" abaali abakuumi bali ababiri. Nga bamutuuseeko, kwe kubasindika mu katale okugula emmere kubanga kyalabika nga yali ebakendeddeko. Nga bagenze, ffe ne tulyoka tukisimba ne kiroka nr mmange, wamma ggwe ng'emboozi egwa amakerenda. Baalwayo kko akabanga akawera okusinga bwe kyabeeranga bulijjo, era ekyo tewali yakifaako. Wabula tuba tumalirizza okulya ekyemisana, ne mpulira ng'omutima gwange teguteredde n'okuwunyirwa ne mpunyirwa ensake. Kwe kusaba Ibrahim tudde awaka nga bukyali. Bwe tutyo ne tusiibula tudde awaka. Tuba tugenda nga tetunnamalako na luggya, ng'abakuumi batusongamu ebitala, olwo nno ne Lwanyisa waali. Awo ne ŋŋamba Ibrahim nti "Master ka ndage ku bye nsomye." Aba tannanziramu, ng'emabega wange evaayo abasajja babiri abaali bakutte emmundu nga bajja bukolokolo. Amaanyi n'obukodyo ebyali bimpala ne biggwaawo ne n'essuubi ery'okwerwanirira ne likeewa, naye nga sitegeera ebyo byonna kwe biva. Awo jjajja kwe kubuuza nti "Bazzukulu kiki ekigenda mu maaso?" Ko Abu ne Wahid nti, "Mutusonyiwe kubanga eno y'engeri yokka ey'okulaba ku bakyala baffe n'abaana." Lwanyisa kyava abuuza nti "Kiki kye mugenda okutukola okuddamu okulaba abeewammwe?" Tebaayanukula, ŋŋenda okulaba nga Abu anakuwadde. Ko Wahid "Tugende tuve wano." Ko Abu nti, "Naye tunoonye abalala bano tubaleke bambi!" Ko Wahid nti, "Tewali tugende, kubanga n'obudde tewali." Awo ne batutwala nga Abu simusanyufu. Kyokka ekituufu kyali nti, Abu ye yali

asinga Wahid obukambwe n'obutali busaasizi. Kino nakirabira ku Wahid ng'atandise okuntunuulira n'eriiso ery'ekisa kyokka Abu n'amutemyako mu ngeri eraga nti abadde alimba era tutwalibwe. Anti "Gwotayise naye …."

Nga bamalirizza okutusiba enjegere mu bulago nze ne Lwanyisa, twatambula butatunula mabega ng'abaddu. Ye Ibrahim baamulekera mmange ne Jjajja abalabirire, mbu kubanga baali basigadde bokka. Nategeera luvannyuma ng'ensonga entuufu yali nti baatya kutwala Ibrahim ng'omuddu, kubanga kyali tekikkirizibwa mu Bawalabbu era kwe kufuna ekyekwaso ekyo ffe tulowooze nti beeyisizza bulungi. Anti "Ataalukutambulire …"

Munnange obutakulwisa, nga batutwala bwe batyo okukola obuddu. Bwe twali tugguka mu kiwonvu ekyali ekinnya n'empindi okutuuka mu kibuga, Ibrahim kwe kutuva mu maaso n'akasuka obuso bwe n'abukuba abasajja bali ababiri abaalina emmundu. Ekyo nno kyatwewuunyisa kubanga tetwakisuubira. Awo n'asembera, n'ajja emmundu ku gye twayita emirambo mu bwangu obw'ekitalo n'atusumulula ffenna agajegere ge twali twasibiddwa. Kyokka n'agasiba Abu ne Wahid. Anti "Lwoyagliza muka kitaawo…." Nga bamaze okukuba ez'ebiraka mbu beetonda, Ibrahim yabasumulula ne twambuka nga twekokkola ekitutuuseeko nga tetukkiriza nti kibadde kya ddala wazira nga bwe kyali. Nga twambuse tutuuse ku kasozi, Lwanyisa kyava atuwa amagezi wabeewo agenda okuggya emirambo mu kkubo si kulwa nga wabaawo eyali yakolaganye n'abasajja abo omulala n'asanga emirambo mu kkubo ne kitegeerekeka nti mu malaalo nayo wabeerayo abantu ne kituleetera omutawaana ogutaasoboke kunogera ddagala. Anti naawe omanyi ng'akabi bwe katabulako musombi kayijage bwe yasomba Abaganda.

Twakkiriziganya Lwanyisa mwennyini akikoleko n'oluvannyuma atusange, nga n'ebyambalo byabwe abirina kuba twateebereza nga byali biyinza okuba n'omugaso gye bujja. Twalinda Lwanyisa okuva mu ggandaalo okutuusa mu makola g'ebyeggulo. Ng'akomyewo, namubuuza ekimulwisizzaayo. Mba sinnamalayo na kibuuzo, ng'atulagira kussa bya kulwanyisa wansi. Awo Ibrahim n'amubuuza kye yali ategeeza. Kyokka Lwanyisa teyaddamu. Tuba tuli awo nga abasajja bafubutuse mu ttale ebbali batwetooloola. Ibrahim kyava akwata ekitala n'asala busazi ng'asala omuddo, era abasinga ku beyasala tebaalutonda. Aba akyekalakaasa, ng'emmundu zimutunuulidde. Awo n'alyoka akakkana. Mu kaseera ako kennyini Lwanyisa n'alyoka asonga ekitala ng'akyolekezza Ibrahim namugamba nti "Genda nkulese ogende ng'oli mulamu, kubanga olina okulabirira Jjajja naye bw'okomawo sijja kukusonyiwa. "Ffe ne twebuuza muli ekimukyusizza amangu n'embiro nga tetutegeera. Awo Ibrahim n'amubuuza nti, "Otegeeza ki muganda wange nga mbadde nnwanirira ggwe?" Ko ye nti, "Ani gw'oyita muganda wo gwe omugwira? Vva wano nga nkyaseka!" Bwatyo Ibrahim n'agamba nti wano wafiira muloge, bwe kityo bweba nte, yatulaga mukira, nga ayotta. Newankubadde yalemwa okututaasa, naye nze namwesiimisa olw'abalabe abaalugenda. Anti "Atakulekera …"

Eky'omukisa baamuleka n'agenda n'emmundu ku ze yali yawambye ku basajja bali be yali akubye obuso. Nga Ibrahim agenze, tuba tuli awo ng'abasajja be yakubye obuso bazze balamu tteke. Bajja bafa nseko nga bwe batulaga ebyambalo by'ebyuma bye baali baayambalidde munda. Ne bakwata ssente n'olugoye olwa silica ne babikwasa Lwanyisa. Awo okuvaawo natwalibwa nzekka ku njegere yogaayoga ku lyato. Nga bantusizzaayo, bangatta n'abaddu abalala abaali basuubuliddwa mu bitundu eby'enjawulo, ne batuggyako

enjegere, n'oluvannyuma ne batwolekeza ekifo mu lyato we twali tulina okugendera. Olowooza nno Lwanyisa baamuleka? Wa! baamuggyako bye baali bamuwadde ne bamugatta ku ffe. Ko ye nti, "Bino bitegeeza ki bye mukola? Mundyamu olukwe?" Ko bbo nti, "Olowooza twabadde tuyinza okukuleka musirusiru ggwe omuli w'enkwe?" Awo ne batulagayo nze ne Lwanyisa ewa mukama waabwe. Mu kiseera ekyo, Abu ne Wahid baaliwo nnyo nga balinda lyato kusimbula kye kyokka.

Kaakati ebituufu byali bwe biti; nga Abu ne Wahid bagenze okugula emmere tumale tusigale nga tunywa omubisi, baasangayo mikwano gyabwe gye baali baludde okulaba ne babagamba nti baalina ekizibu. Omuwendo gw'abaddu gwe baali balina okutwala e Buwalabbu kwali kubulako abavubuka babiri. Awo Abu ne Wahid ne batulowoozaako nze ne Lwanyisa. Bali ne bagamba Abu ne Wahid nti, "Ssinga mutufunira abaddu babiri, tujja kusasulwa nammwe tubasasule olw'omulimu ate tubazzeeyo mulabe ne bakazi bammwe kuba beeralikirivu olw'ebbaga eddene lye mumaze eno. N'olwekyo mutunoonyeze babiri bokka. Eky'omutawaana bwe tunaabulwa abaddu abo, tetujja kusasulwa, si kyokka n'okuttibwa tujja kuttibwa, n'olwekyo kino twagala kutaasa bulamu awamu n'ensimbi, era bwe muba mulina be mumanyi, mubaleete." Mu kiseera ekyo Abu ne Wahid baasalawo batuweeyo. Bwe tutyo nno bwe twaleetebwa bamale basiriwaze ne Lwanyisa agwe mu mutego gwabwe okwongera okutulyamu olukwe nga Ibrahim atutaasizza, era buli ekyabaawo kyakolebwa kagenderere ng'omukadde akogga. Nga tutuuse ku lyato, twateekebwa mu kisenge ekya wansi awaali obusubisubi era gye baatambulizanga abaddu. Abawalabu abasinga mu biseera ebyo, amaato ge baasubulirangako gaali gaakolebwa nga galimu ebisenge bisatu. Ekisooka waggulu, ekya wakati

n’ekisembayo wansi. Abaddu baateekebwanga wansi, emmere n’ebikozesebwa wakati, abakulu n’omugoba waggulu mu kisenge ekisembayo. Mpozzi abaalinanga agawerako, eryato erimu lye lyalingako ebikozesebwa n’emmere, ate eddala nga lye ly’abaddu, n’eddala nga kwe kubeera abakulu. Ebiseera ebisinga eryalingako emmere n’ebikozesebwa lye lyakulemberanga, ne kuddako ery’abaddu, n’eririko abakulu ne lisembayo emabega. Omusuubuzi ono eyatutwala yalina amaato abiri era eryaffe mwe nali bwe nali ndyetegereza nga batukkiriza wansi mu kisenge ekisembayo wansi, wakati waaliwo byakulwanyisa ebitonotono ne waggulu abakulu.

Ng’eryato lyaffe litambuddeko akaseera mpa we kaaga, eryato eddala lyatulumba. Abalabe baasooka ne bakuba abakuumi baffe obusaale, era bangi ku bakuumi baffe baattibwa sso ng’ate eryato okwali emmere lyagoberera bugoberezi eryo eryatulumba. Wazira oluvannyuma kyategeerekeka nti waaliwo abalabe abeekweka mu byambalo bya bakuumi baffe ne bakuuma eryato eryokubiri. Awo nga abajambula abo bamaze okutta abakuumi abatuufu, okuliwamba baayisa mukka mu kisero, anti n’omugoba yali ku ludda lwa mulabe. Emirambo gy’abo abataali balabe gyasuulibwa mu nnyanja ggwe wamma ng’omulabe eryato ayotta nalyo. Abakuumi b’okulyato lyaffe kwe twali bwe baalaba ng’omulabe wa maanyi nnyo, kyebava bajjayo emmundu bakozese ezo okwetakkuluzaako omulabe. Baba tebannatandika, ng’eppipa y’amafuta egwa ku lyato lyaffe. Kye bataamanya nti gw’omenyera mu nkejje ebiseera ebisinga ewuwe alya luti lulamba. Anti abalabe baali baateseteese eppipa y’amafuta gye baakasuka ku lyato lyaffe, era ng’egudde ku lyato lyaffe, abakuumi baali tebakyasobola kukozesa mmundu nate, anti ng’essasi we lifulumira emmundu omuliro guba gwa kutumalawo, kubanga buli eyali ku lyato yali yeekunkumula bwekunkumuzi mafuta agaali

gamuyiikidde. Awo abalabe ne bongera okussa abakuumi baffe obusaale. Ng'oggyeko omugoba w'eryato yekka, tewali yasigala ayimiridde. Mu mirambo egyagwa, mwe mwali n'ogwayitamu okuva waggulu, ne guwaguza mu kituli ekyali wakati w'ekisenge kya wakati n'ekyaffe ne gugwa ku kibaawo kye wandiyise oluggi ku mulyango gwe twayitamu okukkirira mu kisenge kya wansi mwe twali. Okumanya abaddu twayisibwanga bubi, twakutamanga bukutami ng'emigongo gyaffe gyatuuse dda ku kibaawo abali mu kisenge kya wakati kwe balinnya nga bali waggulu mu kyo. Okussa obulungi, gwabanga mukisa nantalabikalabika ng'ekimuli kye ndaggu. Anti ng'okuziyira okuli wali kitalo butalo. Engeri gye nali okumpi n'oluggi, nakola ekisoboka kyonna ne mpisa engalo zange mu miwaatwa gy'ekibaawo ekyo, ne nkwatakwata ku musipi gw'omulambo ogwagwa ku luggi nkebere osanga kuliko ekisumuluzo ekiyinza okutusumulula, naye nga nneegendereza si kuba ng'akyali mulamu n'ammalirako ekiruyi ky'okuttibwa kwa mikwano gye. Anti "Atatya musajja munne…."

Eky'omukisa, nasangako ebisumuluzo ne mbiggyako ne mpita n'abalala ne tugattagana engalo okusumulula ekikufulu ku luggi, okutuusa lwe twakiggula. Anti "Agali awamu ge galuma ennyama!" Bannange bonna beesumulula empingu zaabwe okuggyako empingu eyange, kubanga tekwali kisumuluzo kigisumulula. Twakikiitana nnyo nsumululwe naye ne biganna. Nategeera luvannyuma ng'empingu eyange yali ya njawulo, era n'eyalina ekisumuluzo kyayo yali mukulu yennyini omusuubuzi, so si muserikile ekyanneewunyisa ennyo okubeera nga kyali bwe kityo. Anti naawe omanyi bulungi ng'enkoko teyota muliro, bw'olaba eyota ng'omanya nti bagiwujja. Awo nga bigaanye eby'okusumululwa kwange, bannange baatoloka nze ne nsigala nga nsibiddwa emikono n'ebigere, era nasigalayo mu lyato nga mbulubuutira eyo.

Ekyayamba bannange okutoloka obulungi, abalabe tebaayagala kutuwamba batutwale mu lyato lyabwe. Nedda, baayagala bakyuse bendera n'endabika y'eryato ey'okungulu batwalire ddala eryato nga naffe mwe tuli.

Engeri Lwanyisa gye yali amanyi emmundu, yatta abakuumi ababiri abaali bateereddwa omulabe ku lyato okulitambulirako n'alagira omugoba azzeeyo eryato gye twali tuva tufune ku buyambi. Teyakoma okwo, yawanika ne bendera enjeru eyali eraga nti twetaaga obuyambi. Nga eryato litandise okudda gye twali tuva, Lwanyisa yajja wansi n'ambuulira ekigenda mu maaso era n'anneetondera ne kye yakola okutulyamu olukwe. Nga azzeeyo mu kisenge ekya waggulu yagenda okulaba ng'eryato eddala lizze ery'obuyambi! Bwe batyo ne banunula bannange bonna abaali banekaanekanye obulungi mu byambalo by'abakuumi abaali baafudde era nga n'emirambo gyabwe gisuuliddwa mu nnyanja. Lwanyisa bwe yajja okunkima nange bantwalire mu lyato eryali lizze okutudduukirira, yasanga ku luggi kusibiddwa ebikufulu ebinene bisatu. Bwe yayitaayita nga tawulira kanyego, n'alagira omugoba avuge eryato nga bwagoberera eryali ery'obuyambi, kubanga yamanya nga newankubadde nali sirabise, nali nkyaliko ku lyato eryo. Awo ye n'alinnya ku lyato liri eryajja ne basimbula ne bagenda.

Mu kaseera kali nga abaddu abalala bagenda ku lyato ery'obuyambi Lwanyisa amale anneetondere, omu ku baserikale b'omulabe bali ababiri teyafa weewaawo yanafuwa nnyo olw'essasi eryamukubwa Lwanyisa. Yagenda okuzuukuka, ng'awulira waliwo aboogera. Olwo nno omusuubuzi nnyini lyato kwe ndi nga ali nange ansumulula era nga aŋŋamba nga bwe yansiimiddewo nga kirabika nnina kye nsinga ku bannange. Nange saalwa ne mmutegeerezaawo nga bwe nakuguka mu martial arts era nga bwe ndi kafulu mu zo. Anti omuntu bwatuuka mu biseera ebizibu, ayogera

byonna by'amanyi kasita aba nga abisuubira okumutaasa mu bizibu ebyo. Omusuubuzi oyo gwe nali nnyumya naye mu kiseera ekyo yali ayitibwa Musa Twaha Rayan, era ono oluvannyuma ddala alina ejjinja lye yanzimbako, okuba nga obulamu bwange bwakwata ekkubo lye bwakwata, newankubadde nga teyali ye okusinga, wazira embeera eyangwako nga ndi wansi wa bulabirizi bwe. Anti "Eŋŋombo ekwata omukulu……."

Tuba tukyayogera, ng'omulabe wuuno ajja awejjawejja. Amangu ago kyava atuwambisa emmundu n'atutwala mu nsonda y'ekisenge ekyokubiri n'atubikka essubi nga naye mwali munda mu ssubi. Bwe twali tuli awo, ate Lwanyisa n'ampita. Kyokka omulabe gwe twali naye n'andabula okubunira era nga we nsiiyiza bwenti mbu nnyanukula, eyange yaakuvuunikibwa. Nange saawalaaza mpaka ne nkola nga bw'aŋŋambye. Anti "Asiika obulamu……."

Nga Lwanyisa agenze, eyali atusibye yatususumulula naye n'asigala nga atuwambye. Mu kiseera ekyo kyeyava aluka eby'obulimba nga bwali omuntu omulungi atalina buzibu era n'abitugamba ebigambo ebirungi ng'abiwanzeeko bulungi omutwe n'amagulu. Mwattu nno eby'obulimba yabiruka bulungi kubanga nze n'omukulu Musa twamukkirirzaamu. Mu kaseera mpa we kaaga, twatuuka ku lubalama. Omulabe ow'okubiri naye yali mulamu tteke ekyandeetera okulowooza nti kirabika beefuula bw'efuuzi ng'abafudde basobole okuwona okuttibwa Lwanyisa, ekyali ekituufu ku lw'obulamu bwabwe. Siikulwiseeyo ng'atusanga tunyumya, nga tuseka wamma ggwe nga tulinga abali ku lujjuliro lw'omwaka. Teyalwa nga ayita munne bwe twali tunyumya nga babaako bye boogera ffe bye tutaategeera. Nga bamaze okwekuba obwama, bangwako kiyiifuyiifu ne bansiba ne bannyweeza ne bandeka nga emikono bagiyisizza mu kikondo olwo ne bagisiba empingu nga sisobola kuvaako. Nga bamalirizza

okunsiba, baakwata omukulu ne bamutwala okumufulumya ebweru, anti jjukira twali tutuuse ku lubalama. Wazira nga bagenda, omukulu yatunula emabega n'ansongera w'abadde atudde nga alinga aŋŋamba nti nkeberewo waliwo ekiriwo. Nagenda okukeberawo nga ku bisumuluzo by'empingu kwe nkuba amaaso. Wabula oba yabibaggyako atya, nange simanyi, naye nnyinza okuteebereza nti kirabika mu ku nsiba, we yabikwekera ate n'abirekawo. Saalwa nga nneesumulula. Nga mmalirizza, nadduka za mbwa ne nsanga ng'abawambi beenyoola n'omukulu agudde wansi, anti nga olwo agaanyi okutambula. Ne baagala bamutte mbu olw'okubalwiisa. Baba bawanika ekitala bamutte, ne ndyoka mbagolokokerako, okutuuka ku ttaka nga baagudde dda, n'ebitala byabwe nga byayawukanye ne bakama baabyo. Bwe baagolokola, ne mbabuuza ekyali kibakozesa ekyo, okwali ng'okumziramu baatema omukulu ku mukono, kyokka ne balaga okusaalirwa obutamumaliriza. Mba nkyaluyita luto, nange nga batandise okunnwanyisa. Nakozesa obwangu ne nfuna ebitala bibiri ekimu ne nkikwata mu mukono gwange ogwa kkono n'ekirara mu gwa ddyo ne mbalwanyisa okutuusa lwe nabasaanyaawo. Awo nze ne nkwata omukulu ne tufuluma ebweru.

Nga tuvudde mu mazzi amampi tutuuse ku lubalama, twasanga omukulu w'eryato liri ery'obuyambi ali awo ayimiridde n'abantu abalala abatonotono. Awo omukulu eyajja okuyamba, n'ayita ono gwe nali naye nti, "Musa, kiki ekikutuuseeko!" "Awo ne tumusemberera nga tukwataganye nze ne Musa. Kyokka omukulu oyo n'amunzigyako, n'anfukamiza, n'alagira banzite. Awo Muusa n'amubuuza nti "Okola ki ekyo ng'ono y'ataasiza obulamu bwange?" Ko oli nti, "Oyo omuddu obuddu alina omugaso?" Ko Musa nti, "Mukkirize ayingire mu lyato, anti n'empewo nnyingi,

omuwe omunagiro ogusinga obulungi, mpozzi n'eky'okulya, kubanga we batulumbidde wabadde tewali yalidde. Omukulu ng'amaze okukkiriza Musa kyagambye, waliwo eyajja okuva ku ludda lw'omukulu emabega n'ayogera n'ekkaaze nti "Oyo si y'akutaasizza, nze akutaasizza." Ko Musa nti, "Oli musiru, saawula zzike na nkima? Ono yantasizza." "Mu kaseera ako Lwanyisa yakasuka akaso kanfumite oluvanyuma lw'okumuwakanya mu bigambo ebyo kubanga ye yavaayo okunnumika nga bwe ndi omulabe wabula nga ye agamba nti y'abadde omununuzi wa Musa mu kaseera ako. Nga akakasuse, nze nali sitegedde, kubanga eyakakasuka yandi mu mugongo. Wazira bwe kaali kanjolekera, nneekanga omuntu eyali ayambadde akaakookolo, era ng'oyo ye yantaasa bwe yakakuba n'akaso ke ye bwombi ne bugwa ebbali. Okuddamu okwetegereza nga taba ngawo we nali mmulabidde. Nga mukulu Musa atunuulidde Lwanyisa, namulaba ng'alinga atabitegeera era nga yenna atunula kusattira kwereere ng'owembaliga omubikire nnyina. Weewaawo Lwanyisa yali tabitegeera, naye nze eyasinga obutabitegeera, kubanga saasuubira nti Lwanyisa ayinza okukyuka amangu bwatyo n'ayagala n'okunzita, mu kifo ky'onkutaasa. Era nategeerera awo nti Lwanyisa alabika mubi n'okusinga Abawalabu abaatutwalanga okukola obuddu. Nga tukyali awo tutunula kibijjigiri ng'omubi asuna endongo, n'ebaayo abasajja babiri era Abawalabu abaava mu mazzi nga batonnyolokoka bonna ne bagamba mu ddoboozi eddene nti "Ono ow'okubiri yaakutaasizza ssebo." Bwe nabeetegereza, nga ye Abu ne Wahid. Awo Lwanyisa n'asaba omukulu atali Musa okumuwa olukusa ansanyeewo. Ko Musa nti, "Tewali kusanyaawo muntu antansizza, naye bannange, iblis y'abaliko, oba malayika embi ye yabakyalidde? Awo omukulu n'asooka asirika. Ng'avudde mu birowoozo, n'agamba Musa nti, "Wulira bino, tewaliba njuba bbiri ku ggulu omulundi gumu

era tewaliba myezi ebiri gyaka ku ggulu omulundi gumu. Bwe kityo, tetusobola kubeera bawi ba biragiro wano ffembi, n'olwekyo oyo attibwe." Lwanyisa kyava amwenya, aba agenda okukikola, ow'akakookolo n'avaayo mu bwangu obw'ekitalo n'assa ekitala ku bulago bw'omukulu oyo omubi, n'amulagira asuule ekyokulwanyisa kye n'abaserikale be basuule ebyabwe. N'alagira ne Lwanyisa asuule ekitala kye. Nga babisudde byonna wansi, kwe ku ndagira mbikuŋŋaanye byonna mbisse ku lyato oba si kyekyo atte omukulu (omubi). Nga mbitaddeyo mu lyato, okwandibadde okumuleka yatta mutte. Bwe yamala n'alagira eggye lyonna okumugoberera nga mukama waabwe oba si kyekyo abasaanyeewo bonna. Ng'obulamu bwe butasingika, abaserikale b'omugenzi nga nange mwendi twafukamira ne tuwaayo okweyama kwaffe eri omusajja oyo. Nga tumalirizza okumussaamu ebitiibwa, waliwo eyali asigazza akambe munda ennyo mu ngoyeze n'akajjayo mpolampola ng'ayagala akamukube. Bwe yakakasuka, Ibrahim n'akakuba ne kagwa ttayo oli n'adduka. Ekyewunyisa, omukulu ono teyamugoba amuvunaane. Awo omu ku baserikale eyandabikira okwagala okufuna amangu obukulu kyava agamba eyali mukama waffe mu kaseera ako nti, "Ssebo mpa omukisa nkuleetere omutwe gwe." Ko omukulu nti, "Nedda, muleke agende." ekyatwewuunyisa fenna. Tuba tuli awo tutunula kutya kwereere, ng'akomyewo yekka nga tewali amukutteko. Ng'atuuse, yafukamira bufukamizi ne yeetonda nnyo nnyini mu maaso g'omukulu. Awo kwe kumulagira asituke ayimirire bulungi. Ng'asituse, omukulu waffe oyo ow'akakookolo kwe kumubuuza nti "Lwaki okomyewo ng'okimanyi nti ky'okoze kibi?" Yayogera bino nga tuwulira ffenna. Awo ffe ne tutega amatu n'amaaso ne tukanula nga tulinze kyakuddamu oli kye yali agenda okuwa. Olw'okutya okungi okwali kumulabikako, omusajja yatandika okussiza okumukumu nga yenna atunula

kalyongolyongo ng'enkoko ebiika awali embwa. Nga amaze okusirikamu, kwe kuddamu ng'asabuliza nti "Ntuuse mu kkubo ne ndaba nga emizimu giŋŋamba nti tugoberere ggwe ow'ekitiibwa kubanga gwe mutuufu naye oli afudde era abadde mukama waffe y'abadde omukyamu ssebo. Bwe ntyo kwe kukomawo okukuweera obujulizi nti ggwe asaanidde okutukulembera. Era bw'ondabira wano mu kutya sitidde gwe ssebo, naye ntidde mizimu egindabikidde, mu butuufu ntidde nnyo ssebo." Awo omukulu oyo n'amuwambaatira, n'amugumya, n'amuddiza akaso ke, n'amulagira addeyo mu kifo kye era n'alabula nti omulundi oguliddako okukola ensobi emizimu tegijja kusaasira. Awo ffenna ne tutya, era buli eyali alowooza eby'okumuvaako adduke, awo we byaggweera, ffenna ne tumalirira tumuweereze omukulu oyo okusobola okutaasa obulamu. Nategeera luvannyuma nga omukulu oyo yali yapanze bipange oluvanyuma lw'abasajja be okutaayiza omuserikale oyo ne bamubuulira eky'okwogera. Nga biwedde, yatweraga omusajja oyo era ne mmwewuunya nnyo okubeera nga yali ye eyakola ebintu ebyo. Anti teyali mulala, wazira mukwano gwange era omutendesi wange, Ibrahim. Kyokka nga tumaze okutereera obulungi, Lwanyisa ne Muusa tebaalabikako mu ggye lyaffe era tewali yamanya ddi, na butya bwe baatoloka. Wazira tewali yaleebukaana mbu abanoonya, kubanga twali tukimanyi bulungi nti akasubi akamu okuva ku nnyumba, tekitegeeza nti enaatonnya.

NNYIGIRIZIBWA OMUTEGO GWA LWANYISA

Nga Ibrahim afunye eggye, eryato n'ebyokulwanyisa, yafuuka omusuubuzi ow'amaanyi era ng'atwalira ddala ebintu n'abitunda e Buwalabbu ewaabwe.

Nze nno guno gwali mukisa nantalabikalabika ng'ezziga ly'empologoma, anti nze eyali omuwi w'amagezi ow'okuntikko mu nteekateeka zonna. Nalya, nanywa, nga nzenna nneeyagala bweyagazi, ate kiki ekitawaanya nga Ibrahim y'ali mu kintu! Abaalugera baalutuusa nti "Ssebingi bwe bikwalira, olowooza tebiribula," kubanga nze saddayo na kulowooza nti waliwo akabi akayinza okuntuukako mu kiseera ekyo. Newankubadde kyali bwe kityo, okwegezaamu mu "martial arts" buli olukedde ekyo saakyerabira. Kyokka era ne Ibrahim wadde yali afuuse mugagga bwati, teyeerabira nti nze mukama we weewaawo yakimpitanga tuli babiri olw'obuteemalaamu kitiibwa mu bagoberezi be. Olw'obutayagala kutawaanyizibwa nnyo, twasalawo tubeere ku mwalo gwe Mombasa okusimbula okuva mu Buganda ewaffe tusobole okwanguyirwa okusuubula n'amawanga amalala nga tetukaluubiriddwa. Ku mulembe ogwo omwalo twateranga kuguyita kibuga kubanga weewaabeeranga abantu abangi, ebizimbe ebyewuunyisa, n'ebintu ebyenjawulo nkumu n'addala ebyo ebyaleetebwanga abagwiira. Wazira olw'okuba mu nsi yaffe temwali mwalo abagwiira kwe baatuukiranga nga bayise ku nnyanja ye Buyindi, ebifo omwali obutale bw'abaddu n'obutale bw'ebintu ebirala, nayo nga tuyitayo mu kibuga. Era olw'ensonga eyo, mu Buganda waaliyo ebibuga bingi omuli na kiri bazadde bange gye baabeeranga kitange amale atwalibwe okukola obuddu. Nga tuzze ku mboozi yaffe, mmange ne jjajja gye baali Ibrahim yabaweereza abakuumi, mpozzi n'abazaana abamala okusobola okulabirirwa obulungi weewaawo baalemerako era ne bagaana okujja mu kibuga gye twali twagala babeere. Anti era

amazzi gakulukutira gye gaali gakulukutidde gye gatakulukutiranga tegakulukutirayo.
Nga wayiseewo amadaaza agawerako, olunaku lumu nazuukuka mpulira obunnyogovu bungi, obukoowu nga n'empewo enfuuwa kitalo butalo. Okulingiriza ebweru nga ssuulwe ajjudde omuddo gwonna ne kalenge nga asiikirizza ensi. Kye nakola, nga nneddirayo kwebaza yazimba, n'okwebikka nga nneebikkira ddala mbulira muli mu bikunta. Mba nneebase, ne nfuna ekirooto nga ndaba Ibrahim bamuwambye, ne ndaba nga bamusse n'ekitala agudde awo, n'omusaayi nga gumuvaamu mungi. Ne bakwata omulambo gwe ne bagukumako omuliro ne gusirikka. Mba nkyatunula, ne ndaba nga Lwanyisa aŋŋamba nga bwe nsobola okumuwonya era nkikole awone, kubanga nze tebajja ku nzita bwe nnaamuwonya. Nze kwe kumubuuza ambuulireko ku ngeri gye nnyinza okumuwoonyaamu. Aba tannayanukula, omu ku bakuumi bange n'ajja n'ampawamula mu tulo. Nga nzuukuse, nneekanga n'okuyimirira ne nnyimirira, bwe ntyo ne nziruka, ne ŋŋenda ne mpita Ibrahim. Bwe namusanga, ne ndyoka mpeweera n'akawewo ne ndyoka nkawulira. Anti "Omukadde lwalabye ku babe……" Awo abakuumi bange bonna ne bantunuulira nga tebantegeera kinguddeko. Nze kwe kumugamba nti, "Master, (nga bwe nali mmuyita) tosindikayo baserikale, ogenda kufuna obuzibu." Ko Ibrahim "Olabika oloose ebitiisa, kati oli mu bulamu bwa ddala, gira odde engulu." Nze ne nziramu nti, "Nedda ssebo, ntegeera naye ogwo mutego gw'ogenda okugwamu!" Ko ye nti "Leka nkuzze engulu." Nga amaze okwogera ebyo n'alyoka ankuba oluyi, n'aŋŋamba nti, "Mukama wange nsonyiwa olwekyo, naye kati ndowooza ozukuuse." Ne nfukamira okumwegayirira. Awo omu ku bakuumi n'aŋŋamba nti "Naye ssebo nga twabasindiseeyo dda!" Ko nze "Genda mangu obalabule bakomewo." Yansekerera busekerezi. Awo Ibrahim

n’alaba nga ndabika nkyalimu otulo, n’ayagala okunnyongera nate olw’okubiri. Aba awanise omukono okunnyongera, oluvuvuumo ne luwulirwa.

Bw’agenda okutunulayo, nga basajja be bakwatiddwa era nga baleeteddwa amagye ga Sultan Mohammed Abu Bakari eyali afuga ku kizinga kye Mombasa mu mulembe ogwo. Bwe baatuuka bwe bati, Ibrahim yeekanga kata agwe ne wansi okumanya ekyekango tekimanya muzira! Nga batuukidde ddala we twali, kapiteeni w’eggye eryo yalagira Ibrahim akwatibwe. Abaserikale baba bajja okumukwata, abakuumi be nga nange mwendi ne tuboolekeza ebitala okulaga nti tetuli beetefuteefu kukkiriza akwatibwe. Nze kyenva nsituka ne ŋŋamba nti “Bwe muba mukola kituufu okukwata omukulu, waveeyo omu ku mmwe ajje annwanyise mu martial arts. Bw’ampangula, ng’omukulu mumutwala naye bwe mmuwangula, nga muva wano butadda.” Abakuumi bange kwe kumbuuza ekyali kinkoza ekyo olw’okutya nze okugwa mu buzibu, naye nze ne sibaddamu. Awo abaserikale ba Sultan ne banvuma obusirusiru olw’okulowooza nti baali bayinza okukkiriza ekiteeso kyange ekyo. Awo Kapiteeni waabwe n’abasirisa, n’anjolekera okulya nange amatereke. Newankubadde tekyasanyusa njuyi zombi, nze ne Kapiteeni oyo twakkiriziganya okukikola. Twasooka kulwanyisa bitala, ne nkuba ekikye ne kigwa eri ne kifumita ne musajja we. Awo nze kwe kusuula ekyange okulaga obwenkanya wakati waffe. Ne tulyoka tugwaŋŋana mu malaka n’ezatwalula ne zisiriira. Bwe twali tulwana ng’olutalo lufuuse “sikyassa ojja kussa,” yankuba ensambagere eyannoza ne ngwira Ibrahim kyokka ne tugwira wamu ekigo ekinene! Awo ne nfuuka mbogo gye banyazeeko omwana gwayo era ne ntaama ng’enjuki eziyingiriddwa omwaazo. Bwe yakutama n’alonda ekitala kyange kyennyini mbu ky’aba anfumisa, nagezaako okumulemesa kyokka n’ayanguwa mangu okukijjawo.

Wabula aba yeekaniikiridde nga abikka ku nkanaga mbu akimpiseemu, kyenva nsinziira ne mbuuka, okukkakkana nga mmutuuse ku mutwe. Bwe ntyo ne mmuwuttula enkokola mu mutwe, ezajjukiza amaviivi okumutuukira ku kalevu ggwe wamma n'abuna emiwabo. Anti baalugera dda nti, "Atakwagala bwawerekera akubanja…." Ate era nti, "Abayita ababiri beejjukanya enviiri zikubuulira engo."

Okumanya yalumizibwa, n'ekitala kye yali akutte gye kyagwa teyamanyaayo. Yalwawo nnyo okudda engulu ndowooza ng'amanyi namusse dda. Bwatereera, namusongamu ekitala era ne mmulagira addeyo gyava, olwo nga mmukalaasidde nti osanga ye yali yakoze ensobi. Ng'abaserikale be balabye awanguddwa, ensonyi baazifuula obusungu ne batwetoolola. Awo kwe kumubuuza n'eboggo nti "Bitegeeza ki bino bye tutaateesezzaako kapiteeni?" Kwe kuddamu nti, "Olw'omusajja wange oli afudde, ka tutwale Ibrahim naye mmwe tubaleke, kubanga ompangudde. Naye ssinga si kye kyo, mwenna mwandigendedde mu kkowe ly'erimu naye." Bwe batyo ne batwala Ibrahim nga tulaba, awamu ne basajja be abaali baleeteddwa nga bakwatiddwa.

Ebyo okubaawo, byaddirira omu ku basuubuzi be twakolagananga nabo okubuulira ku Ibrahim enteekateeka y'okufuna ensimbi ennyinji ennyo kyokka nga tetuzikoleredde nnyo wazira okuzifunira mu kaseera mpa we kaaga. Mukwano gwaffe yatubuulira ku kibira omwali enjovu ennyinji ze twali tugenda okujjako amasanga amayitirivu, tugasuubuze, era tugaggawale nnyo nnyini, kubanga gaali ga ttunzi nnyo mu biseera ebyo.

Bwe twategeera ekibira ekyo, twasikattiramu kubanga mwalimu emisota egitayitamu masasi ate nga tewali kiramu kyonna kigendayo. Ezo nno engero ez'okugereesa mbu eriyo emisota egitayitamu masasi Abawalabu tebaazikkiririzangamu, n'olwekyo lwakya lumu ne batwalayo

emmundu ne bakuba emisota egyo amasasi naye tewali kyagibaako. Olulala waasindikibwayo eggye naye era tewali kyabaawo okuggyako bbo okutokomoka, era tewali yasimattuka. Awo ng'ebigambo bisattuluddwa, kyakakasibwa nti tewali kiramu kyali kigenzeeyo, tewali kisobola kugendayo era tewaliba kirigendayo, ekyatiisa ennyo buli muntu okutuusa abaserikale baffe nga bagenzeeyo. Okusinziira ku mukwano gwaffe bwe yatunyumiza, twakitegeera ku olwo nga Sultan yali yateekayo enjovu nnyingi nga yeerinda embeera y'okubulwa ensimbi naddala ssinga aba alumbiddwa abalabe ne basaanyaawo buli kamu konna akake. Sultan ono yali yateekayo ebyuma ebitayitamu masasi naye nga biri mu kifaananyi eky'emisota emikambwe era nga buli gumu baagukolera obuguwa obugutambuza, obugubuusa, awamu n'okuluma. Ekibira bwe kyalumbibwanga, abakuumi abaali baateekebwayo Sultan nga basika obugwa okusobola okutambuza "emisota egyo" nga bwe kyetaagisa okusinziira embeera eyalinga ezze. Baasobolanga okukola kino nga bakozesa endabirwamu ze baali baawanga mu miti waggulu. Awo omulabe bwe yajjanga, ng'amaaso n'ebirowoozo abimalira ku misota egyecanga so nga awali endabirwamu kizibu okusuulayo eriiso. Ne bwe wabanga ogezezzaako okutunula awalala nga totunuulidde ggyo, ng'olwo gikubojja. Awo nno nga ekibira okinnyuka bubimbi. Anti "Bwosika ekitajja……."
Mu bakuumi b'ekibira ekyo abaali baateekebwayo Sultan, waliwo omu ku bbo eyayagala okubba enjovu ne yeerabira nti "Enkuba y'ekiro bw'etakuba musezi, ekuba mubbi." Kye yakola, yafuna omusuubuzi bwe banaakolagana mu kyama kubanga yali tasobola kumalako bwa nnamunigina. Anti "Buyisi bwomu……..."

Omusuubuzi gwe yafuna, yali Musa nga n'omuweereza we asooka ye Lwanyisa. Nga bamaze okubyogeramu n'okukola

enteekateeka zonna, baakkiriziganya batege Ibrahim akatego akagwemu olwo bo bafune kiralu. Nga babuliddwa butya bwe banaalimba Ibrahim, Lwanyisa yaleeta amagezi okukozesa mukwano gwe. Baafuna fa nfe wa Ibrahim bwe baasuubulanga bonna ne bamubuulira kye baali baagala akole. Ng'ategedde eky'okukola ne w'anaaafuniramu, era nga alabuddwa obutabuulirako muntu yenna k'abe mukazi we ku kyama kino, mpozzi n'obutabuulira Ibrahim nti Lwanyisa ne Musa mwe bali mu nteekateeka eyo, yajja bukolokolo ewa Ibrahim nga tamusaasiddeemu n'akamu okumulyamu olukwe. Yagamba Ibrahim okukwata basajja be abasindike ku kibira mu makya g'olunaku olwali luddako. Abasindikiddwa baalina okusooka okusisinkana n'eggye ly'oyo mukwano gwe nga tebannatuukira ddala ku kibira. Mukwano gwe ye yali ow'okuvunanyizibwa ku ky'okutirimbula abakuumi b'ekibira (abaali tebamanyi ku nteekateeka) ate ye Ibrahim atandike okutta enjovu. Oluvannyuma ng'abakuumi baweddewo, Ibrahim (basajja be) yali alina okwegatta ku mukulu oyo (basajja be) okusaanyaawo enjovu zonna mu bwangu. Waakiri enjuba egende okuvaayo, ng'amasanga gonna ga bali mu ttaano era nga ku kibira tewali muntu n'omu. Ekyo bwe twakiwulira, Ibrahim n'agambirawo nti "Kye twayagaliza embazzi, kibuyaga asudde." Era nze ne Ibrahim ne tukkiriza okugenda mu maaso n'enteekateeka eyo kubanga n'omusajja oyo twali tumwesiga bulungi. Kazzi olugero olugamba nti, "Emmwanyi gye weesiga yeetabaamu mulamwa," lugenda kututuukirako. Bwe namubuuza butya bwe yali yagudde mu kakodyo ka Sultan ako, yantegeeza nti yali yakolaganye n'omu ku bakuumi b'ekibira eyamubuululira buli kimu, era nga n'omukuumi oyo ye yali alina okukola omulimu ogusinga obunene n'okufuna amasanga agasinga obungi.

Ekyo nno kyatumaliramu ddala okwekengera kwonna kwe twali tuyinza okulowoozaako. Muusa ne Lwanyisa baali

baatuteze akatego nti nze n'oyo mukwano gwaffe bwe tunaaba tutta enjovu, omu ku baserikale ba mukwano gwaffe y'ajja okukuŋŋaanya amasanga n'abalala abali wansi w'omuserikale oyo. Awo ng'ekitundu ku njovu zonna eziri mu kibira zittiddwa, omukuŋŋaanya oyo yalina okulimba nti agenda kusooka kuterekako ge baakakuŋŋaanya. Olwo agende ewa Musa ne Lwanyisa badduke ffe batuleke nga twezooba.

Nga bagenze, Musa ne Lwanyisa baali balina okwawukanira mu kkubo, Musa agende n'omukuŋŋaanya bakweke amasanga olwo ayolekele ewa Sultan okumutegeeza kyalabye ku kibira nti waliwo ababbi abali mu kubba amasanga g'enjovu. Ate Lwanyisa (omu ku basajja be) ayite mukwano gwaffe ne basajja be nga yeefudde ng'aliko kyagala okubagamba badduke bagende ate basajja baffe basigale nga batta enjovu. Nga mukwano gwaffe alese basajja baffe mu kibira era nga batambudde ne Lwanyisa ne basajja be akagendo akawerako, olwo Lwanyisa alyoke alagire basajja be okutta mukwano gwaffe ne basajja be. Engeri mukwano gwaffe gye yali teyabuulidde nteekateeka eno ku muntu yenna, kyali tekijja kumanyika nti yali ne Musa oba Lwanyisa nga tannafa. Nga bamalirizza okumutta, batwale omulambo gwe okumpi n'emu ku nnyumba z'abalabe be olwo nnannyini nnyumba we batadde omulambo awaayirizibwe oluvannyuma nti ye yamusse. Engeri gye tutaamanyaako era nga tetusobola na kulowooza nti Lwanyisa yali yeenyigidde mu nteekateeka eno, abaserikale ba Sultan nga bazze bakwate emmomme okuttibwa ate Lwanyisa ne Musa bafune obuganzi ewa Sultan ng'abamukoledde ekyamagero okutaasa amasanga ge. Okumanya Lwanyisa ne Musa baali bantu bazibu, n'omukuumi eyababuulirako ku nteekateeka eyo baamutta mbu basobole okusaanyaawo obujulizi bwonna.

Nga bwe baabiteekateeka, era bwe byayitamu bulambalamba. Baafuna ebirabo biyitirivu okuva ewa Sultan olw'ekirungi kye baakola okutaasa enjovu obutaggwawo.

Ng'ebyo byonna bibaddewo, naloowoolerereza nnyo okutuusa lwe nafuna amagezi aganunula Ibrahim. Bwe nanoonyereza nga nkozesa abakessi, nakizuula nti waaliwo Sultan eyali ayitibwa Alidina Vislam Abdu Sharif eyali afuga Mombasa mu biseera ebyo era nga yali alumbiddwa aba Portugal abaakulemberwa Alvares Pedro so nga yali mukwano fa nte owa Sultan waffe ono Mohammed Abu Bakari. Kye nakola, nanoonya ebyambalo ebyali bifaananako n'ebyabakungu be ne mbyambala n'abamu ku bakungu baffe. Ne nkwata ekigaali ekivugibwa embalaasi ne nkitonaatona bulungi, ne nfuna n'engoye ezaali zifaanana n'ezabaserikale be ne nzambaza abaserikale baffe. Awo ne nduumira ne twolekera ku lubiri lwa Sultan Mohammed. Nga tutuuse, twasindika obubaka nti tuva wa Sultan Vislam. Nga batuyingizza munda, namubuulira nti yali alina okumusindikira amagye ng'emitwalo ebiri oba gonna, kubanga aba Portugal baali bafuuse kizibu eri Sultan Vislam. Ye kwe kumbuuza nti "Oba oyogera mazima, ndaga ekiwandiiko kyakuwadde ekiraga nti gyova nga kuliko n'akabonero ke." Olw'okuba nali nneetegekedde ekibuuzo kino, namuddamu nga sitidde nti "Omukulu yatidde ekiwandiiko okugwa mu mikono emikyamu. Yalowoozezza nti tuyinza okulumbibwa aba Portugal nga tuli mu kkubo ate ekiwandiiko ne bakitwala. Awo nga ssinga Banaabeera bakitutte, bandikoze eky'omutawaana ekisinga ekiriwo kati Sultan." Ng'awulidde ekyo, teyaddamu nate kumbuusabuusa. Awo kyava ansaba mmalewo ennaku bbiri olwo alyoke anzirize eky'okuddamu ekisembayo. Bwe ntyo ne nzikiriza okusulawo nga bwe yasaba. Kyokka yali ng'antikudde eggugu eddene ennyo, anti ekiro ekyo entegeka zonna

ez'okutoloka kwa Ibrahim lwe nazissaako envumbo. Ng'ekiro kitulimbye bye kitulimbye, nagenda ne basajja bange mu bifo we twategekerwa okukola dduyiro nga empisa yange bwe yali buli lwe nazuukukanga. Mba ntandika bwenti, n'omukulu ng'azze okumbuuzaako. Ng'amaze okwogera bye yali ayagala, namubuuza ku musibe gwe nali nawulidde eggulo limu anzikirize okumulabako. Awo kyeyava ambuuza ensonga gye nali nsinziirako okwagala okumulabako. Ne mmugamba nga bwe nali nawulidde nti musibe w'amaanyi, wa kiwago era nga njagala mmuswaze okubeera okyokulabirako eri ababadde bateekateeka nate okukola ebitasaanira eri Sultan. Nga tumalirizza okulya ekyenkya, yaleetebwa mu luggya lwa Sultan n'afukamizibwa awo nze okumulabako. Kyenva mmusemberera waali, ne nkwata ku kalevu ke, ne nkasitula okumwetegereza. Nga tugasimbaganye, namutunuulira nga mwennyinyimbwa wabula nga bwe mmutemyako okumutegeeza nga bwatasaanidde kweraga nti ammanyi. Engeri gye nali nfuuye eŋŋombe nga ssiragaanye na bayizzi, nalimu okutya nti ayinza okukola ensobi wazira eky'omukisa, yategeera mangu kye nali nteegeza n'atakola nsobi. Anti "Abuulira omugezi …"
. Ng'azzizza amaaso ku ttaka, namukuba oluyi olwamusuula wansi n'ennyindo n'ekomba ettaka. Mu kiseera ekyo kyenva muboggolera nti, "Gwe Makaaku atalina kyalina, ojja otya okunyiiza Sultan oti? Osaana na kufa." Kyava antunuulira ng'alinga asobeddwa! Awo kwe kuleeta oluyi olw'okubiri okumukuba naye ne ntunula emabega okwefuula ng'aliko ekinzibye omwoyo. Awo n'akakasiza ddala nga ye nze, kubanga nange bwe yali yankoze omulundi oguyise. Awo ne ndagira azzibwe mu kkomera kubanga nali sikyayagala kulaba Makaaku oyo.
Bwe nabuuza olunaku omusibe oyo lw'anattibwa, nategezebwa omukulu nti yali w'akuttibwa nkeera.

Newankubadde Ibrahim yakkiriza nti nali nze, naye yannyumiza oluvannyuma nti yasula n'ennyanja y'ebirowoozo mu kiro ky'olunaku olwo! Anti gye yakoma okukakasa nti nali nze, gye yakoma obuteekakasa nti ddala nali ye nze. Mu kiro ky'olunaku olwo, omukuumi wange namusindika n'ensawo y'enfuufu okugenda okutolosa Ibrahim. Ng'atuuse mu komera, yatuuka abakuumi abasinga batema bisiki ekyamwanguyiza omulimu. Ekituufu kyali nti abakuumi baamulaba, naye ne basirika okutuusa lwe yamusumulula Ibrahim. Nga bafuluma, abakuumi kye bava babeetoolola bombi. Omutolosa kyava akwata ekitala n'akiwa Ibrahim. Nga amaze okukimukwasa, kwe kuyoola enfuufu n'agiyiwa mu maaso g'abakuumi. Nga bakyavuya, ye ne Ibrahim ne balyoka babatta kumpi kubamalawo Abatono ennyo abaasimattuka kyebava badduka embiro okukuba ekidde ekirabula akabi akagudde mu lubiri lwa Sultan. Ekidde bwe kyakoona, abaserikale bonna baayolekera mu kifo kimu nga n'ab'obusaale tebasigadde. Ng'abasinga baggweredde eyo, nze kyennava nziruka ew'omukulu mbu ntidde nnyo nsobole okufuna obukuumi. Nga tuli ffekka mu kisenge, namuteeka ekitala ku bulago ne mmusiba. Namulagira okukola ekiwandiiko ekita era ekisonyiwa Ibrahim, nga kuliko n'akabonero ka Sultan. Namunnyonnyola nti ffe okujja twali twazze kutaasa Ibrahim so si kirala era ne mmubuulira nze ani. Nga Sultan awulidde kino, awo we yategeerera ng'omusibe gwe yali yakutte yali kagumba weegoge, anti kata okukwatibwa kwe akusasulemu obulamu kubanga aba kugaana, nali mmaliridde okumumiza omukka omusu mu budde obwo. Ng'amalirizza ekiwandiiko kye namulagira okukola nga n'akabonero ataddeko, yayimiriza oluyoogaano olwaliwo ekiro ekyo era enkeera n'alangirira okuteebwa kwa Ibrahim ne basajja be mu butongole nga tewali agaanye. Mu kiseera ekyo namugamba okunsiibula mu butongole era nga

bwe nnaatuuka awaka wange mu ddembe, awo ne ndyoka mpa omulenzi we ebisumuluzo ebiggula etterekero ly'emmere, kubanga nali nabitutte ng'ekyokwekuumisa olw'okumutya okwefuulira mu kiti ng'embazzi. Tuba tudda awaka nga ndi n'omulenzi wa Sultan gwe nali ow'okukwasa ebisumuluzo nga mmaze okutuuka awaka, ne wajja eggye ettonottono, ne litwetoolola mu kkubo. Ng'olutalo lutandise wakati w'eggye eryo n'abalenzi bange, kapiteeni waabwe yantuukako nambuuza nti, "Olowooza osobola okusigala ng'okyali mulamu oluvannyuma lw'okutyoboola Sultan?" Awo n'awanika ekitala kye ansaanyeewo. Aba akiwanika, omuntu gwe saamanya yatuva mu maaso ng'ayambadde akakookolo n'eggye lye era bwatyo n'akasukira omutemu akaso akajja kaliko n'obumansuka, ne kamugwa mu kifuba wakati era bwatyo n'aserengeta e zzirakumwa gye batambuliza omugongo ng'obwato n'enviiri gye zittirira ng'omuddo. Ekyanneewunyisa, eyantaasa oyo yajja n'ankwata, n'ansiba ekikookolo ku maaso, n'ansiba emigwa nange ne nkoma okutegeera ekigenda mu maaso mu kaseera ako.

NTWALIBWA NG'OMUDDU E BUWALABU

Nagenda okuddamu okutegeera, nga Lwanyisa ne Musa bantunuulidde, ndi kubuliri. Awo Lwanyisa kyava agamba nti "Master, ddaaki agolokose!" Awo bwe namubuuza olubadde, kwe kundaga ebisago bye nali nafunidde mu kavuyo newankubadde tebyali by'amaanyi. Bwe nabuuza basajja bange gye bali, nategeezebwa nti bo baasindikibwa ewa Ibrahim era baatuuka bulungi, mbu naye nze nali sirina bwe ŋŋenda kubanga nali nneetaaga obujjanjabi obusookerwako. Ng'amaze okumotola agagambo n'ebigambo ebipangilire era ebyagongobala nze bye saasooka kutegereerawo, namwebaza okuwonya obulamu bwange. Anti ye yasindika ejje eryatulumba nga nva ewa Sultan, era ye yantaasa nga ayambadde ekikookolo. Nga wayiseewo ennaku ttaano, nneegayilira Lwanyisa nteebwe ŋŋende ewaffe kubanga namunnyonnyola nga bwe nali mponedde ddala bulungi. Mu kifo ky'okunta, ye ne Muusa baannyongerako bukuumi okuntangira okuvaawo. Awo nno ne ntandika okweraliikirira ba "Ssemmondo" bano be nnalimu. Ku lunaku olwandibadde ng'olwomukaaga, Lwanyisa yandagira okwegezaamu mu martial arts, kubanga waaliyo empaka za martial arts ezaali zitegekeddwa nga baagala nzeetabemu. Yansikiriza okuzeetabamu olw'ensonga nti omuwanguzi yali waakufuna ebitundu bya ffeeza kikumi n'ebyazaabu ataano era nga ssinga mpangula, nali waakufuna ebitundu bya ffeeza kinaana n'ebya zaabu amakumi ana, olwo ebisigadde babigabane ye ne Muusa. Ng'amaze okunnemerako ennyo, namulaga nga bwe nali saagala kulwana. Kyava ayita Muusa n'ansikaasikanya naye era ne ŋŋaana. Baalaba siikyuse birowoozo byange, Lwanyisa n'amanya nti we bituuse balina kunkaka kifuba ddembe. Bwe natambula okumuviira, Lwanyisa yantaayiza n'ampambisa ekitala nsobole okukkiriza. Nagenda okulaba, ng'okufiira obwerere tekigasa

ng’ate mmanyi okulwana. Kyenva nzikiriza era ne ntandika okwegezaamu okwakafubo. Ng’olunaku mulindwa lutuuse, twali abalwanyi amakumi abiri. Baatutegeka era ne batuteekateeka babiri babiri buli lulwana. Eyawangulanga munne ng’oluddako ameggana n’omuwanguzi omulala era n’eyawangula ng’addiŋŋana nate n’omulala eyawangudde. Bwe tutyo bwe twajja tuddiriŋŋana okutuusa lwe twasigala abasajja babiri ku lulwana olusembayo. Tetwalwa ne tutandika okulwana. Wazira ekyanneewunyisa, nannyini musajja oyo gwe nalwana naye nawuliranga amuwaana buli lwe yankubanga ekikonde oba ensambaggere nti, “Kyekyo Mbazzi, tema, temera ddala Mbazzi.” Awo ne Musa kyava antuumirawo erinnya eppya ndowooza ng’awulidde obuggya. Buli lwe nakasukanga ensambaggere oba okukola ok''enjawulo ku mulabe, ng’awo ampaana nti, “Kitala, kitala salira ddala, kitala osaze bulungi, yongerera awo, kitala.” Nga tumaze akaseera akawerako nga tulwana, kyatuuka ekiseera abantu ne batandika ku tuyimbira nti, “Bwani-bwa Kitala, Bwani- bwa Mbazzi” nga bategeeza obuwanguzi. Twalwana, ne tulwana era ne tulwana nange ne nzikiriza nti tulwanye. Oba twali tulina obukodyo bwe bumu, oba ffembi Ibrahim yeeyali yatutendeka? Ekituufu kiri nti saamanya era nkiwa sirimanya bwe kyajjawo okulwana ne tulemaganwa. Twatuuka ekiseera ne tuggwamu amaanyi era ne tugwa wansi nga twevuunise. Natuuka ekiseera ne nsuula ekitala kyokka n’oli n’akisuula. Nzijukira twasemba kwe kuba nsambaggere buli omu ku ffe n’emunoza era ne tugwa wansi nga tuliraanaganye. Nga wayise akaseera akawererako ddala, omusazi w’empaka yafundikira okulwana nga tewali awangudde munne. Lwanyisa ye bwe yanyumyanga ku lulwana luno, yagambanga nti “Ogamba luli olulwana abeeru n’abeeru lwe baasisinkana! Era ddala bigere ggwe ate n’engwa yennyini yali y’emu!”

Nga batulabye nti tetukyalina gye tulaga, baatujja mu dwaniro nga mu butuufu tewali ategeera. Lwanyisa n'omukuumi we bansitula ne bantwala okunzijanjaba ebisago ebitonotono bye nafuna nga nnwanyisa "ensonjogo" mmale nziwangule okutuuka ku lulwana olwasembayo nze ne Mbazzi.

Nga mponedde ddala bulungi, nasaba Lwanyisa ensimbi zange ze nali nakoleredde ensuubize. Awo kyava ansaba okumulindako akatono azireete. Nga mmulindiridde okumala akaseera akawera nga tadda, kyenva ndagira omu ku balenzi abaali bankuuma okuntwalayo gyali. Tuba tufuluma enju nga kumpi tutuuse ebweru, naayingirawo nga adduka. Nga antuuseeko, yankwasa akasawo kalamba era n'ansaba antwale okumpa zaabu, kubanga akasawo zaabu mwe yali yali akeerabidde mu butanwa olw'obwangu. Munnange siikulwiseeyo nga tugenda. Okwetegereza obulungi, nga ndaba ng'abagenda ku mwalo amaato we gasimbulira okugenda e Buwalabu. Bwe namubuuza gye tulaga, yanziramu nti "Tunaatera okutuuka." ŋŋenda okulaba ng'abalenzi batwetoolola n'ebitala, olwo nno ye aseka busesi. Takomye ku kuseka, anzigyeeko ensawo y'ensimbi gy'ampadde, si kyokka omulenzi w'omusuubuzi omulala amuwadde ensawo y'ensimbi. Mba ndi awo, nga bankwata bansiba enjegere era nga bangatta ku baddu be simanyi nga batwolekeza ku lyato. Amangu ago nga twejjawo. Bwe ntyo ne njabulira Ssemazinga Africa eya boobwe okwolekera mu nsi empya gye nali simanyi. Era wano we nategeerera nga Lwanyisa antunze okugenda okukola obuddu mu nsi endala, nga n'ensawo y'ensimbi ey'okubiri gye yaweebwa, gwe muwendo ogwamusasulwa nze okutwalibwa. Twatambula era ne tutuuka bulungi nga tewali buzibu bwe tufunye mu wiiki ezo ebbiri ze twamala mu kkubo. Nga tutuuse ku mwalo e Buwalabu, twasumululwa enjegere ne tutandika okutikkula ebintu. Nze nasitulanga seeganya era ng'ekisobye njogera

mangu eri abakulu. Ekyannyamba kyali nti oluwalabu nali ndukuba budinda mu kulwogera n'okuluwandiika, anti nga byonna Ibrahim yabinsomesa. Nga tumaze okutikkula ebintu, baatutuuza ne batuwa ku ky'okulya. Abazaana be baatuleetera emmere era beebatujjako bye twalirako. Bwe mba sseerabidde, ng'ogyeeko nze tewali yeebaza muzaana newankubadde omuntu yenna okutuwa eky'okulya; naye ndowooza sirwakuba bonna baali tebaagala, wabula abasinga kyali kirabikirawo nti baali tebamanyi lulimi Luwalabu. Nga batuleetedde emmere, nneetegereza omuzaana eyandeetera emmere. Okusinziira bwe namulaba, yali afaananamu ng'omucayina, nga muwala muto era nga alabika bulungi amaaso ge. Ng'ampadde emmere, namwebaza era ne mmusiimuula ne ku lugoye olwali luyiiseeko enva oluvannyuma lw'okwekoona ku bigere byange nga nnaanama. Bwe nali mmusiimuula, kyava ammwenyeza nange ne nkola bwe ntyo nga mmutunuulidde. Awo n'addayo nga bw'akyuka emabega okuntunuulira okutuusa lwe yabulirayo. Ng'akomyewo okukima bye twali tuliiriddeko, era yammwenyeza nnyo nnyini ne ntuuka n'okuwulira ensonyi nga zinkutte mu maaso ge. Awo ne ntegeera muli ng'alabika yali ansiimye okuba mukwano gwe. Anti "Akaliba akendo…." Ate era "Bw'olaba omugenge yeeyunira ettu ng'omanya ku ngalo kwasigalako ensajja."

Nga bukedde enkya, baatukuŋŋaanya okutwawulamu emirimu gye twali tulina okukola ng'abaddu. Waaliwo abaali balina okuba abaserikale, abalala basimi ba byamuttaka, n'abandi okubeera abalwanyi ba martial arts ng'empaka zituuse. Baasooka ne batulagira buli omu okugenda gyawulira nga gy'anasobola. Nze nagenda mu kiwayi ky'abaserikale kubanga nalowooza nti osanga lunaku lumu ndi linnyisibwa eddaala ne nfuna eggye, ne nkomya obusuubuzi bw'abaddu mu ngeri yonna. Nga bamalirizza okutwawulamu era nga

tebanzigyeyo gye nali njagala, naassa ekikkowe era ne nsanyuka muli. Kazzi nneesunga kye ssinnalya! Anti ng'omukulu yennyini atuuse, eyali nnyini kifo we twali, era gwe nategeera oluvannyuma nga Haruna Bin Said, lwe nategeera nga nnyinza obutasigala mu kiwayi kye njagala, kubanga yalina okutukyusakyusa nga bwayagala okugenda mu biwayi eby'enkalakkalira mwe twali tulina okubeera buli omu. Mu kiseera ekyo nga atuuse ku nnyiriri mwe twali, yatambuzatambuza amaaso, era n'akyusakyusa be yayagala. Mu kutambuza amaaso ge ennyo, gye gaagwira ku gange. Nali nsabirira nneme kukyusibwa mu kaseera ako, era bwe ntyo ng'antunuulidde, natunula wansi osanga anandeka n'akyusa abalala. Nga anzigyeeko amaaso, yabuuza oyo eyatwawulamu mu mirimu egy'enjawulo nti, "Oyo omumanyi oba tomumanyi?" Olwo nno ng'ansonze mu nze. Oli kwe kuddamu nti "Anti ssebo y'oli gwe twagula oluvanyuma lw'okulaba obukodyo bwe mu martial arts." Awo omukulu kyava amuvuma obusirusiru olw'okunzikiriza okubeera mu kiwayi ky'abaserikale. Bwe ntyo ne nkyusibwa okudda ku ludda lw'abalwanyi ba martial arts, kyokka nze ne ndaba ng'ekkubo eryandinnyanguyidde okutuuka ku kirooto kyange nga lizzeemu omukoosi. Newankubadde saasiima kukyusibwa ku mulundi ogwo, nasanyuka oluvannyuma nga ntegedde nti nali nnonze kkubo kyamu, era okunzigyayo kwataasa nze okuwona obulumi bwe nsuubira nti nandibuguzeemu n'obulamu. Munnange nga batusiibudde ku olwo, nawulirira ddala muli nga mu butuufu mbadde ntuuse awansaanira era we njagala kyokka ate ne nteekebwa awakyamu. N'olwekyo nawulira bubi nnyo mu kaseera ako, era nalabira ddala ng'olugero olugamba nti "Akendo we kawoomeseza amazzi we kaatikira," luntuukiddeko. Enkeera w'olwo, baatuyita nate okusimba ennyiriri we twali twabadde ggyo okubaako kye batugamba. Nga tutuuseewo, nalowooza nti bagenda

kuddamu okutukyusakyusa nate. Kyokka mu kifo ky'okutukyusakyusa nga bwe nasuubira, baatulaalika kulya mangu kyamisana tukomewo olw'omukolo ogw'enjawulo gwe baali batutegekedde. Nagezaako okuteebereza naye ne nnemwa okutegeera mukolo ki gwe baali boogerako. Ng'obudde butuuse, era nga tusimbye ennyiriri, baatubuulira nga bwe twali tugenda okulaayibwa okusobola okutuukiriza emirimu gye twali tusaanidde okukola nga tewali kiwugudde birowoozo byaffe. Kino nno kya njasa amatu ne mpulira nga ntidde, era bwe ntyo ne nneemulula mpolampola okutuusa lwe natuuka ku nkomerero y'olunyiriri olusembayo. Nga ffenna tutidde, kapiteeni eyali yalagiddwa okutuukiriza omulimu kyava alagira gutandike. Baasooka ne balaawako asooka, kyokka omusajja yasala munnaffe ng'alinga asala enkoko awatali kusaasira. Tebaateekawo wadde akalagala konna kukendeeza bulumi okuggyako okukikola ng'atunula butunuzi. Nze we nali nawulira nga siriiwo era ssinga ettaka lyali lisobola okummira, nandirisabye ne limmira ne linkisa okuva mu basajja abo abaabulwa obusaasizi. Nga asooka awedde, baayita ow'okubiri. Bwe baali bamutandikako bwe bati, obugere ne butandika okukuba sikyakyala. Olwava awo, oyo yayitirayo buyitizi, Naye nga bamumaze, baba bagenda ku w'okusatu, omukulu we yatuukira. Omukulu kyava atugamba nti "Buli omu wano alina okulaayibwa oba oyagala oba toyagala era tewali ngeri yakwebalama kulaayibwa, wazira ekiwayi kimu kyokka ekitagenda kulaayibwa kye kyabo abali mu martial arts." Nga Kapiteeni abuuzizza omukulu ensonga emusazisizzaawo ekyo. Omukulu kwe kumuzza ebbali n'abaako bye yamugamba bye tutaawulira. Naye kye siryelabira, kwe kulaajana kwa bannange n'okufiira mu bulumi ebyaliwo mu kulaayibwa kuno. Omu ku mikwano gyange bwe twali twakalabagana era gwe nali nneeyabiza mu byonna nga tuli mu kisulo yalaba abasajja bali bagenda

kubazikiriza, kyava ayagala okwegayirirako naye n'asooka asirika. Nga abaddu kkumi na bataano bafudde ab'omuddiriŋŋanwa, mukwano gwange oyo yeeyali addako, kubanga okusinziira ku kiwayi mwe yali, yali waakukola mu kirombe ky'amayinja. Nga bamutuuseeko, yalinnya mu kyoto n'agaana okulaayibwa. Bwe yakakibwa, yagamba nti "Oba munzita munzite naye nedda, nze sijja kulaayibwa kubanga bwe nnaafa, kinaabagasa ki!" Awo kapiteeni n'amukwata amavumbavumba, n'amuyimiriza, n'amutta n'ekitala nga tulaba mbu okubeera eky'okulabirako eri abalala nga ebigambo bye bwe byali. Bwatyo mukwano gwange bwe yalugenda. Mu kulaayibwa kwonna okutwaliza awamu, abaddu nga bana be baafa ku buli baddu kkumi abaalayibwa. Wano nno we nategerera nga Lugaba yazza bibye nze okunkyusa okuva mu kiwayi ky'abaserikale ne nzira mu balwanyi ba martial arts, kubanga nkakasa ntya nga sandibadde mu abo abaafa!!!

Nga wayise ennaku nga ttaano kasookedde okulaawa kubaawo, omukulu yantumya ŋŋende mmulabe okubaako by'aŋŋamba. Nga ntuuseeyo, omukulu oyo yambuuza erinnya lyange. Nga mmubuulidde, yambuulira nti waali wagenda kubeerawo empaka za martial arts ng'ennaku bbiri ziyiseewo, n'olwekyo nalina okutandika okwegezaamu nga nneetegekera. Yandabula nti mu mpaka ezo e Buwalabu, tewabeera buwanguzi, busaasizi newankubadde ekisa. Kubeera kufa na kuwona, n'olwekyo yansaba mpone buwonyi ng'ebyange biwedde. Yansuubiza okumpa eddembe era n'okumpa abaddu okukola wansi wange ssinga mba mpangudde, newankubadde nga nali nnina okukozesa ebyo byampadde mu buweereza eri ye. Ekyo kyanzigya enviiri ku mutwe n'engalo ne nzikubamu ne zaaka, kubanga okusinziira ku ngeri gye baatuyisangamu, ng'ekintu ng'ekyo tekiyinzika na kubaawo. Namutunuulira n'amaaso agalaga nti sikakasizza

byayogera okutuusa lwe yankakasiza ddala nti bijja kutuukirira. Awo n'ayita n'abalala abalwanyi ba martial arts era n'ababuulira ku nnwana ez'enjawulo ezaali ez'okubaawo mu bwangu ddala, n'olwekyo nga buli omu alina okubeera omwetegefu essaawa yonna. Yatwogerera bulungi nnyo era n'atugumya, yatuzzaamu amaanyi era n'atusuubiza okutuliisa ku mmere ye gy'alyako mpozzi n'okutusuza mu kifo kye ekisanyukirwamu, olwo atusindikire abawala, buli omu yeerobozeeko gwayagala. (Wano we nategeerera ensonga kyeyava agaana okutulaawa).

Awo omu ku ffe kyava amubuuza nti "Naye ssebo lwaki ffe tewatulaawa? Ate ng'abasigadde wakibakola?" Omukulu kwe kumuddamu nti, "Omulwanyi yenna okuwangula n'addala owa martial arts, alina okubeera n'ekiruubirirwa. Jjukira nabagambye nti kye nneetaaga, gwe wonawo buwonyi, nga kiwedde. Bwoba omanyi ng'obuwanguzi bwo bujja kukutuusa mu nsi empya erimu essanyu, okulya n'okunywa, tojja kufa naye bwoba nga tolina ssuubi lyonna kufuna ssanyu, ne bw'oba n'obukodyo otya, obeera ojja kuggwamu amaanyi, bw'otyo weeweeyo eri omulabe wo okukusaanyaawo. Kyova olaba nti saakikoze ku mmwe." Awo eyabuuzizza kyava addamu nate nti, "Tolaba ng'obwo si bwenkanya okutulabirira bw'oti ate bannaffe n'obaleka ne babonabona!" Omukulu kyava addamu nti "Anti kyova olaba nti ggwe oli wa mukisa ku balala!" Ko oyo eyabuuzizza nti, "Nze sisiimye by'otukoledde nga baganda baffe otta batte, era osaana okyuseemu mu nkolazo, si lagidde naye nsabye busabi." Kazzi akatambye! Awo omukulu n'amuyita ng'asekereza okumulaga nti ebigambo byamugambye bimukutteko. Ng'atuuse omukulu we yali, omukulu yennyini yamusogga ekitala era n'afiirawo awo. Awo kyava atuboggolera nga yenna asunguwadde alinga empologoma enoonya eky'okulya nti, "Sikyakkiriza bibuuzo newankubadde omuntu yenna

okubaako ky'aŋŋamba. Mukole nga bwe ndagidde ate mu nve ne mu maaso mwe abatalina magezi." Awo ne tuvaawo nga kituweddeko, era nga tunnyogoze. Ne nzijukira bwe twali mu katale k'emmere nze ne Ibrahim olumu, omusajja omu bwe yandabula nga aŋŋamba nti, "Olulimi lwo terukutundanga mulenzi." Okuva olwo, nneekuma nnyo ebigambo byange obutansuula mu nnyanga ng'oli. Anti "Kamwa kabi……"

NSISINKANA SANYU NNAMBI

Bwe lwatuuka olunaku oluddirira olw'empaka za martial arts era nga zinaabaawo ng'enkya, omukulu yatuyita buto okumusuubiza obuwanguzi obw'enkomeredde. Nga tukikoze ffenna mu kutya okungi, yatuwa omukuumi eyatutwala mu kifo kye yali yatutegekedde okusulamu ku olwo. Nga tutuuseeyo, twali nga abatuuse mu ggulu. Twasangayo kyenkana buli kyakulya ekirungi omwali omuceere, chapatti, ennyama, soya n'ebirala. Wazira okusinziira ku bigambo by'omukulu, kyandabikira nga okutukolera ebyo kwali kuzimba maanyi gaffe n'obumalirivu bwe tunaabeera tulwana okufuba okuwangula, tusobole okulya nate ku birungi bye yatuwa nga tuwangudde nze enkyansanyusa ennyo. Twalya, ne tunywa, ne tusanyuka okutuusa buli omu nga akkutidde ddala, kubanga n'emmere nnyingi yazzibwayo ng'efisse. Nga tumalirizza okulya ekyeggulo ekinyuvu ekyo, twatwalibwa mu kisenge ekiddako aw'okwebaka. Omukulu yatuukiriza kye yagamba; anti tuba tuli awo ng'abawala baleeteddwa. Buli omu yeerobozaako gw'ayagala era n'agenda naye. Nze nnina gwe nanoonya naye nga simulaba. Nanoonyeza ddala naye gwe njagala n'ambulira ddala. Awo kyenva ŋŋenda ew'omukyala eyabaleeta ne mmubuuza omuwala omusanyufu, ow'ekitema, alina akaloboozi akaseenekerevu era alina enviiri eza ….. Okwali ng'okunziramu, yansekerera

busekerezi. Ne ndowooza oba ye ye, naye bwe nneetegereza nga si ye ye, wamma ggwe ne nsoberwa. Bwe mba nkyuka nti okutunula emabega nnyongere mmunoonye, kyenva mmulaba ng'obwedda ayimiridde awo emabega wange antunuulidde. Awo n'angwa mu kifuba, nange ne mpulira muli nga ndi waka. Si ku mirembe gye nali mpulira mu kiseera ekyo!! Kyokka naye teyaviiramu awo okutwaliza awamu, kubanga namusitula ne mmwetoolozaamu olw'essanyu lye nali mpulira eri ye. Anti baalugera dda nti "Olugenda enjala……."

Bwe tutyo twayolekera we twali tulina okubuyiwa. Nga tutuuseewo, twatuula ne tukisimba ne kiroka era ddala emboozi n'egwa amakerenda. Yannyumiza nti ye yali ava Korea ey'amaserengeta. Nga mwannyina avudde e Buwalabu, yamukakasa nti e Buwalabu ye yali ensibuko ya ffeeza ne zaabu nga kumpi byombi bya bwerere. Mukazi wattu olwawulira ku by'obwerere ng'ebyo, yadduka za mbwa n'obubwe bwonna kujja Buwalabu. Yatoloka kiro okwolekera okujja. Ng'atuuse e Buwalabu, yabuuliriza awali zaabu wennyininnyini. Ebyembi gwe yabuuza yalimba mulimbe, bwatyo n'agenda gye baali bamugambye. Okukkakkana nga bamutuusizza ew'omukulu oyo Haruna Bin Said. Ng'atuusiddwawo, yafuulibwa okubeera omu ku bawala abaweereza, era bwatyo n'afundikira nga kye yali ayagala takifunye. Bwe namubuuza erinnya lye, yanziramu nti ayitibwa Han Hye Jin, naye olw'okuba lyali linnya ggwira mu matu gange, namutuuma Sanyu Nnambi erinnya eryamusanyusa ennyo. Bwe namunyumiza nange eby'obulamu bwange, n'ankwata emikono gyombi n'aŋŋamba nti, "Katimbako," nange kitange yannyumiza ng'ebibyo byennyini bye yayitamu, naye ekirungi ye yafundikira muwanguzi. N'olwekyo nandyagadde naawe ofundikire ng'oli muwanguzi nga ye." Awo kyenva

mmubuuza nti, “Katimbako” kye ki?” Kwe kunziramu nti, “Ewaffe bba w’omuntu atamulinaako luganda lwonna, mukyala we amuyita “KATIMBAKO” weewaawo tusobola okulisalako ne tumuyita “KATIMBA.” Nze kyenva mmubuuza nti, “Ani akugambye nti ndi balo?” Ko ye nti, “Mbadde nsaaga naye nze bantwala dda era ka nkulengeze baze.” Awo omutima ne gutandika okuntundugga, ne mpulira nga seetegeera era ne mmubuuza nga ntidde nti, “Oyagala ku nkolaki muwala gwe?” Kyokka n’ansekerera n’aŋŋamba nti, “Toli musajja nkulabye, okyali mulenzi.” Ko nze “Lwaki ontiisizza bwotyo? Mbadde mpeddemu n’omutima nzenna nga mbula na kudduka buddusi!”

Ko ye nti, “Kyokka naawe, kati obadde obikkirizza ggwe omusajja omukulu? Lwaki otya nga bakazi?”

Ko nze “Anti abadde ayinza okulowooza nti mmujooze n’okutuula ne mmutuula mu kifuba nga ensi eraba!”

Ko ye “Naye wali oyogeddeko n’omuwala nga bwoyogera nange kati?”

Ko nze “Okulimba kubi ggwe asoose.”

Ko ye “Era nange nkulaba ensonyi zikwambadde wenna olinga ayimiridde ku maggwa.”

Ko nze “Naye owaayiriza bannange, nze ssibangako na nsonyi.”

Ko ye “Tunuulira wenna bw’oswadde!”

Awo ne mpulira ate nga ensonyi zizze so nga nali siziwulira oluberyeberye.”

Ko nze “Olabidde ku ki?”

Ko ye “Wenna otudde weenywezezza, n’okwenyeenya tewenyeenya bwoti!

Ko nze “Ye mwali muzannyeeko jangu onkwekule?”

Ko ye “Jangu okwekule y’atya?

Ko nze “Mudduka, buli omu ne yeekweka, kati olumala ne mukola ki, ne mufuna, nedda oli naakunoonya okutuusa ng’akuzudde,”
Ko ye “Ssebo wange otandise okuzisoma ng’oziva wakati, kati bikulemye, yii bambi musajja wattu n’okubimanya olabika tobimanyi!”
Ko nze “Ebiki?” Olwo nno nga ntidde!
Ko ye “Eby’okunyumya n’abawala.”
Ko nze “Waliyo n’ondaba nga ssinyumya nabo?”
Awo ne tusaagasaaga nnyo nate ng’omutima gwange gusse. Newankubadde baalugera nti “Omukazi birenge bya ddiba bw’otobikunya tebigonda,” luno lwatuukira ku nze so si Nnambi. Si ku ngeri gye yafuba okunsikambulamu ebigambo!!!!
Twabeera bwe tuti okutuusa ng’olunaku lwe nalina okulwanirako lutuuse. Mu makya g’olunaku olwo lwe twali tulindidde okumala akaseera, Sanyu yangolokosa nga nze sinnaba na kutuusa kugolokoka n’aŋŋamba bwati, “Katimba, ekitala si y’enkomerero naye obukodyo bw’oyolesezza kye kikulu, kozesa ekitala ng’olaba kye kyokka ekiyinza okukutaasa mu kaseera ako oba ng’obudde buggwayo obw’okulwana. Wabula ng’oggyeko ekyo, kola obukodyo bwonna bw’omanyi obwa martial arts obunaasanyusa abakungu, kubanga ekyo kijja kukuweesa ekitiibwa awamu n’omukulu Haruna Bin Said. Bwe muba mutandika, tolaga kakodyo konna era weewome bwewomi kitala kya mulabe era n’ensabaggere etekukutte bulungi laga nti ekulumye nnyo okusinga bw’owulira. Ng’omulabe wo amaze okulaba nti onafuyidde ddala era tolina makulu, era nga yeewaanye ne mu bantu, awo n’olyoka ojjayo obukodyo bwonna bw’omanyi. Mu kiseera ekyo towa mukisa gwonna mulabe, okukwaŋŋanga nate wabula mulwanyise okutuusa ng’omuwangudde.” Nannyongerako nti, “Gezaako okulaba

nga tomufumita okutuusa ng'atendewaliddwa era naawe ng'omazeeyo obukodyo bwo bwonna kubanga ekissa abasinga kwe kutuuka n'omululu ng'akola bukozi ekyamuleese. Lubaale nkulinamu obwesige bungi nnyo era bambi tonjiwa ku guno omulundi gwo ogusookedde ddala okulwana nga twakasisinkana. Nga mmusuubizza obutamuyiwa, na mwetakkuluzaako okulowooza ku by'aŋŋambye.

Nga tukyali awo, twayitibwa okulya ekyenkya nga tetunnaba kwolekera kulwana. Nga tulya, bannange baatandika okunyumya ku bawala buli omu gwe yali yafunye ekiro. Waliwo omu gwe nategeerako erya Ssekinobero n'omulala Mwasamiranga. Ssekinobero yabuuza Mwasamiranga nti "Wawulidde otya ne gwe wabadde naye? Mwasamiranga n'addamu nti, "Nawulidde bulungi ng'omuntu adduka enkuba ate ne yeggama mu nju etonnya." Ko Ssekinobero, "Etonnya? Nze nawulidde ng'anywa omubisi gw'enjuki gwe bayiyeemu omubisi gw'ebikajjo!" Awo Ssekinobero n'ambuuza nti "Gwe nga toyogera, wawulidde otya?" Ko nze "Nange nawulidde ng'anywa omubisi gw'enjuki kyokka ne ndiirako n'eryenvu." Kwe ku nziramu nti, "Naye kkapa ggwe!" Abalala ne baseka. Ko nze, "Naye mmese ggwe!" Awo ne tuseka nnyo nga tunyumirwa.

Mu kaseera ako Sanyu yali asaba kumpa eky'okulwanyisa ekinannyambako ssinga ekitala kyange omulabe akikuba n'akinzigya mu mukono nga tulwana. Ebyembi omukulu yagaana. Awo Sanyu n'omukulu ne bagenda nga boogera bye sawulira bulungi olw'emboozi za bannange n'okuseka, okutuusa lwe baabulirayo ffe ne tusigala mu kisenge ekisulwamu. Ng'obudde butuuse abakazi we banywera emmindi ya taba ey'okubiri era nga tuyingirira mu makola g'ekyemisana, twakulemberwa omukulu yennyini Haruna okwolekera ennwana Ssemalwana ez'okufa n'okuwona.

Twatuukira mu kizimbe ekimu eky'afaanana ekkomera era nga bwoyisaamu amaaso mu mpataanya z'amadirisa obeera olaba ekigenda mu maaso ku ddwaniro, anti baatuggaliranga muli ng'abasibe.

Omu ku ffe bwe yagendanga okulwana, baasibanga oluggi lw'ekisenge mwe twali n'ekkufulu era nga n'abakuumi babeera bulindaala kuli ng'ensanafu. Ekyo nno baakikolanga bwe batyo okutuziyiza okugenda mu ddwaniro okutaasa nunnaffe ssinga aba agenda kusaanyizibwawo. Ng'empaka zitambulidde ddala era nga bannaffe abamu abansokayo bagajambudde omulabe, nange ddaaki natuuka ku mutendera ogwange. Nze nalwana nga sirina kusaasira kwonna eri mulabe okutuusa nga mulinnye ku nfeete. Nga tumazze okulwanyisa abasooka nze ze nayita engajaba era ensonjogo, natuuka ku mutendera ogusembayo. Nga tutonnye mu ddwaniro nze ne gwe nali ow'okulwana naye, twetunuulira enkakaba era nga ffembi tutunula nga abayiiriddwa kaamulali mu maaso n'enfuufu mu kamwa. Omulangirizi w'empaka yayogera bingi nga atuwaana buli omu okusinziira mu ndabika ye ey'omubiri n'ebinywa mpozzi n'amaaso ge. Yayogeranga bino ng'ali ku mukono gwange gwe naliko, kubanga bwe yasookera ewooli, oli yeekuba nsiri ku kyenyi omulangirizi n'alowooza nti aweddewo, era yagwa ennume y'ekigwo n'embiro n'ateekako, bazza muzze nate okukola omulimu. Mu bwangu ddala ekidde kyavuga tutandike. Wano nno ne nzijukira Sanyu bye yali aŋŋambye omuli n'okusooka okulaga omulabe nti ndi munafu eyakazaalibwa w'amaanyi. Mu kuteebereza kwange, twalowooza kye kimu n'omulabe kubanga twazannya ng'abaana abato mu kitundu ekyasooka era tewali yalumizibwa. Ng'ekidde eky'okuwummula kituuse, Omukulu Haruna yasembera ku ddwaniro n'agamba nti "Owaaye okantyabidde n'okamala bukamazi!" Awo nno n'alyoka alya obuwuka, n'anvuma n'anjogoloza

olw'okuzannyisa omulabe ng'azannyisa emmere. Yandabula nti "Ssinga mpangulwa, nali nnina okuttibwa n'omulambo gwange gufumitibwemu oluti mu lubuto luggukiremu eri ku mugongo. Awo nno banjokye omucomo okukasukira embwa zeggwere, n'olwekyo nali sirina nate kuzannya oba kusaasira omulabe nga twatika. Okumanya omusajja yanyiiga, teyalekeraawo kuyomba newankubadde ng'ekidde kivuze okuddamu okulwana. Ng'ekidde kivuze ne lulyoka lukoya buto. Eky'okunyombesa kyankwasa obusungu bwe nali sibangako nabwo era bwe sisuubira nti ndiddamu okuba nabwo nate. Ebyembi, omulabe, yeyasasulira byonna omukulu bye yanvuma, kubanga n'omukulu yaŋŋamba nti okusinziira bwe yandaba mu ddwaniro ku mulundi og'okubiri, teyali nze alwana wabula enjala z'engo enyagiddwako omwana gwayo. Olwawulira ekidde bwenti ne nnyingira eddwaniro n'ekisubi ku liiso ne nsooka nsuula n'ekitala wansi. Olwo ne ndyoka mmuyiira omusaayi ogwali gwalegamye mu ddwaniro ogwayiika mu nnwana ezaasooka, era ne njiwa ne we yali atagalira, olwo n'aseerera n'agwa. Baamunzigyako bujja nga mmussa bikonde, kubanga n'enkovu ennene yasigalawo ku mukono gwe ogwa kkono bwe namwagula nga sigenderedde okutuusa lwe yassa ogw'enkomerero.

Nga bamunzigyeeko, nakwata olujegere owali lusiba omulyango oguyingira mu ddwaniro, ne musesebbula nalwo, era olwo ne muwuttula. Baankwata bukwasi okumunzigyako ate n'eyali amutaasa namukubiramu agakonde agaamutuusa n'okunnangirira ng'omuwanguzi amangu ddala.

Nga nnangiriddwa ng'omuwanguzi, omukulu Haruna yajja n'atuuka ku ddwaniro nga ndowooza nti azze ku nsanyukirako. Mu kiseera ekyo yayombesa nnyo abateesiteesi ng'agamba nti ennwana ezo zaabeeranga za kufa na kuwona,

n’olwekyo olulwana olwo lwali terunnaggwa okutuusa oli nga musse, olwo ne mbalibwa ng’omuwanguzi yennyini. Yayogera ebyo nga n’omukulu eyali nnanyini mulwanyi oli azze era naye n’ayomba nnyo ggwe wamma ne yeesula akajegere ngalaga obutali bwenkanya olw’ebikolwa by’ennakola omuli n’okusiba oli olujegere ne muweweenyula ng’omusibe ate era n’okwagala okumussa agakonde ng’ali wansi nga talina bwe yeerwanako, bwatyo n’akkaatiriza nti kyali kikolwa kya butiitiizi nze kye nakola. N’olwekyo olwo olulwana lwali lulina okuddibwamu, kubanga n’okunyuma terwanyumamu n’akamu n’akettondo. Abantu bonna baawagira omukulu oyo bye yali ayogedde nti byali bituufu olulwana luddibwemu. Awo ne batuwa essaawa bbiri zokka mu kaseerako tuwummulemu, n’oluvannyuma zidde okunywa n’ezatwalula zisiriire. Anti “Abangi we basonga olunwe……” Mu kiseera ekyo omulabe wange yali yasigadde mu ddwaniro nga yeetala nga Nnamutale omuggyeko ente.

Ng’essaawa ebbiri ziweddeko, ekidde kyavuga ekitulaalika okutandika okulwana. Nasooka ne ndaga obukodyo bwonna ng’oggyeko okwefuulira mu banga ne ku ttaka. Nakuba oli ebikonde n’ensamba ggere era ne mbeera nga mmwolekeza ekitala buli kiseera okumusaanyawo.

Waliwo ensamba ggere gye namukuba mu mbiriizi n’agwa eri! Olwo nze ne ntunula mu bantu okuwanika emikono gy’obuwanguzi ng’akabonero k’okwewaana. Nga mpanise emikonno okwewaana nga bwe nali omusukkulumu, omu ku baali mu bantu kyava agamba nti “Kale kitunuulire! kyewaana ng’eggunju ery’ettulu nti mba n’abiri ne nnannyini nkoko mbadde mmuleeta.” Bwe nakyuka okutunulako we yali agudde, ne mmulaba ng’asinda ng’akutte ku lubiriizi we namukoonye. Kyokka okwetegereza ng’enseko zitta mutte, olwo ne nkakasiza ddala ng’anterese nti we mmalirayo bye

nsobola byonna, alyoke asitukiremu ng'eyatega ogwekyayi okummaza emmere.

Bwe nali ntambuza amaaso, gye gaagwira ku Nnambi! Nalengera nga tasanyuse era, nga kirabika yalowooza nti nali saakutte bigambo bye bye yali yaŋŋambye weewaawo yategeera oluvannyuma ekyankozesa ekyo.

Nga mpeddemu, naleeta ekitala mbu mmumalirize. Nga nkireese, yakikuba ng'akozesa ekikye ne kigwa ebbali olwo n'alyoka aleeta buli kakodyo ke yali nako era ng'eyabadde asinda mbu afa, essaawa eno ng'alabika nga atalina na kamogo konna. Awo nange kwe kukkiriza agende n'obukodyo bwe mu maaso. Anti bagamba nti "Totta kibe …" Okumanya namulobesa, nakwata ne ku mumwa nga nneewuunya kye yali ankoze obwenkanidde awo, olwo ne njula n'okwoza ku mmunye mu maaso gange. Ng'amazeeyo byonna, yakwata ekitala kyange kyennyini n'abuuka ammalirize kubanga yali amanyi nga n'agasituka sikyagalina. Nga abuuse, navaawo n'afumita ettaka era ne nzirukira ku ludda olulala. Awo nno n'ategeera nti lwatuukirira olugamba nti "Amagezi tegaba g'omu…"

Awo kyenva nnyimuka, ne mbuuka mu bbanga, ne nneefuulira ku ttaka, era ne ndaga nti ndi mulamu bulungi nnyo sirina kizibu kyonna. Yawulira obusungu n'ayagala ku nzita bussi. Wabula nga yeerabidde olugamba nti, "Bw'olaba omugenge yeeyunira ettu ng'omanya ku ngalo kwasigalako ensajja." Obukodyo bwange bwonna nabulaga mu kwewoma kitala kye nga nze sirina kye nkutte okusobola okusanyusa abantu. Bwe nabuukanga, yatega nga wansi ekitala mbu nkigweko kyokka nze ne nneefuulira mu bbanga ne ntomera ye akigweko. Buno nno obukodyo bwankooya nnyo n'okusinga okulwanyisa abalabe abaasooka. Nga mmazeeyo bwonna, najjako sseppeewo ku mutwe ne nkwata ekitala ne nkisitula mmalirize omulimu.Wabula mba nkireeta nti,

omulwanyi oyo kyava ajjako sseppeewo ye n'agisuula ebbali, n'afukamira, n'ansaba ekisonyiwo ku lw'obulamu bwe. Bwe nnetegereza omusajja oyo, nga ye Lwanyisa yennyini ekyanzigya enviiri ku mutwe. Namubuuza nti "Eno wazzeeyo otya era wayigira wa martial arts?" Ko ye nti, "Buli lunaku Ibrahim lwe yakutendekanga, nabanga nneekwese, olwo ne nkoppa buli kamu ke mwakolanga ne ŋŋenda okwegezaamu. Ekyandeese kya kukwetondera bye nakukola onsonyiwe. Kyenva nkyuka ne ntunula emabega era ne ntambula nga nkoona omusinde wansi nga nneewuunya ekyokukola. Awo ngantambula ŋŋenda ku ludda olwo mmukubye amabega, kyava alonda mpolampola ekitala n'akinkasukira ammalirize nga sitegedde. Naye nno yeesunga ky'atannalya, kubanga nakyekangira kumpi ne ngwa wansi ne kiyitawo buwewo kata kitte n'omu ku baali batudde mu maaso okumpi n'eddwaniro. Bwe nkyuka nti, n'alyoka ankuba ebikonde eby'okumukumu era n'ankuba ensamba ggere ennene ennyo eyansuula n'ebweru w'eddwaniro.

Mu kaseera ako, Nnambi yadduka emisinde n'abaako kye yagamba omukulu ng'ayanguyiriza. Ne ndaba ng'omukulu akkirizza, awo kwe kujja mu ddwaniro n'ansimba akaso, n'aŋŋamba nti, "Kozesa akaso kano okamufumite oyo omulabe, omuwangule kubanga akaso kano ka buwangwa, anti buli akakozesa ateekwa okufuuka Kabaka ne bwe wayitawo bbanga ki! Tomanya lulikya lumu ng'ofuuse ….


Yampookera n'ebigambo ebirala bingi n'ebimu ku byo sikyabijjukira. Bwe nawulira ku ky'okufuuka Kabaka, ne nsitula omutwe ne mmutunuulira, awo n'ankubiriza nnyo okugenda okukola kyagambye. ŋŋenda okwetegereza, nga Lwanyisa awanise emikono mu bbanga egy'obuwanguzi n'owekidde ng'asituse okukikoona ate nga bw'akikoona, kiba kiraga nti mpanguddwa. Kyenva nziruka amangu n'embiro, ne nnyingira eddwaniro ne Lwanyisa n'ajja gyendi misinde

n’ekitala okummaliriza. Olwo nno nkutte akaso njolekera gyali. Bwe tusisinkana, yawanika ekitala mu bbanga naye ne mmusooka okumufumita akaso mu mbiriizi nga tanakissa wansi. Olwo n’afukamira, ne mmukuba ekikonde ekyamusuula wansi n’azikira. Bwe ntyo ne mmulinnya ku nfeete. Nga nnangiriddwa ng’omuwanguzi, buli omu yampanikira emikono okunjagulizaako ng’omuwanguzi era nange ne mpulira nga mpewuse.

Bwe ntyo naddayo n’obuwanguzi mu bannange abaali baasigaddewo era ne tusanyukira wamu n’omukulu kubanga yasiima omulimu gwe twakola.

Enkeera w’olunaku olwo, nazuukuka kikeerezi nnyo olw’obukoowu ne nakanyama. Nakongojja mpolampola era bwe ntyo ne ntuula ekikoowukoowu ng’omukulu Haruna Bin Said atutumizza. Yatukolera n’akabaga n’atufumbira ekijjulo wamma ne tusanyuka. Ku mulundi ogwo, yalagira buli omu asabe kyayagala. Ng’oggyeko nze, bonna baasaba ddembe ery’obutakola mirimu gy’abaddu egyalimu embooko ezitaggwa ate nga gimenya nnyo. So nga bw’otunuulira, baali batuufu kubanga oluusi twasiibanga n’okusula enjala ssinga omulimu gwe tuba twakwasiddwa tuba tetugumaze. Bwe yatuuka ku nze, namusaba kumpa Han Hye Jin nga mukyala wange kye kyokka. Eky’omukisa teyampakanya, yakkiriza era n’agattako okunkolera embaga ekyansanyusa ennyo, kubanga okuliraana omukulu ataddiza, oliraana empagi ey’empumbu. Embaga yaffe yaliwo era twalya, twanywa, twasanyuka ne tuweebwa n’enju eyaffe ku bwaffe ng’ekirabo okuva ew’omukulu Haruna Bin Said. Ku olwo Sanyu Nnambi yayambala n’atonnya wamma ggwe n’alabika bulungi nnyo. Era nange nayambala engoye ez’obugole Nnambi ze yantungira mwennyini era yankakasa nti nze nali mmusingira mu nsi ku lunaku olwo. Bwe ntyo bwe nafuna omugole nze

eyali ku nsi obwa ppeke naye anti era “Ssesolya bwatafa……”



Nnambi yayambala n’atonnya

Oluvannyuma lw'embaga bankeereza ku njegere nga bulijjo okukola emirimu. Ng'ennaku ziyiseewo, nagenda okulaba ng'abaddu bannange bantunuulira bubi naddala abo balwanyi bannange. Nagezaako okubuuza ku mikwano gyange ekimpalanyisa wabula ne baŋŋamba mbu olw'okuba bwe nva mu mirimu ntuuka Nambi yanfumbidde dda ate nga n'okwebaka nneebaka bulungi mu nju omutali mugotteko, ekyo kyaluma bangi era abamu ku bbo nga tebayinza butampalana. Bwe nagezaako okubalaga nti nabo basobola okufuna kye baali banneegombyeko ssinga baba bakoze nnyo mpozzi n'okusanyusa omukulu buli kiseera, baaŋŋamba nti mbajerega. Bwe nagezaako mbawe ebbanga okulwana ennwana ezandibadde ezange osanga abamu ku bbo bajja kufuuka nga nze mpozzi n'okusingawo, banziramu nti mbasindika mu kufa. Bwe nabeebuuzaako ŋŋende nsabe omukulu nabo akibakolere, ne bambuuza nti, "Ggwe otwogerera bulijjo?"

Awo ne binsobera eka ne mu kibira! Kye nakola, nagenda ne mbuuliramu omukulu ku mbeera eriwo eyali tetegeerekeka. Nga mmubuulidde, yaŋŋumya bugumya nti, "Abo bw'oba obabuulidde eky'okukola ne bagaana baleke era baveeko, wabula mangu ddala waliwo akalimu ke ŋŋenda okukuwa. Bw'okatuukiriza, ogenda kuggibwa mu buddu era nkufunire abaddu n'abazaana okukuweereza. Mba nziramu nti "Ssebo," n'annyongerako nti "ŋŋenda kukuwa eddembe ofuuke omusuubuzi omutongole nga nze newankubadde nga ojja kuba wansi wange."

Nawulira nga nsanyuse mu mutima gwange olw'ekigambo ekyo era ne ndabira ddala nga Balubaale bampadde omukisa nnamutaayiika kubanga okukubwa embooko nate ewange kwandibadde nga lufumo. Natuuka awaka nga nsanyuse era nga ntandise n'okusika empewo eri balabe bange kyokka nga

sitegedde na kalimu ki ke nali nnina okukola omukulu ke yaŋŋambako.

NKWATAGANA NE MBAZZI

Omukulu ddaaki yampita n'ambuulira akalimu ke yali ayagala okumpa. Yaŋŋamba nti waliwo omusuubuzi omu bwe baali baludde nga bali kabwa na ngo wabula nga yali awulidde nti omusuubuzi oyo yali yasuubudde abaddu n'abazaana aba Misiri. Yayongera n'antegeeza nga bwe yali aludde nga yeegomba abaddu n'abazaana aba Misiri kubanga mbu baali bakozi nnyo nnyini. Nnategeera luvannyuma nga olulyo lwa aba Yisirayiri olwasigala e Misiri mwe mwavanga abaddu be baatundanga olwo abaguzi ne babayita aba Misiri. Awo ng'asindiseeyo omubaka okumutegeeza nga bwe yali asaba enkolagana ebeerewo wakati waabwe, omusubuuzi oli yamutegeeza nti yali alina okutegeka olulwana. Mu lulwana luno, nga ssinga omulwanyi w'omusubuuzi oli awangula, empalana yali tejja kuggwawo era nga tewali kumuguza kyayagala wazira ate ono owaffe okuwaayo abaddu be kubanga naye yali alina be yafunye okuva ku mwalo ogwe Zanzibar.

Bwatyo omukulu n'aŋŋamba nti "Nkwegayiridde Lubaale lwana nga bwosobola owangule. Nkwesiga nnyo era ekyo tokyerabiranga, naye ku luno totawaana kulaga bukodyo nga luli bwe wakola, wabula w'ofunira omukisa omulabe musaanyeewo n'olwo luggwe." Kyenva mmubuuza nti, "Lwaki tolonze Mbazzi kubanga ndaba ansingako ekiwago n'amaanyi ate n'okuntunuulira antunuulira bubi gwe okunteekanga ku mwanjo buli lulwana." Awo omukulu kyava amboggolera nti "Bimire, toddamu na kukyogerako, obunene si ge maanyi ate n'amaanyi si ge galya. Oyo talina kyali n'olwekyo gwe kola nga bwe ŋŋambye, ebisigadde obindekere." Nange ne nziramu buzzi nti "Kale ssebo kankole

nga bwe ŋŋambye manya nga bw'ogambye ssebo." Anti nga sirina gakuma muliro gwe siisobole kuzikiza, kubanga nga bwe yabanga asanyuse, ng'olinnyako n'ogenda. Naye nga bwasunguwala, addugala ng'entamu efumba, azimba ng'obudde, ate era nga tewali amuyita mu maaso, kubanga nga oluusi kiyinza n'okumwegalika n'asaanyaawo omuntu oyo aba amuyise mu maaso. Nga mmuzzeemu bwe ntyo, ne ndyoka mmulaba nga awewedde.

Nga nkomyewo awaka, nanyumiza Sanyu nti nalina okulwana olulwana olwo oba njagala oba saagala. Kyava asooka nategezaako Mbazzi nti nalina okulwana olulwana olwo mu buli ngeri. Bino okubaawo, byaddirira ebyo ebyaliwo mu kiro ekyakeesa olunaku olwo.

Lyali ttumbi bwe nasisimuka nate omulundi ogw'okubiri. Ku olwo nneewuunya ekyambuza otulo ate ng'emisana nali nakoze nga kalogoyi. Nga nzuukuse, nakoleeza ettaala ne ŋŋenda mu kisenge kya Sanyu. Nga ntuuseeyo, namusanga mu mattansejjere nga mu butuufu tamanyi biri ku nsi. Namwetegereza nnyo yenna ne ndabira ddala nga yali mulungi nnyo era nga obulungi bwe bumukuba ku mpagi wamma nga mubalagavu mu kaseera ako n'okusinga bwe yali ku mbaga. Okuva olwo, ne nnyongera okumwagala nga kageregere era teyanvanga ku mutima newankubadde nga ne mu biseera eby'emabega nali mwagala nnyo. Ng'annyikidde mu birowoozo byange, navaawo ne nkomawo nate mu kisenge kyange. Nategeera luvannyuma nga yali ampulira wabula n'atayagala kunnemesa kukola kyali kyandeese eky'okumutunuulira n'okumwetegereza. Era yankakasa nti nga nvuddeyo, yatuula ku kitanda kye n'awulira nga nzijudde omutima gwe kyokka n'ansekerera mbu olwokuba nali nvudde mu kisenge kye nga sitegedde nti ampulidde.

Nga nkomyewo ku kitanda kyange, nawulira ate nga njagala ku muddira nate mmulabeko. Kyenva nsituka nzireyo. Wazira

mba ŋŋenda, ne mpulira enswagiro ebweru mu lukuubo oluyita ku bisenge byaffe nze ne Sanyu. Kyenva nzita ku bigere ne mpuliriza. Nga mpulidde nate nti waliyo ajja, kyenva ntereeza essuuka, ne nkwata ekitala kyange, ne nzikiza ettaala, ne ŋŋenda emabega w'oluggi. Mba ndi awo, ng'omutemu azze. Bwe yatuuka, n'assa ekitala kye ku masuuka, n'akoleeza ettaala era n'andagira obutavaawo, anti nga alowooza agamba nze. Agenda okuwulira nga tewali kyenyeenya, kyava abikkula, agenda okwetegereza nga ssuuka nnyingi zaalabako. Aba akyuka ati emabega nga nkimutaddeko. Kwe kumubuuza nti "Onoonya nze?" n'addamu nti "Ye ssebo." Ne mmubuuza nti "Nkukoze ki okujja okuntemula?" Awo kyava andagira okujjawo ekitala kyange kubanga naye yali asudde ekikye. Wabula kino yafuuyira ndiga mulere, kubanga nalowooza nga ayagala kukozesa lukujjukujju antemule. Yalaba ŋŋaanyi okuwummuza ekitala, kwe kujjako akakookolo n'atuula ku kitanda, nambuuza nti, "Ontegedde?" Mu butuufu nali simujjukira era nga simulabangako. Nga mmubuulidde nti nali simumanyi, kwe kunneeyanjulira. Yaŋŋamba nti erinnya lye ye Mbazzi era n'antegeeza nga bwe yali alwanyeeko nange wabula ne tulemaganwa. Najjukira luvannyuma nga y'oli omusajja gwe nalwana naye Lwanyisa amale andaalike nga bwe nali ow'okufuna feeza ne zaabu, mmale nsisinkane omusajja gwe nalwana naye okutuusa lwe twaggwamu amaanyi nze naye tumale tugwe ffenna nga tewali awngudde munne wabula okulwana ne tulemaganwa. Nga mmujjukidde, nasanyuka okumulaba era ne mwetondera okumusongamu ekitala kyokka ate ye n'anneetondera okuntuukirira ng'omutemu. Yannyumiza nti ku lunaku lwe twalwanirako, mukama we yanneegomba nnyo olw'ennwana yange era yansaba ku baali banvunanyizibwako (Muusa ne Lwanyisa) abawe ensimbi nze bantwale. Mbu newankubadde yali

yanneekweka mu kifo kyonna ekya Haruna Bin Said, naye yali nga antunuulira, anneetegereza era ng'ansanyukirako mu buli kirungi kye nakwatangako. Embaga yaffe okubaawo nze ne Sanyu, okunfunira ennyumba n'ebirala ebiringa ebyo, yeeyasaba omukulu abinkolere. Wazira mu butuufu nange nneewuunya nnyo okunkolera embaga nga sigisabye ate naddala nga ndi muddu! Ko nze, "Nga wankuba enkata! Mu butuufu weebale nnyo kye wankolera." Ko ye nti, "Anti wabikolerera ku ngeri gye walwanamu ku olwo." Nga mmubuuzizza ekyamuloberanga okwetaba mu nnwana, yaŋŋamba nti buli musubuzi abeera alina omulwanyi we ow'ekyama. Ng'abalala ssinga balemwa, oyo y'avaayo n'asaanikira buli kimu era owa Haruna yali ye. Kyenva mugamba nti "Mpulira nkwagadde! N'emirembe gizze okusinga bwe nali nsisinkanye omuntu omulala yenna n'olwekyo ommanja ebbanja ddene ddala naddala okutwogererayo tukole embaga nze ne Sanyu." Ye kwe kunziramu nti "Kye kiseera okusasula." Ko nze "Wangi……" Yaŋŋamba nti omukulu yalina olulwana lwe yali ayagala nnwane, naye mbu yali alwekengeddemu olw'ensonga nti omukulu Haruna yali yateesezza n'omusuubuzi aludde nga mulabe we era nga balina buli omu kyataddewo okutwalibwa ssinga omulwanyi we awangulwa. Kyokka bwe yasindika abakessi ew'omusuubuzi oyo, yakizuula nga waliwo essajja linnantawunyikamu ery'entiisa era nga teriwangulwangako okuva lwe lyatandika okulwana. Nga mu butuufu ku luno, tamanyi nti omulwanyi yenna analwana nalyo an'awona. Awo nno kwe kundabula obutakkiriza kulwana ne bwe kiba kyetaagisa ki nneme okufiira obwerere. Nga mmubuulidde butya omukulu oyo kyakolera abamunyoomye, yaŋŋamba nti "Gwe ng'akuyise, mugambe nti Mbazzi anninako ekiruyi kubanga nze gw'obeera ossa ku mwanjo buli kiseera. Si ekyo kyokka yagezezzaako n'okunzita ye asobole okufuna

ebitiibwa by'obuzira nga bwe kyali nga, n'olwekyo nze ntidde kubanga ayinza okunzita essaawa yonna nga awulidde nti onnonze okulwana." Ng'amalirizza okumbuulira bwatyo, nalowooza eky'okukola ne kimbula. Tuba tukyali awo, nga ne Sanyu azze! Yatuuka ayogererawo nti "Omwami oyo kyayogera kituufu kubanga nange nkuloose ng'ottibwa essajja eryo mu bukambwe obw'ekitalo era w'ondabira wano kati omutima tegundiimu." Nga amaze okwogera ebyo, kyava ajja we nali n'anneesigamako mbu olw'okutya okungi kwe yalimu. Nga tubigaayizzaamu, twasalawo nkole nga Mbazzi bwe yali andagidde okusobola okutaasa obulamu bwange. Era Lugaba yagenda okubuggyako eddiba, ng'omukulu ampise okuntegeeza akalimu ke yali yaŋŋamba okumukolera. Nga ffenna abasatu tutegedde nga bwe nali sisobola kwewala lulwana olwo, Mbazzi ne Sanyu bampa amagezi nti ssinga essajja eryo lyefuula ng'eryamaanyi, (nga bwe lyali litera okukola) ne lisooka okundeka nnwaane nneemaleyo, awo ne ndyoka ndisogga obuso mu bitundu eby'omubiri omusibuka obulamu, lyo life ate nze nsobole okutaasa obulamu. Nga ntuuse okwambala olw'okwetegekera essajja, Mbazzi yateeka obuso musanvu mulambirira mu nsawo za sseruwale yange obw'okukozesa. Eky'omukisa, obuso buno tebwanfumitako newankubadde neecanga nnyo, kubanga buli kamu kaali kasabikiddwa bulungi mu kalaato kaako. Olwo nno ng'ebirowoozo ebindiko, bya nsi nnamba! Anti mu lulwana luno, engabo nali nnina kugirumya mannyo okuwangula.

NSOOKA OKUSISINKANA KITANGE MU DDWANIRO

Mu budde bwe ggandaalo, awo aboogereza abawala babawase we babeerera mu lutalo olwo, Mbazzi ne Sanyu baazambalira okumperekera okugenda nate mu lulwana luno. Nga tutuuseeyo, twasanga abazinyi basanyusaamu abalabi era ng'abakulu bali mu kweggweera eby'okulya ebya buli ngeri. Mu kaseera ako ntatuuka mu kifo mwe nali ntegekeddwa okutuulako awo okumpi n'eddwaniro naye nga si nze ntuula. Mba nnaakatuula bwenti nga sinnatereeza na bulungi butuuliro, omusazi w'empaka kwe kulangirira amatuuka g'essajja lye nali ŋŋenda okwabika nalyo. Mu nkula yaalyo, lyali ssajja ddene nnyo, nga lya kiwago, liddugavu ate nga lya ntiisa. Lyantunuulira ne libuuza aba nga ye nze eyali agenda okulwana nalyo. Kino yakibuuza emirundi ng'ena. Obutafaananako na balwanyi balala ab'erinnya ku mulembe ogwo, lyantunuulira n'amaaso agasaasira era ne ndaba nga linakuwadde nnyo nnyini, ndowooza olw'okunda nga ndi muto nnyo ku lyo. Lyakkirira mpolampola amadaala agaali gava ku ddwaniro ne lituuka we nali ntudde. Lyafuna akatebe ne lituula nga lintunuulidde, wazira ng'okutya okundiko! Nninga ali n'empologoma ensajja. Awo kye liva ligamba nti, "Naye akatambaala koosibye ku mutwe ako nga kafaanana ne ke nalukira omwana wange nga tannazaalibwa!" Nze kyenva nziramu nga ntidde nti, "Wangi." Omanyi nali sinnaba kussaako sseppeewo yange, n'olwekyo nga akatambaala kange keekaliko ku mutwe. Awo ne lintunuulira nga liringa erigenda okwoza ku mmunye ne lyongerako nti, "Naye omusajja oyo nga mutemu! N'akuleeta okulwana nange! Yii nedda!" Awo ne liŋŋamba nti "Sembeza wano okutu kwo nkubuulire." Ne njagala okugaana, naye olw'okuba nali mmanyi nga ndi wa kufa, kyenva nkusembeza nga bwe yali aŋŋambye ekiba kibe.

Awo essajja eryo kye liva liŋŋamba nti, “Totya sijja kukutta, wabula tujja kulwana okumala akaseera. Ng’obudde butuuse, nja ku kuweereza ensambaggere ejja okukuba ekigwo ekinene, nga mmalirizza, nja kusituka mpanike emikono olw’obuzira. Nga nkikola, dduka ojje onfumite wano mu mbiriizi n’akaso, kubanga mmanyi ng’olina obuwera mu sseruwale yo eyo. Era nga omaze, osike sseppeewo yange ngwe wansi. Awo okwate ekitala kyange kye ŋŋenda okulwanyisa onsaleko obulago n’oluvannyuma olangirirwe nga omuwanguzi. Mu butuufu kisaana kimbeeko nze okutta ebbujje nga ggwe!” Ebigambo bye byatandika binzizaamu essuubi kyokka ate ne bintiisa n’okummalamu amaanyi gye byasembera. Nze kyenva ŋŋamba essajja eryo nti, “Eky’okukusalako obulago ekyo siikikole.” Ne linziramu nti, “Ggwe yisaako buyisa ku ngulu kiggwe.” Ko nze “Naye ssebo mpa ku magezi amalala kubanga ekyo kibi era sisobola kukikola.” Ko ddyo nti, “Kale ojja ku nfumita mu kifuba ku ludda olwa kkono, kubanga tekijja kusoboka ffenna okusigala nga tuli balamu, waliwo omu ku ffe alina okufa omulala alyoke abeere omulamu!” Ne nziramu nti, “Ssebo siryelabira kisa ky’ondaze, era ommanja ebbanja ddene nnyo.” Bwe lityo ne likwata ekkubo ne ligenda. Kyokka mu byonna, essajja eryo nalyewuunya kumanya nga bwe nalina obuso mu sseruwale yange, ate obuwera. Era ddala ddala lyali teriwngulwangako! Tuba tuli awo, ekide ne kivuga ekirangirira okutandika okulwana. Bwe nayisa amaaso mu bantu, gye gaagwira ku Mbazzi ne Sanyu ng’ennyiike ebajjudde! Ya ngabi eyeetooloddwa empologoma, mpozzi n’embizi eyeetooleddwa engo! Bwe natunuulira omukulu, yanyeenya bunyeenya mutwe ng’alabika yabivuddeko dda! Ekide tekyalwa nga kikoona okutandika olulwana lwennyini.

Essajja lyasooka ne likwata ebitala n’engabo ne libikasuka ttayo nze ne nsigaza ebyange. Awo ne linkuba ebikonde

n’ensambaggere ne ngwa ebweru w’eddwaniro ekyatiiisa ennyo Sanyu n’okuvaawo n’avaawo we yali. Olwo Mbazzi ye nga gamuyitamu buyisi. Ekiseera bwe kyatuuka, essajja eryo lya ntemyako nti “kye kiseera.” Nange ne nditemyako nti “kye kiseera.” Awo kye liva linkuba ensambaggere ne ngwa ekigwo nange ekyannozaamu, kubanga mu nsambaggere ze lyasooka okunkuba sirina bulumi bwe nawulira nti bunnumye nnyo. Nga essajja limaze okunkuba, kwe kulinnya ku emu ku nkondo z’eddwaniro ne liwanika emikono nga litunudde ewa mukama waalyo okulaga obuzira bwalyo.

Kyokka ate laba ebirowoozo bya Mbazzi bwe bimulimba nti ŋŋenda kufiira mu mikono gy’essajja eryo n’ayagala annyambeko! Mu kiseera ekyo Mbazzi yajja amaliridde okufiira awamu nange n’ajja n’ekitala okunnwanirako. Yayagala alifumite lisajja lyattu nga likyatunudde eri mu bantu, kubanga lyalemerayo nga lirinda ndifumite naye nga sijja. Mbazzi bwe yajja, namuguba okuva ku ddwaniro nga mulaga nti talina kubyeyingizaamu kubanga tekikkirizibwa kyokka ye nampakanya. Mu kiseera ekyo natandika okulwana ne Mbazzi nga mmulemesa okuyingira mu ddwaniro wabula nga tawulira!

Essajja bambi lyasigala lyewaana nga bwe lyekuba agakonde mu kifiba okulaga nti lye lisinga naye nga likola ebyo byonna okumpa obudde nsobole okukola ng’enteekateeka bwe yali. Bambi lyagenda okulaba nga sijja, ne lirinda n’obukkakkamu nga sijja, ne lirinda era ne lirinda naye nga tewali kavaayo. Awo kye liva likyuka okutunula emabega nga linakuwadde ndowooza okulaba ekinnemesezza.

Mbazzi bwe yaliraba, n’ansindika eri ne ngwa. Awo n’akwata obuso bwange bwennyini, n’alibukasukira bulifumite era bambi ne litavaawo kwewoma. Bwe butyo ne bulikwata. Bwe nalaba bulifumise essajja eryo, obusungu bwange ne bulyoka bubuubuukira Mbazzi ne ndyoka mukuba

ekikonnde ekyamukaba ekigwo ekinene wansi. Awo ne ndisaba ekisonnyiwo essajja eryo era ne ndisaba likwatirireko nga nkozesa obubonero. Mu kiseera ekyo Mbazzi yakwata ekitala nga ndi mu kwogera, n'adduka mangu, n'alikwata sseppeewo, n'alisika omutwe alisaleko obulago.

Nze kyenva mbuuka mu bbanga nga nzigyeyo n'ag'omubuto ne mmukuba ensamba ggere n'agwa ku nkondo y'eddwaniro, ne nkwata akaso ne mmufumita nga ndaba siimaleeko naye; kubanga yali ampakanya nnyo. Naye ate era mmunenya kitono ku kye yakola, kubanga yali tamanyi kigenda mu maaso musajja wattu. Anti era baalugera dda nti "Ezibuuka teziragaanye…."

Ekyamuyamba mpozzi, namufumita mu kitundu ky'omubiri omutasibuka bulamu. Anti oli bwafumitibwa mu bitundu ng'ebyo, aba ajja kuzirika buzirisi so si kufa. Mu kiseera ekyo najja mangu essajja lino we lyali, ne ndijjamu obuso, ne ligwa wansi. Awo ne nkwata ekitala kyange ne mmufumita nga mu mbirizi awasemba naye nga si nze amufumita. Era ku ludda olwa ddyo lwe namufumita.

Ekyankozesa ekyo kyali nti ku ludda olwa ddyo, omuntu takosebwa nnyo nga ku kkono, kubanga bw'omufumita ennyo ku kkono ayinza n'obutadda ngulu.

Awo ne mpanika emikono gy'obuwanguzi era nga ndaga essanyu naddala ku ludda omukulu Haruna gye yali. Awo ne mpanika emikono gy'obuwanguzi era nga ndaga essanyu naddala ku ludda omukulu Haruna gye yali atudde. Nga mmaliriizza, nneegwisa wansi ne nneesalasala obutategeera kibadewo era ne batusitula nze ne Mbazzi okututwala okujjanjabwa. Ng'oggyeeko ffe ababiri nze n'essajja liri, tewali yategeera kyaliwo kituufu mu ddwaniro kubanga ne Mbazzi yategeera luvannyuma ekyankozesa bye nakola era n'anneetondera. Nga nzuukuse, omukulu yantunya ŋŋendeyo okundabako.

Ng’amaze okunneebaza, yambuuza kye nali njagala ankolere okundaga essanyu ery’enjawulo lye yali afunye ng’oggyeeko bye nali nasuubizibwa. Saamulinda na kwogera bingi, nayogererawo kye nali njagala ankolere nga sitamyettamyemu newankubadde okumala okulowoozaamu. Nga mmubuulidde kye nali njagala, yakikkirizza okukinkolera mu bwangu ate mu butuufu bwakyo nga bwe nali nkyagala. Nga nvudde ew’omukulu, natuuka ewa Mbazzi okumulabako ku kitanda we yali agalamidde. Nabeerawo okutuusa lwe yazuukuka. Olwazuukuka, amaaso ge gaatuukira ku nze. Nambuuza ng’atomerera era ng’akutula mu bigambo nti, “Ye …. ye …. ggwe? Ye …..ye….gwe….gwe… eyanfumise?” Nze ne mmuddamu n’ebboggo nti “Bunira, ate oddemu weebake kubanga okyali mulwadde.” Mba nkyali awo, ne bampita nti Sanyu yali anfumbidde ekijjulo era anninze. Nga ŋŋenzeeyo, yannyumiza nti bwe yalaba ku ssajja liri, yanakuwala nnyo era bwatyo n’ampaayo mu birowozo bye nti ŋŋenze. Bwe yalaba ng’essajja linkuba ensambaggere, era nga ngudde ebweru w’eddwaniro, yakaaba amaziga n’alowooza n’okwewa obutwa mbu angoberere e magombe gye yandaba nga njolekera. Mbu ekyamutaasa, omuzaana we ye yamulemesa ate nga amaze na kumusiba miguwa mpozzi n’okumusibira mu kisenge kye. N’ayongerako era nti, teyakkiriza nti nkomyewo okutuusa lwe yandabako nga njogera n’omukulu Said. Era olw’essanyu lye yali afunye nga akakasizza nti nkomyewo, ekyo kye kyali nno ekijjulo ekyali kintegekeddwa.

Ng’olunaku lugenda mu lwakubiri okuva lwe nalwana n’essajja liri, ŋŋenda okulaba ng’essajja lyennyininnyini balindeetedde. Nga tusisinkanye, naligwa mu kifuba era ne ndyaniriza nnyo nnyini. Nalitwala ewange ne ndagira Sanyu okufumba ekijjulo ekinene ku lwalyo.

Ng’omukulu ansabye kye nali njagala luli, namusaba kunzijanjabira ssajja lino era ku luno lyali lizzeemu olungubanguba okujja okundabako. Nasanyuka olusanyuka nga lizze, era mu butuufu ne ndyebaza nnyo okundekera nze obulamu bwange mu dwaniro. Okumanya nasanyuka, nalayira n’obuteerabira lunaku olwo lwe twasisinkana. Era buli lwe ndujjukira olunaku olwo naddala ekisa essajja eryo kye lyandaga, olwo ne bwe mba nnina obusungu obwokya ng’amazzi ageeseze bukka n’okuwola n’empolera ddala ng’amazzi g’omu nsuwa.

Nga mbuulidde Sanyu essajja eryo kye lyankolera, yalisanyukira nnyo era ne babeera ba mukwano nnyo okuva ku lunaku olwo! Mu butuufu twasalawo nze ne Sanyu essajja eryo tuliyitenga kitaffe ebbanga lyonna ery’obulamu bwaffe okusinziira kye lyankolera. Essajja eryo nno ye yali kitange ddala, era y’oyo eyataasa mmange nga sinnazaalibwa amale amuleke mu nsiisira yeegayirire omusuubuzi Omuwalabbu, okutwalibwa mu buddu naye aleke mmange mu ddembe. Weewuunye nabeera ne kitange oyo ebbanga ddene ddala, naye nga simanyanga nti ye kitange. Naye ddaaki namala ne mmutegeera nga wayise emyaka nkumu nga bwe tunaalaba. Oluvannyuma nno mukulu Haruna yagaana okutuukiriza bye yansuubiza ng’agamba nti okubeerawo kw’essajja eryo mu ttwale lye kwe kuzze mu kifo ky’ebintu bye nali nnina okuweebwa- kwe kugamba, okusobola okufuna bye yali yansuubiza, nali nnina kusooka kugoba ssajja eryo olwo ne ndyoka mbiweebwa. Naye newankubadde kyali bwe kityo, nze nasanyuka busanyusi, kubanga tewaali ekyansigira essajja eryo ku bye yali yansuubiza newankubadde nga bikubisibiddwaamu emirudi kkumi. Essajja eryo lyaŋŋamba nti lyali liyitibwa Ssekitooleko, era nga lyali litudde mu Buwalabbu nga lirwanyi lya martial arts.

Nga wayise ssabbiiti bbiri nga ndi ne kitange oyo, omusuubuzi oli eyali nnyini musajja oyo yawulira bubi okufiirwa abaddu n'abazaana okutwalibwa omukulu Haruna nga bwe kyali kyakkiriziganyizibwako. Naye ate era yali mutuufu mu ngeri ye, kubanga bagamba nti tewali ayagaliza ya munne kuzaala nduusi. Kyokka newankubadde nga yakola byonna okusiraanya omukulu Haruna, yateganira busa ng'asaba oluwanga obulamu. Anti buli kye yateesanga okukola mukulu Haruna ekibi, nga abakessi baffe bakigwa mu buufu. Lumu abakessi be bwe baali beetegereza omukulu Haruna gy'agenda, kyebava balengera Ssekitooleko nga kwali nnyo ku bamuwerekera. Baasooka kuwunga nga tebakikkiriza, kyokka ne batamanya nti, "Ezinunula omunaku …."

Nga amaze okukakasiza ddala nti yali Ssekitooleko, omusuubuzi oyo yasindikirawo omubaka ew'omukulu Haruna ng'aliko n'obumansuka okumuddiza essajja lye. Omubaka gwe yasidika yali Lwayisa, era awo we nategeerera ng'omusuubuzi oyo yali Musa ekyantegeeza muli nti kitange yali abeera ne Lwanyisa. Lwanyisa nno oyo yali wa kufa luli mmale nwane naye, kyokka oluvannyuma nasindika omubaka eyababuulira nti nali mmufumise mu kitundu kya mubiri ekizirisa nga bwe nakola Mbazzi, n'olwekyo yali mulamu nga yeetaaga bujjanjabi kye kyokka. Omukulu Haruna yampita bukubirire era n'annenya okutaasa Ssekitooleko olw'obuzibu bwe yali ayolekedde okugwamu.

Nga tubigaayizzaamu n'omukulu, twakkiriziganya aweeyo nze mu kifo kya kitange kubanga okwandibadde ng'okumuzzaayo, kwali kumuserengesa magombe ate nga n'empalana teyandiweddewo wakati waabwe bombiriri. Nga tukkiriziganyizza, yazzaayo obubaka eri omukulu Muusa era ne bakkiriziganya kwekyo. Tebwalwa nga butuuka, era mba ndi awo, nga Lwanyisa azze okunkima. Eky'omukisa,

nagenda ng'omukungu ne mukyala wange Sanyu era n'ebyange byonna bye nalina mu kiseera ekyo. Ekyo nno eky'okusenguka kyakola bubi Ssekitooleko era ssinga saamugaana, yali waakukaaba. Naye eky'omukisa nali nsabye Mbazzi amulabirire bulungi we ssiri.

LWANYISA ANZIGYAKO SANYU NNAMBI

Nga ntuuse ewa Musa, yannyaniriza olw'obutonde bwaffe okukwatagana ne tubeera nga tusisinkana kyenkana buli gye tuba tulaze. Olw'okuba baali baalugera dda nti, "Ensisinkano teba ya lumu enkejje ereka amazzi mu nnyanja n'egasanga mu luwombo, nze saakyewuunyaokubeera bwe kityo. Lwanyisa yatunuulira nnyo Sanyu eyali mukyala wange era n'amwegomba mu mutima gwe. Okumanya yamwagala, yatuuka n'okumpa buli kalungi akeetaagisa ku lw'okusanyusa Sanyu newankubadde nga yakolanga byonna mu kifaananyi ky'okunneetondera ku bye twali nga tujja tuyitamu. Era we nategeerera nga abaalugera baalutuusa nti, "Omukwano gutta bingi enkukunyi emegga embwa." Nga wayiseewo ebbanga, omukulu yalagira okuzza obuggya mu bifo eby'enjawulo n'okukyusakyusa mu baddu be emirimu gye banaakolanga. Oba gwali muzimu gwa wanga oba kyali kiki ekyatemba Muusa okwagala ennyo Lwanyisa nange nasoberwa. Anti buli kimu ekikye Lwanyisa ye yali akiddukanya, era n'omulimu guno yeeyagukwasibwa. Ebiseera ebisinga ku mulembe ogwo ng'omulwanyi w'omusuubuzi okugeza nga Lwanyisa ewa Muusa, nga bwaba alemereddwa n'awangulwa mu nnwana za martial arts nga bwe namuwangula luli, yali nga waakuttibwa mu buli ngeri, naye ku Lwanyisa tekyabaawo. Nga tusimbye ennyiriri era nga Lwanyisa atandise okutugabira ebifo, nze yandekayo mu balwanyi ba martial arts gye nali nnina okubeera, kyokka ate n'assa Sanyu mu magye. Bwe yalaba nga sisanyuse, kyava

yeeyama okukuuma Sanyu mu bulungi ne mu bubi okulaba nga tafuna kamogo konna mu mikono gye. Yeeyama n'obutamubinika kutendekebwa kuzito okugeza ng'okuwalampa ensozi empavu ng'ova mu biwonko wansi. Yannyongerako na kino nti ng'olutalo luzze, kyali kya kunnyanguyira okumukuuma engeri gy'aba nga yabugumizibwako mu by'ekinnamagye. Newankubadde saakkiriza era, yamutwala mu magye lwa buwaze. Nga banaatera okusitula okugenda okutendekebwa, nasaba Sanyu okwekuuma ng'omukyala w'omuntu obuteeyonoonesa na muntu mulala yenna okwemalamu ekitiibwa.Yansuubiza era n'akkaatiriza okukituukiriza kye nali mmusabye ebbanga lyonna ery'obulamu bwe. Nga amalirizza okunsuubizza okwo, yampa akatambaala kange kitange ke yandukira mbu ansiibule nako. Nga mmubuuzizza gye yali yakajje, yaŋŋamba mbu yali akeegombye okukakwatako kyokka ne yeerabira okukazzaayo. Awo we nakkiririza olugero lwe nawakanyanga nti, "Omukazi mmese ne bw'ekulira mu nju ebba," kubanga kiki ekyamulobera okusooka okukansaba ate nga yali akimanyi bulungi nti nkaagala nga bulamu bwange!!

Nga tumalirizza okwogera, namuleka ayolekere mu magye ng'enteekateeka bwe yali. Nga Sanyu agenze, natandika okubonaabona okwansiiya n'ennyindo. Lwanyisa yanzigyako abaddu Muusa be yali yampa, bwatyo n'andekera abo bokka be najja nabo okuva ewa Haruna. Yansaliranga emirimu egizitowa ng'atammannyiiko buva na buddo era nga mu butuufu abaddu bange tebagisobola. Bwe namugambangako, ng'ekyo kinvumya mu maaso g'abaddu bange ne mikwano gyange. Anti "Anaakujja emize…." Awo nno ne ntegeera nga bwe nfunye ejjute eppya eritaawone mangu ssinga sinoonya ddagala nga bukyali. Nzijukira lwe yatuwa okwasa entuumu y'amayinja eyalema abaddu be ebikumi ebibiri okumala emyezi mukaaga. Ku mulundi ogwo omukulu Musa yali

taliiwo nga yagenda ku ssemazinga waffe Africa okusuubula abaddu. Lwanyisa yandagira okukoona amayinja ago gonna mu mwezi gumu. Bwe namusaba annyongere ku bali Musa be yali yampa, mmalirize omulimu mu bbanga ly'ayagala, yandabula kunzigyako abo be nali nnina ssinga nziramu okumulaba mu kamwa. Awo nno ne kindaga nti, yali tayasangako ku mayinja, kubanga ssinga yali amanyi bwe baasa amayinja, ne bwe yandibadde ampadde kibonerezo teyandimpadde ekyo. Anti era "Atamanyi mpewo y'amagombe …"

Ng'omukalukalu bw'atajja busera, naguma ne nkeeranga nnyo mu kinywa mbogo ng'obudde bugenderera mu matulutulu okwolekera mu kirombe. Nabanga ndi awo, nga n'abaddu bali Lwanyisa be yanzigyako nga bazze. Bwe nababuuzanga ekyali kibaleese, ne banziramu nti kunnyambako. Bwe nabagobanga, nga baŋŋamba nga bwe baali tebayinza kundekerera olw'enneyisa ennungi gye nabayisangamu nga tukyali ffenna, sso ng'ewa Lwanyisa ensobi emu omuddu gy'akoze, bw'ataweerwa ayinza n'okusasula n'obulamu bwe. Wazira bwe nnetunulangamu nno nze, nga siraba na mpisa gye nabayisangamu ey'enjawulo eryawo nti nnungi nnyo, mpozzi lwakuba nali sirina mpisa mbi naye ng'ennungi simanyi. Obutafaananako n'abakulu abalala abaaberanga n'abaddu, nneennyigirangamu mu mirimu gino gyonna nabo, era nga bwe mpulira nga njagala kuwummula nga tuwummula ffenna. Abasajja abalala banjereganga okukola n'abaddu bange mbu nneemalamu ekitiibwa, naye nze nga sibafaako kubanga nze nali nga nnyini mirimu ate nga baalugera dda nti, "Nnannyini mufu……" Nakolanga nnyo oluusi ng'abaddu bakoowa ne mbasindika eka, mpozzi ng'oggyeeko abakuumi bokka, naye nze ne nsigala nga nkola. Nakola kyonna ekisoboka awatali kwerekerayo newankubadde okunafuwa

olwokutunuulira omulimu nga ndaba nti gw'amaanyi. Kye nakolanga, kwe kwewala okutunuulira ennyo obunene bw'entuumo ya mayinja eyo wabula okukolanga obukozi, kubanga naawe omanyi ng'amaaso bwe galimba ate nga n'empolampola bw'eyiisa obusera!

Ng'ebula wiiki emu ezzooba likongoke ku ddaaza okugwa wali, nafundikira olugendo lwange era ne mpummuza omugugu gw'okwasa amayinja ogwali gwampeebwa Lwanyisa okugwetikka. Nga Lwanyisa awulidde nti mmalirizza, yagenda mu ggana ly'embalaasi ezaali ng'obuloolo n'atoolayo embalaasi kkumi n'azimpa ng'ekirabo era n'anziriza n'abaddu bange be yali yanzijako bonna ne bawera amakumi ataano. Awo nange we nafuniramu, kubanga nali sibangako na mbalaasi eyange ku bwange, mu biro byange eby'emabega. Nga mmwebazizza, yanziramu buzzi nti "Anti omwana omuwulize y'akomba ekibya, n'olwekyo ekirabo kikusaanidde."

Nga olugambo lubunye wonna nga bwe nali namaze omulimu ogwalema Lwanyisa n'abasajja be ebikumi ebibiri mu mwezi gumu n'obutawera, abaddu bannange baatandika okunjozazayoza okumaliriza. Abamu baaleeta n'abaana baabwe nze okubatuuma amannya era ne nkituukiriza nga buli omu bwe yayagala. Mu ngeri y'okusaaga, okumaliriza omulimu ogwo kyampeesa ekitiibwa n'okwagala okuva mu bantu abalala naddala abaddu ba Lwanyisa abeegomba okubeera nange wabula nga Lwanyisa tabaganya.

Nga amazooba gatambudde era nga nzija mpangula ennwana eziwera eza martial arts, nafuna ebirabo bingi okuva ew'omukulu Muusa. Kino kyanyiiza nnyo Lwanyisa era okuva olwo n'atandika okusala amagezi nve mu kifo ekyo. Omanyi Muusa yali mugagga ffugge, era nga yazimba olubiri lwe nga lunene ddala. Mu lubiri lwe mwalimu abawala nfaafa nga ne Haruna bwe yali awamu n'abaddu bangi nga nange

nali nfuuse omu ku bbo. Yateesa ne mukazi we ajje ewange okunkyalira, awo alagire omuweereza gw'anajja naye abuzeebuze abafumbi bange atege obutwa mu ssowaani y'omukyala azze okunkyalira. Ng'emmere etuuse ku mmeeza, awunyemu n'oluvannyuma bayite omusawo akebere era asangemu obutwa. Olwo bansalire ogw'okufa ekyo nakyo kiveewo. Nze saategera ku lukwe olwo! Munnange, lwakya lumu ng'omukazi ajja, nga mmufumbira emmere, ng'omuweereza we alimbalimba abafumbi bange mbu abatuma bintu mu kifo ekimu era nga babireeta. Ng'emmere eri ku mmeeza, omukyala yawunyamu buwunya ng'ayita musawo. Okwetegereza nga butwa. Teyalwa ng'atumya baserikale nga bankwata era bwe batyo nga bantwala ng'omusibe mu maaso ga Lwanyisa. Bwe natuusibwayo, Lwanyisa yali mukambwe nga gwe natira nnyina. Awo n'alyoka yeetema engalike, n'anvuma, n'annangira era nayogera buli kibi eri nze. Ng'asirise, namuddamu bwenti: "Lwanyisa oswadde kubanga wandiyiiyizzaayo akatego akalala akatali ako. Oli ne bw'aba musirusiru atya tasobola kutta mukazi wa muganda we emisana ttuku ng'ensi eraba. Ne bwe wandibadde mulabe wange, olowooza waliwo ayinza okundowooleza okubeera omulagajjavu okutuuka ku ssa eryo! Mazima kiki ekikukoza bino okwagala okutta omuntu atalina musango? Nze sejjusa kukuleka luli era kimbeeko nze okukola obubi muganda wange, naye ggwe simanyi kikukoza bino. Ky'osinze okukola obubi okusinga n'okwagala okunzita kwe kukola eby'ekitiitiizi ebirabikako n'amaaso mbu otega mutego ngugwemu. Kale kola nga bw'olaba, naye toddangamu kukola kikolwa kya butiitiizi era eky'obulagajjavu bwekiti ekyangu okutegeera nti ggwe eyakiruse." Awo n'alyoka yeejuumula, n'awowoggana nti, "Bunira ggwe atalina mukisa. Ogambye mutego?" Aba akyayogera, omulenzi n'ajja ng'adduka nga bwayita nti

“Mukama wange, mukama wange.” Ko Lwanyisa nti “Wangi.” Ko omulenzi nti, “Osaana ote omusibe ono kubanga abantu bali mu kwekalakaasa nga bagamba nti leka atalina musango agende, eyayasa amayinja agaalema mukwano gw’omukulu.” Ko Lwanyisa nti “Genda oduumire eggye buli eyeekalakaasa omutte.” Ko nze “Ekyo ate Lwanyisa kikafuuwe.” Ko omulenzi nti “Anti okwekalakaasa kukulembeddwa mukyala wo oli, kubanga ava kwogera nti yategedde nti oyagala kumugoba oleete gw’oyagala omulala.” Ye kyava ayanukula nga atawulidde nti “Wangi.” Awo Lwanyisa n’alagira abalenzi banfumite. Bwe bajja okunfumita, Sanyu we yatuukira, n’alekaanira waggulu nti “Lwanyisa lekeraawo.” Ko Lwanyisa nti “Oyo y’akunnemesezza nnina okumutta.” Ko Sanyu nti, “Nzikirizza nkufumbirwe mu ddembe, naye waakiri mugobe n’abantu mbayimirize.” Awo kyenva ntunuulira Sanyu ne mmubuuza nti, “Okola ki?” Ko ye “Naawe Lwanyisa!” Awo n’afukamira wansi, n’akwata emikono gya Lwanyisa gyombi, n’amuyita nti “Baze, muleke agende.”

Tewali ekyali kinnumizza mutwe ng’ekyo kubanga n’obwongo bwacankalana ku ssaawa eyo. Awo n’alagira, ne bansuula ebweru w’olubiri lwa Musa n’ebyange byonna. Era Sanyu n’ansiibula nga yenna teyeetegeera. Bwatyo Sanyu ne bamuntwalako, era Lwanyisa n’amwezza okuba owuwe.

AKAAKYAMA AMAMERA

Nga nvudde ew'omukulu Musa, nanoonya gye nzira nga sirabayo. Awo bwe natunuulira embalaasi zange ekkumi Lwanyisa ze yampa, n'abaddu bange ab'olumaggamagga ng'obulevu bw'embwa amakumi ataano, ne ndaba nga nsobola okutandikira okwo. Anti "Ekibaawo kye kimala ennyindo y'enkoko kye kyenyi".

Nga ndowoozezza kiki kye naakola, namalirira okuddayo ew'omukulu Haruna engeri gye nalekayo Mbazzi ne Ssekitooleko osanga banammalako ebirowoozo byange eri Sanyu Nnambi. Nagenda okulaba nga siraba kindobera kuddayo, kubanga tetwayakana mu bubi. Anti baalugera dda nti "Gyova toyombye gy'otera okudda."

Tuba tuli mu kkubo n'abantu bange tugenda, kyetuva tulengera embalaasi ezituva mu maaso. Nasooka ne ntya, kubanga nalowooza nti tuyinza okuwambibwa ng'abatuwambye balowoozezza nti tuli baddu abatolose obutolosi ku bakama babwe. Awo kyenva mpeta embalaasi okudda ku mukono ogwa ddyo tulinde bali bayitewo. Nga twefudde ng'abaweta ku mukono ogwo era nga tuvugira ddala embalaasi twolekera, kyenva ntunula emabega okulaba eyali ayitawo. Okwetegereza, nga tugasisinkanyiza n'agomukulu Musa yennyini, wozzi yali akomyewo. Bwe yandaba, yatuyimiriza era n'ambuuza ekyali kintolosezza. Nga mmubuulidde engeri Lwanyisa gye yali atugobye n'ebintu bye yankola, yalabika nga anyiize era n'atusaba mu mutima mulungi okuddayo. Nga tutuuse era nga afunye obujulizi bwonna obw'ebikolwa bye, Musa yalagira Lwanyisa okuggalirwa mu kkomera era nga wayise ennaku nnya attibwe. Lwanyisa yatuuyana, yakaaba, yanfukaamirira ng'ansaba okwegayirira omukulu amusonyiwe era n'atuuka n'okweyama okumpeereza ng'omuddu we mu maaso g'abaddu be. Awo nno olugero olugamba nti "Kye nkola

bannange nze saagala bakinkole" ne lumutuukirako. Mu kwagala okussa n'okutta banne nga yeekansa, naye lwe kyatuuka ku ye, teyakyagala n'akamu n'ak'eddagala! Omukulu yanziza mu kifo ekyalimu Lwanyisa era nga nze muddira mu buyinza mu lubiri lwe. Ng'ennaku nnya ziweddeko, yaleetebwa okuva mu kkomera attibwe. Ng'atuuse mu kattiro, nalagira ateebwe. Bwe bantegeeza nti amateeka gaali galagira nti omuntu alina okuttibwa bw'atattibwa ebaayo alina okufa mu kifo kye, omukuumi we eyali ow'okulesegere yakkiriza afe mu kifo kye. Wazira omukuumi we oyo bwe yali tannafa, yalayiza Lwanyisa obutaddamu nate kunnwanyisa mu ngeri yonna nga kyali okukola kwe kukuuma emirembe wakati waffe nze naye. Omukuumi oyo yasaba Lwanyisa ave ku mukazi wange era aleme kuyisa bubi nate bantu naddala nze. Nga Lwanyisa alaze omutima ogukyuse, omukuumi oli yatusiibula ng'atugamba nti "Kale mubeere mirembe kubanga nze ŋŋenze." Ng'ayogedde atyo, yassaayo omutwe mu kibaawo ne bagutemako n'ekitala ekyogi era bwatyo teyasimattuka. Lwanyisa yafukamira n'anneebaza era n'anneetondera buli kimu ekyatuukawo. Teyakoma okwo, yeetondera ne Nnambi era n'alayira obutaddamu kuleetawo kavuyo konna. Awo nno nze ne Nnambi ne tuddamu nate okubeerako awamu ng'abemikwano. Mu kiseera ekyo nakozesa obuyinza bwe nalina ne nteesa n'omukulu Haruna ne ndeeta Mbazzi ne Ssekitooleko gye nali mbeera ew'omukulu Musa.

Nga wayise ssabbiiti nnamba okuva omukuumi we lwe yamufiiririra, Lwanyisa yasala nate amagezi okunzita. Lwali lumu nga mmaze n'omutaka w'engeye ennaku bbiri, era nga kitange ne Mbazzi be banzijanjaba, nafuna okwekanga mu mutima gwange okw'enjawulo. Nga kitange afulumyeko ebweru mu budde obw'akawungeezi, yalengera Lwanyisa alina byalagira basajja be nga abissaako amannyo kyokka nga

bw'alabiriza. Nga buzibye, kitange yatambulira nnyo ku basajja be yalaba ne Lwanyisa era agenda okulaba nga bayingira mu nju ya Nnambi. Bwe baavaayo, yagenda okulingiriza mu ddirisa nga Nnambi yeebase nga kirabika baali bamunywesezza ebyebasa otulo otungi. Basajja ba Lwanyisa bajja mu nju mwe twali mbu okumuleetera ku byokulya n'ebyokunywa naye nga ekituufu baali bazze kuketta balabe oba ffenna mwetuli nze, Mbazzi ne Ssekitooleko. Nga bakakasizza nti mwetuli, baafuluma ebweru ne bassaawo ku mulyango gw'enju mwe twali abakuumi nga amakumi abiri okutukuuma obutafuluma. Ssekitooleko yadduka mbu okuyita obuyambi kubanga nali ndi bubi. Ng'atuuse mu luggya, baamugaana era bwatyo ne bamukomyawo munda nga bamukutte amavumbavumba. Abaamukomyawo baali babiri. Nga bamutuusizza mu kisenge mwe nali, abo kitange yazirisa bazirise n'abaggyamu ebyambalo byabwe era bwatyo ye ne Mbazzi ne babyambala, ne bafuluma okukuuma. Baba bakyakuuma, ne bawulira ekintu ekigwa emiryango. Awo abakuumi bonna abaali mu luggya nga ne Ssekitooleko ne Mbazzi kwe bali baadduka misinde okulaba ekigudde, mpozzi baalowooza nga Ssekitooleko atoloka. Nga balabye nti tewaali kiriyo, baakomawo nate mu luggya okukuuma. Nga bakomyewo, beekengeramu, era bwe batyo ne basindikayo Mbazzi okulaba oba nali nkyaliyo. Mbazzi yafuluma okuva mu nju n'akakasa nti gyendi. Awo Ssekitooleko ne yeefuula ng'awakana! Kyava naye ayingira n'akakasa nti gyendi ne bannange ababiri, (Ssekitooleko ne Mbazzi). Awo omukulu Lwanyisa kyava ajja n'alagira ne bakumako ku nju omuliro. Enju yayokebwa yonna n'ejja era bwetyo n'esirikka. Baba bali awo ng'akasolya kaguddemu. Awo ne balyoka bakuba enduulu mbu abantu bajje okukebera n'okutaasa Lubaale ne banne ababiri baleme okufa. Abantu baakaaba kubanga tewali yali

ayinza kuyingirayo n'avaayo nga mulamu. Ng'obudde bukedde, Lwanyisa ne banne baagendayo okukebera ebisiriiza by'emirambo ne batasangayo na kimu. Lwanyisa bwaba avaayo ng'anakuwadde, kyava abasanga, kitange, Mbazzi ne Sanyu bonsatule nga banyumya. Awo ne beefuula ng'abatamulabye. Bwe yayagala okudduka, Mbazzi kyava amutaayiza mu maaso n'amubuuza nti "Ffe b'obadde onoonya ssebo?" Nze kyenva nfubutuka ebbali ne mmugamba nti, "Nga mwalabye n'omuliro bambi!" Bwe natunuulira Lwanyisa, yalabika nga awunze kyokka n'amwenyereketa. Ko Mbazzi "Kale omwenyereketa ng'omusiru yennyni!" Sanyu n'aseka. Abasajja bali ababiri kitange be yazirisa nabo nabawonya era omu ku bo yeeyakasuka ekintu kiri ekyawubya abakuumi tumale tufulume ebweru. Ndowooza obutafaananako Lwanyisa, tumanyi ddi we nafulumira okuva mu nju, era tumanyi nawona ntya.

Nga nkakasizza nti Lwanyisa takyukanga, nasala amagezi g'okutoloka era enkeera w'olwo nateekateeka okutoloka. Nagamba muli nti olaba yanyooma bigambo bya musajja we oli eyamufiiririra bye yamusaba emisana ttuku, anti nga bwe bagamba nti omusabi ayita misana n'omubbi ekiro, olwo nze nga nsigadde wano tekiibe kibi nnyo!" Bwe ntyo kwe kusalawo nsegulire Lwanyisa okumulekera amatwale ga Muusa. Tewali yamanya kutoloka kwange ng'oggyeko nze n'abantu bange bokka. Awo mu matutuma we geefuulira bbereegye ng'obudde bugenderera mu kinywa mbogo, nazuukuka n'abantu bange ne tutanula okwolekera. Tuba tutuuse ebweru w'olubiri lwa Muusa, Nnambi n'atugamba nga bwe yali yeerabidde ezimu ku ngoye ze eza silica omwali ebitundu bye ebya zaabu kikumi. Mbazzi yayagala tumulinde naye nze ne ŋŋaana, kubanga namanya nga Lwanyisa ajja kumulaba era taamukkirize kudda. Wazira olw'okuba yantayirira nnyo nnyini ate nga ne bannange abasinga

balemeddeko nti taakwatibwe, nze namuleka yeesalirewo ng'omuntu omukulu, kyokka yafundikira asazeewo kuddayo. Nga bwe nateebereza bwe kyali. Ng'atuuseeyo, yatwalibwa ewa Lwanyisa nga bamukutte apakira engoye ze eza silica era bwatyo teyavaayo.Okuva ku lunaku olwo, saddamu kwesiga Lwanyisa kubanga namutegeera nga muntu muzibu. Anti baalugera dda nti, "Abali awamu……" ate era nti "Abataka nkwenge, gwolya naye akutta."

NFUUKA OMUBBI W'OKUMAYANJA

Nga tufulumye nate okuva ewa Musa ne Lwanyisa we, nasalawo ŋŋende ku mwaalo okwefuula ng'omuguzi w'abaddu n'ebyamaguzi ebirala osanga Dunda anaabaako gy'ansuula okubeera. Omwalo gwali gujjudde obukuumi buyitirivu ate nga waliwo n'abantu bangi nnyo. Kye nakola, nakwata ensimbi ze nalinawo entonotono ne ntunda ne bye nalinawo byonna okugeza ng'eŋŋano, engoye za silica, ne ffeeza omutonotono. Nga mmaze okutunda buli kalonda yenna, nasigazaawo bantu bange, embalaasi mpozzi n'ebyokulwanyisa byokka. Awo ensimbi ze nafunamu ne ndyoka ngulamu eryato eddene ddala. Nga bambuuzizza ekyali kinjagaza eryato okutuuka n'okutunda ebyange ebisinga obungi, nagamba kimu nga bwe njagala okugenda e Zanzibar nsuubule abaddu, mpozzi n'ebyamaguzi ebirala. Eky'omukisa, tekyantwalira bbanga ddene kufuna lyato. Anti byonna bye nakola okuligula byantwalira olunaku lumu lwokka. Nga nfunye erato eryo, nalagira ne lisimbulwa era ne twolekera e Zanzibar. Newankubadde nalaga nti tugenda Zanzibar, nali nnina kirowoozo kirala mu mutima gwange. Nga tunatera okutuuka mu makkati g'olugendo okw'olekera e Zanzibar, nalagira omugoba okukyusa eryato okwolekera eddala erya tuli ku ddyo. Awo ne mbuulira abalenzi butya

enteekateeka bwe zaali zirina okutambula mu kaseera ako. Nga tutuuse ku lyato eryo eryali liva mu baddugavu nga lyolekera e Buwalabu, nasaba nnyini lyato eryo mmuwe ensimbi olwo ye ampe ku buyambi bw'emmere. Omusuubuzi nnyini lyato eryo yalwawo nnyo okukkiriza ekyawa abalezi bange omwagaanya okwetegekera buli kimu kye nali nabagambye. Nga mmaze okumuwa ensimbi, namulabula nti bwaba ayagala obulamu, akirize mwongere ensimbi owo ye ampeemu abadddu abaddugavu kye kyokka. Omukulu oyo yagaana era n'aŋŋmba nti okubampa wakiri afa. Kyenva mmuddamu nate n'ebbboggo nti "Nze mpa baganda bange be bokka gwe weeyongereyo n'ebyamaguzi byo mu ddembe. Nayogera bwe ntyo nga ndowooza nti bwe nnaaboggola lw'anakkiriza. Anti baalugera dda nti, "Ow'ebbango bwotamuwemukira, teweebikka." Kyokka nga ntuuse ku ono olowooza nneebikka? Wa! Omusajja yagaanira ddala okumpa abaddu. Awo ne ndagira abalenzi bange ne bamukola akataayi kye kakola enseenene nga kagikutteko. Era bwatyo omulambo gwe ne gukasukibwa mu nnyanja nga sigasseeko bakuumi n'abantu bonna abaaliko okuggyako abaali mu kisenge ky'abaddu be nanunula okubajja mu buddu gye baali batwalibwa ne mbafuula ab'eddembe! Awo ne ngagira eryato ne likyusibwa endabika yaalyo era nalyo ne ndyezza ne byonna ebyalimu okuliibwa abaddu abaali banunuddwa. Oluvanyuma bansaba beegatte ku ggye lyange okusobola okununula baddu bannaabwe abalala abaatwalibwanga. Nabakkiriza n'essanyu era bwe ntyo ne nnunula n'abalala nga nkozesa bbo. Nakolanga bwe ntyo era n'efuuka mpisa yange.

Nga amazooba abiri gakekejjuse ku ddaaza eddamba, nze n'abantu bange twali tetukyaggwera ku maato ago ge twawambanga. Bwe ntyo ne mbeera nga nneetaaga okuzimba

olubiri mwe nnaayimanga okuwa ebiragiro, mpozzi n'okufuna amatwale gye nnaasinziiranga okununula n'okutereka abaddu abanaabanga banunuddwa. Natunda nate ebintu bingi naddala engoye eza silika, amasanga g'enjovu, ppamba n'ebikomo okuterekanga ensimbi nsobole okugula ettaka e Buwalabu. Mu kiseera ekyo nafunayo Abawalabu kkumi abanzikiririzaamu era ng'omu ku bbo yaliko omusuubuzi omututumufu, newankubadde nga abasinga namalanga kukwata ku bintu byabwe okusobola okubeera ku ludda lwange, n'oluvannyuma ne mbibaddiza nga bakkirizza kye mbalagidde. Omusuubuzi oyo eyali omututumufu, yagenda n'alya ebbanja eryamulemerera okusasula. Yatandika okwekweka ng'abuliddwa eky'okukola asobole okubeerabeerawo. Anti "Omuli w'ebbanja, ennaku alaga ntono!" Abamubanja lumu baamujjirira nga nsanafu ne bamutwalako byonna bye yalina omwali ne mukyala we, abaana be, n'abaddu be era abamubanja abo ne basigala nga beemulugunya nti ebbanja teriweddeeyo. Kino kyali kitegeeza nti baali baagala naye bamutwalireko kyokka nga sisuubira nti era bandikkirizza nti ebbanja liweddeyo olw'okuba naye atwaliddwa. Ekyali kisinga obubi kwe kuba nga eyali yamuwola ensimbi yali yafunamu obutakkaanya ne mutabani w'ono eyawolebwa mbu kubanga omutabani w'ono eyawolebwa yali yeepankira ku baddu b'oli eyawola nga abamubbako. Awo nno ne lugejja. Anti naawe omanyi bulungi nti "Atakwagala bwawerekera akubanja……" Kyokka ng'ate ono ye yali yamuwola ate oluvannyuma n'abeera nga tamwagala mu kiseera kye kimu.

Nga mbiwulidde ebyo, nayanguwa mangu okulongoosa erinnya ly'omusuubuzi oyo ne nsasula ebbanja lyonna lye yali abanjibwa naye nga mmaze kunyagulula amaato agasukka amakumi ana okufuna ensimbi ze nasasula! Twakkiriziganya n'omusuubuzi oyo nkozese erinnya lye ng'okunsasula nti nze,

abantu bange, n'ebyange byonna tuli wansi we olwo emirimu gyange egy'okununula abaddu gitambule kinnawadda nga seeralikirira. Bwe ntyo nasobola okwekweka ekituufu kye nali era nga kizibu okunteebereza nti ndi mubbi wa kumayanja lukulwe ate nga siri na Muwalabu. Omusuubuzi oyo yabeera omusuubuzi omulungi, ow'amazima, omwesigwa eri banne naddala nga balina amabanja. Yali amanyiddwa nnyo ng'omuwozi eri banne era nga kyenkana ye muntu eyeesigibwa atalabwangako oba okuwulirwa nti yabbye ku nnyanja. Wazira ku luno kyasukka obuyinza bw'omulamuzi era awaka we ne wafuuka ekiddukiro ky'abanaku, abatalina mwasirizi, bamulekwa ne bannamwandu. Mu buli kimu eky'obwetowaze, nze gwe yateekanga ku mwanjo, n'olwekyo nga toyinza kuteebereza mpisa zange za ddala. Okubeera omuntu omulungi kuno kwe njogerako, byali nga biragiro byange bye yalinanga okukwata oba ayagala oba tayagala. Weewaawo nnyinza okuba nga eyali yeeyisizzaamu obubi okukozesa omuntu mu buwaze n'ebikolwa bye nakolanga, naye nali siyinza kugumiikiriza kikoomi kya muliro ekyabumbujjiranga mu mutima gwange ng'oluusi nsula seebase ku ngeri gye nalabamu abaddu nga batulugunyizibwa omwali ne kitange gwe nali ndowooza nti n'okufa yafa!

Ng'oggyeeko n'ekyo, nali siyinza kumuwembejja nga mulagira ndowooze nti anaakola emirimu gyange obulungi nga bwe nneetaaga. Anti baalugera dda nti, "Ennungu enkalirize ekisa……." Ate era "Ekiwoomereze kizaala enkenku."

Nakozesa nate erinnya lye okugula ekifo ekisanyukirwamu ekinene ddala okwo gattako n'emitala kkumi n'ebiri ng'amatwale gange e Buwalabu. Natuuka ne nfuna eggye ddene ddala eryali liweza abaserikale enkumi nga bbiri okuva mu baddu be nanunulanga. Mbazzi, Ssekitooleko n'abaserikale bali ababiri be nawonya Lwanyisa amale

ayokye enju mbu nsaanewo, bonna abo nabagabanyiza buli omu amatwale asatu okugakulembera okusobola okutambuza emirimu gyange nga bwe kyali kyetaagisa. Abaserikale abo be njogerako be baali Ahmed Bin Fahad ne munne Abdu Huzaifah be natuuma amannya amapya nga Ahmed namutuuma Zawanvuwa n'oli munne ne mmutuuma Zayimpiwa.

Lumu kitange yaŋŋamba nti ng'alinnye eryato lye okwolekera ewaffe mu baddugavu okununula abaddu, alina kye yalaba kyatasuubira kwerabira ne bwalikootakota mpozzi ng'aserengese ekaganga.

Yaŋŋamba nti ng'atuukidde ddala ku kaalo akaamufaananira ke yali abeerako, yalengera omusajja alya emmere ne mukazi we n'abaana baabwe. Yabatunuulira nnyo n'abamalirako amaaso mbu ng'ajjukira embeera gye yalimu amale aleke mukazi we mu nsiisira Abawalabu nga bazze okumutwala. Ekyo nno saakissaako nnyo mwoyo kubanga nali sinnamutegeera nga kitange. Aba akyatunula, abasajja abanoonya abaddu kyebava bamutuukako, ne basamba ekibya kye yali aliiramu emmere ne bakivuunika n'okukivuunika ku ttaka. Tebaakoma okwo, ne basottasotta akasaka k'enva awamu n'entamu y'emmere era byonna ne byatikayatika olwo bbo enseko ne zitta. Ne bakwata n'omuggo gwe yali nagwo, ne bagumenya, bwe gutyo ne gumenyekamu wabiri. Awo kwe kumulagira okuyimirira nga bwatuula okumala ekiseera we banaayagalira. Kyebava bakwata mukazi we ne bamutuga nga n'abaana balaba omulambo ne gugwa wali. Baakoleeza ensiisira y'omusajja era bwetyo n'ekwatira ddala omuliro, mbu bayigirize balirwana b'omusajja oyo obuteekweka ssinga baba bazze okukima abaddu! Ng'akasolya kanaatera okugwamu, baasitula abaana be, ne babakasuka mu kikoomi ky'omuliro ng'alaba olwo ne bongera okumunyweza enjegere atwalibwe mu baddu nga tewali abuuza nti "Taata." Nga bwe

baalugera nti “Omusajja mbwa, w’aliira w’aleka ekyaliiro,” bano abasajja ab’ettima eryenkanidde awo we battira baalekawo mulambo gw’omukazi w’omusajja oyo nga nnakikunkumuzi bw’aleka eyaziŋŋama ku ttale.

Kitange yaŋŋamba nti mu bulumi bw’obusungu bwe yalimu obuyitirivu, yalamba abasajja abo era n’abatambulirako okutuusa lwe baalinnya eryato lyabwe okuddayo nate e Buwalabu. Awo nga baddayo, era nga banaatera okutuuka mu makkati g’olugendo, kitange yalumba eryato eryo kwe baali. Yalagira abalenzi be ne balikuba obusaale obwokumukumu ne basanyaawo buli eyaliko, ng’oggyeeko abaddu. Awo n’alagira nate abalenzi okusumulula abaddu batwalibwe mu lyato erirye okufuna ku kyokulya, ku kyokunywa nokuteewulizibwako amajegere agaali gabalipye nga gabanywezezza ng’ekiddirawamu bwana bw’enkoko. Nga kitange atuuse ku musajja oyo yennyini eyakulira ebikolwa eby’ekitemu ku musajja oli, yamubuuza ensonga eyalaza omuddu oli obukyayi obwenkanidde awo n’okutuuka okwokya abaana be ng’alaba. Kyokka ye n’amuddamu buzzi nti “Obwo si bukyayi, ekyo kyabulijjo,” kyokka nga teyeekanze namu kukyogera! Kitange yaŋŋamba nti awo we yamusindikira e zzirakumwa gye batambuliza emigongo ng’obwato n’enviiri gye zittirira ng’omuddo. Awo obusungu bwe ne bulyoka bukkakkana.

Naye ate nze ng’annyumiza ebyo, nalowooza muli nti ssinga nali nze, omusajja oyo omubi sandimusse. Ddala ddala namusaasira nnyo bambi okufa nga tayize nsi, kubanga mmanyi nga nandimubuuliridde okutuusa lwe yandikyusizza. Ayinza okulabika ng’omuzibu okukyuka naye ate ebiseera ebisinga abantu be tulaba ng’abazibu ate be babeera abangu.

So ng’ate oyo gwe tulaba ng’omwangu ennyo, lwabotola ebyama bya mukwano gwe lwe tukitegeera nti musege so si muntu!

Naye owa! Abantu abamu bazibu ba kutegeera! Naye nze kye nsinga okutegeera ku bantu, kwe kuba nti baagala alina, balinga kawawa. Ekyo kyo nakikkiriza awatali kubuusabuusa. Kiyinzika okuba nga si bonna nti bali bwe batyo, naye abasinga bwe bali. Anti era bajjajjaffe baalugera dda nti, "Abantu balamu magoma, gavugira aliwo."

Kitange oyo saamunenya kubanga osanga nange bwe nandikoze lwa kwepampalika kuno! Anti "Tebyasa mutwe, nga tebabigambye gwe!"

Omusajja oyo gwe baakola ebintu ebibi bwe bityo eyanunulwa n'abaddu yatuyamba nnyo okumanya ebifo ebyali bisingamu obusuubuzi bw'abaddu ku Ssemazinga waffe owa Abaddugavu. Era twanunula bangi nga twesigamye ku magezi ge. Okuva olwo, kitange teyaddamu kuttira liiso ku musuubuzi w'abaddu yenna okujjako nga tamulabye.

Abantu bange abo be nanunula mu buddu nafuba okulaba nga babeera mu mirembe nga batudde mu matwale gange. Bwe ntyo ne nfubanga okubateerawo embaga ez'enjawulo okusobola okwerabira embeera y'obuddu mpozzi n'ez'okuwasa n'okufumbirwa kubanga namanya ng'eggwanga eribulamu emiti emito teribeerawo bbanga ddene. Bwe ntyo nno bwe nafuuka omubbi w'okumayanja munnange, era ne mbeera mu kusaanyaawo buli eyali ng'ayagala okuzibikira ekkubo lyange ery'okununula abaddu, nsobole okuyiwa amazzi amannyogovu mu kikoomi ekyaka n'omuliro ekyayakanga mu mutima gwange, nga nsinziira kwebyo bye najja nga ndaba okuva mu buto bwange.

AKABWA KE WEEYOLERA

Nga nkozesezza erinnya ly'omusuubuzi oli mu kugula ebifo okugeza ng'ebisanyukirwamu n'ebirala, so nga ne ku mikolo egy'enjawulo ye yawaanibwanga n'okuweebwanga ekitiibwa mu bintu byange, natuuka ne mbikoowa eby'okukulembezanga ye buli kiseera kubanga ekyetimbwa kikira ekyebikkwa. Nabeeranga mabega ng'omuddu akuuma mukama we era nga ddala ndi "Nnyonyi eteyise, ekolera makaayi!"

Kye nakola, namugamba tubagewo enteekateeka eyenjawulo. Nga tukkirizigannyiza, yateekateeka embaga ennene kwe yafumbira ekijjulo mawuuno okwali abazinyi aba buli ngeri, nga n'abalwanyi ba martial arts tebakubuzeewo ekikutegeeza nti empaka zino zaaliwo nnyo. Awo mu ttuntu, kawuukuumi w'atandikira okuva mu bijanjalo ebyanike mu luggya era n'enkukunyi we zitandikira okufa akasana nga zikumba okuva mu bikunta ebyanike, omukulu yayimirira okwogera omulamwa omukulu ogwali ogw'embaga eyo.

Yagamba nti "Nangirira mu lujjudde lw'abantu, okuwaayo obugagga bwange bwonna obutalekaayo kintu na kimu, okuwa ng'ekirabo eri oyo yenna an'awangula empaka za martial arts olwaleero." Omulamwa guno gweewuunyisa bangi kyokka era ne gusanyusa bangi mu kiseera kye kimu, okusinziira nze bwe nalaba. Awo nno we waali olulwana kanaayokya ani, vvaawo mpitewo, ani awonawo ani afa!

Ng'empaka zitambulidde ddala okumala akaseera era nga tunyumiddwa, olwo nno n'abasuubuzi abalala bagasseeko ebirabo nkumu era okuwa an'aziwangula, ddaaki waliwo eyaziwangula. Omulenzi eyaziwangula wabula sikyamujjukira linnya naye newankubadde yali nga aziwangudde mu kaseera ako, nze nagendayo okumufuŋŋana n'okumulaga nti ebirabo ebyo byonna bye yali afunye tabitwala nga wendi. Ng'amaze okunnyoomoola

n’okunziimuula olw’okujjira mu nziina ne sseruwale z’abaddu mu ddwaniro, namusaba twambalagane bukanzu obusuuka buwenjuka alyoke antegeeremu omusera. Omulenzi oli yali tasiba zikweya mu martial arts! Era ddala ddala yali yasoma obukodyo bwonna kumpi okubumalayo. Olw’okuba nali nnyingiredde kafulu, omulwanyi nnamige kkungwa, nalwana naye awatali kwerekerayo. Era mu kino kitange, Mbazzi n’abalala bwe twali tukalima (akambugu) baŋŋamba nti tewali lulwana lwali lubanyumidde mu zonna ze nali nazannyako ng’olwo.

Ekyanneewunyisa, omulenzi oyo yali amanyidde dalala okubuuka n’okwefuulira mu bbanga nga nze era awo we nategeerera ng’omumegganyi bwasisinkaye omuwuwuttanyi! Awo nga mpunyiddwa ensanke ntyo, nataama ng’enjuki kyokka naye n’annumba ng’embogo.

Nga nange mmulazeeko ku bukodyo obwo bwonna ng’obubwe, nneewuunya bupya bwe namulaba ng’azikubyemu ne zaaka omuliro okundaba nga mmanyi okwefuulira mu bbanga ne ku ttaka. Nakizuula luvannyuma nga nze naye buli omu gye yabeeranga twali tetulabangako amanyi kakodyo ako era nga tawangulwangako okufaananako nga nze. Anti baalugera dda nti “Atannayitaayita y’atenda nnyina okufumba.” Naye nno kino tekiva mu maanyi ga muntu oba bukodyo bwe bwokka, wabula Lugaba Nantalemwa Kiwamirembe y’abikkako omuntu oyo akasubi n’awonawo olwo biri eby’obukodyo ne biryoka bijja kubanga nabyo bikulu. Nga tuzannyidde ddala okumala akaseera, nagenda okulaba nga tetumala muzannyo. Lwe mmusaze ku mukono naye nga kyenkana weewo wennyiini w’ansala . Lwe mmukubye ku luba, nange olwange nga talulekaawo. Bwe nalaba nga tetuuveewo, mpozzi okubeera nga bwe twali ne

Mbazzi luli, ne nsala nate amagezi amapya olulwana luggwe mangu si kuba nga nkifuuwa ne nkizza munda oluvannyuma kubanga “Ettoke oliwanirira likyali ku mugogo.”

Waliwo ensamba ggere gye yankuba nga nneetaddeyo kagenderere nga bbwa lya njola, ne ngwa ku nkondo era ne mbeera ng’awunze. Bwe mba sinnatereera, kyava abuuka ng’alumye n’ogwengulu ammalirize, wabula yabuuka nnyo. Nga akyali mu bbanga, namukasukira akaso akaagenda kavuuma nga kaliko n’obumansuka ne kamukwata mu kifuuba wakati, era yagenda okwekkata ku ttaka nga eyiye nvuunise.



Ne kamukwata mu kifuba wakati.

Yanyinyiitiramu katono nnyo nga agoberera bajjajjaabe abaamusookayo. Kale abantu abasinga beewunya nnyo omulwanyi oyo okufa akaso kokka ekitaali na kitala, ndowooza nga beerabidde olugero lwa Abaganda olugamba nti "Omuzira afiira watono amazzi gafiira mu ntamu."

Bwe ntyo ne nnangirirwa ng'omuwanguzi era buli birabo kye bassaawo nze eyakitwala. Omukulu yankwasa ekiwandiiko ekinzikiriza okufuuka omusuubuzi Omuwalabu newankubadde nga langi y'olususu teyali yeemu. Ekiwandiiko ekyo ku lwange kyali kya njawulo nnyo kubanga kyali kyawandiikiddwa Sultan yennyini eyali afuga "Muscat" ekye Buwalabu mu mulembe ogwo. Obuwanguzi bwe nafuna ku lunaku olwo nawulira nga bwali bwa kawoowo nnyo okusinga bwonna bwe nali nafunako mu biseera ebyayita. Embaga eyo, ennwana ezo ne byonna nze nnali nabitegeka ng'ekigendererwa kwe kuvaayo mu bwerufu okumpitanga erinnya lyange okusinga okubeeranga emabega w'erinnya lyomusuubuzi oli Omuwalabu. Okwo nali neetagirako n'ekiwandiiko ekitongole ekiva ewa sultan, olwo ntambule nga nkutte kannabwala emirimu gyange awatali agamba nti oba kino, oba kiri.

Weewaawo buli kimu kyali kiteeketeeke bwekityo, olulwana olwo lwangwako bugwi kubanga saakisuubira kusisinkara mumanyi wa martial arts bwatyo era mu butuufu nakiwuliramu naye anti era baalugera dda nti "Agamyuka omutezi…"

Mbazzi nga ategedde nti zaali nteekateeka zange, yambuuza ekyampisa mu kkubo eppanvu eryo lyonna okusobola okufuna erinnya lyange ettuufu mu butongole.

Okwali ng'okumuddamu namubuuza bubuuza nti "Woddiza omulalu mu kyama ng'omulamu gwolaba?" Ekyannyamba

yakitegeera mangu kye nali mmutegeeza ng'emmese egudde ku mugongo gwa kkapa, anti oluba okugwako ebeera ekimanyi nti erina okussaako embiro.

Nga ndidde, nnywedde njaguzza era banjozayozezza, natanula nate okudda mu mirimu gyange egyantoderwa. Nagaba basajja bange ab'okulusegere bana mu bitundu ebyenjawulo okugenda nate okununula abaddu nga bulijjo, tomanya luliba olwo omuntu n'afuuka wa ddembe okuva mu buddu anti Abaganda baalugera dda nti "Addiŋŋana ekitiko y'akiggya" era noyo "Addiŋŋana amawulu yagajjamu omukkuto."

Nga mmalirizza ogw'okubagaba bbo, nayagala ku luno nze aba agenda awaffe gye mba nkola omulimu. Ssaalwa nga nninnya lyato lyange, okwali kujjudde ebikozesebwa byonna nga njolekera. Nga nseeyeeyedde ku mazzi okumala ennaku, ddaaki natuuka okumpi n'omwalo. Bwe nali nkyali walako nga naatera okutuuka ku mwalo kwennyini era nga n'ebigenda mu maaso mbirengera bulungi, nalengera eryato eryava ku mukono gwaffe ogwa kkono nga lijja misinde mizibu empeewo tedduka na lino. Bwe naliraba, nalowooza nti eryato eryo lyali lya musajja wange omu ku be nali natumye ku mirimu. Anti ne bendera eyali yeewuubira ku lyato eryo, y'eyo gye nali nalagira basajja bange, okussanga waggulu ssinga babeera balina kye beetaaga okuva ku bannaabwe nga bali ku mazzi. Wazira ku lyato lyaffe, efaanana bwetyo teyaliiko, kwaliko ndala kubanga twali twakola nnyingi obutategeerwa basuubuzi, baleme okutwewalanga, anti nze ne basajja bange twalowooza nga tuyinza okutegeerwanga abasuubuzi abenjawulo ku mazzi ssinga tukozesa bendera emu buli gye tulaga. Era eyo bwe nagiraba, ne ndagira okukendeeza ku misinde gy'eryato lyaffe bali batusange mangu tubawe obuyambi bwe beetaaga kazzi nneekuulira kabazzi ku kugulu.

Eryato eryo bwe lyatuuka okumpi naffe, baamusibiramubbwa abaaliko ne bagenda batuyiira ensaale ezaali zaaka omuliro ku busongezo bwazo, ggwe wamma ne ziryoka zituyiikira ng'enkuba bw'eyiikira eyeggamye wansi w'omuti ogwasuula edda amakoola. Era ng'oggyeeko nze, abakuumi bange ababiri ab'okulusegere, mpozzi n'abaali mu kisenge ky'abaddu, tewali yasimattuka kibambulira ekyo. Ng'ensaale zizze, basajja bange baayimirira mu kkubo ensaale zireme kuntuukako era be banfiirira mu kadde ako. Ng'oggyeko okuvaawo, nali sirina ngeri yonna gye nali nnyinza okutaasa basajja bange ne nsigalawo nga ndi mulamu oba bbo okusigala nga balamu oluvannyuma lw'okufa kwange. Bwe batyo abakuumi bange kwe kunkwata ne banzirusa ne bansuula mu nnyanja nga tuli ffenna, era ababiri abo ne bannyinyunyulayo mu mazzi, ne bakwasa emikono gyange gyombiriri ku lyato okumpanirira. Kino baakikola bwebati kubanga baali bakimanyi nti ebyokuwuga byali byangwa kkono era nga ssinga tebakikola, nnyinza okuserengeta ku lukuusi nga balowooza nti ndi bulungi. Olw'okubanga abaddugavu baali bateekwa kubeera baddu, basajja bange abaddugavu nabateekanga mu kisenge ky'abaddu okusobola okuwoza amangu singa omu ku bakungu ba Sultan ansanga nabo. Anti baalugera dda nti "Gw'omanyi enfumita……." Ate era nti, "Okwerinda si buti ensanafu etambula egaludde."

Be natambulanga nabo mu kisenge beebo Abawalabu abatono ennyo abanzikiririzangamu mpozzi ne be napangisanga nga bakola nsimbi. Bwe ntyo bwe nali nalagira kitange ne basajja bange abalala okukola era baakolanga bwe batyo ku maato gaabwe buli omu gye yali ng'agenda ku mirimu.

Nga tuli ku lyato awo mu mazzi, waliwo omu ku basajja bange bwe twali ku lyato eyasobola okukwata omugwa n'abuuka nagwo okwolekera gye twali mu mazzi. Bwe

yabuuka, omugwa gwalaalira mu ddirisa ne gukoma nga munnaffe oyo tannatuuka mu mazzi. Awo n'alyoka yeggunda ku kisenge ky'eryato n'amaanyi era naggwamu n'akategeera. Yatuyitako lumu nga tetumanyiridde n'agwa mu mazzi. Nayagala okumukwata nga tannagwaayo naye ate nga ssirina bwe nta lyato ate nkwate ye kubanga mba kujja mikono ku lyato mbu mmutaasa, twali baakufa ffembiriri. Okutemya n'okuzibula nga mulambo gwe guseeyeyeza kungulu ku mazzi. Nawulira nga nnyiigidde abasajja abo abaatulumba wabula ebyembi nga sirina kye nnyinza kukola mu kaseera ako. Twatandika okwerimbalimba nga tuwalampa eryato, olwo nno nga omugwa gw'omufu gwe yali yazze nagwo nga kwe tuwalampira. Gwatutaasa nnyo nnyini mu kaseera ako ,era nze na buli kati ndoowoleza ddala nga ssinga tegwaliwo mu kiseera ekyo, mpaawo yaaliwonye ku ffe abasatu si ku misinde eryato kwe lyaddukira n'ebbanga lye twamala ku mazzi nga tuseeyeeya. Nga tutuuse waggulu ku lyato, nasalawo ne ŋŋamba be nali nabo nti " Tutambule nga twolekera mu kisenge ky'abaddu."

Nga bambuuzizza engeri gye twali ab'okuyitawo nga tetulabiddwa, nabagamba nti "Mu kifo ky'okudda mu mazzi tufiire eyo obumbula, waakiri okufa nga tusalinkiriza." Mu kiseera ekyo nno abatemu baali tebannasimbula anti nga balina ebyali bibakyankalanyizza nga bakaayana. Wazira olw'okuba twali ku bunkenke nze ne bannange ababiri, saasobola kutegeera bye baali bakaayanako mu kaseera ako.

Engeri gye twali tumanyidde ddala eryato eryo, twasobola okwerimbika mu mirambo ne tuyitawo bwe tutyo mpolampola okutuusa lwe twagwa mu kisenge ky'abaddu . Olw'okuba baali baakebedde nga tewali muntu yenna eyali yasigadde mu lyato, baali baaleseemu mugoba yekka era bwatyo naatuvuga nga tategedde nti mwetuli wabula nga

akikolera wansi webiragiro ebyaali byamuweereddwa. okutuusa lwe twatuuka ku lubalama lw'ennyanja e Buwalabu. Nga tutuuse, abaddu baabaggya mu lyato okuboolekeza gye baali balaga. Mu kavuvuŋŋano ako, omu ku basajja bange abaali baajjiddwa mu kisenge ky'abaddu weyabuuliza munne nti "Kyogamba master teyasimattuse?" Oli n'amuddamu nti "Kirabika mwattu" Omulala n'agamba nti "Nze mmanyi nga master tayinza kufa nga kawuka, ateekwa okuba mwali." Kazzi ajja okweyogeza ng'owamalibu ayasira embwa nti bw'eribulwa amannyo ndi gisongolera emmambo! Nga abyogedde, omu ku babbi yawulira era bwatyo n'ategeeza ku mukama we. Awo kyebava baddamu okwaza eryato mwe twali.

Bwe twawulira ajja, ne twekweka wansi w'essubi abaddu kwe baatuulanga. Ne tulyoka tunoonyezebwa nga tetulabika. Nga baazizza wonna nga tetuliiyo, abanooya baddayo ebweru. Nga bazzeeyo, nalagira omu ku bakuumi bange abuuke agwe emmanju w'eryato adduke okutegeeza Mbazzi akabi ke twalimu. Twali baakubuuka ffenna naye ne tulowooza nti tuyinza okukwatibwa ffenna naddala nze eyali tamanyidde ddala byakuwuga. Munnange nga tusala magezi kukuba kibaawo ng'oli agwa mu mazzi. Bwe tuba tukizza nate mu kifo kyakyo, kyaleekaana nnyo n'abebweru ne bawulira. Ku luno tetwasimattuka kukwatibwa, bwe tutyo ne twambulwa amatiribona, ne twambazibwa ez'abaddu olwo ebigere ne byolera. Nga tutambulidde ddala era nga tutuuse mu kifo gye baali batutwala, baatusimbya ennyiriri nga tutunuulidde mu maaso g'ekizimbe omukulu w'ekifo ekyo we yali yeegololedde obwentoogo.

Omukulu oyo yalagira abaddu basumululwe, baweebwe eby'okulya n'ebyokunywa , banaazibwe era baweebwe ebyambalo ebirungi, n'oluvannyuma boolekere okuweebwa

enju gye banaasulanga okuva ku lunaku olwo. Awo nno kwe kussa ekikkowe era omukuumi wange bwe twasigala kyava aŋŋamba nti “Master, ddaaki tuwonyezeddwa, kale tetuba kuwalampa lyato ssinga tetuli mbuyaga!” ne nseka naye n’aseka.

Mu lunyiriri mwe twali, baayitanga omu ku omu okwogera amannya ge, eggwanga mwava n’ebiringa ebyo. Nga batuuse ku mukuumi wange, baakitegeera nti yali muserikale, bwatyo n’aweebwa ebyambalo by’abaserikale, era naasabibwa n’okukuuma ekiro ekyo kyennyini ng’amaze okuwummulamu.

Nga batuuse ku nze, omuserikale eyatusimbya olunyiriri yabuulira kapiteeni eyatuwamba nga bwe nali nnyini lyato era nga bwe nali nakuliddemu ekikwelweto ky’okusuubula abaddu abo. Okwogera ebyo nno, abaddu nga tebaliiwo anti buli ayamalanga okweyanjula ng’ayisibwawo emmanju kubanga nsuubira nga ssinga baaliwo mu kiseera ekyo, osanga tebaalikkirizza muserikale oyo kunjogerako bigambo bifaananako bwe bityo. Nga omukulu abiwulidde ebyo, yasalawo kunsindika mu kirombe, okwasa amayinja n’abo abazzi bemisango eminene okugeza ng’abaali bagezaako okulya olukwe mu mukama w’ekifo ekyo. Mu kiseera ekyo munnange gwe nali nazze naye yali tannaba kusimbula kugenda.

Ng’omukuumi wange ayombye olw’okumusindika mu buserikale awalungi ate nze ne bansindika mu kirombe okwasa amayinja, baamuddamu nga bagamba nga bwe baali bannanga okutirimbulanga abantu abatalina musango, okusuubulanga abaddu n’ebibi ebirala byonna ebyali byekuusa ku musuubuzi w’abaddu. Baannyonyola nti kino baakikola kubanga baali bamanyi nga buli musuubuzi wa

baddu yalinga mussi, mutirimbuzi era atalina kisa eri muntu munne kasita yamulowoozangako nga asaanidde okubeera omuddu. N'olwekyo nali siyinza kusonyiyibwa nga nsangiddwa n'abaddu. Bwe yali agenda okwanukula bwati, baamukuba omuggo mu mutwe ne bamutwalirawo nga alimu ne kantoolooze. Bwe ntyo ne nserengesebwa mu kirombe okwasa amayinja. Newankubadde nga nali nayasaako amayinja era nga mmanyi bwe gamenya okwasa, nasiima okugendayo kubanga nali ndowooza nti gye nali nja okwanguyirwa okutolokera. Kkazzi olugero olugamba nti "Asugumbira okulaba ensolo bwejja gw'erya." lugenda kuntuukirako.

Amazima gabeewo, okubeerawo kwange eri saamalayo nnaku zisukka nnya, naye nninga eyamalayo emyaka kkumi ku ngeri gye bankoosaamu akagiri. Mu ndowooza yange mu kaseera ako, nalowooza nti eyo yeeyali geyeena enkulu esinga zonna ezaali zibaddewo n'ezigenda okubaawo. Twakolanga okuva mu makya nnyo ne tunnyuka kawungeezi nga bugenda kuziba. Olunaku lwonna, twayasanga mayinja naye nga tebatuwa kakulya konna newankibaadde amazzi okunywa. Awo omusana ne gulyoka gutuyengulula, ne gutwokya ne tutuuka n'okwejjusa ekyatutondesa okujja mu nsi. Okulya ku kintu, nga tumala kunnyuka kawungeezi nga kyenkana buzibye ne tuddayo mu bisulo byaffe, olwo nno buli omu ne bamusimba ekitole ky'eŋŋaano kimu so ng'amazzi twalaniranga malwanire. Abataalinanga maanyi ga kulwana ne bafikka amazzi, abo baanywanga musulo gwa mbalaasi okusobola okubeerawo. Kakutande Ddunda akuveemu oyimiriremu ng'oyasa amayinja mbu okooye, nga bajja kukuwuttula agabooko, obolooge ng'embwa okutuusa lwofa – kwe kugamba, baakukubanga okulekeraawo ng'omaze kufa. Olwo nga bakutwala bakusuula mu luwonko olwali eri wansi awajjudde agayinja aganene, nga gasongovu era nga bwe

babeera bakusuddeyo ng'okyalimu akalamu, eyo gye kaggwerangamu. Lwali luaku lwa kusatu okuva lwe natandika okwasa amayinja, ne tuserengeta nga bulijjo okwasa amayinja. Nga twasa, omu ku bandi ku mukono gwange ogwa ddyo n'agenda asaba omuserikale ku mazzi ge yali anywaako naye anyweeko. Musajja wattu yali mukulu ddala era nga n'envi zeetobese mu mutwe gwe. Yanfaananira okuba nga enkalamata yali etta mutte, mu butuufu nange lwa butoogera naye nali nzigwaawo nga n'olulimi lutandise n'okunjokya mu kamwa. Ng'amusabye ku mazzi, okwandibadde ng'okumuddamu, omuserikale oyo yamukuba emiggo, n'amala n'amusitula n'amukuba ekigwo kinene ku kiyinjayinja ekyali awo ebbali, bwatyo naakasukayo eri mu luwonko. Aya ya ya nawulira nga nzijudde, bwe nali nnyimirizaamu okwasa amayinja mugajambule, omu ku baali ku mukono gwange ogwa kkono kyava aŋŋamba nti "Genda mu maaso n'emirimu gyo bwobeera okyayagala obulamu kubanga naawe ojja kugendera mu kkowe lye limu ng'oyo ssinga wepampalika ku byotaasobole, nze nkubuulidde!"

Nga mutunuulidde, kyava anziramu nate nga anyeenya n'omutwe gwe nti "Nkwegayiridde tokikola." Bwe nalaba nga ŋŋenda kufiira bwereere ate nga ne gwe nali ow'okutaasa yali yafudde dda, so ng'ate era n'okulabulwa nali nalabuddwa, kwe kugenda mu maaso n'emirimu kubanga "Entubiro etaeekumire tekusuuza ku nkanaga." Ekituufu kyali nti mba kubaako kye nkola, nali siriddamu nate kubeera ku nsi era awo we nategeerera ng'omuntu atafuga busungu agwa mu nnyanga nnene buli kiseera era taggwaako bizibu mu bulamu bwe. Newankubadde ng'omuntu oyo eyamponya ku lunaku olwo sikyamujjukira olw'ensoga nti tetuddangamu kusisinkana, siryerabira kye yankolera era mwebaza nnyo weewaawo saasobola kumwebaza ku lunaku olwo.

Ku lunaku olwokuna era olwasembayo nze okwasiza amayinja mu kirombe ky'eyo, banzuukusa okugenda okukola naye ng'obukoowu nkyabuwulira obwali obw'eggulo limu, nga nakanyama anzita bussi naddala mu nnyingo. Nali mpulira omubiri gulinga gwe basekulidde mu kinu, nga sisobola kugolokoka era mu butuufu nga mpulira n'empewo nnyingi omuntu bwaggulawo oluggi. Nagaana okuva mu buliri nga ntegeeza nga bwe nali nalagiddwa okulongoosa ekisulo kye twasulangamu, n'olwekyo nali sirina kukkirira mu kirombe ku lunaku olwo. Nayogera ebyo nga simanyi nti ndi mu kukinaanika akyagala muka omubbi okuzaala abalongo! Bwe nali sinnamalayo na kwogera, ng'oluyi olwandowoozesa nti emba zange zombi zaali ziwogose nga lwampiseeko dda. Okumanya luli lwali lwa mutindo ogw'ekika ekya waggulu, obukoowu ne nakanyama simanyi gye byakyala mu kaseera ako era ne gye byagenda saamanyaayo. Awo ne balyoka bampisaako embooko eyaliko amalobo agannyingira ne mu mubiri era eyo ye yammala akababba ne ntuuka n'okukulembera olunyiriri olukkirira mu kirombe nga neeyagalidde. Bwe twatuuka mu kirombe, nze eyasooka okukwata ensuuluulu okwasa amayinja. Kino nno kyasesa abakuumi ne bannange bwe twali tuziyonka obutaaba naye nze nagezaako okuzeekamulamu ne ziremerayo. Anti ndowooza olw'obulumi bwe nali mpulira naddala bwe natunula ku kizibaawo kyange wansi w'enkuutabuliri nga ssigenderedde, ekyali ekibisi nga kibunye omusaayi ogwali tegunnalekeraawo kukulukuta. Bwe zaali ziwera essaawa z'amalya g'ekyemisana awo abasiiba mu bikajjo mbu bakuuma bireme kubbibwa we baliira ebikajjo n'amazzi gaabyo ne gabayiikira ku nkokola, era n'embwa we zituulira mu mulyango nga ziguumiika amagumba agafisse ku lujjuliro nga tezeekengedde kufumitibwa okugeza nga amagumba

g’engege, nawulira nga akasana kansiiyiise nnyo mu biwundu biri ebyamalobo.

Mu kadde ako, enjuba yalinga gye baalogedde mu kifo ekimu obutavaawo, mpozzi eyinza okuba nga yali yeerabidde okugwa nga bukyali kiwaalabye asobole okigiriisa ku biwanta!

Nakanyama yakomawo buteesokoola, olwo ng’olubuto lundi ku mugongo anti nga ssebusa yeggunda. Enkalamata yali yanzijidde dda buteesagga ng’omusezi ku mutamiivu. Kyatuuka ekiseera ne mpuiira nga weewaawo bagamba nti omusajja awaza ne bwaba akooye, nga ku luno simalaako. Nali nkooye olukoowa lwe simanyi nga ndiddamu nate okukoowa nga ku olwo, anti nga n’olulimi lusagga nsowera, nga ey’evviivi tekyasaka era nga n’owembwa bandaga mulage olw’oluyala alwali lunsakata mu kiseera ekyo.

Nagenda okulaba nga nfiira bwerere okukolera abasajja abo ate nga ne bwe naaberawo nga ndi mulamu era luliba olwo ne nfa. Awo kyenva nsalawo okufa nga sibamaliddeeko maanyi gange okubaasiza entuumu ez’amayinja emirembe n’emirembe, kubanga n’okusiima tebaatusiimanga mirimu gye twakolanga okujjako okutukubanga ng’atta omusota, n’okutuyisanga ng’eky’okuttale.

Nga mmaliridde era nga nsibye omwoyo ng’enkoko emira ensanafu, nagwa wansi omulundi gumu, ne nzisa ekikkowe ekisembayo, ne mmala ne nsirika be ccecererecce, era ne ssiddamu nate kwenyeenya. Awo omu ku bakuumi kyava ayita munne n’amugamba nti “Gyangu tusuuleyo omutulumbi omusava guno ogulinga n’ekinyirikisi.”

Okumpita omutulumbi kata kinzize engulu kubanga kitegeeza mulambo gwa nsolo okugeza ng’embizzi. Munnange nga

basitula “mutulumbi” mbu bagukasukeyo. Bwe baatuuka ku ngyegoyego z’oluwonko, nabava mu ngalo omulundi gumu ne mpita n’ag’omubuto obutalekaayo wadde ak’okwekuumisa, ne mbakwata kiyiifuyiifu mu bifuba byabwe ne mbanyweza. Akamyanso kalwawo okumyansa ku bwangu bwe nakozesa okubuuka ne ngwa nabo mu luwonko.

Twagenda okutonnya mu luwonko, nga mbali kungulu bombi. Newankubadde twagwa ku mirambo egyaali gyakasukibbwayo edda, Nantalemwa yazza bibye nze okuwonawo si ku kigwo kiri kye twagwa. Nze nasemba okutegeera nga ndi mu bbanga mbuuka. Awo saasukkawo!

Bino Sanyu bye yannyumiza. Yaŋŋamba nti nga azzeeyo okukima engoye za silica luli, bwe yali apakira bwati mu nsawo, omukuumi kyava ajja ng’ayitayita nti “Owange…, nze, nzennyini nze akuyita.” Awo Sanyu n’addamu nti “Nzuuno wano” nga yeerabidde nti akamwa akangu kakuyitabya akubanja! Yalowooza nti nze eyali amukimye, kazzi oli yali awulidde ekikoona n’ajja nga yeebuzaabuza nga bwayitaayita Sanyu kyataamanya nti gwali mutego era butereevu n’agugwamu. Nga batunuuliganye, Sanyu yamulagira aisrike nga tamanyi nti agamba Lwanyisa yennyini. Ng’amaze okutegeera nti yali mu mikono gya Lwanyisa era nga Sanyu amaze okumulimbalimba ebitatuukiridde bulungi, Lwanyisa yabigwamu nti tebyali bya mazima era bwatyo n’atwalibwa okukuuma ekiro ekyo kubanga yali munnamagye. Yagezaako nnyo okwebulankanya naye ne bigaana anti amazzi olubulira mu nfuufu, ago ng’ogerabira mu kadde ako. Yayongera naŋŋamba nga bwe yali yafuna edda olubuto naye n’agaana okumbuulira mbu ng’ayagala ankubeko kyewuunyo nga tuteredde bulungi okuva ewa Muusa. Yagamba nti kyamuluma nnyo okuba nga teyaŋŋamba nga tannaba kuddayo kukima ŋŋaano

newankubadde nze saamunenya. Anti oluusi okukola ensobi ebeera nkonge ya ku kkubo, bwe takukuba magenda, ekukuba amadda!

Nga wayise ebbanga, yazaala (omwana), nnaatuukirira era bwatyo naamutuuma erinnya lye Nnamige ng'ekigendererwa kiri nti bwalikula, abeere mulwanyi nnamige era omusaale mu kulwanirira abantu. Yaŋŋamba nti yamukuza bulungi era tebaafuna buzibu bwonna nga bali ne Lwanyisa.

Ng'amaze okukwasa Nnamige anaamulabiringa, yayolekera era bwatyo n'atuuka ku mugga.

Yagenda mu maaso nanzitottolera akawonvu n'akagga ku ngeri Lwanyisa gye yamulemerako mbu amufumbirwe.

Lumu yamutiisatiisa n'okumuttira omutabani singa takkiriza kumufumbirwa ekyamukanga ennyo. Wabula nga ateeberezza nti taamutte atiisatiisa butiisatiisa, Sanyu yalemerako n'amugamba nti ekyo okukikola waakiri afa. Nga Lwanyisa alemeddeko ku nsonga, lumu yagezaako okuwa omwana wa Sanyu kanywe okawulire naye n'aseerera n'agwa , omubisi gwonna ne guyiika. Kino Sanyu okukiteegeera, Lwanyisa yennyini ye yabyogera ng'ayombesa omuwereza we n'atuuka n'okwagala okumutta olw'obutamunywesa ye. Awo omuwereza nga bamaze okumuyombesa, yajja n'abuulira Sanyu ebibaddawo era bwatyo n'ataasibwa! Ekyo nga Sanyu akirabye, kwe kunoonyereza gye nali nalaga ne banywanyi bange ba Mbazzi tubeere ffenna. Nga agezezzaako kyonna ekisoboka naye naatubulwa gye twali twalaga, yasalawo yeesuule mu mugga naye nga tamenye kisuubizo kye yansuubiza obutafumbirwa Lwanyisa.

Ng'atuuse ku lubalama lw'omugga, yagamba bwati " Munnange Lubaale nsonyiwa okuba nga nkuleetedde ekikkwa

kino eky'obutaddamu nate kundaba nga ndi mulamu. Mbadde siyinza kugumiikiriza kulaba mwana wange nga attibwa, ate era nga siyinza kumenyawo kirayiro kye nnakulayirira eky'obuteeyononesa na musajja mulala yenna atali ggwe. Nonzeewo okufa okusinga lwe nnaabeeranga nga ndi mu bulamu obw'okwejjusanga, okujeregebwanga n'okunyomebwanga ng'omukazi ataasobola kutaasa mwana we mu kufa newankubadde okusiima ebirungi enkumu bye yafuna ku lwa bba eyamwagala ennyo bwatyo. Nnyini byonna abankuumire ggwe ne mutabani wange, muwangaale nnyo era musigazenga ekitiibwa buli gyemunaagendanga. Okufa kwange ka kubeere ssaddaka eri buli kirungi kye munaakwatangako n'emikono gyammwe mu bulamu bwammwe, era mbaagaliza mikisa myereere ebbanga lyonna ery'obulamu bwammwe." Awo nga amalirizza okwogera ebigambo ebyo, kyava abuuka agweeyo. Bwaba abuuka ati, Lwanyisa yamuva bbali n'amukwata ku mukono n'amutaasa. Ng'amaliriza okumutaasa, yamutwala n'amuzzaayo awaka mukazi wattu nga n'amaanyi temukyali. Yamusisinkanya ne mutabani we era omutabani n'asanyuka nnyo okumulaba kubanga yali yamulindiridde dda okumusomesa nga bulijjo naye nga talabikako. Awo Lwanyisa n'afukamira mu maaso gaabwe bombi n'akaaba amaziga. N'abetondera nnyo era bwatyo n'abasuubiza obutaddamu kubakozesa nsobi efaananako bwetyo ebbanga lyonna lye banaamala naye. Sanyu kyava amuddamu nti "Bwotyo bw'oyogera bulijjo n'omala ne weefuulira mu kiti ng'embazzi. Si bwotyo bwe wagamba ne baze kyokka mu kiro kimu n'oyagala omutte?"

Awo kyava ayita abalenzi be nga n'aba ssanyu weebali n'amugamba nti "Ndayira mu maaso go ng'abantu bano bonna be bajjulizi nti bwenzirangamu okukukola ekikyamu kyonna oba okukukozesa ekibi kyonna kye mmanyidde ddala nga kibi oba okukutiisatisa mu geri yonna, ndyereeta nze

mwennyini n'ontemako omutwe gwange ng'okwetonda kwange gyoli mu kiseera ekyo." Sanyu yatambula butambuzi n'avaawo. Lwanyisa yamala ennaku eziwera nga talidde wadde okunywa ekintu kyonna ng'akungubagira ekibi kyeyali akoze mu kaseera ako.

Lwali lumu, Lwanyisa n'afumba ekijjulo nga akifumbidde Sanyu. Ng'obubaka butuuse ewa Sanyu, yagaana okugendayo. Awo Lwanyisa n'agenda ku nju Sanyu kwe yasulanga n'amwegayirira nnyo amuyambe buyambi waakiri balye bonna ekyemisana bombi, ekyo kyokka kimumale. Olw'okuba Lwanyisa yamwetayirira nnyo nnyini, ddaaki Sanyu yamala n'akkiriza ne bagenda bombi okulya ekyemisana.

Nga Sanyu atuuse we baali bagenda okuliira, yasangawo ebimuli, emmere eya buli kika n'ebyokunywa tomooni anti nga n'owemmindi asena. Sanyu bwe yali akyali kwebyo, Lwanyisa n'agobawo abakuumi be bonna okutuusa lwe baasigala babiri bokka ku lujjuliro. Awo Sanyu kyava avaawo ng'agenda emmanju n'abula kubanga yamanya nti bwateerwaneko, Lwanyisa yali ayinza okumukola enkoko kyekola abaana baayo nga teyeesiimidde, n'olwekyo yalina okwetaasa ye yekka. Anti baalugera dda nti "Nkoba za mbogo…." Ate era "Lwoya lwa nnyindo olwejja wekka.". Bwe yalowooza kyaneekwasa, yajjukira nti yali aludde okugenda mu kafo akamu gye yafunanga abaddu n'oluvannyuma n'abagatta ku ggye lye okunyweza obukuumi. Akafo ako tekaali kalala konna naye oluwonko lwe nagwamu n'abaserikale bali ababiri. Sanyu yatta ng'ebiseera n'agenda okulambula ku bifo ebyenjawulo era nga mu byo mwe mwali n'oluwonko luno. Bwe yatuukanga mu luwonko olwo, yalondangayo abaddu abaasuulibwanga ne bagwa ku bannaabwe. Olwo bwe yabakeberanga n'awulira nga

entunnunsi zikuba, n'alyoka abatwala n'abajjanjaba era abaawonangawo yabafuulanga baweereza be. Bano nno be yasinganga okwesiga kubanga baakola nga kyonna okumusanyusa anti yali nga abalonze magombe bbo okubeera abalamu.

Nga ajjukidde nti yali aludde okugenda mu luwonko, yalinnya embalaasi mu bwangu okutuusa lwe yatuuka mu luwonko. Nga atuuse, yalaba omuvubuka eyeebase ku baserikale ababiri ng'alina akatambaala ku mutwe akaamufananira kaamanyi. Bwakyusa ati omuntu amulabe, nga ku nze kwakuba amaaso! Yagamba nti yapapirira, naatuuyana era naalagira mangu basajja be be yatambulanga nabo okunsitula mu bwangu, yanteeka ku mbalaasi ng'alinga omwokyeko omuliro era teyalowooza na kulonda balala. Bwatyo bwe yanzigyayo mu luwonko ku lunaku lwennyini lwe nnasuulibwayo. Bwe baali bambukidde ddala nga banaatera okumalako oluwonko, omu ku bakuumi be kyava alengera abaserikale okuva waggulu mu kirombe nga baboolekedde n'amuyita nti "Maama, bali tebawondera ffe?" Ko Sanyu nti "Baani?" Aba tannayanukula ng'abaserikale okuva mu kirombe babatuuseeko. Nga Sanyu ababuuzizza ekyali kibawondeza, baamuddamu nga tebatidde nti baali beegombye ye olwamaaso ge amalungi era nga kino kye kyali kibaleese kyokka.

Awo kyava abasaba bakkirize abakuumi be bantwale, olwo ye taabe na buzibu kumusigaza. Bo baamuddamu nti " Kasita ojja naffe , abo ne bwe bagenda". Awo kyava alagira abakuumi be bantwale, abasawo banzijanjabe bulungi era bakole ekisoboka okulaba nga mpona bulungi nnyo ate mu bwangu ddala. Nga bagenze, abaserikale abo baatwala Sanyu butereevu mu lubiri lw'omukulu w'ababbi oyo eyatuwamba.

Nga bamutuusizzaayo, omukulu w'ababbi oyo yamusiima nnyo olw'obulungi bwe obwali bumusaza ku

mpagi era abaserikale abaamutwalayo ne balinnyisibwa eddaala mu magye ekyali ekigendererwa kyabwe ddala. Baavaawo nga basanyufu nnyo nnyini era nga n'okuseka baseka. Ng'amukutte ku mukono, omusajja oyo yatwala Sanyu ne basooka balya bonna ekyemisana, olwo n'alyoka amusuubiza

buli kimu kyeyeetaaga kasita akkiriza kyamugamba. Sanyu yasooka n'asirika okutuusa omusajja lwe yayogera byonna bye yali ayagala okwogera n'abimalayo. Awo n'alyoka amuddamu nti 'Tomala bigambo byo kubanga nnina anjagala era abakuumi bange bagenze kumutegeeza. Wajjira wano owedde ggwe n'abaserikale bo kubanga teri kintu kyonna kiri wano kyagenda kuleka nga tekisanyeewo." Ko omukulu nti "Ani oyo gw'osuuta?" ko Sanyu nti "Lwanyisa omumanyi?" ko omukulu "Oyogedde Lwanyisa mu bugenderevu oba?" Awo Sanyu kyava amwenya nga kirabika baali bamutya. Awo omukulu oyo n'alagira abakuumi be batwale Sanyu bamusibe nga bwalowooza eky'okumukolera. Awo Ssanyu naalekaanira waggulu nti "Lwanyisa nja kumugamba ku kino ky'onkoze musajja ggwe." Ko omukulu nti " Ebyo babyogera bulijjo ate baatandika okubyogera nga tonnaba na kuzaalibwa. Bwatyo Sanyu n'atwalibwa mukungujjo n'asibwa mu kimu ku bisenge by'ekkomera lyabwe.

Nga bantuusizza awaka wa Sanyu, baaleeterawo omusawo era ne batandika okunkolako. Lwanyisa olwa bitegeera, kyava ajja n'ayingira mu kisenge kye nalimu naye nga sinnadda ngulu. Awo abasawo n'abakuumi ba Sanyu ne batya nga bamanyi nti ayinza okuntusaako obulabe. Awo kyava afukamira, n'ankwatako, n'aŋŋamba nti "Muganda wange nsonyiwa ku buli kye nali nkukoze. Mu butuufu onkola bulungi naye nze ne nkukola obubi. Ontaasa mu bingi naye

nze ne nkusuula mu kufa. Bambi nsaba owone nkwetondere omulundi ogusembayo nga nkyali mulamu, kubanga neeyama dda nti okwetonda kwange gye muli mwe abasatu ggwe, Sanyu ne Nnamige omulundi oguliddako, kuliba kunzigyako mutwe gwange." Ng'amaze okwogera ebyo, n'alyoka akubiriza nnyo abasawo okunzijanjaba mpone bulungi era nga bwe siwona, baali b'akusasula na bulamu bwabwe. N'olwekyo baali balina okutoba mu buli ngeri mpone bulungi olwo basobole okusigalawo nga bakyali balamu. Ebyo Lwanyisa ye yabinnyumiza oluvannyuma.

Olw'okutya ennyo ebigambo bya Lwanyisa, abakuumi bano abandeeta beerabira okumugamba nti Sanyu yali yawambiddwa ate naye bwe yajja okundaba, teyategana kubuuza Sanyu gye yali mu budde obwo.

Ng'anoonyezza eky'okukola mu kaseera ako, omukulu w'ababbi oli yasalawo asindike omubaka ewa Lwanyisa okumutegeza nga bwe yali yawambye mukyala we mu butanwa, yamusuubiza n'ekiso eky'ekikomo okulaga olwetonda kwe mu bwetowaze asonyiyibwe. Nga Lwanyisa awulidde bino, yajjirawo gye nali neebase n'ayita abalenzi abandeeta ne bafuluma ebweru w'ennyumba. Olwo n'alyoka abawuttula empi ku matama nga abalanga obutamubuulira nti Sanyu yali mu buzibu. Nga amalirizza ogw'empi, kyeyava adduka za mbwa okununula Sanyu okuva mu babbi gye yali. Mu kaseera ako nange nali nzuukuse, era buli ekyagenda mu maaso ebweru nali nkiwulira bulungi nnyo. Nga ntegedde nti Lwanyisa yali agenze okununula Sanyu, nange nagolokoka, ne nneebulankanya, ne nneebaggala embalaasi ne mmugoberera. Nagenda n'omu ku balenzi abaali ne Sanyu mmale nnunulibwe okuva mu luwonko. Era twayita mmanju nga tusalinkiriza kubanga namanya ng'abasawo bajja kuŋŋaana okugenda nga bagamba nti nkyali mugonvu nnyo

ate nga nali siyinza kulekera Lwanyisa yekka okutaasa kagafumba. Natuuka Lwanyisa ababuuza akana n'akataano era nga Sanyu naye ali awo musibe n'agajegere ku mikono. Tuba tuli awo, ne ndaba omulenzi ajja n'embalaasi era n'atutuukako. Omwana ono yali muto naye ng'alabika bulungi amaaso ge. Yenna yali mumyufu era nga n'enviiri ze zimasamasa ng'ezikubiddwamu omusana.

Bwe yatuuka, kyava ayita Sanyu nti "Maama", bwe yamala nadduka n'amugwa mu kifuba. Kyenva ŋŋamba nti "Yii, naye ensi eno! Sanyu wazaala na dda omwana!" Ko Lwanyisa nti "Anti oyo ssebo ye mutabani wo." Ko omwana nti "Lindako, maama oyo ye mwami Lubaale Kitange?" Awo Sanyu n'amuddamu nga bwakulukusa amaziga ag'essanyu nti "Ye ye." Kye nva mbuuka ku mbalaasi nga neewuunya ne nnyimirira ku ttaka. Awo n'ajja ne mmusitula, ne mpulira emirembe egyenjawulo mu bulamu bwange n'akawewo akalungi ne kanfuuwako. Era abaalugera baalutuusa nti "Omukadde lwalabye ku babe empewo lw'emufuuwa. Awo n'ensanyuka nnyo bwe namusitula naye n'asanyuka nnyo nnyini. Awo kyava aŋŋamba nti "Taata, bulijjo nkwesunga okukulaba, kale baŋŋamba nti oli mulwanyi nnamige atawangulwangako, wamma kituufu?" Ko nze" "Tebaakulimba." Ko ye "Taata, nze maama yantuuma Nnamige era ankutiira nnyo mbeere ng'erinnya lyange okubeera omulwanyi nnamige, wamma nsobola okubeera nga ggwe?" Ko nze "Ojja ku nsinga" Kyava aŋŋamba nti "Kale bulijjo tukulyako omuceere era nga tukunywako n'omubisi gw'enjuki." Ko nze "Okokasa Nnamige?" Ko ye "Nga oli taata mulungi, ompise n'erinnya lyange?" Ko nze "Weebale kusiima mutabani." Ko ye "Ate taata nkubuulire?" Ko nze "Yogera mutabani." Ko ye " Maama ansomesa n'ebintu okuva mu kitabo kiri ekiriko omusajja akutte mu kiwato ate ng'omukazi akutte omwana ku magulu, kale singa tusoma

ffena!" Ko nze "Mbuulirayo bye yakuyigiriza osanga naabiwulirako ne nnyumirwa ne tutandika okusoma ffenna! Ko ye nti "Kantandike na ssuula essooka si kye kyo?" Ko nze "Tandika n'ekwanguyira." Awo n'agamba bwati:

"Buli lunaku olukya tuzaalibwa bujja era tubeera tusobola okukyusa obulamu ku lunaku olwo, kasita tuba nga tulina okukkiriza mu mutima.

Tosobola kusanga ssanyu mu bulamu bwo bw'otagenda mu maaso n'osalawo okwekuumira emabega nga banno bakuyitako.

Omusajja omwesigwa era ow'amazima y'oyo ateerowoozaako yekka na yekka wabula okuyambanga abalala abatalina mwasirizi.

Okuwoolera eggwanga ku mulabe w'omuntu lwe lujegere olw'ebizibu ebitakoma omuntu lwe yeetonderawo yekka na yekka, naye okusonyiwagananga kye kibbo ekijjudde emirembe, obumu n'enkolagana wakati mu bantu.

Omusajja atakuuma kigambo kye awangaala anyoomebwa abantu kubanga babeera bamanyi nga tasobola kuyimirirawo nga kibuyaga azze.

Omulimba ne bwagwa mu kinnya n'akuba enduulu n'ewulirwa tewali amusaasira kumujjayo, kubanga bw'asaba obuyambi abantu babeera balowooza ng'alimba bulimbi.

Omuddu omwesigwa eri Mukama we alirya ebirungi nkumu, naye omukumpanya olubeerera ab'omumaka ge balyejjusanga olubeerera kubanga bwaba tasobola kukola kyagambiddwa mu bwesimbu Mukama we, olwo n'alabirira amaka ge mu bwesimbu nga takumpanyizza?

Omuntu ayogera ebigambo ebirungi abantu tebajja kukolagana naye ssinga abeera n'ebikolwa ebibi, kubanga ebyo bizikiriza obulungi bw'ebigambo bye obutaddamu kujjukirwa nate mu bwongo bw'abantu.

So nno ow'ebikolwa ebirungi, oyo ne bwatayogera kigambo ekitiibwa tekiirekerengaawo okulabika mu maaso ge, kubanga ebikolwa bye ebirungi binaakizimbanga buli lunaku."

Awo kyenva nziramu nti "Nga maama mulungi okukusomesa! Kale tobyerabiranga ebyo era obinywererangako." Nga tukyali awo, omukulu w'ababbi kyava atulagira okuva mu kkubo kubanga omukulu yali azze, era ne tulagibwa okuweta ku mitwe gyaffe okumussaamu ekitiibwa bwaba atutuuseeko. Ffenna twava mu kkubo ly'omukulu nga bwe twaalagibwa era ffenna amaaso gaffe gaali gamwolekedde bwe yatanula okutuuka. Buli eyaliwo yaweta ku mutwe gwe nga bwe twali twalagiddwa, naye nze bwe namala okumwetegereza saakikola kubanga yali amaze okukikola mu maaso gange bwe yantuukako. Anti teyali mulala, wabula Mbazzi. Bwe nneyongera okwekkaanya, nga n'omukuumi wange gwe nalagira okubuuka okuva mu lyato atoloke agende asabe obuyambi nga tuli naye butoola.

Awo Mbazzi nga andabye, kyeyava aweta ku mutwe gwe okunzisaamu ekitiibwa era ne tubuuzaganya, teyakoma okwo, n'aduumira bonna abasigadde bakole nga ye. Awo nze kwe kubuuza Mbazzi nti "Wano kifo ki?" Ko ye nti "Gano matwale go ssebo era oyo (eyatuwamba) gwe nalekera okukuuma ekifo kino." Ne nziramu nti "Wano wonna ng'ogasseeko n'ekirombe kya amayinja ekiri wali emmanga?" Ko ye nti "Lagira ky'oyagala kyonna olabe nga tetuukikole. Ssebo ggwe asalawo era nga bw'otulaba wano, tulinze biragiro byo." Wano we nategereera nga bulijjo we nali

mbonaabonera ng'envunza eziikiddwa mu mulambo nti ng'omusaayi tegukyawera waali wange ddala era n'abaserikale abancoccanga baali bange ddala. Kale bwe najjukira engeri gye baawembejjamu abaddu kyokka nze ne bannyimbya endubaale olw'okusuubula abaddu abo, saddamu kubuusabuusa mu nda yange. Nga byonna bitegeerekese, abaserikale abaali bakola mu kirombe baaleetebwa era ne banneesabira okufa ku kye baakola "master" wa "master" waabwe. Eyawamba Sanyu ye yali ayagala na kwesaanyawo, naye ne nnyanguwa okumujjako ekitala nga tannakyesogga. Bonna nabasonyiwa kubanga baalugera dda nti "Gunsinze aliwa bitono." Ate era "Nviiri mbi zikira ekiwalaata." Anti baatuukirizanga eky'okuwa abaddu eddembe lyabwe ery'obwebange kye nalinga njagala. Kye nagaana ,kwe kuddamu okuyisa obubi abakozi b'ebikolobero okutuusa kwekyo kye bantuusaako era ne ndabula nti aliddamu okuzannyira ku bulamu bw'omuntu ng'azannyisa emmere nate, ajja kubonerezebwa nga bwe kisaanidde.

EYANZAALA N'EYANKUZA ENSISINKANO EY'OLUBEREBERYE.

Nga mmalirizza okulabula okwo, buli omu eyali akyali mu kifo wali nga tamanyi kiddirira. Bbo abaserikale abaali bakola mu kirombe ng'olabira ddala beetegekedde kibonerezo kye nnaabawa anti "Kabwa kabbi……"

Nze nakanda kubangamba nga bwe nali mbasonyiye naye nga bbo balaba tekisoboka. So nno kulwange kyali kiwedde kubanga nakiraba mangu nga "Enge ensasulanye temala bita kyalo" ate nga baali bakyalina eby'okukola bingi n'okusinga kwebyo ebyaliwo mu kaseera ako.

Bwe nalaba tebaseguka, ne ŋŋenda mu maaso n'okubuuza omwana addemu ambuulire ebirala bye yasoma. Awo ye kwe kunziramu nti "Naye taata, ggwe tolina kye wambuulidde! Maama teyakusomesa?" Awo ne ntunuulira nnyina naye n'akola bwatyo. Nnyina kyava agamba nti "Wamma namusomesa, mubuuze atubuulire." Ko omwana "Otyo, kati taata mbuulira ggwe maama bye yakusomesa." Awo ne ndyoka ntambuza akati mu mutwe gwange okujjukira ebitonotono kwebyo bye nasoma mu kitabo ekyo ekya Abakorea, mmale nneesibe ku Sanyu okunjigiriza olulimi lw'ensi eyo, weewaawo nakoma mu kkubo ne simalaayo. Nali nno siri wakuddamu nga njagala kwekwasa, naye engeri gye nali mpalana ensonyi, ne mbimma amazzi ne bisirika anti Omuganda agamba nti "Omukono gw'ensonyi…"

Bye nasobola okujjukira era n'okutegeeza omwana bye bino.

"Obugagga obutava mu ntuuyo bwanguwa mangu okufuumulibwa ng'ebisusunku ebikubiddwa kibuyaga okuva ku nnyini bwo. Naye obugagga obukolerere ne bwe

busaanawo bumeruka buto kasita nnyini bwo takkiriza ntuuyo ze kukala.

Akuuma empisa ennungi olubeerera amagezi ge gabeera gatemagana nga zaabu lubeerera, naye akyusa empisa ze okuzifuula embi buli kirungi kye yali akoze kiryerabirwa okujjako abibi ebyereere.

Mukwano gw'omuntu omutuufu si y'oyo eyeewaayo okufumitibwa eriggwa nga mukwano gwe afumitiddwa okumulaga nti mu nnaku ne mu ssanyu banaabeeranga bonna, wabula y'oyo amalirira okukuula eriggwa okuva mu mukwano gwe n'alyefumita ye, mukwano gwe asobole okuliwona.

Akola ekikyamu ku lw'ensonga entuufu asinga akola ekituufu ku lw'ensonga enkyamu. Naye akola ekituufu ku lw'ensonga entuufu oyo alibeeranga muwanguzi buli lunaku ku nnaku ennyingi z'alimala mu nsi.

Awo omwana kyeyava aŋŋamba nti "E e, taata nga weewuunyisa, eyo essuula y'omusanvu nze yannema okukwata, kyokka ggwe n'ogikwata?" Ko nze "Anti nafuba nnyo okugiddiŋŋananga okutuusa lwe nagikwata." Ko ye "Taata kati tugende tusome oba tuzanye eby'okwegoba?" Ko nze "Ndowooza tusooke tuzanye eby'okwegoba awo bwe tukomawo ng'emitwe giwewuse tulyoke tunaabeko tusome." Ko ye "Gwe maama dduka kati nkukwate." Awo n'adduka, n'omwana n'amugoba nange ne mbagoba.

Ekiro ky'olunaku olwo olowooza neebaka? Wa! Nasula ne Sanyu nga tunyumya. Awo bwe twali tunyumya, kyeyava ambuuza nti "Naye omanyi bwe mbadde nsula seebase nga nkulowooza?" Ko nze "Nze mbadde ng'eyazaawa kati nzaawuse." Ko ye "Kati mpezezza abaana babiri

ab'okulubirira, ggwe ne Nnamige." Ko nze "Naye lwaki oyongera kulungiwa n'okusinga bwe wali nga tonnazaala?" Ko ye "Anti ekikulu ompaana nnyo onondeetera n'okwematira." Ko nze " Nedda muwala wange." Ko ye "Ani muwala wo? Nze, ssyaa, mpozzi ggwe mutabani wange." Ko nze "Ompiseemu Nnamige ate?" Ko ye "Ye ng'owoomereza eddoboozi simanyi walya ku nnyonza." Ko nze "Ennyonza?" Ko ye "Tomanyi kino ekinyonyi ekiyimba obulungi?" Ko nze "Olabika ebinyonyi ebyo by'osiibako kubanga buli lw'oyogera akaloboozi ko kanzijula omubiri gwonna ne mpulira nga sikyategeera." Ko ye "Mpulira njagala kwebaka, maama, bunaakya tunyumya!" Ko nze " Bwe bukya kibaaki?" Ko ye "Anti awo nga bakutwala okukola emirimu." Ko nze "Obeera toddemu kundaba?" Ko ye "Naye lwaki mwana ggwe toyagaliza banno?" Ne nseka naye n'aseka.

Nga bukedde, nasinziira awo wennyini mu matwale gange ne mpita olukiiko ttabamiruka era ne Lwanyisa teyalutumira mwana anti "Akiika embuga…"

Buli eyali omukungu wange mu kiseera ekyo yeetaba mu lukiiko omwali mwami Ssekitooleko (kitange), Mbazzi, Zawanvuwa, Zayimpuwa, n'abalala. Awo ne mbannyonnyola nga mbagamba anti "Ekibampisizza mwenna, kwe kuddamu okubajjukiza okulemera ku mulamwa gwaffe ogw'okulwanyisa obusuubuzi bw'addu. Nsaba ne Lwanyisa atwegatteko engeri gyazze naye simanyi oba ayagala oba tayagala. Awo n'addamu nti "Nze Lwanyisa Embeera, nsazeewo nneegatte ku muganda wange era 'master' wange okusaanyawo obusuubuzi bw'abaddu." Ko nze "K'okkirizza, awo tuli bawanguzi ate mmanyi nga tujja kuwangula lulwo ne ku lw'abalala. Anti baalugera dda nti "Eteefe….." N'addamu nti "Master ndikola ng'ekigambo kyo bwe kiri era ndiwaayo obulamu bwange ku kyo." Ng'amalirizza okwogera ebyo,

namusaba atuule kubanga yabyogera ebyo ng'afukamidde mu maaso gange.

Awo Mbazzi n'alyoka yeesala akajegere, neyeetema engalike, n'alejjana, n'atuuka n'okukuba emmeeza n'okwekanga ne twekanga ng'agamba nti "Nze njogera mu lwatu ku ngeri gye mmanyi Lwanyisa. Muntu mukyamu, talina kubeera wano era agwana nakufa. Ko nze "Owange tomanyi nga wakasanke afuuyirira bayomba, onoonya kuleeta buzibu wano?" Ko ye nti "Master oyinza okumulaba ng'eyegonzezza naye nze mmanyi nti kirimulaala yaleka engabo, tujja kugwa mu katyabaga gye bujja nga tulese omusege ogwekwese mu ndiga okwegazaanya." Ko nze "Lwanyisa yeenenya dda ebibi bye era nange namusonyiwa." Ko Lwanyisa "Bannange omuntu alabye, era ak'omunaku ke kazikiza omuliro!" Ko Mbazzi "Tujja kumwesiga wano agende atwefuulire tukifuuwe nga tukizza munda." Ko nze "Bwatwefuulira awo nga mugoba." Ko Mbazzi "Kumugoba bugobi?"

Awo Mbazzi n'atunuulira Lwanyisa n'eriiso ebbi kyokka nze ne simunenya kubanga "Nkumanyi muze takuganya kwetonda." Awo Lwanyisa kyava yeekasuka mu maaso gange n'agamba nti "Ssebo, bwe ndiddamu okukola ensobi yonna ontemangako mutwe ng'okwetonda kwange mu kiseera ekyo." Ko Mbazzi "Ogezaako kulimbalimba master?"

Ko ye "Master, nkwegayiridde nzitira wano, Mbazzi aweweere." Ko nze "Lwanyisa oli kasennya nku kaakano, zewetyabidde ze zigenda okukwokya n'olwekyo tonnenya." Awo ne ndagira Mbazzi aleete ekitala." Nga akireese, namulagira atemeko Lwanyisa omutwe agunteere ku mmeeza" Ko ye "Wa……wa……ngi…….ngi" Ko nze "Oba otidde gwe jangu omufiiririre." Awo Mbazzi n'alyoka aleeta ekitala ne Lwanyisa n'ateekawo ensingo ye.

Mbazzi yasooka n'akimuyisaako n'amala n'akiwanika amuteme. Bwe yali agenda okumutema, ne mudduumira nti "Lekeraawo." Kyenava ŋŋamba nti "Ndabye obwetowaze bwa Lwanyisa kaakano era kati atuukiridde, n'olwekyo musonyiye ate ndowooza naawe Mbazzi okyerabiddeko!" Awo Lwanyisa n'addayo n'atuula ng'amaze okunneebaza emirundi nkumu.

Nga mmaze okunnyikiza ekigambo ky'okusaanyawo obusuubuzi bw'abaddu mu bakungu bange, naduumira basajja bange okuddamu okutandika emirimu nate nga bukyali, anti bajjajja baalugera dda nti "Akajja obunaku keemanya….." Ate era "Ennyonyi enkeeze y'erya ensiriŋŋanyi." Enkeera, kitange yabukeereza nkokola okwolekera mu bugwanjuba bwa Africa okununula abaddu abaali batwalibwa Abamerica nga bwe nali namulagidde. Bwe yali kyajje asimbule eryato lye nga tannatuuka na makkati ga nnyanja eyo eye Buyindi, (Indian ocean), embuyaga ezaali ez'okulitwala zaalekeraawo okukunta. Mu kiseera ekyo eryato lyalemererwa okutambula so nga gwe mwezi empewo mwe zajjiranga, ezaavuganga amaato okugenda mu Bddugavu. Ensonga entuufu eyaviirako empewo ezo obutajja mu kiseera ekyo buli muntu yamulema okutegeera ng'oggyeeko eŋŋambo ezaayitiŋŋana mu bavubi n'abasamize mbu emisambwa gy'okumazzi gyali ginyiize olw'abamu ku bannyini gyo okutwalibwa ng'abaddu nga tebagiwadde ssaddaaka. Naye nga tewali bukakafu bwankukunala obwakakasibwa nti eŋŋambo ezo zaali ntuufu. Nga kitange asobeddwa eky'okukola, yasindika obwato obutono bubiri bukomewo e Muscart okumbuulira ekizibu ekyali kiguddewo. Wazira oba bwagwa mu nnyanja, oba nvubu ze zaalya ababaka, oba kyali kiki ekyalumba obwato obwo tewali yamanya, kubanga tebwatuka, n'ababaka be yatuma tewali yaddamu kukubwako kimunye okuva olwo na guno gujwa.

Nga kitange alindiridde okumala ennaku nga ttaano nga tewali buyambi bujja, empewo zaamala ne zijja wazira nga zikuba zidda mu bukiika ddyo. Sso nga kitange yali ayolekera bugwanjuba mu Africa ewaffe. Mu kiseera ekyo amaato agaali gaagala okudda ku luuyi olwo gaatambulirawo. Mu maato agaali gagenda ku luuyi obwo, mwe mwali n'eryato eryamufaananira obulungi ng'alowooza nti kirabika n'abantu abaalimu balungi nga lyo kubanga "Akaliba akendo okalabira ku mukonda."

Ng'alowoozezza mu ngeri eyo eyalabika ng'ewenyera era eyeetaaga okuzza obuggya, yawanika bendera esaba obuyambi osanga banaafuna ku magezi anti "Amagezi muliro…"

Olwali okuyita obuyambi bwati, eryato ne lijjirawo butereevu wamma ono n'asanyuka mpozzi nga yerabidde nti bweyinda si bwetonnya. Ng'omukulu w'eryato eryali lijja eyali Omuwalabu yeesibye enkerekejje era yeesowoddeyo busimba, yabuuza ekyali kigenda mu maaso ku lyato lya kitange ekyamutuusa n'okusaba obuyambi nga tewali lutalo lwalabawo. Awo nga kitange amubuulidde era ng'amunnyonnyodde ekkubo gye baali balaga bwe lyali lizzeemu emisanvu, era nga bwe baali beetaaga obuyambi, Omuwalabu yamulagira kusuula byakulwanyisa bye kubanga "Abalirira ekigula enkumbi tawa munne ssooli ddene." Nga kitange amaze okutunula ng'owempujjo akongojja omumbejja namaalwa, yasuula ekitala kye era n'alagira n'abalenzi be basuule ebyabwe kubanga "Eŋŋombo ekwata omukulu tereka baganzi." Ate era "Awagwa ekku tewabula bulondererwa."

Nga bamaze okubisuula wansi, Omuwalabu oyo yalagira bikuŋŋaanyizibwe era bireetebwe mu lyato lye ekyatiisa ennyo kitange okufaananako ng'omwana omuwala agudde ku

mpologoma mu kifo w'abadde asuubira kitaawe! Nga bikuŋŋaanyiziddwa, abalenzi ba kitange baasibwa emikono n'amagulu ne basuulibwa mu kisenge ky'abaddu ku lyato lya Omuwalabu oyo. Kitange yatuuzibwa n'omukulu mu lyato eryo ne bavaawo okweyongerayo. Anti baalugera dda nti "Abagagga n'abagagga baagalana ebirevu bireka ebisige ebiri okumpi ne bikwatagana n'enviiri eziri ewala." Eryato lya kitange baaleka awo ttayo nga temuli kantu n'akamu ne beeyongerayo.

Nga batambulidde ddala okumala akaseera, empewo zaatandika okutambuza erato nga ziryolekeza ku luuyi lwe buvanjuba kitange gye yali yandeka ku kitebe e Muscart. Kitange nga akitegedde, yagamba mu mwoyo gwe nti "Ndi nawolovu sifiira ku bbala limu." Awo kyeyava asowola ekitala okuva mu kiraato kyakyo eky'omukulu oyo Omuwalabu kasirise. Mu bwangu obutawulirwa na lutemya lwa liiso nyamuwambirawo. Ng'amaze okukimussa ku bulago, yalagira abalenzi be basuule eby'okulwanyisa byabwe nga bwe yali yakoleddwa gye buvuddeko. Era abaalugera baalutuusa nti "Okalya dda kadda dda envunyu ogiriira mu katiko nayo n'ekusanga mu ttaka."

Nga okuwamba bannyini lyato, yabalagira basumulule basajja be ng'akyaseka. Tebaalwa ne babasumulula. Nga basumuluddwa, baakwata eby'okulwanyisa bya bano ne babyezza ate bannyini lyato ne bassibwa mu kisenge ky'abaddu nga n'eyali abakulira bali naye. Bwe baali baserengeza Omuwalabu mu kisenge ky'abaddu ne basajja be, yagezaako okutiisatiisa osanga anaasonnyiyibwa naye nga buteerere.

Bwe baali banaatera okutuuka ku mwalo gwe Muscart era nga kitange essanyu limutta nga mwokyi wa gonja, waliwo

amaato abiri agaaboolekera. Kitange nga yeebuzizza omu ku balenzi be kubanga obuteebuza bwatambuza amazzi ekiro ku kye banaakola, omulenzi yamutegeerezawo nga bwe yali yeekengedde. Amaato ago abiri bwe gaali ganaatera okutuuka kumpi n'eryato lye baalimu, kitange kyeyava aduumira abalenzi be bagakube ensaale ezaaka omuliro. Wabula bwe baali bagenda okukikola, omukulu Omuwalabu kyava ayima gye yasibirwa nayogera n'eddoboozi ddene nti "Mulinde". Awo nabuuza nti "Maato gegatulumbye?" Ko omu ku bakuumi nti "Ye bwe kiri." Ko ye "Erimu lya mmere n'eddala ly'abantu?" Ko omukuumi "Otegedde otya?" Ko ye "Temukuba, abo bantu bange waakiri muwambe bawambe." Awo kitange ng'abitegedde era ng'ajjukidde nti yali ku lyato lya muwambe, yajjayo Omuwalabu oyo n'amuteeka awalabika ng'enkoko enjeru okubayimiriza bwe kiba nga ddala kye yali ayogera kyali kituufu. Ng'abali ku maato gali bamutegedde, kyebava bamukowoola nti "Master oli bulungi?" N'addamu nti "Ndi mirembe." Awo ng'amaze okwogera ebigambo ebizzaamu essuubi n'embeera ennungi gye yalimu mu kaseera ako ebyali eby'ekikwangala era ebirwadde, abajja n'amaato ago baamuwaanira nga bwe baali batuukirizza ekiragiro kye eky'okumuletera emmere n'ebintu ebirala. Okuva ku ssaawa eyo, amaato gonna asatu gaafuuka ga kitange era bwatyo bwe yakomawo n'obuwanguzi.

Bwe namubuuza okundaga abaddu, yaŋŋamba nti "Mu maato gonna temubadde baddu okuggyako omukulu Omuwalabu n'abakuumi be be bokka. Awo kyenva mubuuza nti "Waliwo ekikyamu mwami Sskitooleko?" Ko ye nti "Simanyidde ddala master." Ko nze nti "Bandeetere mbalabe. Kyenva mbayitaayitamu bonna. Awo ne mmubuuza nti "Ng'omukulu w'amaato yennyini tomundaze?" Ko ye nti "Master oli talina makulu kubanga Muwalabu,ate era agwana kutwalibwa wa Mbazzi akole mu kirombe eri wansi." Ko nze "Naawe

okyayagala okuwoolera eggwanga ggwe omusajja omukulu? Ko ye nti "Nsonyiwa master." Awo ne bamuleeta nga byakubiddwa yenna! Kitalo butalo. Kazzi twemanyi. Kyenava nsanyuka okumulaba era ne mugwa mu kifuba. Bwe tutyo ffembi ne tukaaba amaziga ag'essanyu buli omu mu kifuba kya munne kubanga twali tuludde okulabagana ate nga mu biseera eby'emabega omukwano gwali gutusaza mu kabu enswa nnene. Munywanyi wange oyo teyali mulala, wabula omukuza wange era omutendesi wange awa martial arts, omukulu Ibrahim.

MMALIRIRA OKUSAANYAWO OBUSUUBUZI BW'ABADDU

Nga nnyanjulidde basajja bange "Master" wange, omukulu Ibrahim, Mbazzi yategeka empaka z'okumeggana ze yatuuma "Yimirira ondabe" ng'okumwaniriza mu ssanyu eringi. Nga tumaliriza eky'emisana era nga tugenderera mu budde obw'eggandaalo, awo embwa we zibuuliza kkapa oba ng'eriyo eggumba lye baasudde nga tebagenderedde, abalenzi baatandika okwewandiisa ewa Mbazzi buli omu gwanaameggana naye. Ng'emmere emaze okukka mu lubuto era nga n'ebyebajjagalo bifumwa bufumwa, awo nga tugenderera mu ssaawa kkumi n'emu e'zakawungeezi, ekigwo "Yimirira ondabye" kyatandika mu butongole awatali kulinza. Ng'abalenzi abasinga bamegganye era nga ekigo kinaatera okufundikira, Mbazzi yavaayo naye afune gw'anaameggana naye. Yasituka n'ayogera mu ddoboozi eriwulikika nti "Njagala omuntu ajje wano tumeggane, bwampangula, mmuwa embalaasi bbiri, ettu ly'ensimbi n'akaso kange aka zaabu." Awo buli omu n'atunuulira munne oba ng'anagendayo naye neeteba yetantala musajja. Anti

“Atatya musajja munne….”! Mu kiseera ekyo Mbazzi kyeyava agamba nti “Yii, nga muli banafu mwenna! Ne wabulayo n’omu ajja waakiri okungezaako!” Bwe yalaba tewali ayogera, kwe kuyita nti “Master nga tonyega, baako kyoyogera. Oba otidde ekyo nakyo kyogere...” Ko Lwanyisa “Bunira mangu ggwe atawa master kitiibwa. Wamma master musonyiwe akyali mwana muto.” Ko nze “Nedda tomuvuvuba, leka mmeggane naye. Awo ne nsituka ne mmutuukako. Nga mmutuuseeko, yaŋŋamba nti “Naye nze nnina kye ntaddewo ng’omusingo okusasula oyo anammegga. Gwe otaddewo ki master?” Ko nze “Nze ntaddewo ekitala kyange ekya zaabu n’engabo yange eya feeza mukulu Ssekitooleko bye yankolera.” Awo Ssekitooleko n’atunula ng’omuwuulu asiriizizza entamu naye nga tewali kyakukola kubanga nail nasazeewo dda. Bwe tutyo ne tulyoka tutandika okumeggana. Awo nno enkalu ne ziryoka zinoonya obukongovvule ggwe wamma ne butwefuuka. Bwe twali tumeggana, Mbazzi n’annyonyoogera mu mbiriizi n’enseka. Olwali okuseka nti, Mbazzi n’antega ne ngwa kyabugazi awatali na kubuuza. Awo kyennava ŋŋamba nti “Ssekitooleko, ojja kunkolerayo ebirala.” Awo bonna ne bansekerera nnyo kyokka nange ne nseka. Ko Lwanyisa “Ssekitoleko olunaddako bwoba okolera master omukoleranga bya biti.” Bonna ne baseka nnyo. Ko Zayimpiwa “Wamma bya ttosi” Ne tweyongera okuseka. Ko Zawanvuwa, “Nedda, yeetaaga bikole mu ŋŋaano.” Ne tulyoka tuseka ne tugwa eri. Awo Ibrahim n’agamba Ssekitooleko nti “Kale omwana ono, nga mukulembeze mulungi! Talaga na basajja be bukambwe okujjako ekisa ekitiiriika obutiiriisi ng’omubisi gw’enjuki! Ddala ddala alikomya obusuubuzi bwa baddu.” Ko Ssekitooleko “Bw’oyogera ekyo nkuwulira kubanga nze namulabirawo ku lunaku lwe nasooka okumulaba nga mumalirivu,

teyeerowozaako ate musaasizi era kyova olaba nga akwata bulungi basajja be, mu butuufu tewali kirimulemerera kuwangula mu nsi, nze nzikiriza." Ebyo nno mukulu Ssekitooleko ye yabinnyumiza oluvannyuma ddala nga mmaze okutegeera nti ye kitange.

Nga bukedde, nakwasa Ibrahim ne Lwanyisa obuyinza obw'okuwa ebiragiro kubanga lwe lunaku lwe nali nassaawo okusiibanga n'abomumaka gange. Akalasamayanzi nga katuuse mu budde awo abato we bootera akasana nga bakatunuuliizza enkoona z'emitwe gyabwe n'abandi amafolooma gaabwe, Nnamige yatufulumya okuva mu nju nze ne Sanyu okuzannya naye! Nga tutuuse ebweru, Nnamige kyeyava aŋŋamba nti "Taata, kuba engalo, nze nkuyimbire." Awo ne ntandika okuzikuba, naye n'ayimba. Twali tuli awo, nga Mbazzi zimuleese. Ko omwana "Taata, y'ono gwe nawulidde eyakumezze eggulo?" Ko nze "Ani eyakugambye?" Ko ye "Nawulidde nga maama abinyumya ne mukulu Ssekitooleko." Ko nze "Twabadde tuzannya nga luli bwe nazannya naawe n'ongoba n'onkwata." Ko Mbazzi "Wamma nze eyamumezze." Ko omwana "Kale ssinga nabaddewo ne nkutaasa, lwaki tewampise?" Ko nze "Anti wabadde weebase." Ko ye nti "Oluddako olina okumpita nkutaase, owulidde taata?" Ko nze "Nja kukuyita wabula ontaase!" Awo Mbazzi n'aseka n'okutuula n'atuula ng'akyaseka. Bwe twamala ne tugenda ne Mbazzi. Nga ntuuse ku kizimbe ekikulu kye naweerangamu ebiragiro, natuuka Ibrahim ne Lwanyisa bayomba oluyomba si lwakuno. Naye ne mbayimiriza ne biggwa. Awo ne ntuuza ttabamiruka nate. Ne ndyoka mbagamba nga bwe nali nfunye ekirowoozo nga mbagamba nti;

"Olubiri nnina, amatwale nnina, amagye nnina, eby'okulwanyisa nnina, naye sibikozesa okujjako okutuula

awo obutuuzi nga nneerimba mbu nnwanira ku mazzi." Awo bo ne bambuuza nti "Kiki kyotegeeza master?" Ko nze "Abasuubuzi bali eri ewaffe batabaala nga bwe baaagala kyokka nze ndiwano? Mu butuufu nedda! Ke kaseera tuve mu galigwa ne nsiga ng'enkuba ejja n'ettaka, tuwanyise obusuubuzi bw'abaddu. Njagala ntume omuntu, agende ewaffe wennyini mu Bwakabaka, anoonye Kabaka era amusabe atwegatteko okulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu ewaffe." Ko bo nti "Tujja kukola ng'ekiragiro kyo bwe kiri master." Ko nze "Kaakano ntume ani?" Awo Mbazzi n'awanika omukono era n'ambuulira nga bwamanyiiyo. Nga mmaze okukasa nti amanyiiyo, namusindika agende okukola omulimu. Nga ndagidde Mbazzi okutwala amagye alabe ng'atondawo enkolagana wakati wange ne Kabaka, Lwanyisa ensonga eyo yagirinnyamu eggere. Yagamba nti "Master onansonyiwa, naye nze sikiriziganyizza na kiteeso kya kuvaayo bulambalamba kulwanyisa busuubuzi bw'abaddu. Abasuubuzi b'abaddu bangi era bawera kubanga mulimu Aabachaina, Abazungu, Abameedi ne Abaperusi, Abawalabu betumanyi obulungi, n'abalala. Nze ŋŋamba amawanga ago gonna tetusobola kugawangula mulundi gumu master." Ko nze "Nditwala bingi teyatuuka ate n'ezikookolima gaali magi, n'olwekyo njakukola kyonna ekisoboka awatali kulemwa kwonna, okutuusa lwe ndimalirawo ddala, era n'enjera olujja ne lutukula bulungi nnyo, nga sifuddeyo njeze ntya okutuusa obusuubuzi bw'abaddu lwe buliggwaawo." Ne nnyongerako nti "Newankubadde ng'amawanga mmanyi mangi bwe gatyo, era okugalwanyisa kubeera kugezaako kwesuula mu bunnya obutakoma, nze nja kulwana okutuusa ku nkomerero kubanga enkumbi okubula, ewa munafu mpoza nze kye ssisobola kukkiriza." Olw'okuba eŋŋombo ekwata omukulu tereka muganzi, twagenda mu maaso n'enteekateeka nga tewali awuunye nate. Awo Mbazzi n'ateekateeka basajjabe na buli

kyetaagisa okugenda nga bwe kyali kimugwanidde okukola. Yagenda n'amaato asatu gokka, naye we yatuukira, ng'awezezza mukaaga mulambirira n'abaddu nkuyanja. Nga wayise ennaku amakumi abiri, yatuuka mu Buganda. Mu biseera ebyo Ssekabaka Ssuuna ow'okubiri ye yali ku nnamulondo era n'ekibuga kye kyali kiyitibwa Wamala. Ng'akozesezza abakessi be, Mbazzi yategeera olubiri lwa Kabaka gye lwali lusangibwa. Ng'antegedde bulungi nnyo olunaku kabaka lwe yali agenda okusiiba n'okumalirako mu lubiri nga tatambudde oba okulufuluma, yasindika kapiteeni we amutwalire abaddu ebikumi bina abaali banunuddwa okumukakasa ekiruubirirwa ekirungi kye yali nakyo. Kapiteeni ng'atuuseeyo, yabuulira abambowa ba kabaka ne katikkiro bye yali yeetaaga era bwatyo n'abawa n'abaddu ebikumi ebina, be yali aleese okulaga nti kyeyaliko yali akitegeeza mu kiseera ekyo. Nga Kabaka abitegeddeko, yamusindika nate addeyo aleete omukulu yennyini eyali amutumye era eyali yakuliddemu mu kununula abaddu. Munnange siikulwiiseyo, ng'addayo abuulira Mbazzi. Mu kaseera mpa wekaaga Mbazzi yali yatuuse dda okusisinkana Maasomoogi.

Ng'atuuse mu lubiri, yagendera ddala ewa Kabaka wennyini okutegeeza ensonga nga bwe zaali. Ng'atuuseyo, Kabaka yamubuuza ensonga enkulu era ne lwaki yafuddeyo nnyo n'okwagala okusaba obuyambi bwa Kabaka. Ng'amaze okulanya n'okutuukiriza obulombolombo bwonna mu maaso ga kabaka, Mbazzi yagamba bwati nti, "Ayi Ssabasajja Kabaka, omuddu wo abadde abeera Buwalabu nga gyeyasimba amakanda, era bwatyo abadde nga anunula abaddu abaddugavu mu bitundu eby'enjawulo awatali kusosola mu mawanga, lulimi oba kyonna eky'okwekwasa. Omuddu wo kaakano ayi Beene, alina amagye, ebikozesebwa era n'obusobozi naye okusinga ennyo, omwoyo omusaasizi

era ogwagala abantu ba Kabaka, babeere mu mirembe awatali kugulwa na nsimbi nga ngoyeza silika oba eby'okulya. Ayi Ssabasajja, abaddu baalabye be batono ennyo kwabo abaanunuddwa mmale nve e buwalabu okujja wano. Nsaba ayi Beene, asiime okwegatta ku muddu we okusobola okununula abantu ba Kabaka okuva mu buddu, olwo ensi ya Kabaka yeeyongere okukulaakulana n'abantu, bwetyo egende mu maaso ku lw'ekitiibwa kya Buganda ekitafa. Ayi Beene singa akkiriza okwegatta ku muddu we, ajja kufuba okulaba ng'akwataganya bantu bannaffe, okuva mu bwakabaka obwetoolodde obwakabaka buno, olwo twegatte okukola ekitole tusoboble okugoba buli mugwira ajja okusuubula abantu ba Kabaka, ng'abatwala okubatikka emirimu emizito, n'okutulugunyizibwa okwa buli ngeri. Ayi Ssabajjajja, nsaba Kabaka asiime, era akkirize okusaba kw'omuddu we okw'obwetowaze okusobola okukuza ensi yaffe buli lunaku."

Bino Mbazzi yabyogera ng'akakasa mu mutima gwe nti Kabaka yali wa kubikkiriza kubanga yali yalabye ne ku baddu abaali baanunuddwa mpozzi nga yeerabidde olugero olugamba nti "Mazzi masabe tegamala nnyonta." Bye bino ebigambo Kabaka bye yamuddamu. "Weebale ssebo okununula abaddu bendabye era okoze omulimu gwa ttendo. Nga bw'oyogedde, njagala abantu bange babeere mu mirembe era nga tebeemoolerwako muntu mulala yenna. N'olwekyo, eyo y'ensonga yennyini lwaki njagala obusuubuzi bw'abaddu bugende mu maaso. Abaddu be wanunula bennyini bebo be nabadde ntunze mu nnaku eziyise era kye wakoze okubanunula tekinsanyusizza n'akamu osaana na kubonerezebwa. Waliwo abantu b'eggwanga erisangibwa eyo mu mambuka abajja wano, ne batulumba, ne batwala abantu bange abasinga ne babatunda mu buddu, ekyakosa ennyo obwakabaka bwange! Nga nfunye omukisa, nazzaayo omuliro nsobole okuzzaawo ekitiibwa ky'ensi yange n'obwakabaka

bwange nga mpamba n'okutunda abantu baabwe ng'abaddu. Mbadde nkoze ekintu ekisanyasizza abantu bange era nga banneenyumiririzzaamu kyokka ate laba ggwe bw'ondeetera abalabe mbu obanunudde! Kaŋŋambe nti nzikirizza ekiteeso kyo, olowooza obwakabaka bwonna busobola okwegatta ne tukuba abagwira abo ate nga tulwanagana ffekka na ffekka okufuna abaddu ba tunaatunda? Kale era tugambe obwakabaka bukwataganye era bwegasse wamu okulwanirira abantu baffe nga tulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu, olowooza ffe abalwanyisa amafumu, engabo n'emmuli tusobola okuwangula ab'emmundu? Omanyi bulungi nti omulwanyi w'emmundu omu asobola okutta ab'amafumu kikumi, so ng'oyo alina effumu erimu okukwasa omulabe omu, abeera mukugu ddala nga n'oluusi Balubaale baamutambuliddeko ku olwo."

Awo kyeyava alagira abambowa bamukwate bamutwale okusibwa mu mbuzi ekogga ekyaggya Mbazzi enviiri ku mutwe n'amaziina ne gatuuka n'okumuligita. Teyakoma okwo, n'ayongerako nti "Abaddu abaaleteddwa mubazzeeyo ku katale mufube okulaba nga abaguzi babatwala mu bwangu ddala si kuba nga be twasoose okuguza batugumbamu obwala nga abali b'enkwe." Mbazzi ekyo olwakiwulira n'ayita nti "Ayi Kabaka…." Ko Kabaka "Nkusaasidde lwakuba oli mugenyi kaakano, naye okundaba mu kamwa ekyo sitera kukisonyiwa." Awo abambowa ne batwala Mbazzi mu kkomera nga anakuwadde. Bwe yali kyajje atuuke mu kkomera, nga kapiteeni we n'abakuumi be beyali yazze nabo baleeteddwa. Eky'omukisa, eggye lye yali yalese ebweru mu ligo lyali terimanyikiddwako buva na buddo. Awo nga Mbazzi ali mu kkomera, omu ku ba kapiteeni be yali yazze nabo era naasibwa nabo kyeyava aleekana nti "Kale waliwo n'omuddu ku be twanunudde eyaŋŋambye nti mutabani we mumbowa mu lubiri luno. Omulala yaŋŋambye nti alina

oluganda ku Mayumba kkumi ate omulala muzzukkulu we omubereberye mumbowa wano, kale lwaki mutusiba nga tulina ne bazadde bammwe?" Awo n'ayogera n'ebigambo ebirala bingi ebifaananako bwe bityo. Mu kiseera ekyo abamu ku bambowa kyebava bakwatibwako ebigambo ebyo, ne bajja okubuuza Mbazzi oba bye baali bawulidde byali bituufu. Kapiteeni oli eyali kamwa ntette n'alyoka afukumula oluseregende lw'ebigambo olutaggwawo. Ng'amaze okubabuulira buli kye baali baagala okumanya ng'ebimu kubyo abiwanzeeko bulungi omutwe n'amagulu n'ebigyaako bulungi, abambowa babiri ku bajja okubuuza baalengerera wala ne basalawo babatolose. Nga bamaliridde okubatolosa, Mbazzi yagaana okutoloka wabula n'abasaba bagende bategeeze ku ggye lye ebyali bibatuuseeko ku lunaku olwo. Yabasaba ng'abagamba nti "Naye mugambe kapiteeni Zawanvuwa gwe nalekedde eggye aleme kulumba, wabula asindike omubaka ewa master Lubaale ye afune eky'okukola." Eky'omukisa abambowa baatuukiriza kye baasuubiza. Munnange nga wayiseewo ennaku, amawulire gantuukako. Mu bwangu obutamanyi kubuuka kwa nsowera ng'eva ku kisenge singa omuntu agezaako okugittirako, nali nayise dda abakungu bange okutuula tuteese eky'okukola. Nga tuli mu kuteesa, Lwanyisa yayogera ebigambo ebimalamu amaanyi okulaga nti obutatwala kulabula kwe kye kyali kireese ebizibu ebyo byonna, mpozzi nga yeerabidde okufa kw'abazadde be abasuubuzi b'abaddu be baatirimbula Naye anti era baalugera dda nti "Akivaamu y'akiyita ekyato." Namala ne mmuzza ku mugendo lwakuba yanteganya nnyo ng'ente etomera nnyiniyo ng'aginunula okuva mu mannyo g'empologoma. Mu lukiiko olwo, twakkiriziganya nti nze, Lwanyisa, n'abalala bonna twolekere okukola omulimu mu Buganda ng'oggyeeko Ibrahim eyalina okusigala nga addukanya amatwale gange e Muscart ekye Buwalabu.

Lwanyisa ekyo kyamusanyusa nnyo okuleka Ibrahim emabega naye ate nze sassaayo mwoyo kubanga ebirowoozo byonna byali wa Mbazzi gyetwali tunaatera okulaga. Nga nteekateeka okuva e Buwalabu, Ibrahim yampa olupapula oluyitibwa maapu okwali endagiriro ya buli ttwale lyange, amakubo agaali gatuukayo, olubiri lwange n'ebifo byange ebirala mpozzi n'ebiriraanyewo. Maapu lwe lupapula olubeerako obubonero obulaga amakubo, ensozi n'ebintu ebirala. Omuntu bwaba tamanyi kifo mwali wabula ng'alina maapu yaakyo, abeera asobola okutegeera gyava, gyali ne gy'alaga ng'akozesa obubonero obubeera ku maapu. Nga Ibrahim amalirizza okunkwasa maapu eyo, nagenda ate okusiibula Sanyu ne Nnamige nga sinnayolekera. Mba ŋŋenda eka gye nasuubira nti gyeyali, kyenva mpulira ampita okuva emabega wange nti "Katimba…" Nze ne nneekanga naye ne nziramu nga atalina ky'abadde nti "Wangi mukwano." Awo n'ajja n'antuukako n'ambuuza nti "Ogambye ogenda?" Ko nze "Nnina okugenda munnange." Ko ye "Kati mbu otulekawo?" Ko nze "Ndibanona nga nteredde totya." Awo n'angwa mu kifuba n'aŋŋamba nti "Nze tosobola kundeka wano n'olowooza nti nnaabeera mirembe." Ko nze "Ate kiki mukwano?" Ko ye nti "Mukwano ki ng'ondekawo." Ko nze "Naawe" Ko ye "Nze mpulira ŋŋenda na kufa kubanga n'oguyumba ngutya, naawe tugende ffena!" Ko nze "Ate nnaakola ki nga nnyini bulamu bwange alagide, tugende ffenna." Ko ye nti "Awo nno otandise okwogera." Ko nze "Luli mbadde soogera?" Ko ye "Luli obadde anti oyogera mpola kati oyogera bulungi nnyo." Kye nva nseka. Ko ye "Nsitulaako naawe nga luli, kyokka tokyasitula na banno." Ko nze "Ate olwo Nnamige." Ko ye "Mpozzi waali?" Awo n'enseka naye n'aseka.

KABAKA ANNEEGATTAKO OKULWANYISA OBUSUUBUZI BW'ABADDU

Mu kugenda, nali njagala ŋŋende okutuukayo nga nfunyeeyo waakiri amaato ana. Nagezaako okunoonya ku maato, naye olowooza nga galabika? Wa! Bweeba mboozi, gaali nga agali mu lusirika olusumagiza n'emmese eyakyadde mu lubiri lwa kkapa nga temanyiridde. Awo bwe nalaba nga nja kutegana nnyo, so nga ne munywanyi wange ali mu buzibu mu kaseera ako, ekirowoozo ky'okuwamba amaato n'ensooka nkisiba ku nkondo ng'embuzi ku mufene ne nsalawo ŋŋende mu maaso n'okutaasa Mbazzi ng'obudde tebunnayita, anti naawe omanyi akabi nga bwe kali mu kulwa . Twatuuka bulungi nga tetufunye buzibu bwonna Ddunda yeebale. Naye okutuuka ku lubiri, ng'olutalo oluli wali! Kika buka. Nategeera luvanyuma nti amagye ga Mbazzi bwe gaalaba situuka, ate nga baali bateebereza nti mukama waabwe ayinza okuttibwa, baasalawo banyoome ekiragiro kya mukama waabwe ku lw'obulungi bw'obulamu bwe bagende bamutaase. Baakolagana n'abambowa bali ababiri okufuna buli ggulire eriba lifudde mu lubiri era bwe batyo tekyabazibuwalira kulumba. Nga balumbye olubiri, baatta buli mumbowa eyagezaako okubazibira ekkubo era buli eyagezaako okubayimiriza yasasula na bulamu bwe. Mirambo mingi egyagwa era bangi abaafuna amabwa amanene ng'ojjeko ebisago ebyali tebisaana kulabwa na maaso ebyabatuusibwako. Ebitaba by'omusaayi ebyali biregamye kyenkana buli awaali engeri y'akannya mu lujja lw'olubiri byali bingi ddala. Era emiranga gyawulirwa mu nsonda ez'enjawulo ez'ekkomera, okutuusa Mbazzi lwe yava mu kkomera olwo ne walyoka wabaawo ku buweerero. Bwe yali yaakatonnya ebweru w'ekkomera, Mbazzi kyeyava afuuwa ekiwa ng'akizza munda n'agamba nti "Mu butuufu olunaayokya ennyumba lulaga Nnamunye ekkubo! Yii omuntu awonye ekisiraani ky'ekkomera! Ddunda

weebale ku ky'onkoledde olwaleero." Abalwanyi ba Mbazzi nga balulinnyeeko kubanga ne Kabaka yali takyali mu lubiri, Mbazzi yalagira baamusibiramubbwa be okufuluma olubiri banoonye Kabaka ggyeyali. Kazzi obuwanguzi bw'olutalo mu myagaanya gyengalo ze tebuliimu nga bwe yali alowooza. Awo bonna ne badduka bafulume ng'ekiragiro kya mukama waabwe bwe kyali. Kyokka bwe baali bafuluma bwebati, abambowa b'olubiri abaali baasiisidde edda okubeetoolola nga tebamanyi kyebava bakoleeza emimuli gyabwe ekyabunya baamusibiramubbwa ba Mbazzi emiwabo.

Mu kaseera ako kennyini, nange nali natuuse era nga nalagidde dda abasirikale bange okulinnya emiti egyali gyasimbibwa okwetooloola ekisaakaate ky'olubiri tubawambe nga tebalina gye balaga. Awo omukulu w'ambowa kyeyava ayogera mu ddoboozi eddene nti "Mubakube abo obusaale awatali busaasizi bwonna newankubadde ekisa, asinga okutta abangi ajja kuweebwa kyayagala kyonna.". Omumbowa oyo bwe yali tannamalayo kiragiro kye, kyenva nkowoola mu ddoboozi eddene nti "Mulekeraawo." Awo ne nduumira amagye gange ne bakoleeza emimuli okutegeerekeka nti twali twazze. Abambowa baagenda okutwetegereza, nga tetulina busaale newankubadde amafumu wabula emmundu. Nali nasazeewo ntwale emmundu bwe kiba nga kitegeeza kutaasa Mbazzi, weewaawo tetwazikozesanga nnyo olw'obuseere n'obutalabika bw'amasasi mu biro ebyo. Okumanya abambowa baali batya emmundu, nakubayo limu mu bbanga nga bonna bali kuttaka bafukamidde. Awo mu kiseera ekyo kyennyini we natumira omu ku balenzi bange ategeeze Mbazzi obutalaga nti yali ammanyi. Omukulu w'abambowa kyeyava abuuza nti "Gwe ani, era okola ki?" Nze ne nziramu nti " Kyendi siikikubuulire kati naye kankubuulire kyenkola.Wano mu Buganda bwe tuwamba omuntu atakyeyinza era atasobola kwerwanako, tetumutta

kubanga ekyo kikolwa kya butiitiizi ate kya butemu. Wabula kye tukola kwe kusiba omuntu oyo mu kkomera, olwo Musisi, Ssaabataka, Musota, Beene, Ffumuerizannyiramubwengula n'asalawo ekirina okukolerwa omuntu oyo abeera yawambiddwa. Kati ggwe ssebo olagira otya abambowa okutta abasajja abo abali mu ngalo zo nga baasudde n'eby'okulwanyisa byabwe?" Abambowa kyebava batandika okuyomba kimugunyu. Ko nze "Ggwe ssebo akulira tolowooza nti simanyi Kabaka gyali kaakano, mmanyiiyo era nsobola okumubuulira ku kino kyendaba. Naye nze saagala kulumya muntu yenna, n'olwekyo si basaba naye mbalagira, muzze abasibe abo mu kkomera, mubakuume baleme kutoloka ate temubakola kikyamu kyonna kubanga ssinga nkomawo enkya ne nsanga nga mulina kye mubakoze, mwenna mujja kufa kubanga ne Kabaka tayagala bambowa batiitiizi era abatemu okumukuuma. Nze kaŋŋende n'akomawo enkya ne mbannyonnyola nze ani." Ebyo nabyogera sisalikako musale era ng'okumpita mu maaso mu kaseera ako, oba olina kyoyagala okwereetera ekitali kirungi. Ekyandekesaayo Mbazzi mu lubiri ne ssimutwala kwe kwagala okukwatagana ne Kabaka nga nneefuula nga atamanyi Mbazzi. Anti nalowooza nga ssinga ndaga enkwatagana yange ne Mbazzi, nali ssijjakusonnyiyibwa ku baserikale ba Mbazzi kye baakola abambowa b'olubiri be baaseesa ng'obulo. Nga mmaze okwogera ebigambo ebyo, nalagira amaggye gange ne tuvaawo naye nga ndeseewo abakessi abaali bambadde ng'abambowa mu lubiri okukuuma Mbazzi ne basajja be.

Nga tutuuse mu weema gye twali ab'okusulamu eyali yazimbibwa Mbazzi, nayita basajja bange bonna nga n'aba Mbazzi mw'obatwalidde ekiro ekyo tukuŋŋaane njogere nabo ku nteekateeka nga bwe yali ey'okubeera enkeera. Bwe nali nkyayogera, omu ku bakessi bange kyava ajja n'antegeeza

ng'omukungu gwe nali namutumye bwe yali azze. Okujja kw'omukungu oyo kwaddirira okuba ng'eggulo limu, nali nneekengedde okufuna obuzibu ssinga nali sikwataganye ne Kabaka. Kye nakola, natuma omukessi wange agende, anoonyereze omukungu yenna kasita aba nga akwatagana n'olubiri lwa Buganda, tamukozese okunjogererayo ewa Kabaka, olwo nnyanguyirwe okumutegeeza ku kye nali ndowooza eky'okununula abaddu awamu n'okununula Mbazzi oluvannyuma. Waliwo omukungu gwe baalagirira omukessi wange era bwatyo n'ayoleka okugenda ewuwe. Bwe yatuuka ew'omukungu oyo, yamunnyonnyola ku kigambo ky'okulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu nga bwe nali namutuma. Omukungu oyo yagaana okuwuliriza ng'akitegedde nti Kabaka yali teyawulirizza. Omukessi wange kye yakola yasuubiza omukungu oyo ensimbi, engoye eza silica, n'ebirala bingi, era nga yali wa kukuba nnoga kaalanga kasita akola kye tumugambye. Olwali okuwulira ku nsimbi n'engoye za silica, yabuulizaawo nti "Lagira, kati nkole ntya?" Awo omukessi kyeyava amundeetera ekiro ekyo mmubuulire eky'okukola. Nga atuuse mu weema zaffe, namubuulira enteekateeka nga bwe zaali era ne kyeyalina okukola mu kaseera ako. Ng'ategeeredde ddala kye yali alina okukola, namusiibula okudda ewuwe awummule mu kiro ekyo.

Enkeera, eŋŋoma saagala agalamidde ne ggwanga mujje ze zaawulirwa mu lubiri. Nakwata ekkubo ne basajja bange abatonotono ne twegatta ku bantu b'omukitundu okugenda okutereeza olubiri. Twasiiba tuyonja n'okutereeza ebyali byayonooneddwa mu lutalo mpozzi n'okujjanjaba abambowa abaali baafunye ebisago mu kulwanagana. Enkeera w'olunaku olwo, omukungu oyo gwe twali twafunye yantwala ewa Kabaka okunnyanjula mu butongole. Yannyanjulayo ng'omuntu eyamulinako oluganda era n'ampaana nnyo nnyini

mu maaso ga Kabaka. Omukungu oyo yali ayitibwa Bansekereranga era ono alina kinene kye yakyusa ku bulamu bwange ekirungi ddala mu nnaku ezaddako. Awo ng'amaze okwogera kwe okwali okulamu era okutaaliko bbala, Kabaka yalagira nange nneeyogereko awulire ku ddoboozi lyange. Mu kiseera ekyo nalowooza eky'okwogera ne kimbula. Nalowoozaamu okwogera amazima nga ndaba bizibu. Ne njagala nnimbe naye ate ng'okulimba kuyinza okunfuukira eriggwa lye ssirisobola kwekuula mu mutima gwange obulamu bwange bwonna obw'okunsi. Kweggamba nasoberwa. Naye bwe nali nkyali mu lutalo lw'ebirowoozo olwo, kyenva nzijukira ebigambo mutabani wange bye yantontomera Sanyu bye yali yamusomesa okuva mu kitabo kya Abakorea nga mmusitudde nti "Omulimba ne bwagwa mu kinnya n'akuba enduulu tewali amusaasira kumujjayo kubanga ne bwasaba obuyambi abantu babeera balowooza nga alimba bulimbi." Kasita najjukira ebigambo ebyo, ne nsalawo njogere amazima. Nayogera byonna ebyali binkwatako nga sitidde era ne mpolereza ne Mbazzi awamu ne basajja be. Ate mwattu namala ne nejjusa nti kale ssinga oba saalekayo Mbazzi! Anti kye nali njagala okukweka nakyeyogerera nze mwennyini nti Mbazzi mumanyi. Naye owa, nali sikyalina kya kuzza! Era abaalugera baalutuusa nti "N'omugezi awubwa amatu tegawulira vvumbe." Awo bwe nali mpolereza Mbazzi, Bansekereranga kyava aŋŋamba nga ne Kabaka awulira nti "Mwanange ebyo bijjakukussa lekeraawo." Ko nze "Mu kifo ky'okubeerawo nga nnimba waakiri ka nfe nga njogedde amazima." Ko Kabaka "Mwateesezza n'omusibe oli gwe nasalidde ogw'okufa, oba mwanteze kakodyo?"

Awo ne mmubuulira buli kimu bwe kyali kyazze era ne mwetondera mu buli ngeri gye kyali kyamukosezzaamu. Nga Kabaka ategedde byonna, yampita okwogera naye kyama.

Awo nambuuza okumunyumiza ebyali binkwatako eby'obulamu bwange era ne kye nail eky'amazima. Kyennava nnoonya ekindobera okumugamba ebinkwatako nga tekiriiwo. Awo ne ndyoka nseetula ow'olugambo ossa ku bbali, era tugenda okwawukana, ng'ategedde bulungi bye nayitamu era tewali kyataamanya ku by'obulamu bwange obw'emabega . Ng'ategedde buli kamu akanfaako, yampaana nga bwe nali omugezi ennyo era n'antenda n'obuzira bwe nayolesa okwogera amazima newankubadde nga kyali kyabulabe nnyo mu kaseera ako okukikola, naddala eky'okumumanyisa nga Mbazzi bwe nali mmumanyi. Weewaawo nali mmanyi bulungi eky'okuddamu kye yali yawa Mbazzi amale amusabe okumwegattako okulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu , nawera masajja ne nziramu nate okumusaba atwale ekirowoozo kyange ekyo olw'obukulu bwakyo. Newankubadde namwetayirira nnyo ne mmubuulira n'ebyaliwo Lwanyisa amale atoloke ne mayumba kkumi okuva ku kibabu ky'abasuubuzi b'abaddu abaali babalumbye, Kabaka yagaanira ddala era n'akomba kwerima okukkiriza okutwala ekirowoozo kyange.

Bwe nalaba enteekateeka zange zirabika nga zigenda kufa ttoge, nasalawo ne mmusuubiza okumuwa emmundu, zaabu, engoye eza silica n'ebintu ebirala ate era nga n'entalo ze twali ab'okulwananga nze eyali ow'okuzissangamu ensimbi awamu n'ebyokulwanyisa byonna ebyali eby'okukozesebwanga. Anti baalugera dda nti "Ky'oyagala kikuseeza Omunyoro amalibu gaamuttira olubimbi." Awo kyeyava anziramu nti "Mu bye waayogedde ekyo kye nnaakawulira. Era ddala ddala oleese nkulaakulana wano mu Buganda. Mpozzi ogambye ogenda kumpa emmundu ez'okunkuuma n'abatu bange be nkulembera?" Ko nze "Anti Ssabasajja obwakabaka bwaffe bwetaaga obukuumi obw'amaanyi nga tebwemoolerwako balala ebunaayira okuva mu bwakabaka obutwetoolodde." Ko

kyeyava asekamu n'amala naŋŋamba nti "Awo kansooke ndowooze ku kirowoozo ekyo, onaakomawo akawungeezi okukuddamu kye naaba nsazeewo." Ko nze nti "Oyogedde Beene." Wano we nategeerera nga ebintu ebimu bwotabiteekamu maanyi go na bintu byo, tebisobola kutuukirira nga bw'oyagala. Nolwekyo ne njiga obutalemeranga bintu biggwaawo ate ne nsubwa ebitaggwaawo. Oba okulemera ku bitono, n'ensubwa ebinene. Naye nga mu byonna, obulamu ky'ekisinga obukulu ate Namugereka eyabukuwa n'akulembera.

Nga ettuntu ery'olunaku olwo lituuse, Kabaka yalagira Mbazzi ne basajja be ne bateebwa okuva mu kkomera ekyansanyusa ennyo. Kyokka bwe nali nnyumya ne Bansekereranga, kyeyava ambuuza nti "Owaaye, ng'oli mulenzi mugumu okwogera by'oyogedde mu maaso ga Kabaka?" Ko nze "Nze omusajja omukulu nze gw'oyita omulenzi?" Ko ye "Anti omanyi…… nange nnyinza okubeera omulenzi bw'obeera omulenzi." Ko nze "Oba oli muwala?" Ko ye "Ggwe oli muwala?" Ko nze "Yogera mpolampola mukazi wange wuuli." Kazzi nali nsaaga. Awo ne tuseka era ne tusaagasaaga nnyo okutuusa akawungezi.

Bwe bwatuuka obudde bwa kawungeezi awo abalamazi b'eŋŋendo empanvu we bagwiira ekikoowukoowu mu miti gy'okukkubo, Kabaka yantumya okumulaba awamu ne basajja bange bonna omuli ne Mbazzi. Nga ntuuse mu maaso ge, nakkakkana wansi ne nfukamira ng'empisa bwe yali ku buli mukopi eyatuukanga mu maaso ga Kabaka mu biro ebyo. Awo Kabaka n'alagira abaweereza b'omulubiri okundeetera bye yali antegekedde. Nga babireese, nagenda okulaba nga bandeetedde akameeza katono ddala era nga kuliko obukompe bubiri obwali bujjude omubisi gw'enjuki era nabwo nga


butono ddala, ne bateeka mu maaso gange. Awo Maasomoogi kyeyava aŋŋamba nti “Obwo obukompe obubiri bw’olaba mu maaso go bujjudde omubisi gw’enjuki. Akamu kalimu obutwa, naye akalala temuli. Njagala onyweeko kamu akataliimu butwa kokka. Ssinga olonda akalimu obutwa, ojja kufa ne basajja bo battibwe, naye ssinga olondawo akataliimu butwa nja kutwala ekirowoozo kyo era naakoleranga wamu naawe okulwanyisa obusuubuzi bw’abaddu.” Natunuulira Kabaka mu kadde ako, ne ndabira ddala ng’abaalugera nti “Atamuzadde yamuttika ejjinja baalutuusa!

Awo Bansekereranga kyeyava agamba mu kaama akawulirwa omuntu ali ewalako nti “Ayi Kabaka, ekyana kyange kisonyiwe bambi, mbadde njagala na kukiwa oli Nanserebe kimuwase, woowe maama bagenda kukitta ekyana kyange!!!!!!!” Awo Kabaka kyeyava amusala ekirimi nti “Bimire mangu ate bunira!”

Mu kiseera ekyo nalwawo nga nkyalowooza eky’okukola kubanga obukompe bwali bufaanagana, bujjudde omubisi gw’enjuki bwombi, ate nga toyinza na kuteebereza nti kano mwe muli, kali temuli. Nga nkyalowolereza n’omuntima nga mpulira guntujja nga kizimba, Kabaka kyeyava aŋŋamba nti “Nnywa ggwe ne tugenda, wabula bw’oba otidde, osobola okuntegeeza ne nkusiibula mu mirembe nga sikulumizza newankubadde okutwala ekirowoozo kyo wabula n’onviira buviizi nga tolidda nate mu lubiri luno obulamu bwo bwonna era nga n’amaaso gange tegaliddamu kusisinkana n’agago nga tukyassa. Mu kiseera ekyo nawulira nga Bansekereranga amuumuunya mpolampola nti “Yii ekitabani ekyo kisaana kusiiba wange ne nkinywesa amata!! Mazima kitunuulire bambi, kyonna kirungi, si kiwogofu naye kiyinza okusaanyizibwawo! wuu, oba nkole ki okukitaasa!!!!!!!!” Nga mpulidde ebigambo ebyo, nawulira nga okutya

kukendedde era nga n'omutima gukendeezezza entujja gye gwali guntujjamu. Olwo nno ne ndyoka nfuna agoogera kye nali ndowoozezza okwogera okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwange. Awo kyenva njogera mu ddoboozi eriwulikika nti "Ayi Kabaka, mmange yawonera watono nze okuzaalibwa, era nange mpise mu bikoomi by'omuliro bingi era ebiwererako ddala naye nga nwaniririra bantu ba Kabaka okuva mu buddu. Abaddu be nasobola okuununula mbayita baganda bange kaakano era sisobala kubalekerera mu mbeera yonna olwobulamu bwange nze. Ssinga nsalawo ne nzirayo gyenva okusolaba okuwonya obulamu bwange, okwo kubeera kuwoza gufukuta nga gwe gugigula, kubanga ne bwe nnaanunula enkumi n'enkumi z'abaddu, era bwe ndifa obusuubuzi buno buliba bukyagenda mu maaso, ekitegeeza ndiba saatuukiriza mulimu ogwantonderwa nze okujja mu nsi. N'olwekyo, kampeeyo obulamu bwange ku lwabwe, wabula ggwe ayi Kabaka, nkusaba olwanyise obusuubuzi bw'abaddu we ssiri era okufa kwange kakubeere ssaddaaka eri ggwe okutuukiriza kyenkusaba. Ekyo bw'onaakikola, ndiwummula mirembe wansi eyo mu magombe nga ndi musanyufu kubanga ndiba mmanyi nga naleka omulimu gwange ogwantonderwa nga gugenda mu maaso newankubadde nga sisobodde kugumaliriza. Ekyo kyokka kye nkusaba nga nkyali mulamu ayi Beene era nze ŋŋenze." Awo Kabaka kyeyava abuuza nti "Otegeeza ki?" Aba tannamalayo ng'akakompe akasooka nkanywedde nkamazeemu. Era n'akalala ne nkanywa ne nkamalamu . Awo ne ngwa wansi, nga mmanyi nfudde, kubanga n'okuzibiriza nazibiriza ŋŋende e magombe nga sssirabyeyo era n'amaaso gange nga tegatunuddeeyo. Bwe nali ngalamidde nga ndowooza naatera okutuuka e magombe eyo, Kabaka kyeyava aseka oluseka, n'agamba nti "Lubaale, situka kubanga tofudde, okyali mulamu, anti obukompe obwo bw'onywedde, temubadde butwa.

Ompangudde era onsinze mu lumeggana luno. Kaakano nzikirizza okukwegattako mu kulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu, era tuli bumu okuva leero n'okweyongerayo." Awo bwe nasituka, ne nzibula, mwattu nga tewali mutawaana gwonna era nga tewali kikyamu kibaddewo kyonna. Awo we nategeerera nga yali ankema, era angeza alabe oba nga ddala ndi mumalirivu okulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu. Buli muntu eyaliwo yeewuunya ekyaliwo kubanga tewali yali akisuubira kubeera bwe kityo, Kabaka kye yakola. Ekyo nno kyamanyibwa nnyo mu bantu, okwetooloola obwakabaka bwonna mu biro ebyo.



Aba tannamalayo nga akakompe akasooka nkamazeemu

SANYU NNAMBI BAMUWAMBA

Nga Kabaka akkirizza okunneegattako mu kulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu, emirimu gyatandika okunnyanguyira. Yanfunira ettaka eryali likwata e bule n'ebweya olw'obunene n'obugazi bwalyo n'alingabira okubeerangako n'abantu bange, awamu naabo abalibanga banunuddwa okuva mu buddu ebiseera byonna. Bwe nalumbanga amaato okununula abaddu, waliwo Abawalabbu abansabanga ekisonyiwo era abankwasanga ekisa n'empulira nga kiyinza n'okunkaabya ssinga mbatta. Awo bwe natuukanga mu mbeera eyo, nasabanga omusuubuzi oyo okunsuubiza okunkolerangako obulimulimu obw'abulijjo ebbanga lye tunaabeeranga ffenna. Bwe yakkirizanga, nga muleka era nga afuuka muntu wange. Kyokka bwe yagaananga, nga mmusaanyaawo, kubanga nali ntya okungolokokerako oluvannyuma nga awoolera eggwanga. Nga ntuuse ku ttaka Kabaka lye yampa, nasalawo ne nzimba ensiisira nga nkozesa "abaddu" bange Abawalabu nga bwe yali empisa yange mu biro ebyo. Okuzimba nno ensiisira kwantwalira ebbanga eriwerako nga sibaliddeeko amazooba ageekulungula nga tusimba emmere ku ttaka eryo gye banaalyanga abantu bange be nanunulanga entakera okuva mu buddu mu mirembe egyo.

Nga mmaze okuzimba abantu bange we banaabeeranga era gye banaawangaaliranga, era nga n'emmere gye banaalyanga okubeerawo kwayo tekukyabuusibwabuusibwa, nagenda mu maaso n'emirimu awatali kuwummula newankubadde okwegayaaza kubanga "Obugagga ntuuyo bw'otuula nga zikala." Anti omulamwa gwange ogw'okunsi kye kyali eky'obugagga kyange. Lwali lumu, ne ndagira basajja bange okugenda okulumba amaato agaatwalanga abaddu nga bulijjo. Sanyu ne Nnamige baali mu lyato lyabwe, nange mu lyange tumale tugende okulumba. Nze ne Sanyu twayitira ku mwalo

ogwakozesebwanga Abamerika so nga Mbazzi ne basajja be baakwata mwalo ogwakozesebwanga Abawalabu mu biseera ebyo. Nnamige yali yakula dda nga asobola n'okwerwanako ssinga olutalo lujja era y'ensonga lwaki yali ne nnyina lwe twagenda ku mirimu. Nga tuyingidde ennyanja era ng'omwalo tulengera mulengere emabega, nneekanga amaato abiri agaatuli mu maaso kyokka ne sisooka kugassaako mwoyo. Bwe twali tukyagenda, abakuumi b'okumazzi ne bagaana eryato lya Sanyu okugenda mu maaso, wozzi baali balyekengedde. Bwe nakimanya ekyo, abo nze eyabasobola. Anti nali mmanyi bulungi nga kavuna nnaabasimba ekikubansiko, ebizibu byali byakuggwaawo. Olw'abawa ekyogya mimiro bwenti, ate baddamu okwogera? Wa! Baamuvaako buvi ng'embwa bwe yava ku nseko. Bwatyo nga akunnumba ng'embuzi ennume eyasizza ekibya nga bwe yeeyagala nga sseddume w'embwa agudde mu nsaka y'ennyama. Nze ekyannyambanga obutasumbuyibwanga ku mazzi, amaato ge nakozesanga gaali gafaanana n'ag'abakuumi b'okumazzi era nga ne bendera nkozesa bbiri, eyange n'eyaabwe ekyayanguya emirimu gyange. Kino nno okugenda nakyo mu maaso, nasasulanga obusuulu obuwererako ddala buli zzooba obutagumbwamu bwala.

Nga tuzze ku mulamwa gw'emirimu, amaaso gange gaaddamu okutunuulira n'okwetegereza amaato ge nali nalabye mu kusooka nga Sanyu tannagumbwamu bwala. Amaato ago ge nalaba gaali gafaanaana bweegati; erimu lyali ddene nnyo, nga kuliko abakuumi bangi ate nga abasajja abaliko beebaggadde eby'okulwanyisa ebikangabaza era ebituntuza emmeeme y'omuntu abeera abirabyeko. So ng'eryato eddala lyali ttono, abakuumi nalengerako baamuswaba ate nga n'obutono ttono nnyo. Awo kwe kuwenya omukono ne ndagiriza Sanyu okulumba ettono nze njolekere ku ddene. Ng'ayolekedde kali akaato akatono,

nange nayolekera eddene.. Ng'abaserikale bange bamaze okusuula ensaale ezaali zitonnya ng'enkuba ku lyato ly'omulabe, nabuuka ku lyato lyange ne basajja bange ne tulwanyisa omulabe okutuusa lwe nawamba buli eyali ku lyato era abaddu nanunula bangi nnyo awatali kubuuza. Nga mmalirizza omulimu, nalagira basajja bange ne tukyuka ne tuddayo ku mwalo kubanga ekyali kyatututte twali tukifunye. Bwe nali nkomawo okuva okutwalayo abantu bange be nali nanunudde okuva ku lyato eddene nga nkomawo ndabe Sanyu kyaliko, ne nnengera akagalo ka nnasswi mu mazzi nga keenyeenya. Bwe nakalaba, ne sikassaako mwoyo, olwo nno nga njagala nziruke nsange Sanyu tukomewo nga bukyali awaka. Naye bwe nnazzaayo eriiso mu butali bugenderevu ku kagalo ke nali nalabye, omwoyo gwange ne gukalowoozaako nnyo. Awo kyenva ndagira eryato likyusibwe tugende nga twolekera gye nali nalabye akagalo. Ko mu ku basajja bange nti "Master tetuddayo, kubanga kayinza n'okuba akawuuwo k'omusota omunene oguli mu mazzi nga ffe tulowooza nti kagalo ka muntu." Ko nze nti "Mukyuse eryato mmala kukakasa. Awo ne bakyusa. "Tengenda okutuuka nga ku mukono gwa muntu kwe tukuba amaaso. Awo ne ndagira ne ndagira ne bamujjayo mu mazzi. Gye nakuba amaaso ku musajja wange eyali akuuma Sanyu. Nga ndi mu kupapirira, nanubuuza ambuulire ekimutuuseeko. Awo kwe kunziramu nti "Master, kaddulubaale bamuwambye." Ko nze "Ogambye ki" Ko ye nti "Anti twagude mu katego k'omulabe ke yatuteze era bonna ne battibwa. Nze nzekka eyawonyeewo bwe nneesudde munnyanja nga nteebereza okukusanga nkutegeeze ekiguddewo" Ko nze "Nze Sanyu ne Nnamige bali kuki essaawa eno?" Ko ye nti "Abadde yeerwanako era ng'asse abalabe nga basatu naye bwe balabye nga Sanyu ne Nnamige tebaasoboke kulwanyisa, kwe kubakuba obusaale obubattiddewo. Tebaakomye okwo, n'emirambo ne bagisuula

mu nnyanja." Bino nno byonna yabyogeranga akutukakutuka nga bw'awandula amazzi. Awo ng'amalirizza, kyeyava ansaba mmutte kubanga yawulira ng'obulamu bugenda nga n'essuubi ly'okuwona teririiwo. Nze nagaana okumutta, wabula ne mmugumya bugumya nti ajjakuba bulungi.

Nali sinnamalayo bigambo byange, naakutuka. Awo ne ndyoka nfuna ennyiike mu mutima gwange era ne ndaba ng'ensi yeesulise. Kye nva nneebuuza mu ddoboozi eddene nti "Naye Balubaale nabakoze ki mulyoke munsuule kw'eyokya, nnina kye nabaliridde nti enjala yabadde ebatta?" Bwe nali nkyali kwebyo, n'ebaayo eryato eryajja ne batwetooloola. Tetwalya budde, ne tuwanika bendera eraga nti twewaddeyo okuwambibwa tutwalibwe ng'abaddu, naye olowooza baatuwamba nga bwe nalowooza? Genda yiiri, baatussa nsaale era nga kaakano twewoma nneewome kubanga n'agalwana gaali tegakyawera.

Awo eryato lya Mbazzi bwe lyali liyita, omu ku basajja be kyeyava alengera bendera yaffe ku lyato ate anga kuliko n'enjeru eraga nti twewaddeyo mu balabe. Eryato lye ne lijja ne litusemberera kumpi ne we twali. Mbazzi yannyumiza nti bwe yalengera obulungi ku lyato (lyaffe), yalaba omuntu ayambadde egganduula lye nayambalanga bwe nabanga ŋŋenze okulumba ku nnyaja, awo nno n'alyoka ategeera nga lye lyato lyange ddala. Awo Mbazzi n'ajjayo emmundu era bangi abalabe be yamiza omukka omusu. Newankubadde basajja be baasooka kumugaana okukozesa emmundu olw'ebbula ly'amasasi, alyokanga n'azikozesa, kubanga n'abalabe nabo baali baazze n'emmundu nnyo era twali baakusaanawo ssinga tezaakozesebwa. Eky'omukisa, twataasibwa bulungi nnyo era ne twaddayo nga tewali afudde weewaawo abamu ku basajja bange baafuna ebisago by'obusaale. Mu nnaku ezaddako, natambulanga bansitudde

olw’ekyekango kye nafuna nga ntegedde nti Sanyu Nnambi yali amaze okusiibula ensi. Namala nate ennaku ttaano nambirira nga siva waka. Mbazzi ne basajja bange abalala omwali Zawanvuwa, mukulu Ssekitooleko, Lwanyisa n’abalala, baŋŋumyanga nnyo naye nga mpulira ku ffunfugu ly’ennyiike gye nali nnina mu kaseera ako, baakekejjulangako kimu kya kkumi.

Awo Kabaka bwe yalaba ng’ennaku nnina nnyingi ku mutima gwange okukira enviri ezimera ku mutwe gw’omuntu, yasalawo ampeeyo abawala abalala babiri okudda mu kifo kya Sanyu nsobole okunnyululwa okuva mu nnyanja y’ebirowoozo eyali yammira nzire ku lukalu. Nga mmalirizza okumwebaza olw’abawala ababiri abo be yampa, namusaba n’okuwa basajja bange ab’okuntikko abawala ab’okuwasa kubanga abawala baali bawererako ddala mu mbiri ze endala. Ekirungi, yaddamu okusaba kwange era bwatyo n’awa abasajja bange amukumi abiri abawala ab’okuwasa. Mu be yawa mwalimu Mbazzi, Lwanyisa, Zawanvuwa, Zayimpiwa n’abalala. Weewaawo abawala ababiri be yampa bambudaabuda nnyo nnyini, enkonge y’okujjukiranga okuviibwako kw’omwagalwa oli n’omutabani teyasobola kukuulwa mu ttaka kugimalayo. Era bwe kantandanga ne mbeerako nzekka bwenti, ng’ettaka ly’ebirowoozo limbuutikira buto obutandeka nzekka.

LWANYISA ANNINYA KU MUTWE

Mba ŋŋenze nneerabira ennaku y'okuviibwako Sanyu Nnambi, omwoyo gwange ne gukyusa obuwufu okutunuulira n'okwetegereza abaagalwa abapya ababiri be nali mpeereddwa. Bambi baali balungi mu ndabika era nabasiima newankubadde ebikula byabwe byali bya njawulo. Omu yali ayitibwa Kwagala Tekusingika Omudduukirize n'omulala ng'ayitibwa Birabwa Tebitendwa. Omuwombeefu. Baali balungi bombiriri era ng'obulungi bwabwe bubaaziiranya. Kwagala yali muwanvu, mutonotono naye nga muyumya nnyo so ng'ate Birabwa yali wa kitema, munene era nga muwombeefu nge'rinnya lye. Nabazzaako ebbali buli omu ku lulwe mu kiseera eky'enjawulo ne mbabuuza obanga baali bansiimye okunfumbirwa ng'oggyeeko okugondera ebiragiro ebyali bibaweereddwa. Nga buli omu ankakasizza nga bwe yali yannesunga edda, nawulira nga ntebenkedde emmeme wamma ggwe n'ebirowoozo by'omugenzi ebyali binzinya omukejje ne mbigobera wala okusenguka mu bwakabaka bw'omutima gwange. Lwali lumu nga ntudde ku kifugi ky'ensiisira yange nkutaamirizza, olwo nno nninze Birabwa anzannyiikirize nga bwe yali empise ye mu biseera bye ggandaalo, nalaba tajja ne nsalawo ntambuleko ne Mbazzi ebweru w'olubiri okulambula ku butonde bw'ensi. Twagenda twesumise embugo nga abantu abalala okwewala okwanirizibwa mu bitiibwa kubanga si bye twali twagenderedde. Bwe twali tutambula nga tutuuse mu kibangirize ekimu, kye tuva tulengera abantu abakuŋŋaanye naye nga kirabika waliwo ebikujjuko ebyali bigenda mu maaso. Awo ne tusembera mpolampola nga tusoonooka nga ssekanyolya okwetegereza. Gye twakuba amaaso ku mpaka z'amafumu. Ate olowooza twavaawo? Wa! Tweyongera kuyita mu bantu nga tuyaayaana okwetegereza abazannyi. Bwe twali tukyatunula, kyenva mpulira omuntu emubega

wange nga abuuza munne nti “Bambi nga mwana mulenzi oyo yalaba ebicupuli by’abakazi bye yaweebwa!” Ko oli nti “Naawe oyo tasobola kumusogga ffumu era yeesibe bbiri obutafumitibwa ye” Ko oli “Nedda, ŋŋamba abo abayimiridde ababiri.” Ko munne nti “Ogamba oyo Zinkulubuse ayambadde musajja tabanjika?” Ko oli “Olabika eggulo tewanywedde bigere, wanywedde malwa amakaatuufu.” Ko munne nti “Nze ndeka ndabe amafumu oba ebigere byo by’alwadde nga by’ogamba okunywa nze ojja kumbuulirira wa Tanansi ng’asiita ebigere bye.” Ko oli nti “ Leka kwewussa, ŋŋamba oyo oyo omuvubuka eyanywa obukompe obubiri Kabaka bwe yamutega nga amugeza olw’ekirowoozo ky’okusanyaawo obusuubuzi bwabaddu.” Ko munne nti “Gwoyogerako naawe mukungu tasobola kubeera wano okuggyako ng’emmindi ya Nalukwago emezeeko omutwe ogw’omwenda ate yandiba nga yakukutte.” Ko oli nti “ Vva mu Nalukwago, gwe weetegereze omusajja oyo.” Awo ne mpulira nga waliwo abasindikagana okwolekera gye tuli ate ne bamala ne baddayo. Bwe nawulira nga tebakyayogera, kwe kutunula emabega mbalabe. Okukyuka nti, nga lyamulere. Awo ne ntuma Mbazzi abagoberere era ayongere okumanya ku bye babadde boogera olwo nze nsigale nga mmulinze. Bwe yagenda, kyeyava abalaba naatunula eri ng’atabawulira. Awo omu kyeyava agamba munne nti “Mwattu ye ye naye ng’alabye nnyo ssebo wange!1” Ko oli “Lwaki?” Ko munne nti “Tomanyi nga Kabaka yawumuwa abakyala babiri naye ng’omu mugumba ate omulala katwewungu.” Ko oli nti “Nange nali nneewuunyizza Ssabasajja okumala gamugabira abambejja mbu abawase okujjako nga si ye Kabaka Ssuuna ow’okubiri.” Ko munne nti “Bambi nga yalaba musajja wattu! Ko oli

“Naye ekisinga okunnuma, ye kwe kumuwa abo ate omu ku basajja be mbu muganda we, n’agenda amuwa omuwala

omweru, nga mugezi ate nga mugezi era mulwanyi nnyo". Ko munne nti "Ate oyo nga yeesiimye?" Ko oli nti "Naye omanyi ekibi ky'omukazi oyo?" Ko munne nti

"Nedda" Ko ye nti "Akulyamu olukwe nga totegedde ate ne bakumalawo nga akutunuulidde." Mbazzi bwe yannyumiza ebigambo ebyo, ne kirabika ng'omukazi gwe baali boogerako omugezi naye nga muli wa nkwe ye mukyala wa Lwanyisa ayitibwa Mukisa. Nga mbitegedde ebyo, emmeeme yange yayulikamu wabiri okwesiga Kabaka kyokka nankola obwenkanidde awo. Naye bwe nnamala okusomoka omugga gw'okumwemulugunyiza mu birowoozo byange, nasalawo ekyo nkibuuse amaaso era nkisuule muguluka obuteesombera kalunsambulira ng'owenvunza addukira mu lusenke oluto .Bwe bwali buwungeera awo nga mu kalabiriza bazaana, twakomawo ne Mbazzi mu lubiri okuva gye twali twalambudde. Twatuukira wa Kwagala kubanga gye nali nnina okusula ku lunku olwo. Bwe twali tunyumya, twayogera ku ntekateeka nga bwe yali erina okutambula enkeera w'olwo. Bwe twali tukyayogera, omu ku bakessi bange kyeyava ajja nga ayita nti "Master, Master, Master tuli mu mutwaana. Owange Master." Ko nze "Kiki ekiguddewo? Ko ye nti" Tusanze Lwanyisa nga alina by'ateesa n'abazungu wazira tetubitegedde kubanga tatuganyizza kubitegeera era yandibaamu ak'omunnabuddu." Awo kye nva mmubuuza nti "Ekitegeeza abaddenga atulyamu olukwe?" Omukessi wange aba tannaddamu, omulala n'ajja. Ne mbuuza nti "Kiki?" Ko ye nti "Master ne Kabaka musaana mutoloke ekiro kino kubanga wandibeerawo okufa. Ndabye eggye lya Lwanyisa lyambadde ebyambalo by'omulutalo nga n'eby'okulwanyisa bitegeke bulungi, kyokka nga abasinga ku basajja be bali bweru wa lubiri." Tuba tuli awo, nga Lwanyisa yennyini wuuno. Ko nze "Ng'ozze kiro, waliwo obuzibu?" Ko ye nti "Nedda, nze nzize tukole enteekateeka gye tunaataasaamu

abaddu Master." Bwe namubuulira nti nali waakuvaawo enkeera ku saawa nga munaana ez'emisana era nga ategedde bulungi amakubo ge nali nja okutambuliramu, yavaawo nga asanyuse era nga awaze nga bwagenda okutaasa abangi nange nsiime. Nga agenze, nabuulira abakessi bange nti nali wa kutoloka kumakya abakazi we bakommontera emmindi ya taba ey'okubiri era obudde obwo bwe butuuka babeere bulindaala nga mukamusajja omwenzi. Nga mmaze okukola enteekateeka zonna, nasalawo ŋŋende ntegeeze ku Kabaka ku byali biguddewo. Nga tutegedde nti olunaku olunaddako wandibeerawo akanyamberege akanene, twakkiriziganya okutoloka ekiro ekyo, owo nga mu mattansejjere newankudde nali nawubizza abakessi si kuba nga mulimu akolagana n'omukyamu nga yeebisse kungulu essuuka enjeru eyakaayakana so nga munda nzikiza njereere. Anti baalugera dda nti "Okwerinda si buti……" Nga kiwedde, nasalawo nsooke nneebakeko olw'obukoowu anti nali nasiibye ntawuka emisana wonna. Bwe nali sinnaba kuzuukuka, kyenva mpulira ankwatako ne mpawamuka nga mmanyi eyanjalula esiridde. Wabula bwe nakyuka ndabe ankutteko, nga ye Kwagala. Awo n'ambuulira nga bwe yali aloose ekirooto eky'entiisa. Bwe nali nkyamubuuza kyaloose, ng'omuntu akonkona. Bwe nayita abakuumi balabe akonkona, nga tewali ayanukula era nze eyaggulawo. Liba teriri busa nga Mbazzi azze. Bwe mba sinnaba kumugamba kigambo, nambuulira nga bwe yali aloose omu ku bakyala bange nga avaamu omusaayi mungi era nga agenda kufa. Yali akyannyumiza bwaloose, ne mpulira okonkona omulala. Mu kutya okungi, Mbazzi ye yaggulawo. Gye nakuba amaaso ku Kabaka yennyini era nambuulira nga bwe yali ankimye tugende. Awo ne tutambulirawo nze naye ne Kwagala kyokka Mbazzi naatagenda naffe. Tuba tufuluma, nga tulaba abakuumi ba Kabaka batuwumba n'amafumu. Bwe nneetegereza, ne ndaba

nga abakuumi ba Kabaka abatuufu tebaliiwo, wabula basajja ba Lwanyisa nga be bambadde ebyambalo bya abambowa ba Kabaka. Awo Kabaka kyeyava abuuza ekigenda mu maaso mu kadde ako. Lwanyisa ne yeesowolayo nga n'okutala atala n'alagira tukwatibwe, tusibwe era tukubwe emiggo. Bwe yamala ate n'abuuza nti "Gwe master nga toyogera? Ne nsirika. N'ayongera nti "Nkubuuza nga tonyega?" Nze ne nnyogera kukona nga bikongo. Awo bwe yalaba sirina kye njogera wabula okumussako abiri ennyindo ya kusatu, kwe kufukamira wansi naŋŋamba nti "Master, nsonyiwa naye nange simanyi lwaki nkuliddemu olukwe." Awo kyeyava ayita omusuubuzi Omuwalabu n'amugambu nti "Baabo, nze nsasula." Omusuubuzi oyo n'amuwa eggaali nnya ezisikibwa endogoyi nga zijjudde emmundu, zaabu, engoye za silica n'ebintu ebirala. Bwe baali bagenda okutusiba emigwa, kyenva njogera nti "Owange kye kiseera." Tewali n'omu yategeera kye nayogera wabula oyo gwe nali ŋŋamba yategeera. Awo Lwanyisa n'amagamaga nga ssebukuule w'omusota eyeetooloddwa abayizzi nti "Woowe nange banditwala okunjokya omucomo."

Mu kiseera ekyo omu ku basajja bange kyeyava asoobolokoka mpola n'azzaako embiro yogaayoga ku nsiisira yange. Twali tuli awo, neebaayo ate eggye eddala eryatwetooloola eryali terimanyiddwa buva na buddo. Awo abaserikale b'eggye eryo ne balyoka bawereekereza abalabe baffe obusaale n'omukulu w'eggye eryo eppya n'atusumulula nze ne Kabaka ne basajja bange era olwatusumulula bwe tuti, olutalo ne lulyoka lwetondekawo era ne lubalukawo ggwe wamma ebitala ne biseka n'amafimu ne geesooza.. Eggye lino eppya lyali lya maanyi era akataayi tekaasala luggya nga tebannaba kuwangula mulabe. Abasinga ku basajja ba Lwanyisa baavaawo nnyindo ye nkata nga bwe bagamba nti "Luno luddibwamu lulala." Bwe batyo ne badduka butatunula

nnyuma nate. Naffe ne tulyoka tuddayo nate mu lubiri nga tuli bawanguzi era nga tetukoseddwa nnyo balabe. Bwe twatuuka mu lubiri, Kabaka nambuuza kye mmanyi ku bantu abaatujja mu mannyo g'empisi bwe baali.

Awo nange kwe kumubuulira buli kimu ekyaliwo ku kunaku olwo. Era bwe tuti bwe twataasibwa; Bwe namanya nga ku lunaku olwo waali waakubaawo akatuubagiro, nalagira Mbazzi ne bassajja be bafulume olubiri nga bayita mu mpuku gye nali nasima okutandikira mu nsiisira yange era mu kisenge kye nasulangamu okutuuka mu limbo gye baaziikanga abambowa abafudde naddala nga mmomboze. Limbo eyo yali esangibwa bweru wa lubiri naye nga walako okuva ku kisaakaate ky'olubiri. Nga bayise mu mpuku eyo, baasobola okuggukira mu limbo eyo, era eyo gye baateekateeka okujja batutaase. Enteekateeka yali nti omu ku basajja ba Mbazzi yali waakubeera ku mulyango gw'empuku mu nsiisira yange olwo alinde okulabulwa oluva ku musajja wange gwe naalagira amutuukeko nga tufunye obuzibu. Bwe ntyo nga njogedde nti "Owange kye kiseera," musajja wange gwe nali nateesateese yategeera kye nali ntegeeza era bwatyo kwe kudduka ng'ayolekedde ku mulyango gw'empuku ategeeze musajja wa Mbazzi okujja okututaasa. Bwe tutyo nno bwe twakola ne tusobola okumalako. Nakola bwenti mu kyama kubanga nali sibuulirangako muntu yenna newankubade Kabaka nti nasima empuku era tewali yali akimanyi okuggyako nze n'abaagisima bokka. Nga Kabaka ategedde enkola gye nakozesa, yasanyuka nnyo nnyini era kino kyampeesa obuvunanyizibwa bw'ebyokwerinda mu bwakabaka bwonna. Newankubadde olutalo lwalabika ng'olwali olutono ennyo, kyokka lwandekera enkovu ku mubiri, oluvannyuma lw'okufiirwa omukyala n'etterekero ly'ebyokulwanyisa. Mbazzi yannyumiza anti "Nga Lwanyisa tannaba kutuwamba, yasooka kwokya tterekero lya

byakulwanyisa lyonna ne lifuuka muyonga. Era olw'ensonga eyo, emmundu n'ebyokulwanyisa ebirala ebyakozesebwa Mbazzi yabigula ku lunaku olwo lwennyini oluvannyuma lw'okutunda zaabu n'amasanga ebyali ebitereke mu kifo kye kyama. Bino nno byannuma nnyo okubitunda, kubanga lwe twabifuna twali tubiguzeemu obulamu singa Nantalemwa teyatubikkako busubi! Bwe yali yaakambuulira eby'okutunda zaabu n'amasanga, omu ku basajja bange kyava ajja nga adduka nga bwayita nti "Master, master….." Olwali okutuuka bwati, yambuulirirawo nga ye ne banne bwe baali bazudde Kwagala nga yafumitiddwa era nga avaamu omusaayi mungi. Ono nno baamukunula mu basajja bange abaali bajjanjabwa oluvannyuma lw'okukosebwa mu lutalo. Olwabimanya bwenti, nadduka za mbwa yogaayoga mu kisenge kye yalimu. Nze kwe kumuyitaayita nti "Mukyala zuukuka. "Awo ye kwe kunziramu nti "Mwami" Nga abasawo batuviiridde okwogera ffekka, kyenva mubuuza engeri gyeyali yafunyeemu ebisago. Awo kwe kuŋŋamba nti "Munnange bwe wabadde okutte emmundu Mbazzi gye yakuwadde, Lwanyisa yagezezzaako okukukasukira akaso nga totegedde, wazira nze ne nneeteekayo ne kafumitamu nze kubanga ggwe wabadde tewakalabye. Lwanyisa bwe yalabye takukwasizza, kwe kukusindikira obusaale bubiri bukumalirize, era ne nziramu nenneeteekayo ne bukuba nze kubanga wabadde omukubye amabega. Bwe yalabye tebukukutte, kyava akwata emmundu akusse amasasi. Awo naawe wewakyukidde n'otunula gyali. Bwe yakulabye n'ayotta era naawe n'odduka okumusanga naye nga tokyasobola, kubanga yabadde yamazeemu dda omusulo. We yabimalirayo ebyo, nga ganaatera okumpitamu era namwebaza nnyo olwokutaasa obulamu bwange. Kyokka bwe yamala naŋŋamba nti "Nga sinnaba kufa kankusabeyo ekintu kimu nkwegayiridde. Lekeraawo okwesiga Lwanyisa omuli w'ekwe, kubanga abadde atundanga abaddu mu

nkukutu ate nga abaguza na Bawalabu. Ekirala nkusaba olemereko olwanyise obusuubuzi bw'abaddu ku lwange okutuusa lw'olibulinnya ku nfeete, era mmanyi nga luliba olwo abantu baffe ne babeera nga tebakyagulwa nga bintu bya bulijjo. Era mu kyo tokkirizanga muntu yenna kukujja ku mulamwa ogwo. Kyekyo kye nkusaba baze." Awo nze kwe kumugamba nti "Nedda mukyala, togenda kufa ogenda kuwona." Ko ye "Wabula kye nejjusa kye sisobodde kukwatako mu nsi kibadde kimu era kino kinnumye nnyo n'okusinga okufa." Ko nze nti "Kiki mukwano nkikuleetere." Ko ye nti "Onansonyiwa obutakubuulirirawo mwami, naye mbadde n'olubuto era nga nteekateeka kuva mu lubiri, olwo nga mmaze okusumulukuka, nkomewo nkukubeko ettu olyoke otegeere. Ko nze "Ogambye olubuto?" Bwe nali nkyebuuzisa ntyo nga atawulidde, ne ndaba nga azzeemu okuvaamu omusaayi nate. Awo kyenva mpowoggana nga mpita omusawo amukoleko. Omusawo bwe yajja, nze ne nfuluma ebweru ne ntandika okufumiitiriza ku bigambo bye nali naakawulira mu kaseera ako. Mba nkyakuumiridde awo ebbali w'oluggi, ne mpulira ng'omusawo agamba nti "Nedda, lindako…" Awo kwe kubuuza nga mpapirira nti "Gulekereddaawo?" Okwandibadde ng'okunnyanukula, omusawo yava mu kisenge ky'omulwadde, n'ampitako buyisi nga akotese omutwe n'agenda nga tannyeze kigambo. Olwayingira mu kisenge bwenti, ggye nakuba amaaso ku Kwagala Tekusingika Omudduukirize nga akutuse era nga agenze wa walumbe e Ttanda butadda ku nsi eno. Nakanda kumunyeenyaako nga lwamazeemu dda!!!

Awo omutwe ne gulyoka gumbobba, emmeeme n'enzigunda, omutima ne gunkubira kumukumu, era ne ntaama bubi nnyo okukira ku ssessota gwe bawawaagudde enkoloomi y'omuggo mu mugongo, ng'oggyeeko okutunula nga empologoma

omwana omuto gy'akubye embuukuuli y'omuggo oguliko entottolima ku ssekalootera.

Amangu ago kyenva nkwata emmundu luwandula masasi eyabeeranga mu nsonda y'ensiisira yange, ne nziruka okusisinkana Lwanyisa nga bwe ŋŋamba nti "Kasookanga abirya, leero alidde ebitaliika, n'alyoka…….". Bwe nali ŋŋenda, Mbazzi nanneegayirira nnyo obutagenda naye nga n'okuwulira si wulira. Bwe yalaba nga omutawaana omunene gw'olekedde okujja kubanga ne Lwanyisa gye yali nali simanyiiyo, kyeyava ankwata amavumbavumba nanzijako luwandula masasi, nanneegayirira nnyo okunzizaayo mu nnyumba okutuusa lwe nnakkakkana era bwentyo ne nzirayo wazira nga olusozi lw'ennyiike olunnimu lubula ku njasaamu butundutundu. Awo Mbazzi kyeyava ayita Birabwa ambeesebeese era bwatyo neyeebasa omutwe gwange ku bisambi bye nga bwannyimbira obuyimba obwedda n'okunnyumiza obugero bw'baana abato okunsesa. Nga angeredde obugero obuwerako era nga bwesonsese nnyo mu mwoyo gwange, otulo twanziba ne tuntwala. Newankubadde nkimanyi nti buli muntu otulo tumutwala tamanyi, naye neewuunya nnyo otulo gye twava ku mulundi ogwo, okuntwala okusinziira ku nnamungi w'ennyiike eyali ammize nzenna mu kiseera ekyo. Bwentyo ne mba nga nguddewo bugulube ku bisambi bya Birabwa, kyokka teyasitukawo we yali atudde, okutuusa nga nzuukuse. Nali nnina ekisa kingi nnyo, nga ndi musaasizi era nga nnumirirwa nnyo Lwanyisa. Wabula ssinga kaamutanda n'ampita mu maaso we nakwatira luwandula masasi, teyandinsimattuse kumutuma mu maka ga Walumbe amugambe nga bwe mmutumidde ennyo, ate nga teyalina kukomawo kumbuulira bwazzeemu.

NSISINKANA BAZADDE BANGE

Newankubadde Birabwa ne Mbazzi baaliwo okuŋŋumya n'okumbudaabuda, ddaaki nneefuula ng'ateredde ne mbagoba okumbeeranga ku lusegere buli kiseera nange nneetaayeeko. Mu butuufu nakungubagira nnyo mukyala wange oyo Kwagala eyafa n'olubuto lw'omwana wange nga tazadde! Ate jjukira mu lutalo lwe lumu, basajja bange abamu baali baafunye ebisago eby'amaanyi, so nga ne Sanyu Nnambi eyali ammanyidde ennaku nali sinnamwerabira. Kale ne mbeera awo bwe ntyo nga sibitegeererako ddala bulungi era ne nsigala kutunuulira nsi nga bweri, kubanga nali sirina kyakukola mu mbeera eyanzijira mu biro ebyo. Naye kye nafuba obuteerabira ennaku zonna n'addala ku lwa Kwagala, bye bigambo bye yaŋŋamba nga agenda okufa naddala "…..nkusaba olemereko olwanyise obusuubuzi bw'abaddu ku lwange okutuusa lw'olibulinnya ku nfeete, era mmanyi……..." Nga wayiseewo ennaku mbale bubazi okuva Kwagala lwe twamumalirako ettono ng'eringi alyebakidde, twagwibwako ekizibu ekyankalubirira okukuba ekiyiniggi ky'enkumbi okutuva mu maaso. Lwali olwo, enjala gye tutaamanya gye yava n'egwa nnyingi nnyo mu nsi. Olw'obukambwe bwayo n'engeri gye yatukaabya akayirigombe, twagituuma n'erinnya "Ssinga okulya tekwaliwo." Buli lunaku nnabukeerezanga nkokola okugenda okuwamba amaato nfune ku ky'okulya, naye oti nga galabika? Wa! Nga gaafuuka nnantalabikalabika nga kimuli kya ndaggu. Era nga ne ly'oyinza okulengera otandike okulirowoozaako, eryo ng'omanya buli muntu aliko alina luwandula masasi bbiribbiri ate nga zikubyeko amasasi. Sso ng'ate era ne magaziini z'amasasi ziri wali zijjudde. Awo nga ssinga olitambaala, wejjusa ekyakutonza okujja ku nsi nga bwe nali mu kirombe kya mayinja ewa Mbazzi, Sanyu Nnambi amale annunule mu luwonko. Lwali lumu ne nfuna

amawulire okuva mu bakessi bange nti e Buwalabu emmere yali egudde akaleka era nga eŋŋano eri eyo n'okubotoka ebotoka. Bwentyo nnadduka zambwa okubuulira Kabaka ku mawulire amalungi ge nali mpulidde ag'emmere eri e Bawalabu efa otulo era ey'enseko obuseko. Olwo nno nga njagala kumusiibula ŋŋende ewa Ibrahim gwe nali nalekera amatwale gange nfune obuyambi osanga enjala enaasiibulwa. Anti baalugera dda nti "Eyeeterekera…." Nga mmubuulidde, Omutanda yalinnya mu kyoto n'aŋŋaana okugenda kyokka n'ampa amagezi nti nfune omu ku basajja bange ye agende mu kifo kyange kubanga abaddu baali bayinza okumufuukira enkukunyi ku nnyindo y'embwa nga siriiwo. Nakkiriza ne nsigala mu lubiri wabula ne nfunayo omu ku basajja bange ne mmuwa abalenzi kkumi okumuwerekera n'agenda. Ebyembi, omutume yabuzibwawo mu ngeri etaategerekeka era n'okutegeera Lugaba yazza bibye okuwonya omu ku balenzi be nali nnamuwadde eyajja n'atubuulira. Omuganda agamba nti, bw'osiga ebijanjaalo mu kiseera ekimu ne bitabala, tekitegeeza butaddamu kusimba nate nga weekwasa bye wasooka okusimba; bwe ntyo kye nava nsindika omulala kyokka era naye n'abula bwatyo kimugunyu. Saggwaamu maanyi, ne nsindika n'omulala, n'omulala okutuusa lwe nakoowa okusindika. Newankubadde nasindika bangi ku bakessi okuzuula ekimalawo basajja bange, tewali yazuula nsoga ntuufu ebuzaawo basajja bange okugggyako bbo okubuzibwawo ssinga omu kubbo abeera agizudde. Bwe nalaba biri bityo, kwe kusindika mwami Ssekitooleko gwe nali nneekakasa ennyo mu kuyiiya embeera agende. Engeri omukulu ono gye yali amanyi obulungi nti abasindikibwayo tebadda, ye kwe kuyiiyaayo akakodyo ak'enjawulo kaanakwasizaako abalabe; Anti bulijjo "Enswaswa etayanula y'ereega engalabi." Ate era "Ennongosereza emasula omutego." Nga atuuse ku mwalo we yalina okusaabalira,

yaddira omu ku basuubuzi abaalina eryato ettonottono n'abaako we yamutuma awaali wasuubirwa nnamungi w'ensimbi abeeko emirimu gy'akola. Oli nga agenze, mukulu Ssekitooleko yajja eryato ly'omusuubuzi gwe yali yatumye mu kifo we lyali, n'ateekawo erirye nga aleseeko bendera yaffe olwo n'atwala ery'omusuubuzi oli okuligenderako. Nga akomyewo, omusuubuzi yagenda okujja nga Ssekitooleko yakuuliise dda n'eryato lye era nga talina kya kukola okujjako okweyongerayo n'olugendo lwe, wabula nga tategedde bendera mpya eyali eteereddwa ku lyato lye.

Mukulu Ssekitooleko teyalaga wala nnyo mu nnyanja, asobole okuzuula ekyattanga basajja baffe abaasindikibwanga. Omusuubuzi oli bwe yauuka mu makkatikkati g'ennyanja, abakuumi b'okumazzi baakuba eryato lye okukkakkana nga lisirisse lyonna. Era okusinziira mukulu Ssekitooleko bwe yannyumiza, sisuubira nga eriyo eyawona ku bantu abaali ku lyato eryo. Nga amaze okulaba ebiguddewo ebifaananako bwe bityo, Ssekitooleko teyabandaaza, nga akyuka kukomawo kutubuulira bye yalaba. Nga Mbazzi amaze okuteebereza ensonga ezaakona nga bwe kisoboka olw'obutaliisibwa bujulizi bumala era obulimu ebiriisa ebyandisizikuzizza okubeera entuufu, yandeetera okumutuma yeetikke ensuwa y'amazzi enzito ey'okwolekera olugendo e Buwalabu asabe Ibrahim obuyambi. Bwe yamala okutegeera nga taamaleeko na lugendo lwe namutuma, yansaba mu bwetowaze asigale oluvannyuma lw'okwekwasa obusongasonga obuwenyera era obufumitibbwa amaggwa amasongovu. Bwe nalaba nga bonna batidde nga bakazi obuteetantala lugendo olwo, nasalawo nneegendere bwannamunigina okutuusa lwe naatuuka e Buwalabu ewa Ibrahim. Ssekitooleko bwe yalaba ŋŋenda kugenda nzekka, kwe kunsaba tugende ffenna kubanga "Buuyisi bwomu nsega y'ebika." Nange saali mubi ne mmukkiriza okugenda nange

era bwe tutyo ne tweteekateeka okwolekera. Twagenda twambadde ngoye za bavubi ba byannyanja okuziyiza abalabe okutugwa mu buufu nti twali tugenda. Era tewali yamanya nteekateeka zaffe ez'okugenda okujjako ffe ffekka nze ne mukulu Ssekitooleko. Nga tutuuse ku mwalo, twaziggyamu ne twambala ezinyirira olwo ne tulinnya eryato ly'olukale eryatwalanga abalambuzi e Buwulabu buli zzooba.

Bwe twali tutudde ntende tulinze lyato kusimbula, waliwo omusajja eyatuyitako n'atuula mu maaso gaffe gwe nali simanyi. Yali ayambadde kirangira, nga alabika ekitiibwa, mpozzi n'amalala amatonotono mu ntambula ye. Kyokka we yatuyitirako okugenda okutuula, ebigere bye byanfaananira obutalinnya bulungi wansi, ekyanzijukiza entambula ya Mayumba kkumi nze ne Lwanyisa gwe twayitanga jjajja, anti bwe yali nga atambula, nga taggumizza kigere wansi, ng'oyinza n'okulowooza nti ettaka ligenda kutema mulanga ssinga ekigere akiggumizzaako. Nga eryato litandise okutambula, omu ku bakulira eryato kyeyava atusaba ffenna abaalimu okwetaba mu mpaka z'okulonda anaatukulira nga tuli ku lyato eryo okutuusa lwe tunaamalako olugendo. Engeri gye kyali nti twali baakutambulira ennaku nga ttaano nambirira okutuuka e Buwalabu, twali twetaaga omuntu anaatukubirizanga okukuuma empisa n'obutakola bya mbyone nga tuli mu lugendo nga empisa bwe yali ku buli lyato lya lukale, mu biro ebyo. Okulonda nga kuggyiddwaako akawuuwo, omwogezi kyeyava abuuza oba nga waliwo nakyeewa ayinza okwewaayo okutwala obuvunaanyazibwa obwo. Omusajja oyo eyali atutudde mu maaso kyeyava yeesowolayo buteesokoola n'ayimirira bwa ntoogo obw'emmuli bufa nnyingo n'atukakasa nga bwe yali ow'okutukulembera obulungi. Bwe yali ayogerako gye tuli, yasooka n'atambulamu nga bw'atutunuulira alinga ayisa ebivvulu. Buli muntu yali amweegese abiri era nga amwota

buliro. Nga tumaze okukitegeerako nti yali mukwano gwa nnyini lyato era nga amaze okweragaalaga nga endiga bwe yeeraga eri omusege ng'omusumba waayo waali, kyeyava atugamba nti oba tumulabyeko awakyamui, mpozzi ng'ettaka kw'ayimiridde lye kyamu kubanga yali yeewaddeyo okutuweereza n'omutima gwe gwonna. Abasinga baamukkiririzaamu era bwe batyo ne bamukubira emizira nga bamukakasa nga ku ye kwe baali basibidde olukoba, kyokka ne wagenda wabaawo ekyansesa. Bwe yali anaatera okulangirirwa nga anaatukulira era atandikirewo emirimu mbagirawo, omukadde eyali amaze ebiro ebingi nga n'omugongo gwe gwakakanyala nnyo era eyali talina linnyo mu kamwa wabula olubungu olwereere, kyeyava asituka nga yeekaniikiridde ng'akayonsa obubiri n'awanika omukono. Nga omwogezi amukkirizza okwogera, buli omu yamutegera amatu awulire kye yali ayagala okwogera era nga buli muntu yeetegese okumukuba olube, anti twali tulowooza nti yali ayagala kumuvuganya ku bukulembeze buno, anti bagamba omukazi ow'obusa ngabi, n'ataafumite akwebera. Yasooka kwetonda olw'okutumalira ebisera ye nga kinvinvi omukadde bukuku, era kata n'okufukamira afukamire. Kino nno kyansiriiza amatu, okulaba omukadde atuzzukkuza okutwetondera so nga mpaawo musango gwe yali azzizza mu kaseera ako. Wabula ng'omwogezi amaze okumusaba mu ddoboozi eggonvu ennyo okutuukira ku nsoga ave mu ludonda kambe, kyeyava abuuza omusajja oyo nti "Kazzi erinnya lyo ggwe ani ssebo?" Ko ye nti "Nze omulangira Bakumba muganda w'omulangira Muteesa era nga ffembi Kabaka Ssuuna ow'okubiri ye kitaffe." Awo ffena ne tukanula amaaso era ne twewuunya nnyo nnyini. Awo nange kwe kwegatta ku bamuwagira, ggwe ate bwotawagira mutabani wa mukwano gwo, obeera onaawagira ani? Ono nali namulabako mu lubiri, wazira nga sikyamujjukira mu kaseera ako. Kyokka

naye teyammanya nga yali y'enze ate era nange saamweraga si kuba nga akabi kaanya mu kaseera mpa wekaaga. Anti ne mu birungi akabi katambuuliramu akatiko abantu ke balya okubeera abalamu envunyu ezibaliira mu ttaka mwe ziriirwa. Ekibuuzo ekisooka nga kiddiddwamu, omukadde kyeyava addamu n'abuuza nti "Ssebo kye kino ekibuuzo kyennyini kye mbuuza, era kiwulirize." Ko omulangira nti "Mpulira." Ko omukadde nti "Ssinga ababbi b'okumayanja batulumba, wabula nga kyetaagisa kuwaayo muntu omu atwalibwe ng'omuddu abalala basigale. Osalawo ki nga ggwe omukulembeze?" Omulangira nga amatama ntengo nga n'okutunula atunudde wansi nga nkoko. Awo bwe twawulira ekibuuzo ky'omukadde ekyo ate nga omulangira kimwetakuzza n'omutwe, ffenna ne tutunulira omulangira ate naffe ne twetunulako. Abaali basiiyibwa okuwagira omulangira ono ku bukulembeze, ffenna twaggwamu amaanyi kubanga twajjukira kaakano nti "Emwanyi gye weesiga yeetabaamu mulamwa".

Awo nno omukadde gwe twali tunyoomerera, laba ate bwatutaasa ennabe y'okukulemberwa omuntu atali mwetegefu kutuweereza nga bwekigwanidde. Era abaalugera baalutuusa nti "Kikonyogo bakikasukira kulaalira, kidda na kirimba" era nti "Gw'osussa emmwanyi, omusanga ku nnyanja nga y'awungula." Oluvannyuma twalonda omukadde oyo okutukulembera n'okutuwa amagezi mu nsoga ezitali zimu nga ayambibwako abakulu ab'enjawulo ab'eryato mpozzi n'abavubuka abalala abaava mu ffe okubeera abamyuka be.

Ng'ennaku ttano ziyiseewo, twatuuka bulungi e Buwalabu era buli omu n'agenda gye yali alaga. Bwe twatambulako akatemerero okuva ku mwalo we twaggukira, kye nva nkwata mu nsawo yange ne nzigyayo maapu eyali yakolebwa era eyampeebwa Ibrahim bwe nali sinnasimbula kuva Buwalabu

kujja waffe. Newankubadde yali yagwako ekiyumba kya nabbubi nga n'obukadde nkadde nnyo, yali eraga bulungi amatwale gange gonna gye gaali gasangibwa era n'amakubo agatuukayo mu njuuyi zonna. Nga tuyise mu nsozi n'ebisirikko ebiwerako, ddaaki twatuuka ku mulyango gwennyini ogwali guyingira mu lubiri lwange gye nayimanga okuwa ebiragiro.

Nga tutuseewo, omu ku bakuumi b'oluggi kyeyava atubuuza nti "Mwe muli baani? Nze ne nsooka nsirika. Ko oli "Nkubuuza tolina matu, oba oli kiggala" Ko mukulu Ssekitooleko nti

"Ono ssebo ye master Lubaale Mbeera nannyini matwale gano." Ko omukuumi nti "Sikakasizza, naye kampite atukulira." Bwe natunuulira abakulira gwe baayita, nga yenna yakula n'akuula n'ejjembe era nga obunene bw'olubuto lwe oli ayinza okuteebereza nti mwalimu ensujju kkumi na bbiri ezitali nsalemu." Awo omusajja oyo kwe kusonga olunwe mu mukulu Ssekitooleeko n'amubuuza nti "Ogambye oyo ye master Lubaale Mbeera?" Ko ye nti "Ye ssebo." Ko ye nti "Hmm, olowooza master Lubale ayinza akufaanana ogwo omusontwa? Tekisoboka! Master? Mwandyeyise nno ekirara ne mmala gabayamba ne mbawa kye mwagala, naye master Lubaale!!!" Mpozzi yali yeerabidde nti "Kaami katono okanyoomera mitala wa mugga."

Awo mukulu Ssekitooleko obusungu ne bubula okumuyuzaamu wabiri olw'omusajjja oyo okumpita omusontwa, kyokka nze ne mmukkakkanya era ne musirisa obutaddamu kwogera kirala nate. Awo omusajja oyo eyatunyoomoola n'alagira basajja be ne batukwata okwolekera ekisaakaate ekirala, ne bastuggya awo we twali. Awo bwe twali mu kkubo nga tutwalibwa, omu ku


baamusibiramubbwa b'omusajja oyo abaali batutwala, kyava agamba munne nti "Naye bano balabika bakessi, tubbatte." Naye omulala kwe kumuddamu nti "Naye owaaye, tetuyinza kukola kintu kyonna nga tetumaze kufuna biragiro kuva wa mukulu." Ko oli nti "Kale, naye emiswaswangule gino gigwana gittibwe…."

Awo ne batutwala nga batuwalabula okutuusa lwe twatuuka mu kizimbe ekimu ne batussa omwo ng'abasibe era nga n'emigwa gitunyogontola nnyo olususu. Weewuunye, ku lunaku olwo lwennyini lwe twasibwa, ate era ne Ibrahim we yagendera ewaffe okunneebuzaako olw'ebintu ebimu ebyali bigozoobaanye mu matwale ago. Ebyembi, teyamanya nti twali twatuuse ate naffe tetwamumanya nti yali agenze mu kaseera ako. Awo mukulu Ssekitooleko bwe yabakalaasira bayite omukulu (eyali asigadde mu kifo kya Ibrahim) tusisinkanye amaaso naye, baakkiriza okugenda okumuyita. Wabula baba bagenda, kye bava bamulengera ng'ajja. Tebaatawaana, baakomawo bukomi nga bamanyi nti ajjiridde ffe. Kazzi oli yali ayita buyisi nga alina gy'alaga. Abakuumi bwe baalaba nga tubafuukidde omugugu bigonwa oguteetikkika, kye bava batutwala okututulugunya twogere amazima oba ddala tuli bakessi. Olw'okuba akusinga akukubya gw'okutte newankubadde amazima tegeebulizaayo, twaguma tutulugunyizibwe kubanga twali twababuulidde dda amazima. Bwe tuba tutwalibwa bwe tuti, nze kyenva nneevaamu ng'enkoko emira ensanafu ne mbabuulira era ne mbategeeza buli kimu nga bwe kyali era ne mbabuulira n'embeera ze batambuliramu. Nababuulira n'ebyaliwo nga nkyafuga yo okwo nga kwogasse n'ebyama ebyali byaterekebwa nga bimanyiddwa bakulu bokka ekyabewunyisa ennyo. Nga mmaze okubamanyisa buli kimu kye baali, banzikirizaamu era ne banneetondera. Mu kiseera ekyo baatuzzaayo nate ew'omukulu wa bakuumi oli era ne

bamutegeeza buli kimu nga bwe nabagamba. Awo ne mmulaba nga azibuse amaaso kyokka ekyo tekyamulobea kungezesa kukakasa nti ye nze . Awo kyeyava alagira basajja be ne batusumulula emigwa era bwe tutyo ne batwolekeza ku ttendekero ly'okulwanyisa obusaale tugezesebwe. Bwe twatuukayo, omusajja oyo yennyiri omukulu w'abakuumi abo kyava alagira Ssekitooleko ayimirire ku muti agwali awo ebbali. Nga ayimiridde, yalagira abaserikale be bamusibe emigwa bamunyweze. Nga bakikoze, omusajja oyo yaddira ekibala ekyekulungulivu era ekyamyuka ng'ettungulu erinnya lyakyo "Apple" naakikwata n'akiteeka waggulu w'omutwe gwa Ssekitooleko nga akituuzizza ku buso obubiri bwe yafumita mu muti. Awo n'ajjayo akasaale n'akankwasa. Kyeyava andagira nkube akasaale mu makkati ga "Apple" olwo alyoke akakase nga nze master Lubaale. Nasooka ne ntunuulira omusajja ne mbulwa n'eky'okwegera. Bwe yalaba nduddewo, kyava ambuuza nti "Olinda ki okukuba "Apple" eyo akasaale. Gikube, oba olemeddwa mbatte mwembi nzireyo ku gyange." Ko musajja wange "Master, nze tonfaako, ggwe kuba bukubi oba onzita onzite kiggwe, ate ne bw'onzita nfa ndi musanyufu kubanga mba mmanyi nti nfiiride mu mikono gya master.

Awo ne mpaanyisibwa ebirowoozo, ne nsooka nneetegereza "apple" era bwe ntyo ne ngaaluula akasaale. Bwe nali ŋŋenda okukubayo akasaale bwenti, ate ne ntya ne ssikubayo. Bwe nalaba ntuuse we sseeyinza, ekitabo ekinene kye kiva kibikkulwa mu bwongo bwange, okujjukira nga Ibrahim bwe yali akyantendeka, yaŋŋamba nti "Bw'obanga ogenda okukuba akasaale mu kifo ekikulagiddwa naddala ekitono ennyo, osookanga kutunuza liiso limu erya kkono w'oyagala okukuba akasaale ne weetegerezawo bulungi. Ekyo nga kiwedde otunuzanga lya ddyo era ne weetegereza bulungi w'oyagala okukuba. Bw'omalanga okusongawo obulungi,

okanulanga amaaso go gombi, n'osiba omukka ogussa oleme okukola ensobi, awo n'olyoka okamasula ne kagenda." Nga mmaze okujjukira era ne nkola bwe ntyo nga Ibrahim bwe yajigiriza, nagenda okwetegereza nga akasaale nkakwasizza wakati wa "apple" wennyini musajja mukulu we yali ayagala. Awo omukulu oyo kyava anvunnanira ne basajja be kubanga baali Bawalabu wazira n'atayogera kigambo, bwe tutyo ne tutanula okuva mu kifo ekyo nga atukulembeddemu.



Nga akasaale nkakwasizza wakati wa apple

Bwe tuba tuvaayo bwe tuti, omu ku baserikale b'ekifo kyava ajja nga adduka okutuusa lwe yatutuukako n'agamba omukulu nti "Master ali mu buzibu, abadde agenda, n'alumbibwa abatemu era alese basajja be balwana, n'akasuka akaato akatono ku bwe yabadde atutte n'akajjirako n'akomawo. Ko omukulu oyo nti "Balinga bameka abatemu? Ye tutwale byakulwanyisa byenkana ki?" Oli n'addamu nti "Asigaddewo omu omutemu naye obuzibu ekyambalo kye tekiyitamu kasaale newankubadde okuyitamu ekitala era basajja baffe abamalawo bumazi." Awo bwe twali tukyatambula, nasaba omukulu oyo nange ŋŋendereko mu kununula basajja bange. Teyali mubi n'akkiriza ne tugenda ffenna nga twebagadde eby'okulwanyisa. Bwe twatuuka ku lyato, kye nva nsangawo Ibrahim n'ansanyukira nnyo nange ne mmusanyukira nnnyo, era bwatyo n'ankwasa era nannyambaza ekyambalo kye okulaga nti "Nze akulira mu kaseera ako." Awo ne tusimbula ne tugenda. Bwe twali tugenda, omukulu w'abukuumi oli eyankubisa akasaale mu "apple" yatya olutya olusinga ne ku lw'engabi eyeetooloddwa empologoma ensajja ettaano. Kyokka nno yatiira bwereere, kubanga nawaana muwaane mu maaso ga Ibrahim nga omusajja eyannyaniriza obulungi era eyali talina mutawaana gwonna. Nnyinza okufaanana ng'eyakola eky'obusiru olw'okuwaana omuntu eyali anzisizza musajja wange Ssekitooleko, naye yannwanirira nnyo nnyini era n'ambeererawo mu biseera nga buli omu anvuddeko okutaasa obulamu bwe. Nzijukira olunaku lumu bwe twali mu lutalo nga tulumbiddwa eryato ly'ababbi abalala, omu ku balabe abaatulumba yali anzise, naye mukwano gwange oyo yajja n'ansindika ne ngwa akasaale akaali kaaka omuliro ne kayitawo nga kanaatera okunfumita. Kyokka ebyembi olutalo olwo teyalusimattuka era simanyi nga alinva ku mwoyo newankubadde nga yafa kubanga ssinga teyali ye, sirowooza nga nnandirusimattuse. Nga eryato lyaffe lituuse kumpi

n’eryo okwali omutemu, natunula ne nnekkaanga omutemu eyali yayogeddwaako. Yalina sseppeewo ku mutwe ey’ekikomo era nga ebyambalo bye byonna byali bya kyuma. Bwe namala okwekkaanya nti wakati w’ekyenyi kye sseppeewo gye yali ayambadde yali tetuukawo bulungi, naleega akasaale ne nkola nga luli bwe nakola “apple” kubanga yali alwanira mu kifo kimu. Anti nga alinda amulumba n’amumalirako ekiruyi. Mu kaseera ako nata akasaale ne kagenda nga kanyooka yogaayoga mu kyenyi kye wakati n’agwa n’akalambala n’afa. Nga tuwangudde olutalo era nga tululinnye ku nfeete, twakkaanya nze n’omukulu Ssekitooleko tusooke okutwala Ibrahim ewaffe alambuleyo era alabeyo olwo tukomewo nga tweteese bulungi okukima kye twali twajjiridde. Twasalawo bwe tuti kubanga ku lyato kwe twali yali yatisseeko eŋŋaano nnyingi ddala era nga kujja kuba kwonoona biseera okuddayo nate emabega. Olw’ebizibu ebingi ebyatutuukako ku lunaku olwo, twagenda tuli bulindaala nga tuli beetegefu okwaŋŋanga omulabe we tumusangira wonna. Bwe twali tubulayo akagendo katonotonono okutuuka ku mwalo, era nga ntandise okulengeza Ibrahim obusozi okuli obukubo obuyinza okututuusa mu lubiri, omuyaga ogutaali muyite gweereta nga munyeera mu ntamu y’amawulu agaasuzeewo era bwe gutyo ne gukuba eryato lyaffe okulyolekeza gye twali tetuteeseteese kulaga. Nga wayise akaseera nga tuguluba nagwo, gwatwala eryato lyaffe ne gulisuula ku kizinga ekimu kye twali temumanyi era kwe twateebereza obutabaako muntu. Bwe twali tutambulatambula tulabe oba nga tulina omuntu gwe tuyinza okusanga, kyenva nnengera omukka ogunyooka okuva mu nsiisira eyali mu ttale nga yeetooloddwa emiti. Bwe tweyongera mu maaso, nze, Ibrahim, Mukulu Ssekitooleko ne bassajja baffe, twalengera obusiisira busatu obusereke n’essubi nga akamu ku bwo kavaamu omukka. Bwe natumayo

basajja bange bagende balabe, baalabika nga batidde okugendayo. Bwe ntyo nze ne mbakulembera ndabe abantu abaliyo mu busiisira obwo. Twasangayo omukazi omulungi atudde mu luggya nga aluka mukeeka gwe n'omusajja omukadde ennyo nga ali awo yeezinze nga olusirabo. Bwe twatuuka mu luggya, omukazi omukeeka yagukasuka ttale n'atwaniriza, n'atuleetera n'embugo mpozzi n'amaliba amatonotono okutuulako. Basajja bange ne Ibrahim baalabika nga beenyinyadde okutuula ku lubugo era baannewuunya nze okulutuulako. Awo omukadde kyeyava agamba nti, "Naye maama Lubaale naawe, yingiza abagenyi mu nju." Ko ye nti, "Naye toddamu kumpita maama Lubaale, buli lw'omunzijukiza mpulira nga siteredde." Ko omukadde nti "Twala eri, omanyi ki oba mulamu?" Ko ye nti "Kizibu, naye abagenyi ka bayingire." Kyokka nze ne mmusaba tubeereko ebweru, kubanga nalaba nga nze n'abasajja bange tetujja kujaamu mu nju sso nga n'empewo eyali ennyogoga obulungi ebweru teyanjagazisa kuyingira mu nju. Awo omukyala kyeyava atunuulira Ssekitooleko n'amubuuza nti "Naye musajja ggwe nninga akumanyi." Ko oli nti " Nange nninga eyakulabako." Ko omukyala nti, "Kale ofaananira ddala mwami Ssekitooleko kitaawe wa Lubaale!" Ko ye "Ogamba Lubaale Mbeera gwe naleka nga tannazaalibwa? Awo omukyala nannyonnyola byonna ebyaliwo okuva mukulu Ssekitooleko lwe yatwalibwa e Buwalabu. Nga mukulu Ssekitooleko abitegedde byonna, kyava amusemberera mpolampola, n'omukyala bwatyo, n'amugwa mu kifuba n'okugakulukusa ne bagakulukusa bombi olw'essanyu eringi. Olwo nno nze, ntunula ng'omuntu awaanyisibbwa ebirowoozo bye era nga mmwenyereketa nga ekikutuzi ekirabye eyeeyalira naye nga simanyi kye nsekera. Mu kiseera ekyo kyenva mbuuza omukyala mu butali bugenderevu nti "Lwanyisa Embeera omumanyi?" Ko ye nti "Oyo yakulira

wano n'omwana wange Lubaale Mbeera era ne jjajjaawe y'ono. Ssekitooleko n'agamba omukyala nga ansonzeemu nti "Oyo ye Lubaale mbeera." Awo nange ne mbagwa bombi mu kifuba, bwe ntyo ne mbeegattako mu kugakulukusa kubanga nali sibeerangako nseenene nti "Bwe banankwata ne nkaaba ne nteebwa olwo balye ani?" Twamala essaawa nnamba nga tuli awo tukaaba, ŋŋenda okuzibula bwe nti, nga basajja bange nabo bagasangula ekyansesa ate. Nga mmaze okutegeera nti mwami Ssekitooleko ye kitange anzaalira ddala era n'omukyala omulungi oyo Kyaterekera Omunaku ye yali mmange ate era nga n'omukadde oli gwe twasisinkanawo ye yali mayumba kkumi jjajja wa Lwanyisa, nawulira essanyu eritabangawo era n'emmeeme eyali yeewanise olw'ebirowoozo bye nalimu, okuva lwe twali twaawabye okugenda ku kizinga ekyo n'ekka n'okussa ne nzisa ekikkowe ekinene ennyo. Awo kyenva nvuunamira kitange emirundi esatu okumussaamu ekitiibwa era bwentyo ne mmange emirundi esatu. Kino nno nali nakikoppa ku mwana Omuwalabu bwe yakikola mu maaso ga bazadde be ne kinsanyusa nnyo. Mu kiseera ekyo mmange yatufunira nze n'abasajja bange ensiisira ez'enjawulo ze twali ab'okuwummuliramu okumala ennaku zonna ze twali ab'okumalayo awaka waabwe. Nawulira essanyu essukkulumu ggwe wamma ne mpulira nga nfuuse muntu mulala omuggya okuva mu muntu oli omukadde. Twabeerawo ne bazadde bange okumala ennaku kkumi na nnya nga "nnyonka bbeere lya maama" era nga sirowoozezza ku mirimu mirala. Bwe twali twakamalayo ennaku kkumi nnambirira, mmange yantwala ku ntikko y'olusozi olwali lusinga obuwanvu ku kizinga ekyo olwayitibwanga Kasonko okumponga mu Balubaale. Nga tutuuse mu kifo we yali antwala, yaŋŋamba nti "Bw'obanga ofunye ebizibu ebizitowa okusinga ggwe nnyini byo, okomangawo wano ku ntikko

y’olusozi luno n’osaba okuyambibwa, era mmanyi nga tolirema kuwangula bizibu ebyo ssinga oliba ozzeeko ku lusozi luno. Ne bw’oliba olemereddwa, waakiri obuyambi bulireetebwa ebinyonyi eby’omunsiko okukutuukako kasita oba nga wagezaako wenna n’ewemalayo ne bigaana bugaanyi byo naye nga ggwe olemeddeko. Kasita yamala okwogera ebigambo ebyo, yanfukamiza ku kyayi okwali kubembedde ensimbi eŋŋanda n’ansabira emikisa okuva mu bajjajjange okungobereranga ebbanga ly’obulamu bwange bwonna. Nga amalirizza n’okunkolako emikolo emirala omwali n’okunnaaza ekyogero ky’emikisa, twava ku lusozi nga tetuzzeemu kutunula mabega okutuusa lwe twatonnya ku nsiisira zaffe, kubanga mmange yali yandabudde obutatunula mabega nga tukomawo si kuba nga emikolo gyankozeeko Balubaale tebagisiima ne gifa ttogge. Eyo nno ku lusuzi twali tumazeeyo ennaku ssatu tumale tutanule okuvaayo. Nga tukomyewo, twatuuka jjajja teyeewulira bulungi era yagaana n’okulya ekyemisana ku lunaku olwo okutuusa enkeera. Bwe yali azzeemu ku maanyi, jjajja yampita mmuwerekereko ku lusozi olwali luyitibwa Kawanvu. Luno lwali kinnya na mpindi ne Kasonko era z’ombiriri zaali ziriraanaganye. Bwe twali tusimbula, yankwasa emmindi ye, amaliba abiri, n’omuggo gwe ye n’akwata oluga lwe. Awo ne twambuka mpolampola ku lusozi olwo nga tuli babiri mpozzi n’abalenzi ababiri abaali abakuumi bange ab’okulusegere abaakobera olunyiriri. Bwe twali tunaatera okutuuka ku ntikko y’olusozi, yalagira abalenzi ne basigala emabega olwo ffe ne twambuukiriza ku biyinjayinja ebyanfaananira olwazi olumenyefumenyefu okutuusa lwe twatuukira ddala ku ntikko y’alwo. Nga tutuuse, kwe kundagira ntuule ku ddiba ly’embuzi eyali ey’obugondogondo ate ye n’atuula ku ly’embuzi eya kiweewoweewo. Nga tukkalidde, y’ankwata

emikono gyombi naagissa mu nvubo z'engalo ze naŋŋamba nti

"Muzzukulu, nkulaba ng'oyise mu bingi okutuuka wooli kati, naye tonnafundikira lugendo lwo olwakutonderwa. Gy'oligendanga yonna osanyukanga era n'obeera mu mbeera zonna z'oyagala, naye teweerabiranga gyewava. Bw'obanga okutte ekirungi kyonna mu ngalo zo, omenyangako n'ogabira basajja bo era n'abantu bo abakubeera ku lusegere. Teweegombanga bukulu na bitiibwa era tobiyaayaaniranga olw'okuba nga osinze ku banno okutabaala, naye bwe babikuwanga ebyo tobigaananga, oleme okunyoomebwanga abakwesiga n'abakukkiririzaamu, kubanga balirowooza nga weekuumira nnyo emabega. Olwananga n'amaanyi go gonna neweemalayo bwe kiba nga kutaasa bulumu bwa bantu, naddala abo abatwalibwa mu buddu ne mu bunyage nga balangibwa bwemage nga mpaawo musango gwe bazzizza. Osobolenga okusabirwa emikisa ggwe eginaakufuukiranga obuwanguzi buli lunaku, ebbanga lyonna ery'obulamu bwo, kubanga Lugaba talirema kukuwa byeweetaaga, ng'okola ekirungi bwe kityo mu maaso ge. Wabula ng'oggyeeko ekifaananako bwe kityo, tewemalangayo okutuuka ku mmeeme yo by'eyagala, nga weeyambula okulaga embeera zonna ez'obulamu bwo. Oleme okwogerwako nga omusajja eyeewaayo yenna ku bintu eby'ekiyita mu luggya era ebiseebengerera amangu, okuswala mu maaso ga basajja bo, mikwano gyo, n'okusingira ddala okukutunuulira amabega go nga balaba gye wazaalibwa ne gye wakulira.

Ensonyi ziyinza okuba ennungi kubanga zikuziyiza okukola ekintu ekibi era ekyandikuswazizza mu maaso g'abantu. Wabula kubeera kwefuga kwa muntu, omuntu oyo kwayambaza ensonyi mu mutima gwe, olwo n'alowooza nga zeezimunnyuludde mu nnyanga y'okukola ebitasaanidde.

Wazira nga teziba nsonyi nga bwalowooza, naye okwefuga kwe n'okutegeera kiki kyali mu maaso g'abantu. Okubeera n'ensonyi kifiiriza omuntu okukola eby'omugaso bingi n'obuvumu olw'okutya okumutunuulira nga abikola, bwatyo ne yeekomama nga atunula wansi era n'afikka bingi nga banne bagabana amakungula sso nga mu kusiga baasigira wamu. N'olwekyo muzzukulu, weewalanga okubeera n'ensonyi kubanga gwe guyinja ogunene ogusesebbula obwongo bw'omuntu ne bufa nga tamanyi nti bufa. Era omuntu bwati agenda okujjukira okwebikka, nga obudde bukedde. Awo nno totyanga kuyimirira kukola ky'otekeddwa okukola olw'emmunye z'abantu ezibeera ziyegese amaaso go ggwe.

Ofubanga obutakola nsobi mu bulamu bwo, wazira bw'ogwanga mu kateebe k'okukola ensobi akateewalika muntu mulamu, okolanga eyo eteekukuulire kabazzi ku kugulu wazira okukolanga eyo enaakutasanga n'okukulokolanga mu buzibu obusinga obunene, n'addala nga obuzibu obwo buluma balirwana bo na mikwano gyo, kubanga tosobola kutaasa kitaawo eyeetolooddwa empologoma ettaano nga n'amalusu gaziwandagala era zimira muganda, ng'okuba enduulu abantu bajje balabe ekiguddewo. N'olwekyo olowoozanga nnyo nga tonnaba kusalawo, oba kulya oba si kulya ekikuteereddwa mu maaso go.

Essuubi lyange ne nnyoko lyonna liri mu ggwe, era okuva kaakano n'okweyongerayo tunuulira nga ensi yonna eri ku bibegabega byo ggwe, olwo obeere ow'omugaso ebbanga lyonna mu nsi n'okukirawo. N'olwekyo, okolanga byonna byonna nga omanyi nti ggwe akiikiridde Balubaale ne bajjajjaabo mu byokola; nga ensobi emu bweti gy'olikola, erimala bumazi okwonoona n'okutabangula ensi yonna, obutaddamu nate kubeeramu mirembe ng'egyaliwo edda.

Kyokka nga byonna bivudde ku ggwe. Olwo buli kitonde kiryoke kikwevume okwejjusanga olunaku lwe wazaalibwa. Bw'otyo ggwe n'olulyo lwo lwonna lutambulirenga mu bigere ebiddugala eby'ekikolimo ekikakali, okubonaabonanga emirembe n'emirembe, naye nga ggwe avaako kalumanywera ataliimu mulamwa era ow'obusirusiru. Awo buli lw'olijjukiranga ebigamba ebyo, tolirema kutuuka ku buwanguzi mu by'oyagala n'okusingira ddala okumaliriza omulimu gwo ogwakutonderwa.

Nze gw'olaba sigenda kuva ku lusozi luno nga nkyali mulamu, wabula nkwagaliza mikisa gya Balubaale, era n'egya bajjajjaabo gikuwerekerenga yonna gy'oliraga. Bwoliba nga oyingira mu nsiisira yonna oba ng'ofuluma, ogenderengako emikisa nnamutaayiika osobole okubeera ow'omugaso mu maaso g'abazadde bo ne mu maaso g'abantu. Weeraba master Lubaale Mbeera, nkukubyeko ebirozo omuzzukulu." Bwe mba nkyatunula, kyava ata emikono gyange omulundi gumu n'atandika okussiza okumukumu. Awo kyenva nziruka kiwalazima, ne mpita basajja bange be twali twalese emabega tulabe bwe tunaayamba jjajja obutafa. Wazira kyatubuukako okutuuka nga jjajja lwamazeemu dda, era ng'aserengese kaganga butalaba nate bya ku nsi. Oluvannyuma nategeera nga jjajja oyo bwe yaalibadde yafa edda, wazira nga Liisoddene akyamubisseeko akasubi era nga emizimu gye tegyebase, kubanga yali yasuubizibwa mu kirooto olumu, okusigala nga akyamoga era n'enkuyege nga zikyamukubira enduulu okutuusa nga andabyeko nate mu bulamu okuva lwe twayawukana, era y'ensonga lwaki yantwala na ku lusozi okumbuulirira ebigambo bye ebisembayo, era ng'amaze n'asiibula ensi. Nga tumalirizza okulimumalirako, kibuyaga yakunta, obudde ne bufuuka bwa kazzikezzike mpozzi n'obukuba ne bufuuyirirayo obutonotono. Mu kiseera ekyo nawulira nga nsigaddewo nzekka olw'okuviibwako jjajjange

oyo, bwe ntyo nga nsigalidde kuwambaatirwa wansi w'ebiwawaatiro bya bazadde bange bokka. Era mu kaseera ako kennyini we nasalirawo tuveeyo eyo tudde mu lubiri, kubanga nali ntandise okubulwa otulo ekiro, olw'ebirowoozo ebingi nga ndowooza n'okulowooza nti nnyinza n'okumuloota. Twalekayo ensiisira zonna nga nkalu, era nga n'ekizinga kyonna kikalu, okujjako ensolo n'ebinyonyi bye byokka bye twalekayo ng'abatuuze b'ekizinga ekyo. Bwe tutyo ne tukomawo nga ndi ne bazadde bange tubeere mu lubiri ffenna, kubanga nalaba ng'okubalekayo kye kibi kye nandikoze ekitasonnyiyibwa.

Twatuuka bulungi mu lubiri era Kabaka yannyaniriza nnyo nnyini awamu ne banywanyi bange be nali nabo. Nga ndaze bazadde bange, kyampaliriza okukola embaga eyaniriza bazadde bange, nange okusanyukirako olw'okulaba bazadde bange bombiriri omulundi gumu. Oluvannyuma Mbazzi yantegeeza nga Lwanyisa bwe yali yakwatibwa era nga nze bwe nali nduddewo okudda mu lubiri okugumusalira kubanga "Ennungu enkalirize ekisa tewona." Naddala ku lwa nnamungi w'ebizibu gwe yatutuusaako.

Bwe ntyo nno bwe najja okusisinkana bazadde bange bombiriri olubereberye; omukulu Ssekitooleko, ne mmange Kyaterekera Omunaku. Kyokka nga muyaga gwa nnyanja gwe gwa bansuulako nga simanyi na kumanya nti tulisisinkana olunaku olumu.

OKUFA KWA LWANYISA NE IBRAHIM.

Lyali ttuntu likunta Ibrahim amale agende okulaba ku Lwanyisa mu mbuzi ekogga gye yali yaggalirwa. Olwali okutuuka bwati, Lwanyisa kyava amubwatukira nti "Kiki ekikuleese kisiraani ggwe?" Nejjusa butakukuba ku ssekalootera wo oyo ataliimu magezi nga tukyali ewa jjajja." Ibrahim bwe yalaba nga Lwanyisa aswakidde ng'emmandwa ennume, kyava amubikira okufa kwa jjajjaawe yeetegulewo mangu si kuba nga Lwanyisa amukola wamusota kye yakola wakikere. Lwanyisa yatema omulanga ogwaleeta n'abadduukirize okuva ebule n'ebweya. Buli lwe yamalanga okubabikira, ate nga anenya Ibrahim olw'okumufaananira nga Abawalabu abaatta kitaawe, abaayokya enasiisira yaabwe era abaamumalako buli kyeyalina. Abantu bwe baamubuuzanga ekyali kimukolaganya ne Abawalabu (abatta kitaawe n'abantu be nga bwe yagamba), amale atulyemu olukwe ekyali kyamuviirako n'okusibwa okwo, yaddangamu nti "Anti nali siyagala kulaba ku Ibrahim." Kyokka nga Ibrahim yali taliiwo Lwanyisa amale atulyemu olukwe, kubanga yali mu matwale gange e Buwalabu gye nali namuleka. Awo buli muntu neyeewuunya Lwanyisa embala y'ebintu bye mu bulamu bw'ensi eno. Nga tutuuse mu ggandaalo ly'olunaku olwokubiri, nagenda ku nnyanja ya Kabaka ne ntuula awo ebbali akawewo k'ennyanja kanfuuweko. Bwe nalengera amayengo ag'amaanyi nga gakuba wakati w'ennyanja, ganzijukiza omuyaga ogwakuba eryato lyaffe limale ligwe ku kizinga okwali bazadde bange. Bwe nalowooza ebyo, ate ne nzijukira ebigambo bya jjajja bye yaŋŋamba nga tuli ku lusozi nga tannaba kuserengeta magombe era ne mbifumiitirizaako. Nga ndi awo binnyumidde okulowooza n'okwejjukanya, Mbazzi kyava ajja n'anteekako omunagiro gwange ndowoozoa lwakuba empewo ennyogovu yali ezze. Ko nze "Nkyafuuyibwa ku kawewo, nja kwambala edda." Ko ye

“Anti Kabaka akuyita.” Ko nze “Anjagala budde ki?” Ko ye “Anti wuuno emabegawo.” Bwe nkyuka nti nga mmulaba. Awo nambuuza nti “ Lwanyisa ne basajja be ogenda kubakola otya? Anti ggwe obalina mu mukono gwo kaakano.” Ko nze “Tubasonyiwe, tubate wazira tugobe bagobe mu lubiri ne mu bwakabaka bwaffe.” Ko ye nti “Nze mbadde ndowooza tutegeke empaka za martial arts wakati we ne basajja be, beesaanyeewo, naye tumusaanyeewo.” Ko nze “Bwe kuba kutegeka mpaka, ka nzitegeke wakati wa basajja bange n’ababe era wakati we nange olwo ndyoke ndage obwenkanya wakati we nange, era ensi yonna erabe nga mmuwangudde naye yennyini agende nga ansabidde emikisa kubanga ajja kuba akkirizza nga ye mukyamu.” Ko Kabaka nti “Omubbi bw’omusanga ayunja ettooke lyo, n’omugamba nti nkukutte, olowooza akkiriza nti abadde alibba? Ekyo ndaba tekijja master, yiiyaayo ekirala.” Ko nze “Olunaku olumu ye yennyini yaŋŋamba nti, obuwanguzi ssi kwe kutta mulabe wo wabula obuwanguzi kwe kulwana n’omulabe wo okutuusa nga akkrizza nti omuwangudde. N’olwekyo kijja kuba kya butiitiizi bwe mbatta ntyo nga sibawadde mukisa kwerwanako na kwenenya, era n’ensi ejja kunnyoomoola ng’omutemu atta mu bukambwe omuntu yenna abeera amunyiizizza.” Ko ye nti “Kati yogera nno eky’okukola.” Ko nze “Mbazzi agenda kulonda abasajja abiri mu babiri abagenda okulya amatereke n’ababe abiri mu babiri. Musajja wange anaasembayo mu nsiike ajja kulwana naye ku mulundi ogusembayo.” Ko ye nti “Kola nga bwoyagala.”

Awo ng’olunaku lutuuse olw’okulwanirako, abantu enkoko baagikwata mumwa era nali sirabangako lulwana mu nwana zonna ezaali zibaddewo mu lubiri nga lusombye abantu nga abajja ku lulwana luno era simanyi ng’olulwana ng’olwo lulibaayo nate okubasomba, mpozzi tomanya. Anti “Obukya buziba bwenkanya omwana ne nnyina.” Awo nno

wennalabira ekibanyi bwe kigwa n'amenvu era n'oweriiso erimu bwatemya ku wabiri gy'obeera nti yamusinga okulaba."

Nga buli muntu akkalidde waatudde era nga n'akasiriikiriro kawambaatidde ensi, Mbazzi yasituka nasoma ekiwandiiko ekyamuweebwa Kabaka okukisoma. Kyali kisoma bwe kiti: "Master Lubaale alina abalwanyi abiri mu babiri abagenda okwatika n'ab'omukulu Lwanyisa abiri mu babiri. Omuwanguzi anaasembayo ku ludda lwa master Lubaale y'anaalwana n'omukulu Lwanyisa Embeera. Ssinga mukulu Lwanyisa Embeera awangula, ajja kuweebwa ekirabo ky'obuwanguzi nga kwe kumuta nga mulamu agende okuva mu bwakabaka buno yeetonderewo ensi empya. Kyokka bw'anaawangulwa, ajja kuttibwa ye ne basajja be ab'okulusegere, n'olwekyo alwane ng'akimanyi nti alwanirira bulamu.

Amateeka g'okulwana gali bwe gati; Oli wa ddembe okulwanyisa ekitala, engabo, akaso oba omubiri gwo gwokka. Oli wa ddembe okutta omulabe mu ngeri yonna kasita obeera ng'okozesezza ebyo bye mmenye mu tteeka erisoose. Tewali muntu akkirizibwa kuyingira ddwaniro ataase omulwanyi yenna okutuusa nga omulwanyi oyo akkirizza nti awanguddwa oba nga omusazi w'empaka ayise obuyambi. Omuntu wa ddembe okulwanirako mukwano gwe wazira ng'omulwanyi ataasiddwa mu ngeri eyo amala kufuluma olwo agenda okumuyambako n'alyoka ayabika n'omulabe mu ddwaniro. Wabula kino kijja kukkirizibwa ssinga gwe bagenda okutaasa ali bubi era nga takyamalako na kulwana. Ago ge mateeka agagobererwa mu lulwana luno. Nga ekiwandiiko kimaze okusomesebwa, Kabaka yennyini ye yaggulawo omukolo guno ogw'okulwana mu butongole. Nga empaka zitambudde okumala akaseera, basajja bange kkumi abaasoka mu nsiike bonna baattibwa. Abasigaddewo ne

gabaggwaamu. Olwo nno Lwanyisa nga enseko zitta era nga atunula balungiye nga kaasa asse Kabaka wa Bamunyeera. Nga okulwana kwa musajja wange ow'ekkumi n'omu kutuuse, nalabira ddala nga agendedde ku biragiro naye nga okufa kwa banne ekkumi kwamukubye wabi. Nga batandise okulwana, nagenda okulaba nga "Omulabe" alwanyisa musajja wange mu ngeri ya kitemu so si kumuwangula, kubanga waliwo lwe yamulinnyalinnya ku lubuto nga omwana omuto azannyira ku busubi obuweweevu. Nali sisobola kugumiikiriza kulaba kino nga kigenda mu maaso, era bwe ntyo ne ndagira mu ddoboozi eddene nti "Lekeraawo." Awo ne nsaba musajja wange abasawo bamujjeyo, nze nnwane mu kifo kye ye.

Ekyanzigya enviiri ku mutwe, ye yennyini yaŋŋaana okulwana nti yali tayinza kukkiriza kundaba nga mpisibwa nga ye. Kyokka nze nabimumizisa era ne ndagira bumujjeyo mangu bunnambiro. Awo Kabaka kyava ampa ekitala kye okukirwanyisa, kyokka nze ne mmusaba akisigaze mu bulungi olw'ensonga nti nze nalina kye njagala okulwanyisa. Awo kyenva nnonda ekitala ky'omu ku basajja bange abaali baattiddwa omulabe nga baakozesa kikye okumutta ekyali kyabunye dda omusaayi kyonna nga n'okutonnya gukyatonnya, ne nkireeta okukirwanyisa. Nakikozesa okusaanyaawo abalwanyi ba Lwanyisa amakumi abiri ne mbamalawo ne wasigalawo babiri. Musajja wa Lwanyisa ow'abiri mu omu namusonyiwa kubanga yakkiriza nti mmuwangudde ate nga nali siyinza kutta mulabe akkirizza nti musinze. Wazira bwe yali addayo ewa mukama we, Lwanyisa yalagira omulwanyi we asembayo okutta ono gwe nasonyiwa olw'okumuswaza. Nga bwe yalagira era bwe kyakolebwa. Musajja wattu n'attibwa bwemage atyo awatali nsonga emussa, kubanga ekyamazima kyali nti taba kusalawo bwatyo, yali talutonda.

Kino nno kyankola bubi nnyo era ne mpulira nga obusaasizi bwe nalinamu buwaanyisibbwaamu ekiruyi eri omusajja oyo ne mukama we okutirimbula omusajja eyali agezezzaako okuwonya obulamu bwe. Nga mmalirizza okuwangula basajja ba Lwanyisa abiri mu omu, eyasembayo oyo yajja tulamusaganye nti "Wasuze otya, bali batya eyo, enkuba etonnya?" nga tukozesa bissi. Omusajja oyo yali ayitibwa Batimu. Omulwanyi oyo yali amyuse amaaso, nga musunguwavu nnyo era nga alabika alinze kunsaanyaawo kye kyokka. Nga tukwataganye, yankuba emirundi egiwera era siyinza kukubuulira mirundi kitala kye gye kyansoya naddala ku mukono gwange ogwa kkono. Wabula nga tukyalwana, yatuuka ekiseera n'ayagala ansikeko akatambaala kange ak'okumutwe kitange ke yali yampa oluvannyuma lw'okukuba sseppeewo yange n'egwa ebweru w'eddwaniro. Bwe nali mmuziyiza, yantema n'ekitala kye ne mpulira nga kinnyingiridde ddala era nga kintuuse ku ggumba waggulu w'olukokola lw'omukono ogwa kkono. Bwe nalaba kamaanya ataamye nga nnyinza n'okutandika okwejjusa ekyanteesezzaawo empaka ezifaananako bweziti, emimiro gyange gyegatta olw'essungu eryanneetimba obutanzikiriza na kumira ddusu. Nasooka ne nkuba ekitala kye nga nkozesa ekyange mu ngalo, bwe kityo ne kimansuka eri kyokka nga tekimuvudde mu ngalo. Awo kwe kukwasa ekitala kyange omukono ogwa kkono nkimufumite mu lubuto. Bwe mba mufumita bwenti, n'akiziyiza, kubanga yassaawo mangu engabo ne nfumita yo. Kazzi nali ŋŋenderera kumufumita kaso akaali mu mukono ogwa ddyo so si kitala, kubanga kkono eyali akutte ekitala yaliko ekisago kinene nga tekisobozesa na muntu kunyweza kitala, n'olwekyo teyakwasa ggezi lye namusalira mu kaseera ako. Bwatyo nga akyavuya, namusogga akaso mu kifuba wakati, era okukkakkana nga lumazeemu amazzi. Bwentyo bwe

nawangula Batimu eyali anfuukidde ekyambika newankubadde yandekera ebisago binene, era si nze eyalaba amuwona omulamu tawoneka! Banzijawo kuntwala kujjanjabwa.

Nga kye bajje banzigye mu ddwaniro okujjanjabwa bwenti, Lwanyisa yeesowolayo busimba n'asaba alwane ne Ibrahim. Kyokka Ibrahim n'agaana. Awo Lwanyisa kyava amubuuza nti "Gwe nnanyini martial arts yenna owa master Lubaale, n'otya nze akaana obwana okunnwanyisa! Kale n'omusulo gwekojoba, naye ggwe olyawo ng'endiga gwe yatomera! Ng'olabye ssempala wattu, yii bambi!

Ebigambo ebyo Ibrahim byamukuba wabi mu mutima gwe era olwabyo, teyali mubi n'akkiriza okulwana. Nga Ibrahim akkirizza okulya amatereke ne Lwanyisa, Lwanyisa yawera enkolokooto nti agenda kutimpula Ibrahim amuyise ne nnyina eyamuzaala. Ssi ekyo kyokka, afukamire yeegayirire Lwanyisa olw'obulamu bwe era amusuubize n'okumukolera ng'omuddu we ebbanga ly'obulamu bwe lyonna. Ibrahim bwe yalaba Lwanyisa yeeyitirizza okweriisa enkuuli, n'amuddamu nti "Owange Lwanyisa oyagala kumpisaamu maaso? Oba si kyekyo, kale gira butwefuuke, okulwana kusoggola, eyakedde enkya tannamala?" Lwanyisa kyava amuddamu nti "Tuggyeeko olunderebu, olowooza eryo ettumbiizi ly'obusungu bwo lintiisa? Otwaliranga mukazi wo n'ayaniriza so si nze."

Awo Lwanyisa aba kyajje ajje ebigambo ebyo mu kamwa, Ibrahim n'atambula ng'amwolekedde muwulule ng'enkima erengedde ekibanyi ky'amenvu, nga kirabika ebigambo bya Lwanyisa byali bimunyiizizza. Anti baalugera dda nti "Anaakujja emize, ageya nnyoko nga wooli." Lwanyisa naye n'amusemberera munda mu ddwaniro enkalu zinoonye

obukongovvule era bambalagane bukanzu, essuuka ewenjuka! Mu kulwana okwo, bwe baakubanga ekidde okuwummulamu, Lwanyisa nga alyoka ayogera atunuulidde Ibrahim nga bwagamba nti “Laba ekikazikazi kino mbu kisajja, kyonna kitunulaa kizinzibadde ng’embwa edduka omunyazi, olaba ekitala kyange bwe kikujjidde nga erinnyo ly’enjuki.” Era nga ayongerako nti “Gulabe guwejjawejja nga kaweewo, n’olulimi lwagwo lusagga nsowera, kyokka bannange omuntu yeesiimye okulwana n’ogudomola guno!” Bino byonna yabyogeranga binyiga Ibrahim era nga bimusekula ntungo ennyuma mpozi anafuwe. Kyokka ate yasigala mugumu era nga tammuddamu kigambo, wabula okusirika obusirisi n’akonera ddala n’aleka oli ne yeeswaza, n’okusuulumba obusuulumbi. Anti baalugera dda nti “Omweyogerze takusuuza kayanzi ko.”

Nga balwanye okumala akaseera, Lwanyisa yatuuka ekiseera n’abunira era n’ataddayo kufulumya kigambo na kimu bwe kiti. Awo ffe abalabi ne tulyoka tunyumirwa. Olulwana lwali lwa musajja ku musajja, era bombiriri baayolesa obukodyo obuzibu. Ibrahim yagendanga n’abuuka mu bbanga, okugwa ku ttaka nga asoosezzaawo mikono kyokka mangu nnyo nga amagulu ge gayimiride. Ffe abalabi twanyumirwa omuzannyo era ddala baali balwana kufa na kuwona. Wazira sisuubira oba nga nabo ab’omuddwaniro baanyumirwa anti “Atamukutte y’agamba yaaye…”

Nga akabanga kayiseewo nga kitokota si kisaanikire, buli omu yakuba munne ensamba ggere eyamunoza era eyamukasuka ku mugguukiriro gw’eddwaniro. Awo Ibrahim n’agamba mu ddoboozi eddene nti “Kye kiseera nkutemeko omutwe gwo ngabire namuŋŋoona ne kumunye ezaafa edda enjala. Ko Lwanyisa “Ondabira wano naye martial arts gwe nnina yenna wuwo, anti bwe wafundikiranga okusomesa Lubaale, nze nga

nneegezaamu bye ndabye. N'olwekyo ŋŋenda kukozesa enkola yo n'akakadyo ko kennyini okukusanyaawo nkumize omukka omusu olwaleero. Bwe yamala okwogera ebyo n'asekamu, n'ayogera nti "Ssinga wabadde mugezi tewaalirwanye nange, naye era anti "Akanaafa….." Ibrahim bwe yalaba Lwanyisa amufuukidde ekikoligo, n'alyoka nno azimukaliza ku mumwa. Anti Lwanyisa bwe yali akyayogera, Ibrahim n'abaka ekitala eky'okubiri ku byali byagudde mu nnwana ezaasooka n'akikasukira Lwanyisa ne kisalako akafi katono ku mumwa okugugaziya, wazira olw'okuba yaakyetegula mangu, tekyamumalaawo, awo nno n'alyoka asirika ko. Lwanyisa bwe yalaba kino, kwe kubuuka ng'omwokyeko omuliro nga awanise ekitala. Ne Ibrahim teyali mubi n'atumbiira mu bbanga, wazira mu kaseera ako amaaso gange ne gajjako ekifu kye saamanya gyekyava.

Naddamu okwetegereza obulungi, nga batuuse ku ttaka. Bwe nzibula bwenti, kye nalaba kyanzigya enviiri ku mutwe ne zibwa wali, era tekirojjeka. Anti nga Lwanyisa akimuyisizzaamu kiggukiddemu eri ebweru, kyokka ate nga ne Ibrahim teyakoze nsobi kubanga naye yali yamufumise mu ngeri y'emu. Awo nze kwe kuyita mu ddoboozi eddene ery'omwanguka nti "Master, master, master wange……" Kwe kunziramu nti "Mukama wange, nakusuubiza nti ndikuweereza…….mukama …… mukwano…..gwa…….nge ……..kino kye nsobodde…..okukukolera……na…….ye……san yaawo……..obusuubuzi…….bwa……baddu, mukama wa ……..nge……."

Awo ne nziruka mu ddwaniro, bwe ntuuka bwenti, Lwanyisa kwe kusikondka nga bwawandula onusaayi abeeko kyaŋŋamba. Naye Ibrahim teyamuganya, kubanga yajjayo akaso akatono n'akamufumita mu kifuba olufumita lwe

olwasembayo mu nsi n'afiirawo. Era mu kaseera mpa we kaaga, ne Ibrahim ne lumalamu. Bwatyo Ibrahim bwe yawangula era bwe yakazakkaza Lwanyisa, weewawo naye kaakano yali afuuse mbuyaga ezikunta. Awo ne nkuulamu ekitala mu njole ya Ibrahim, era yaziikibwa nakyo mu ttaka. Kyokka bwe nali ŋŋenda okukikuula mu Lwanyisa, Mbazzi n'aŋŋaana ye n'akimukuulamu, n'amala n'akimusogga emirundi bufukunya okutuusa lwe yakakasa nga ddala afudde. Era wano we nategerera Mbazzi bwe yali yakyawa Lwanyisa n'obulamu bwe bwonna, so ng'ate Lwanyisa yali yakyawa Ibrahim n'obulamu bwe bwonna.

Nga ntadde enjoye ya Ibrahim mu kittuluze ngitunuulidde bwe yali tennaba kuziikibwa, muli nalowooza oba nakola bubi okwesembereza Lwanyisa olw'okweyolera empiri mu bunnya gye naleka okwagaagala ng'ekirugu bwe yankoosa akagiri bwati! Kyokka nali mmanyi yeenenya naye mpozzi nali neerabidde nti "Ekinaakulyako amenvu kisookera ku kususa." Kale laba gwennasembeza munnange mbu nnyini bwanfuukira omuteego, buggala nga n'obugere akuba ku kye mba mujjukiza okukuuma obwesigwa. Kazzi nga mpala nswaswa ku lwazi nga simanyi. Kitawe nze nga mmanyi nti ampulirizza, kazzi agenda kwefuulira mu kiti ng'embazzi ambuzeeko n'obwekyusizo. Anti baalugera dda nti "Sserwajja okwota, lukiza nnyinimu entannama." Kyokka olw'okwagala okubeera akakira k'ente akakuba erudda n'erudda, ndekeraawo okwejjusa olwekyo, naye owa! Lwanyisa yali muntu muzibu nnyo ebbanga lye yamala ku nsi! Kale ng'oggyeeko okusanguliza Ibrahim ebisooto, Ibrahim n'amuleka naye era n'amulemera ku mabega obutamukkiririzaamu. Kale nze yambuzaabuza okumutegeera, naye kale anti, ne bwe naakola ntya si kugamba nti nali n'abimusibira ku nnyindo, nedda. Naye newankubadde kiki nga nali mulina kayege, bambi yandekera enkovu ennene

okumala ganzitira mukwano gwange eyanfuula nze okubeera n'obukodyo obwa martial arts okuwona obuddu. Ate nze ne nnunula abaddu ku lw'oyo omwana ow'enda ya nnakalaama omulala ava e bunaayira.

Olwava awo, ennaku ezaddako twatwala kumalirako ttaka ku mirambo egyali gikunkumuse ng'enseenene. Awo nno gwe nali ntwala nga muganda wange bwe twakula awamu era bwe twazannyanga, awo we yakomekkerereza obulamu bwe, ne nsigala nze mu nsi ne bazadde bange bombiriri kitange ne mmange.

NFUNA OMUWALA OW'AMAGEZI.

Bw'ofiirwa nnyoko tosula ku malaalo, n'olwekyo natandika okwerabira ennaku zange olw'okuviibwako abantu bange abo ababiri, muganda wange n'omukuza wange nga sitaddeeko basajja bange ekkumi abaattibwa mu muzannyo nga balwana n'aba Lwanyisa.

Lumu nga tumaliriza ekyemisana awo ebyebajjagalo we bifuukira oluyimba omutali ggono, Birabwa yampita tugende mu muti ogwali emmanju tunyumyemu, mpozzi n'okunnyimbiramu akayimba nga bwe yateranga okukola. Bwe tutyo ne tugenda mu muti nga bwe yali enteekateeka. Bwe twatuukayo, kyeyava annyonyoogera omulundi gumu mu mbiriizi ne mpulira nga nfa olw'ennyonnyoogeze. Kyokka yandeka atyo n'ateekako kakokola tondeka nnyuma ne yeekweka emabega w'omuti era nange ne mumerako.

Bwe nali naatera okumukwata bwenti, n'ansekerera, n'antega ne ngwa ennume y'ekigo ggwe wamma n'ennyindo n'enyweegera ettaka. Awo nze kwe kumubuuza nti "Kiki kyonnanze okunkola oti?" Ko ye nti "Sirabanga musajja

munafu nga ggwe, n'omukazi obukazi n'akukuba ekigwo?" Amangu ago kyenva muvumbagira mmulage eryanyi essajja. Ko ye nti "Tommenya maama nze, oyinza okunkutulamu bibiri okusinziira bwe nkumanyi." Ko nze "Tuzannyemu oba?" Ko ye nti "Kyenva nkwagala baze, tuzannye! O o n'omuwana w'omukazi afuneko ku ssanyu ng'erya baana ate be banazannyanga bokka?" Ko nze "Jangu tumeggane mu kigwo tulabe asinga munne." Ko ye nti "Bwe biba bityo, nze nedda, mbadde mmanyi nti oba abuuza kuzannya mweso!" Ko nze "Eby'omuzannyo tubireke?" Ko ye "Tubireke wabula sooka onnyanukule kino." Ko nze "Buuza ky'obuuza teveewo."

Ko ye "Naye nze, Sanyu ne Kwagala ani gwe wali osinze okwagala?" Ko nze "Asinga Birabwa simulabangako, si mu bulungi, mu buwombeefu newanankubadde mu kunsanyusa." Ko ye nti, "Mwana ggwe bulijjo onjagala bw'otyo? Bannange, ng'omwana w'omukazi yeesiimye!" Mba sinnamuddamu, nnalulungi omulala n'atuuka. Omuwala ono eyatuuka yali mutonotono, muwanvu, nga n'omubiri gwe mugonvu nnyo kye saasooka kukkiriza olw'entambula y'obulamu bwe. Yali tasekaaseka era nga n'emirundi gyamwenyamu akatono gibalwa ku ngalo, anti ng'olwo asanyuse bya nsusso oba ng'abamwetooloodde baleese ebisesa n'ebagwa eri ne beeyala ne ku ttaka olw'enseko ezitta. Yali mweru, nga amaaso ge malungi nnyo era nga gasanyusa okulaba. Yali atukula bulungi omubiri gwe gwonna era nteebereza nti nnyina ateekwa okuba yali Muwalabu kubanga teyamulabako. Anti olwali okumukuba wali nga kamuzaala afa. Bwatyo n'akulira mu mikono gya kitaawe nga mulekwa. Kitaawe yali mbwa na ngo ne muganda we Ssekabaka Kamaanya, ekyamuleetera okulaamira omulangira eyamuddira mu bigere, Kabaka Suuna ow'okubiri okwagala n'okukolagana n'abawala bonna abomu lubiri, naye aleme

kwagala muwala oyo era Kabaka Suuna ow'okubiri yali wa kumutta, wabula Omulabaale ye yamuziyiza, kubanga abeera kugezaako kumutta, naye yennyini teyaalirutonze ng'oggyeeko ekikolimo kye yandirese emebaga okubonyaabonyanga olulyo lw'obwakabaka n'obwakabaka bwonna okutwalira awamu.

Omuwala oyo yanjagala nnyo nnyini era nali sirabangako anjagala ng'oyo era sisuubira nate okumulaba. Weewaawo nalwawo nnyo okumwagala nze, naye nange nakkiriza nti namwagala nnyo okusinga bwe nali njagadde ekitonde ekikazi kyonna ku nsi. Kye nali saamanya mu kusooka ekyanneewunyisa oluvannyuma, kwe kuba nga yali muwala wa Bansekereranga, era yeeyamuwa n'amagezi okunfumbirwa oluvannyuma lwa muwala we oyo okutegeeza ku kitaawe nga bwe yali ayagala ennyo okunfumbirwa. Ebyo nno ye yabinnyumiza oluvannyuma ddala. Kye siryelabira ku mwana muwala oyo era kyendimujjuukirirangako buli lunaku, ge maanyi ge n'obukodyo bwe yalina mu kulwana naddala martial arts, okulwanyisa amafumu, okuwuuba ekitala mu lutalo, era mu butuufu tewali mukazi yali amwenkana okulwana mu lubiri ne mu bwakabaka bwonna mu mulembe ogwo. Omuwala oyo yanzigya mu mannyo g'empisi emirundi nkumu ddala, mu biseera ebyaddako okuba nze nga nkyali mulamu kaakano ne nsobola n'okukunyumiza bino. Omuwala oyo teyali mulala wabula mwana muwala Mukisa eyali n'amwandu wa Lwanyisa mu kaseera ako. Weewaawo yaliko mu ddya, naye nga tomusuubiriza kuba nti yafumbirwako era nga muwala muto nnyo mu ndabika ye.

Bwe twamulengera nze ne Birabwa nga ajja, twasirika be cce era ne tumutunuulira enkakaba amale atutuukeko we twali. Nga atutuuseeko era nga tumaze okumulamusa, yaankwasa ebbaluwa n'ansaba ngisome. Bwe nagitunulamu nneewuunya!

Kwe kubuuza Mukisa nti “Wagisomyemu?” Ko ye “Nedda.” Ko nze “Yiiyo gisome.” Naye n’agisoma era bwatyo ne Birabwa n’agisoma. Yali egamba bweti “Master Lubaale, nze Lwanyisa mugandawo era nkulamusizza nnyo. Nga nfukamidde n’amaviivi gange gombi, nkweyayiridde nsaba kunsonyiwa byonna bye nakukola ebibi okuva mu buto bwaffe. Saagenderera kukulumya newankubadde okukolagana n’abalabe naye buli kye nakola, nakikola lwa buggya bwe nali nnina eri mwana mulenzi Ibrahim. Oyinza obutansonnyiyira ddala okuva ku ntobo y’omutima gwo, naye nzikiriza nkuwe ekirabo kyange waakiri otwale ekyo nga akabonero okunzijuukirirangako nga tukyali mu biseera byaffe biri ebikadde. Waliwo ebintu bye twagala mu nsi okutuukiriza naye ne bitulemerera, bwe tutyo ne tubirekera baganda baffe abasigaddewo oba abatusikidde okubimaliriza. Naye nze ne Birabwa tufaanagana mu kikula kyaffe ekitali ku ggwe ne Mukisa. N’olwekyo kinkolereko ekyo. Nkwagaliza buwanguzi bwe bwokka era nkwesiga nga mmanyi nti tolirema kutambula n’omalako olugendo lwo olwakutondorwa. Weebale nnyo okumpangula mu ngeri bweti era k’owangudde omulabe wo bw’oti, nzikiriza nga tewali alikwaŋŋanga n’amalako okukulemesa ebigendererwa byo, kubanga otuukirizza ekigambo kye nakugamba nti obuwanguzi ssi kwe kutta mulabewo, wabula kwe kulwana n’omulabe wo okutuusa lw’akkiriza nti omuwangudde. Weeraba muganda wange.” Awo ne nkyusa obuufu okutunuza amaaso gange gyetwava ne Lwanyisa okwebuuza kye yali ategeeza okuŋŋamba okukimukolerako kyeyalemwa okutuukiriza. Awo kwe kubuuza Birabwa nti “Wamma omugenzi yali ategeeza ki wano kyemufaanaganya?” Okwandibadde ng’okunnyanukula, yavaawo buvi n’atambula n’agenda ne nsigalawo ne Mukisa. Awo nze kwe kugamba Mukisa nti “Nkitegedde Lwanyisa kyampadde, naye siyinza

kukola nga omugenzi bwe yaŋŋambye okukunsibako nga ggwe teweesiimidde kubanga obeera nga atuukiriza etteeka ery'obuwaze." Ko ye "Nedda, nze eyasaba Lwanyisa awandiike bwatyo, kubanga kye kyoka kye yali asobola okunkolera ng'akyali mulamu." Ko nze "Naye ontegeera bulungi? Oyinza okwesuula mu ddubi ng'omanyi ogudde mu zaabu." Ko ye nti "Ssebo nkumanyi bulungi era lagira kyonna ky'oyagala olabe nga siikikole." Ko nze nti " Oba ddala oyogera mazima, genda mu kigo kya baamusibiramubbwa ba sultan we Mombasa, ojje ekitala ku muduumizi we ow'okuntikko erinnya lye Shafiki Arafat okindeetere mu nnaku kkumi." Ko ye nti "ŋŋenda kukireeta nga bw'olagidde." Ekituufu kyali nti nali mmulemesa, kubanga nga tosemberera kigo kya baserikale abo n'oba mulamu, wabula ngogyyeeko ekyo, nali nawulirako mbu ekitala ekyo kye namutuma, kyali kisobola okwewenjula emirundi ena n'omaliriza mangu omulabe nga akufuukidde bbereeje. Mbu bwe wakwatannga kumukonda gwakyo, wali osobola okutambuza obuuma obwaliko ne buwandula ebitalo bina naye nga bisibuka ku mukonda gumu, kyokka mbu mu kiseera kye kimu, ng'obuuma obwo obuliko osobola okubukyusa, ebitala ebyo ebina ne biva mu mukonda ne bidduka ng'obusaale ate era nga mulimu n'obuyiso obutono obw'obutwa era obwakasukibwanga ng'okozesa entambula y'obuuma buli okutta omulabe nga akufuukidde kabaani ku ndingidi. Enkeera w'olunaku olwo, Mukisa yali yeeteeseteese bulungi, bwatyo n'ayolekera n'abasajja be amakumi abiri n'agenda. Yannyumiza bwati; yaŋŋamba nti nga atambudde atuuse e Mombasa, yakozesa zaabu n'ensimbi ze yalinawo okwo nga kwogasse n'abakessi okutegeera obulungi ekigo kya sultan, omwali omuduumizi we ow'okuntikko Shafic Arafat gwe namutumako. Teyakoma okwo, n'ategeera na ddi omuduumizi oyo gwe namutumako okumujjako ekitala we

yasuliranga mu kigo. Nga ategedde bulungi buli kyali kigenda mu maaso, yasobola okulagira basajja be ne beekweka ebweru w'ekikomera ekyetooloola ekigo kyabwe mu kimpowooze nga tewali ategedde, olwo ye n'agenda butereevu ku mulyango nga yeekozeeko era nga ayambadde engoye z'abawala abaali ab'okusanyusa abserikale ba Sultan ab'amadaala aga waggulu. Anti okusanyuka, okulya n'okunywa bye byali wali era ng'ekiri wali kitokota si kisaanikire. Baali bajaguza oluvanyuma lw'obuwanguzi bwe baatukako bamale bawangule omu Portugal eyali aleese amagye okufuga Mombaasa ogobe Sultan ku mwalo ogwo. Anti bulijjo bw'owona musajja munno, tolema kulya nkoko yo.

Mukisa yakola bwatyo n'ayingira munda, wabula bwe yalengera omuntu gw'ayagala yennyini we yali atudde, yali yeetooloddwa abakuumi bayitirivu. Kino kyamuleetera okutya okugendayo. Wazira bwe yajjukira nti ali mu matwale ga mulabe era nga essaawa yonna asobola okufa ssinga bamugwa mu buufu, yamalirira omulundi gumu n'atambula bukovu ng'omugole agenda okugwa bba mu kafuba n'atuukira ew'omukulu yennyini. Abaali beetoolodde omukulu oyo ne bagamba nti "E, e, mwana muwala ono nga ayaka! Ssebo yogaayoga okufuna omuwala omuto anyirira bwati!" Ko omukulu nti "Kangire mbaviire, temumunzibako." Oti omukulu yagumiikiriza? Wa! Yamutwalirawo okugenda okwebaka, era ne Mukisa teyali mubi n'amuwembejja ng'amugamba nti, "Ssebo, nga kya mukisa nze okukusisinkana, era nga kya muwendo nze okukwata ku mubiri gwo, mu butuufu ne bwe nfa kati! Ate nkyayagala ki ekisinga kino mu nsi." Awo omukulu oyo olw'awulira ebigambo ebyo, n'awulira ng'ensi yonna eri mu ngalo ze, era n'awulira bulala obutafaananako na bwe yali okusooka. Awo kyeyava agamba Mukisa nti "Yitawo mangu tugende mu

weema eri awatali atutawaanya." Bwe batyo ne bagenda. Bwe baali batuuse munda mu kisenge bwe bati, Mukisa kyava amufumita akayiso akatono ennyo ku bulago nga aggalawo oluggi. Wazira olw'okuba Mukisa teyali mutemu, akayiso ako kwaliko ddagala lizirisa muntu so si ku mutta. Nga wayiseewo akabanga, omukulu oyo yadda engulu. Awo Mukisa kyava amugamba nti "Ozuukuse bannange! Kale ne bakulu banno bazze okukuyita mbu ogendeyo waliwo akabi akazze." Ko ye "Bali ludda wa?" "Ko ye nti, "Anti siyagadde kukuzuukusa, naye baakava wano era twanguwe tugende." Ebyembi nga binajja ekikere kidduka nga mpewo. Ate olowooza Mukisa omusajja teyamusibira mu kisenge! Wazira nga yafunye dda ekitala era nga yakitadde dda mu ndyanga ye. Mukisa n'alyoka atya, omutima ne gumutundugga, emmeeme n'emukubagana n'amaziina ne gamuligita okutuusa lwe yayita abakuumi mbu yali afunyeemu okuziyira bamutwale ew'omusawo. Anti baalugera dda nti "Kateeyanira……" Awo bwe baali bagenda, omu ku bakuumi n'agamba nti "Naye omuwala ono tayogera bulungi nnyo Luwalabu! mpulira ebigambo asonda bisonde." Ko Mukisa nti "Naye mumanyi, nammwe musobola okuntwala nga mukazi wammwe ne nva ku mukulu oli, kubanga tampa biseera, abeera mu banne eyo, n'oluusi gyasula nga bateesa ebitaggwa." Olwali okuwulira bino, ne balekeraawo okumwekengera era ne bakkiriza afuuke mukazi waabwe. Nga bamusanyukidde bwe batyo, kyava abagamba nti, "Mpozzi nga munkolerayo ekintu kimu, mukkirize tugende ffenna awaka wa muto wange, mmukime, tubafumbirwe ffembi, kubanga yanoonya omusajja ow'okufumbirwa n'abula." Yalaba tebamatidde n'abasuulayo na kano nti, "Ate kye mmanyi ku muto wange oli, y'atusinga obulungi mu kika kyaffe kyonna." Ko bo nti "Naye muwala ggwe nga by'ogera byonna byewuunyisa!!! Ka tukole nga bw'ogambye." Awo ne

batambula mpolampola nga beegendereza, okutuusa lwe baafuluma ekigo nga bamwambazza engoye z'abakuumi. Era nga batuuse ku mulyango ogufuluma, baategeeza abakuumi b'oluggi nga bwe baali bagenda okukima omuceere omulala ogw'okuliibwa abakulu. Abaserikale abo Mukisa yabakulembera aboolekeza basajja be gye baali baamulindiridde. Nga Mukisa abaatuusizza okumpi n'ensiko basajja be we baali beekwese, abaserikale abo baawambibwa basajja ba Mukisa, wabula ne babeera babulabe nnyo okukira bwe yabasuubira. Mukisa teyabandaaza, ng'abakuba buyiso okuva mu kitala kye namutuma nga badda mu nteeko. Abo yaleka awo ye ng'alaba lya muleese. Namulengerera yiiri nga ntakkiza kaluulu era ne mukulisaayo nnyo ku lugendo gye namusindika. Bwe yandaga ekitala, mwattu nga bwe nawulira era n'ekitala ekyo nga bwekiri. Okuggyako ekyanneewuunyisa, ke kafo akatono ennyo, okwabeeranga eddagala ly'ebiwundu ssinga ng'omulabe akutuusizzako ebisago mu lutabaalo. Basajja bange bwe baalaba ku kitala Mukisa kye yandeetera, bonna banjozaayoza okufuna ekitala ekirungi era ekyewuunyisa bwe kityo. Kyokka ate nze ne nkigabira Mukisa, era ne nkimuweera ddala okubeera ekikye ekyamusanyusa ennyo n'atuuka n'okugakulukusa ag'essanyu. Awo kwe kunjolekera angwe mu kifuba, kyokka nze ne nnemansula eri era ne simuganya kunkwatako.

Bwe yambuuza ensonga enkozesa kino, namubuulira nga bwe yali tannamalyo byalina kukola okunkakasa nti ammanyi bulungi era mwetegefu okundabirira. Bwe yambuuza ekirala kye yalina okukola, kwe kumulagira okundeetera abamusemba nze okumuwasa. Nali mmanyi agenda kunyiiga kyokka yanziramu buzzi nti, "Ka mbaleete nga bwolagidde ssebo." Awo n'agenda ng'alabika tafuddeeyo ku kyamugambye nate. Mba ndi awo nkyebuuza eky'okumuwa ekirala eky'amaanyi, ng'aleese abamusemba. Ku be yaleeta

kwaliko bazadde bange bombi kitange ne mmange, Birabwa, mpozzi ne Bansekereranga kitaawe. Bwe nabalaba, nawulira ensonyi nga zinkutte ne mpulira nga njagala na kudduka. Wabula bwe nkubuulira gye zaava ne gye zaalaga, awo omanya mba nkulimbye, kubanga ekyo kyali kitono nnyo nnyini, nze okuwulira ensonyi; naye owange, tewali kitasoboka n'addala ebyo bye tusuubira ng'oli teyandibikoze, era kyova olaba nga tonyoomanga kabi kakwolekedde, newankubadde nga katono katya! Newankubadde okuva eri omwana omuto, oba okwolekera omwana wo omuto. Ebyo nga mbimmye amazzi, nneefuula nga atalina kyabadde ne nnyaniriza abagenyi Mukisa be yali aleese. Mu lukunkumuli lw'ebigambo bye bampookera, nzijukirako bya mmange nti, "Mutabani, olaba ne Balubaale balonze ono okukufumbirwa, kiki ekyo ekikakanyazza omutima gwo obutamuwasa! Nze nga nnyoko nkugamba, bwotokkiririza mu muwala ono, kirikukaluubirira nnyo, okumalako olugendo lwo olw'okusaanyaawo obusuubuzi bw'abaddu." Ate ne Mbazzi n'aŋŋamba nti, "Tewandinyiizizza Balubaale, kubanga bayinza okukulekerera mu ntambula zo okuva ne kaakano, wandiwulidde eddoboozi lya nnyoko, nze nkubuulira mazima." Ebigambo ebyo nno, byannyikira nnyo mu mutima gwange nga amazzi g'enkuba ennyingi bwe gannyikira mu ttaka, era ne byesonseka nnyo mu mmeeme yange ng'akasana bwe kesonseka ennyo omwosi waako singa bambalaganye mu ttuntu wakati. Newakubadde nga nali wa kukkiriza, wabula okukakangalala kw'omutima gwange kwanneerippa ne mbeera ng'enkwale eyakwatiddwa omutego, era bwentyo ne ndaga ng'ebigambo ebyo bwe bingudde enkoto, ne ntambula ne ŋŋenda nga sikkirizza kye baali bansabye. Wabula kye namanyaako, mbu Mukisa bwe yali agenda okukaaba, bazadde bange ne bamugumya kyokka ekyabeewunyisa, nange oluvannyuma kye nneewuunya ennyo

mu bye nali nneewuunyizza, mbu bwe nali nfuluma nti okuva mu nsiisira eyo mwe twali, Bansekerenga kitaawe wa Mukisa n'agamba abaaliwo bonna nga bw'amwenyereketa nti "Nkakasizza ng'ajja kukkiriza, era Mukisa totya kubanga okuva ne kaakano wuwo era mulabirire bulungi. Bwe nabuuza Bansekereranga ekigambo ekyo gye yakijja, yaŋŋamba nti bajjajjaabe baali baamugamba nti, omuntu bwafuna omukisa ogugattibwa ne munne nga Balubaale bennyini bebamugasse bbo, omulenzi ava mu ddiiro abazadde we bali nga takkirizza kumuwasa, era n'omuwala bwe batamuzzaamu nnyo maanyi, yeekanga amaliridde obutafumbirwa musajja oyo. Era enjawukana y'ababiri abo mu kiseera ekyo weebeererawo, ate kwe kugattibwa okutuufu mu Balubaale, era abantu abagatiddwa bwe batyo, babeera bonna emirembe n'ennaku obutaawukananga, okujjako nga eŋŋendo zaabwe ezaabatonderwa ez'okunsi zezitabakkirizza.

Nga wayiseewo ennaku ennungi bbiri, Bansekereranga yajja n'aŋŋamba nti "Mukama wange." Ko nze "Wampa Ssebo." Ko ye "Naye bannange ekyana kyange nga kiyitaba bulungi, mbadde mmanyi wanneerabira." Ko nze "Nedda ekyo sisobola kukikola ssebo." Ko ye nti, "ŋŋenda kukugolokosa ekiro tugende ffenna, tutte enswa n'oluvannyuma tuzirye, kinaakukola bubi oba?" Ko nze "Eriiso ly'omukulu awaddugala we walaba, kale nnyinza ntya okugaana omukisa nga ogwo nga ngusanze!!!" Ko ye "Naye nze onneewuyisa! Tolina muli na kusika mpewo kwonna nga abakungu abalala!" Akawungeezi, yansaba okusula ewuwe kitwanguyize okugolokoka nga tugenda okutta enswa. Nga mmaze okutegeeza ku Birabwa, twayeekera engere n'omukulu okutuusa lwe twatonnya ewuwe. Nga tutuuseeyo, bankubako obugenyi buyitirivu ggwe wamma ne nsiima. Ekiro mu ttumbi, Bansekereranga yanzuukusa tugende tutte enswa ensejjere era bwe ntyo ne nnyambalira ku mabega nga

jjanje ebigere ne byolera. Emimuli gy'okumulisa ye yali agikutte kyokka nze n'andagira nkwate ensawo eyali ey'okuteekamu enswa, era bwe tutyo ne twessa mu ddene okwolekera. Bwe twatuuka ku kiswa ekisooka, twasanga kyasaze bulungi era nga kiri kumpi na kusuula. Omukulu teyalwa, nga akoleeza mimuli nga agyeegeka mu nvubo. Era n'ekiswa tekyalwa, nga kitandika kubuuka nswa.

Awo ng'enswa zijjudde, yanzigyako ensawo, era bwe tutyo ne tujjuzaamu enswa zonna, ne tugenda ne ku kiswa ekyokubiri. Tugenda okumaliriza, ng'ensawo ejjulidde ddala era ezisigadde twazissa mu kikapu kye yalina omwali olubugo lwe yaleeta, okunnyambaza nga alowooza nti engeri gye nali namanyiira eby'ekikungu, empewo yali eyinza okunfuuwa ennyo. Kyokka nze namusaasira, kubanga amaanyi agaalusitula gaafa busa, anti nalwo lwennyini lwalekebwayo obutasubwa nswa zaffe. Bwe twajjuza enswa mu buli kantu ke twali nako, omukulu n'alagira ne tudda eka. Ekiro ekyo kyennyini twafumba enswa. Obudde bwagenda okukya, ng'enswa eziri mu maka ga Bansekereranga nga tomooni anti nga n'owemmindi asena! Obudde olwali okukalamu, nga nneebaza muzeeyi kuntwala kutta nswa. Anti nali nasemba okutta enswa nga sinnaba na kusisinkana Ibrahim nga nkyali muto nnyo ewa mmange. Era guno omulundi gwali gwa kubiri nze okutta enswa ensejjere. Nga bwe bagamba nti gy'ogenyiwa tewaba wammwe, namusiibula nkyuuse obuwufu okudda eka okwambalagana n'emirimu. Anti naawe omanyi bwe giggwa ng'ofudde. Awo kwe kuyoola embatu nga amakumi abiri n'ansibira ettu ddene nnyo ery'enswa okutwalirako ab'eka okulyako ku magera.

Bwe ntyo ssaalwa, nga nnessa mu ddemeezi okukomawo awaka. Mwattu nali simanyi nga abakazi basanyukira nnyo ba bbaabwe singa nga babasuubira okuleetayo omutemwa! Anti

Birabwa yandabira yiiri mitala nga ankubira kaluulu, nga annyaniriza nnyo nnyini, teyakoma okwo, ng'antikkula ggugu lijjudde, ng'ayingiza mu nju. Nga mmaze okugabirako mikwano gyange ne balirwana bange bonna, natwalira Mukisa ettu n'aligaana .Ne mwesibako naye n'alemera ddala. Nange nalaba nkoowoola musibe abombye nga mmussuuka, ggwe ate olubuto yali ateeka mu lwange? Yali ateeka mu lulwe.

Enkeera, lwakya ng'olwa bulijjo ne nsalawo nange ŋŋende njote ku kasana ng'abalala kubanga empewo yali yagudde nnyingi nnyo, engalo nga zisannyaladde, ate nga ne ssuulwe yajjudde omuddo gwonna ogw'okunsi. Mba ndi awo, nga Mbazzi wuuno. Nze kwe kumubuuza nti "Kiki, ggwe nga tozze kwota kasana?" Ko ye nti, "Ssebo Kabaka akuyita ne basajja bo bonna." Ko nze "Waliwo obuzibu?" Ko ye nti, "Anti engeri ennaku zino gy'obadde tokyagenda ku mulimu, agambye nti afunyeeyo amagezi amalala aganaatuyamba okununulanga abaddu mu ngeri esingako obulungi." Ko nze "Kale gira tugende" Nga tugenda. Bwe twatuukayo, Kabaka n'alagira ndagire basajja bange basse ebitala wansi." Ko nze "Kiki ekigenda mu maaso?" Gye nakuba amaaso ku busaale obugada ng'ennyama y'ekibenga butwetoolodde. Ko nze "Leero eyatwalula esiridde." Ko Mukisa eyali anninaanye ku mabbali nti "Eyiyo yokka y'esiridde." Ko nze "Otegeeza ki?" Ko ye "Ntegeeza bwe nti." Nga mwana muwala asala ddiiro adda ku ludda lwa Kabaka. Ko Kabaka nti "Obwedda kino kye nninda, tovunaana nze mukwano gwo, wuuyo Mukisa y'akukoze bino." Ko Mukisa "Ggwe ssebo master Lubaale, kye kiseera nange okukukwasa, mazima ne ndyoka nkwagala n'omutima gwange gwonna n'onkasuka eri abbali? Leero weggyeeredde. Kati ndowooza olowooleza ddala ng'omukazi omuyima eyakutuulira ku kisaabo, maama nze." Kyokka nze ne siddamu kigambo, kubanga nakwata ku kyambalo kyange

ne nkinyweza nga ekizzizza omusango olw'obulumi bw'ebigambo bye yaŋŋamba. Awo n'alagira ne bansiba, nze, Mbazzi ne basajja bange abasing, ng'oggyeeko abakuumi b'abantu bange abaanunulwa mu buddu ku ttaka Kabaka lye yampa. Bwe tutyo ne tutwalibwa, olwo nno Mukisa bamukwasizza emmundu ebikumi bitaano nga sitaddeeko eggali ezivugibwa embalaasi ezaalimu ebintu enkumu. Nga Mukisa amaze okutukudaalira mbu atusiibula, twasibwa emigwa ne tutwalibwa, yogaayoga ku mwalo. Bwe tutyo ne tusibwa olujegere lumu ng'abaddu, ne tuteekebwa mu lyato ne litandika okutambula, awo ne mmanya nga kuluno nzizeeyo nate ku ssuula esookera ddala ku lupapula lw'obulamu bwange, okukukola obuddu. Bwe tuba tutambudde okwenkana n'akagendo omuntu kaatambulira essawa emu n'ekitundu, amaato agawererako ddala gaatwetooloola. Omulabe teyawuuna newankubadde okubuuza, wabula okusaanyaawo buli eyali ayimiridde ku lyato kwe twali. Kyokka, abalabe abalala ne basigala nga bagaludde obusaale okutwetooloola.

Nze nno ng'okutya kwe nnimu, kitalo butalo ate si yenze gwe baali baalabudde nti Balubaale bayinza okunyiiga nga mbanyoomodde! Natandikirako n'okwetonda okw'ebikuggu era okwetaaga obuyambi kubanga tekwalina mwasirizi mu kiseera ekyo. Anti nga ndowooza nti osanga Balubaale baali baanyiize nga nfulumye enju okusigala nga nnyoomoodde ne mmange ku lwa Mukisa.

Ekyanneewunyisa, abaali bawambiddwa twajjibwayo ne tuteekebwa ku lyato ly'omulabe era ne tusumululwa. Bwe mba ŋŋenda okusala amagezi nneetaase mu ngeri y'okuwuddiisa omulabe mmuwambe nga kitange bwe yakola Ibrahim tumale tusisinkane e Buwalabu, nga Mukisa wuuno tuli naye ku lyato. Kyava afukamira mu maaso gange

naŋŋamba nti “Onsonyiwe obutakubuulira nga bukyali okukutemyako nti ŋŋenda kukola kino, anti mba ku kikola, kye nabadde njagala tekyandivuddeyo bulungi, kubanga kaakano ebintu bye naweereddwa okubatunda byonna bibyo ggwe, era n’enteekateeka eno Kabaka agimanyi bulungi. Eyali aswakidde ng’omusota ogulabye ekikere ekiridde amagi gaagwo, nawolerawo ng’eggi ly’enkwale effumbe erinnyikiddwa mu mazzi g’akasaka amannyogovu obulungi. Kazzi, Mukisa bwe yalaba nga eby’okulwanyisa bikeeye, yayagala wabeewo engeri gyabifunamu okujjuza etterekero lyaffe ery’eby’okulwanyisa, ate n’okunsanyusa, byonna omulundi gumu. Bwe namala okutegeera buli kimu, ne nneewuunya ebikolwa bya Mukisa ebyo era ne mmwebaaza nnyo, kubanga “Weebale weebale amala ebintu.” Nga tutuuse mu lubiri, nze ne basajja bange twatuukira mu kutereka mugabo gwe twali tufunye nze ne Mukisa mu bifo eby’enjawulo, omwali n’empuku gye nasima. Okuva olwo Mukisa natandika okunneesibako olw’okuba namulaga essanyu bwe yanfunira eby’okulwanyisa mu ngeri etaali nnyangu kutegeera, naye ate nze ne nnyongeranga kumwejjako, olw’obutaŋŋamba ku nteekateeka ze nanneeralikiriza obwenkandde awo.

Nga ezzooba ddamba likongoze ku ggulu okuva Mukisa lwe yafuna eby’okulwanyisa okuva ku bazungu mu lukwesikwesi, nawulira enswagiro ku nsiisira yange ekiro ze nali simanyiiko buva na buddo. Omanyi ku olwo nali nasuze nzekka mu nsiisira. Bwe nnaggulawo oluggi ndabe ekiri ebweru, nga ku Mukisa kwe nkuba amaaso. Kyeyava aŋŋamba nti, “Owange tonnamanya, Mbazzi asaanawo.” Ko nze “Ali ludda wa?” Ko ye “Gyangu tugende.” Kwe kuntwala nga mmaguka, nsiyagguka, ne njojobana nzenna entuuyo okutuusa lwe twatuuka ku nsiisira ye. Awo kwe kuŋŋamba nti “Ndowooza leero ne bw’osulako eno, kubanga n’ebyokulya nakufumbidde

era n'ebyokunywa weebiri." Ko nze "Obadde onnimba?" Ko ye "Anti bwe sandikugambye bwe ntyo tewandizze." Ko nze "Okuddamu okunkola oti ssijja kukisanyukira." Ko ye "Kyokka okuva ku nsowera okutuusa ku nsiri tondowoozaako, ye omuntu nga yalaba!" Ko nze "Nkulowoozaako nnyo n'okusinga bw'olowooza nti sikulowoozaako." Ko ye "Ye nga omutima gwo gukukubira kumukumu, ka nzigye mpulire bwe gukukuba." Ko nze "Nze nga ssinnaba kukwata ku biviiri byo ebibi byonna ebiringa omuddo gwe ttale mu biseera eby'ekyeeya." Ko ye "Kale mwana ggwe naye ate singa si katambaala ako k'otajja ku mutwe ebibyo biringa omuddo omubisi enjovu we zirwanidde." Ko nze "Nkulage ko?" Ko ye nti, "Ndaga." Ko nze, "Togeza n'onkwatako." Ko ye "Nakitegedde nti bw'ojja okuŋŋamba kyokka mwana ggwe."

Ne nseka naye n'aseka, wabula ne nvaayo ekiro ekyo ne nzirayo ewa Birabwa. Naye bwe natuuka ewa Birabwa, ate ne mpulira nga ogw'ebbeere gulumye ne nzirayo ne tugenda ewaka era nasula mu nsiisira yange eriraanye ez'abazadde bange, Mukisa ye n'addayo. Bwe mba meebase, otulo ne tumbula bwe ntyo kwe kufulumako ebweru ndabe ku keezi nga bwe keememula osanga ekyali kimbuzizza otulo kinaagenda. Kyokka ekyanneewunyisa, okutuuka ebweru nga tewabanga mukuumi n'omu. Mpiteeyiteko nga bikere ku nsaalu bye binnyanukula. Awo ne ntandika okutya, ne nzirayo munda mu nju nga ntidde. Wabula mba nnyingira mu nju bwenti, akasaale ne kampita mu maaso gange be wuuu.

Awo ne nsokoolayo ekitala, ne ntambula nga nneekengera era nneewunaganya obulabe buno gye buva. Bwe nali ndi awo ntangaaliridde simanyidde ddala kya kukola, abasajja kkumi ne bafubutuka okuva emmanju w'ensiisira yange ne banneetooloola. Olw'okuba nali seeteeseteese ate nga

n’ebitala binkoonyeeko ku bulago byonna ekkumi, nasuula ekyange wansi ne mpanika emikono okulaga nti nneewaddeyo mu mikono gyabwe. Okutemya n’okuzibula nga waliwo obubakubiddwa bonna ne bagwa wansi. Bwali buyiso buli okuva mu kitala kya Mukisa, era yaliwo nnyo okunnwanirira muu kiseera ekyo. Nategeera luvannyuma nga Mukisa teyadda wuwe tumale twawukane, wabula yasigala awo kumpimpi mbu nga yeebuza ekyantuukako okumusanyukiranga ate ne mmala ne mmwejjangako ekyannema nange okutegeera na guno gujwa, kubanga nange nalabiranga awo nga mmwejjeeko. Twasalawo tunoonyereze omulabe ekiro kyonna okutuusa lwe tunaamuzuula, kubanga twamanya nga bwe tutaakole bwe tutyo, tuyinza n’okuttibwa ekiro ekyo nga mpaawo ategedde mutemu. Wabula bwe bwatuuka awo nga mu kinywa mbogo, ne tukwatibwa abantu be tutaategeera mu kusooka, kubanga baatuwubisa nti baali bamanyi omulabe gyali, so nga baali na mikwano gyaffe era nga tubamanyi. Bwe tutyo ne tukkiriza kyokka baatutwala butereevu mu kkomera, era eyo gye twasula okutuusa Omuyinza w’ebintu byonna lwe yabumaamulako eddiba. Twavaayo nga mu kalasa mayanzi engajaba we zitandikira okulaangaaala bwe ziba nga zirima, ne tutwalibwa ne tusimbibwa mu maaso ga Kabaka. Nga ayimiridde busimba ng’omuvule, Kabaka yalagira katikkiro asome ekiwandiiko ekyali kinnyonnyola ebyaliwo era ne gwe twali tusalirwa. Awo n’astituka okusoma era ekiwandiiko kyaali kisoma bwekiti, “Master Lubaale Mbeera abadde mukwano gwa Kabaka ebbanga lyonna okuva lwe yatonnya wano, naye wabula waliwo ekibi kimu kyokka kye yakola ekyanyiiza Kabaka, kwe kutta omusajja wa Kabaka Lwanyisa ne basajja be nga abalanga obwemage. Teyakoma ku ekyo kyokka, n’akozessa n’omumbejja Mukisa okwekkussa yekka ng’asanyaawo abantu abatalina kye bamukoze jjo ly’abalamu

wano, era agenda kuttibwa kaakano awatali kuwoza, kubanga olulimi lwe namwe mulumanyi nga bwe luteesigika. Awo ne batufukamiza ffena ku ttaka, nga tunywezeddwa emigwa, Kabaka n'awenya ku basajja be ne batusemberera wamma ggwe emitima ne gitwewanika. Basajja be benkugamba baali beebagazze agabazzi aganene luvookwaya, amoogi amazibu, ate nga mawagale erudda n'erudda. Ago nno nga geeg'okutumaliriza. Abassi bwe baali bawanise agabazzi nga bagenda kutumaliriza bwebati, Mukisa kwe kusituka omulundi gumu n'agamba nti "Naye Kabaka nze siyagala kutaasa bulamu bwange okuyimirira kaakano. Wabula ebisomeddwa bwe bibeera bituufu, mpaayo omusajja omu alwane nange. Ssinga ampangula, nga mmanya nti gutusinze, era tugenda kufa nga tukusabidde omukisa, naye bwe mmuwangula n'otutta, ojjakuba oyolesezza obutali bwenkanya mu maaso g'abantu bo." Ko ye nti, "Ka nze mba nzija twabike ffembi." Wabula omu ku bambowa n'amugamba nti "Ayi Omutanda, bwasiima takkiririza mu bigambo bya Mukisa, wabule attibwe buttibwa. Okusooka. Kyokka Kabaka n'agaana, n'alagira ne basumulula Mukisa, era n'akwasibwa ekitala balye amatereke n'bitale byeesooze. Bwe baali bagenda okutandika bwebati, ne nnengera nga abasajja abaali ewalako ku mukono gwe ogwa kkono abbali baayambadde obukookolo nga bamutemyako mu ngeri emugamba nti tokikola. Era bwe yakyuka okutunula ne ku gwa ddyo, ne ndaba ng'eriyo abamutemyako mu ngeri y'emu. Awo Kabaka n'ayogera n'eddoboozi eriwulikika nti, "Naye owaaye, nnyinza okunyooma akawala kano ne kanfuukira ekyambika, nze mbisazizzaamu battibwe buttibwa." Awo omumbowa n'ayolekera eri Mukisa amujjeko ekitala. Wabula nga tamanyi nti yeeyitira Walumbe kumulagirira kkubo bagende bombi mu maka ge e Ttanda, kubanga olwali okusemberera Mukisa bwati, Mukisa yatta mutte, era akataayi

okusala oluggya nga Mukisa ansumuludde emigwa era nga ankwasizza ekitala ky'omumbowa gwe yatta kubanga naye yali asigazza kye yali nakyo. Mbazzi yatwala ffumu lya mugenzi lye yali akutte, bwe tutyo ne tusumulula ne bannaffe bwe twali twasibiddwa. Olutalo "Kampoolere eggwanga na musaayi" ne lutandikirawo olw'omujjirano era olw'amaanyi agatagambika ku njuuyi zombi; olwange n'olwa Kabaka.

Nze nga mbase ekitala bwenti, abalala bonna nabayitako ne njolekera bali be nalaba abaali bambadde obukookolo nga batemya ku Kabaka. Nasookera ku mukono gwa ddyo ne mbamalawo. Naye nno yali nsiitaano, kubanga nabo tebaali batene mu kulwana! Wabula bwe nagenda ku gwa kkono, nalwanyisaako babiri bokka, era abo beebaamala. Anti bwe nail nkyepampalika mbu nwana, abasukka amakumi abiri ne banjiikira. Awo ne mmanya nga eky'amagezi kye nalina okukola mu kaseera ako kwe kwewaayo mu balabe mpambibwe mu mikono gyabwe. Bwe ntyo ne nsuula ekitala wansi, ne mpanika emikono okubalaga nti nneewaddeyo. Wabula baba bagenda okunnyweeza bwebati, ne nzijayo obuso bwange bwe nabeeranga nabwo ne mbamalawo, kubanga baali bazzizzaayo ebitala byabwe mu biraato byabwe obutabatawaanya nga bansitula. Anti nali nga aweddeyo atakyalina maanyi n'akamu. Mba nkyeeriisa enkuuli nga abawera tebasimattuse kitala kyange, abalala nga amakumi ataano ne bayiika. Mba nkyatunuulira abo, eggye ly'omulabe lyonne ne linjiikira. Awo ne bansinza amaanyi, ne nsigala kwewoma bitala byabwe nga njolekera eno, ne bampa ekyanya ate ne njolekera eri, kweggamba nga nvuya buvuya simanyi gyenva na gyendaga. Ekyannyamba okuwona mu kaseera ako, nabayitangamu neetooloola n'ebitala bibiri nga bwe mbuuka mu bbanga n'amaanyi gange gonna, ate nga bwe ngwa ne ku ttaka mbayisaako ebitala ku magulu ate nga batya okunkasukira ebitala, kubanga engeri gye baali

banneetooloodde, nga bwe nneewoma ate ebitala ebikasukiddwa bikwasa bannaabwe abali ku luuyi olulala.

Natuuka ne nkoowa, ng'abasajja basukkiridde obungi, era ssinga teyali Mbazzi ne Mukisa kuntaasa mu budde obwo, obwange bwali bukomye awo. Mbazzi bwe yalengera nga bandi bubi, yakoowoola Mukisa naamulaga nga bwe ndi mu balabe wakati. Mu kiseera ekyo Mukisa yali akutte ensawo ye gye yatumya omwali obusaale bwe obw'obutwa awamu n'ekitala kyeyajja ku Arafat. Bwe yannengera nga nneetoolooddwa, yasindika obuyiso bw'obutwa obwali obw'okumukumu mu bwangu nga bw'okiwulira. Olw'okuba bwo tebumanya mulabe n'atali era tebusososola mulungi na mubi, nali ndi mu bbanga nga nkalakata omulabe n'ekitala akamu ku buyiso obwo ne kanfumita. Bwe nagwa wansi, awo we nakoma okutegeera. Nga alengedde nti ngudde, abaasigala byimiridde yabassa busaale nga tasonyiye n'omu wadde n'oweddagala. Bwatyo nga asiikiriziddwa Mbazzi okuziyiza ennabe yonna okumutuukako, Mukisa yampeeka ku mabega ge n'antwala okujjanjabwa nsobole okuwona. Omu ku bambowa yatunyumiza mbu bwe nali kye nje nveewo ne Mukisa, eggye lya baamusibiramubbwa nga lukumi ery'omulabe ne liyiika. Mbazzi n'alyoka ayera omulabe nga bw'okiwulira, wabula nno naye yatuuka n'akoowa, n'asigala nga awuuba ekitala naye nga bamuli bubi. Yaatta abalabe kikumi mu kkumi n'ekitala kye ku lunaku olwo. Wabula yatuuka ekiseera n'agwa wansi ng'omulabe ayitiridde obungi ate nga n'ebisago ebimuliko bwebiti! Kika buka! Olw'okuba yali asse abalabe bangi ddala, kapiteeni waabwe yennyini yamusiima olw'ennwaana ye, obukodyo bwe, obukugu bwe yayolesa n'amaanyi ge n'amutwala, era bwe baali baddayo, baagenda naye. Mukisa yasooka n'ankweka mu mpuku, era eyo gye yampeera obujjanjabi n'ayita ne bazadde bange ne bansisinkana eyo. Oluvannyuma twagenda mu maka

g’abazadde bange tubeereko eyo tulinde ekyosi kimale okuyita, anti bo baali tebabeera mu lubiri mu kiseera ekyo, wabula ku ttaka Maasomoogi lye yali yampa okubeerangako abantu bange abaanunulwanga mu buddu. Ye Birabwa yatunyumiza mbu bwe yalaba olutalo lufuuse “Kanaayokya ani,” yeebaka wansi ne yeesaaba omusaayi yenna n’abeera ng’afudde n’asirika be cce, era yatuuka kuvaawo nga tufunyeeyo kisago na kimu newankubadde okulumizibwa kwonna. Naye nno yali mutuufu mukazi wattu, kubanga yali talwanangako newakubadde okutendekebwako mu magye oba mu kika ky’okulwana kyonna.

KABAKA ANSOBOZESA OKUWANGULA ABALABE EMITWAALO NKAAGA

Twalamaga mpolampola ne mmange ku lusozi Kasonko okwebuuza ku bajjajja ku butya bwe tunadda engulu mu kumanya n’okutegeera ensonga ez’enjawulo ez’omulubiri ezaaletera ne Kabaka okugezaako okunzijako obulamu bawnge. Okusinziira ku bakabona bange abampanga amagezi era abamperekerangako buli lwe natanulanga okugenda ku lusozi luno, nafundikira nsazeewo tusooke twekweke obuteeyolesa eri lubiri, n’oluvannyuma nga ntegedde ebyama ebyali mu lubiri tulyoke tuddeyo mu butongole. Namala nate amazooba agawerako nga nkyali ku lusozi luno nneebuuza eky’okukola. Lumu mba ntambulako ne Mukisa ekiro ku lusozi olwo, kyenva nnengera akaliro akatono ennyo ng’olumuli olwaka nga lukwatiddwa omukazi mu ngalo. Omukazi yali afukamidde ku ddiba n’olumuli nga luli awo mu maaso ge lwaka. Mu kaseera ako Mukisa yafubutuka emisinde gy’otalabanganako yogaayoga mu nsiisira, mpozzi yalowooza nga muzimu gwe gwaliwo. Nange natya, naye ne

ŋŋuma masajja ŋŋende ndabe omukazi oyo y'ani! Bwe namutuukako, n'asitula ati omutwe n'aŋŋamba nti "Master, enkya olina omugenyi, mwanirize." Mu lutemya lw'eriiso, nga omukazi abadde ayongera nange taliiwo, n'olumuli olubadde lwaka nga lwabuze dda. Navaawo nzikiza njereere n'enkomawo mu weema okuwummulako. Newankubadde nga nalowooza nnyo, naye saasobola kuteebereza mugenyi ki oyo eyaŋŋambibwako.

Mba ndi awo mu budde bw'emmindi ya taba eyokubiri nga nnengera abajja, awo ne mmanya nti kisalidde mu ntamu, anti wamma Katonda bwakuwa n'ennume ezaala enduusi. Namulengerera yiiri nga nziruka za mbwa kumwaniriza. Kazzi nduggulidde gye lutaggulirwa era nneeyoledde mpiri mu bunnya. Omugenyi yatuuka buli omu amuserengesa kaganga, era ssinga saamukwata mavumbavumba mu bwangu, nange nali wa kulusuulamu kaba. Nategeera luvannyuma nga eyali azze si ye mugenyi omutuufu, kubaga eyaŋŋambibwako yali tannajja. Nga bwe bagamba nti z'olaga omulungi tezirwa, ddaaki omutuufu yamala n'ajja. "Anti omukisa mpewo……." Omugenyi yali Muzungu Omungereza. Yambuulira nti ssinga mwegattako, akambugu twali ba kukalima era nga yali wa kudduka addeyo ewaabwe mu bbanga eritali lya wala, olw'ensonga nti waaliwo olukiiko lw'amawanga ga kirimaanyi omwali; Bugirimaani, Bungereza, Bufalansa n'amalala lwe yalina okwetabamu, nga n'omulamwa omukulu kwe kuteesa ku kukoma kw'obusuubuzi bw'abaddu. Ebigambo ebyo byankwata omubabiro, era mu butuufu yajja ku mutwe n'assa ku kibegabega. Ennaku ezaddirira twakola nteekateeka nze okuwandiika ebbaluwa esaba okukoma kw'obusuubuzi bwa baddu nga nnyambibwako ekibiina kya amawanga ago ga kirimaanyi omwali Bungereza ne America nga nnombojja akawonvu n'akagga ku bitiisa ebibaawo omuntu nga

asuubuliddwa mu buddu. Ekituufu kyali nti omugenyi eyassoka, yali mutabani wa Batimu oli eyali mussajja wa Lwanyisa, wabula nga alina enkolagana ne Sultan mu kyama. Yamala n'anneetondera nnyo mbu naye yali tamanyi mmandwa yali emutembye okukola kye yakola. Nga mmuwadde eddembe era nga alya butaala, ye Mukisa yasigala amwekengedde kubanga akalina abiri olonda ejjinja nga kalaba. Mba ndi awo, ne nsanga nga basajja bange batadde empiima zaabwe n'amafumu gaabwe ku bulago bw'omutabani wa Batimu oyo ekyanneewunyisa. Kye nva mbabuuza nti, "Mukola ki?" Omu ku basajja bange kyava alaga maapu y'olusozi kwe twali n'ezimu ku mpapula okwali enteekateeka zaffe n'omuzungu oli ez'okununula abaddu bye yali akwese ng'ayagala kubibuzaawo. Konze "Woo, bulijjo bulijjo weefuula mukwano gwange kazzi ondiira muli nga musege! Leero nno okoosekoose mu ga bwanda, aga lumonde gabikka entumbwe." Ko omu ku balenzi "Bambi ssempala wattu, ng'olabye okusooba n'otomera eddebe!"

Akataayi okusala oluggya nga omuzungu amutemyeko omukono kubanga yali ayagala okumutta naye ne mmutaasa nga nzisaayo ekitala kyange. Nnagoba mugobe, wabula nga mmaze kumulayiza butadda nate ku kizinga ekyo kwe twali.

Omuzungu oyo, Forken Williams yantwala n'andaga eby'okulwanyisa bye twalina okukozesa era ne nsanyuka, naye ate nali siyinza kudda awo kukuba nkwawa nga namugala olw'okwawukana ne Kabaka mu ngeri gye sitaategeera bulungi.

Namala nno akaseera nga omutwe gumbobba omutemu si mutereevu nga n'ebirowoozo bindi sibulungi, kubanga nnalabira ddala nga enkolagana yaffe ne Kabaka bwe tadde ngulu, nali siriwaakumalako na bye nnwaana. Lwali olwo, ne

ŋŋamba mu mwoyo gwange nti, “Naye kaŋŋende ewa Kabaka, bwe mba namukola bubi ambuulire mwetondere oba si kye kyo, anzigyewo olwo nalwo luggwe mu kifo ky’okumulowoozangako buli kaseera nga sifuna kyakuddamu kituufu. Ate nalwa, nga mbuulira ku Mukisa wabula ye naatakkiriza. Bwe namubuuza kye tunaakola, yanziramu nti “Nkubuulire ekisinga obulungi, Kabaka y’asaana okusooka ajje eno ku lusozi nga ffe tetugenzeeyo mu lubiri.” Ko nze “Tunaakola tutya?” Ko ye “Nja kukugamba nga akaseera katuuse naye kaakano okuguumiikiriza kwe kwetagisa.”

Nga wayiseewo ennako nga nnya, Mukisa kyava ambuulira nga Kabaka bwe yali yalumbiddwa, era nti ennyago zaali zikekkera, amafumu nga geesooza, eno nga bwe ganoga abamanyi abamu nga n’ebyanga byogera. Bino olwangwa mu kutu bwenti ne mmanya nti kakubye, era bwentyo ne mbyambalira n’eggye lyange eryakula ne liwola. Olw’okuba akagendo kaali kawanvu, natuuka olutalo lufundikira. Wazira bwe nayima emitala okwekkaanya obulungi, ne nnengera Kabaka bamukulubbeesa era nga bamusindiikiriza, olwo n’emikono gisibiddwa gye gitaliira ntungo nga bamussa mu ggaali. Nze nasigala nneewuunya Kabaka okutwalibwa atyo mu buswavu ku ggye eddene ne balumira mwoyo be yalina obutamulwanirira! Kale nga nneebuzizza ekibuuzo ekyo, nasalawo mu nda muli obutayingira mu lutalo nti mmutaasa era n’ensirikira eyo mu mutigye nali nneekwese be ccecceererecce.

Newankubadde nga basajja bange banteeka ku nninga ŋŋende mutaase, nakona bukonyi era ne ngugubira ddala, kubanga ssebusiru buto obugole abuyita buganzi nze kye nali siyinza kukkiriza.

Bwe nakiraba nti olubiri lukalu be kkalukalu, nayolekera ne ŋŋenda ne bambega bange nga mpita mu mpuku gye nasima ne nzigukira ku nsiisira yange ey'omulubiri. Olwo nno nga nneesibye eddiba, mpozzi n'olubugo lwe nasuulirako n'emmindi ku mumwa gwange omutaali lyanda lya muliro ne wankubadde ekikoola kyonna okwebuzaabuza nsobole obutategeerwa mangu. Olw'okuba kitaawe wa Gwolyokya eyali mukyala wa Kabaka asinga obuganzi yajja ng'atyo mu lubiri, nange kyennava nkola ntyo era ne ŋŋenda ewa Gwolyokya. Eky'omukisa namusangayo era n'annyanniriza bulungi nnyo, n'ankubako n'obugenyi nkumu. Bwe namubuulira bwe byali bye nalaba nga Kabaka bamutwaala, yanziramu buzzi nti mba kumununula nandibadde nnunudde byoya bya nswa, kubanga teyali mutufu, wabula okumufaanana, obufaananyi nga ayambadde ebyambalo ebifaanagana nga ebibye. Kabaka yennyini yali mu lubiri mu kadde ako kennyini ekyanzigya enviiri ku mutwe.

Bwe namumubuuza ebyaliwo luli ne Kabaka kyeyali annanga ne basajja bange, yambuulira bwati; yaŋŋamba nti Mukisa bwe yamala okubajjako eby'okulwanyisa mu lukujjukujju luli, waayita mbale abazungu abo ne bataayiza Nnyinimu bwe yali agenze okukyalako mu limu ku masaza ge. Baamwetooloza obusaale nga talina watolokera, kubanga baaali beekwese sso nga n'abaali bamuwerekeddeko abasinga baali bambega ba mulaabe kyeyali teyeeteseteese nakyo.

Bwe baalaba nga bamukutte ku nkoona, kwe kumulagaanyisa n'ekiwandiiko okubawa omutwe gwa Mukisa n'ogwange, okwo nga kwotadde n'ebintu Mukisa bye yatwala olwo balyoke bamusonnyiwe, kubanga baakozesa abakessi baabwe ne bategeera nti teyali ye okubalyamu olukwe, wabula yali Mukisa nange abaaluka omutego okubajjako ebyabwe.

Tebaakoma awo, wabula baagenda mu maaso n'okuwamba abalangira be ababiri ng'omusingo ogw'okubawanyisaamu emitwe gyaffe nze ne Mukisa.

Awo Kabaka nga bamuggyeeko abalangira be, yajjula embazuulu okuva ku olwo n'ekiwuka ne kimwegalika era n'amalilira okunsanyaawo ne Mukisa okwewala okusekulirwa nate entungo ennyuma nga abasajja abo bwe baamukola ku olwo. Yagenda mu maaso n'okumbuulira nti abantu be nalwanyisa abaatemyanga ku Kabaka nga bambadde obukoololo, baali bambega nga bazze kukakasa nti Kabaka atuukirizza endagaano mu bwesimbu ey'okummiza omukka omuso.

Bwe nabitegeera ebyo, ne mpulira nga nguddewo ekigwo kinene kyokka ne mmusaba ammalireyo ku by'oli eyali yawambiddwa nga ayambadde ebyambalo ebifaanana n'ebya Kabaka. Awo kwe kummalirayo nti, "Abazungu bwe baategeera nga Kabaka alabika alya mu lulime ne mu luzise ng'omuntu atalina mugongo mpozzi olw'okulemwa okunfuula evvu, kyebava bamulumba bawambemu ye.

Olwokuba yali mweteefuteefu, yassaawo omuntu amufaanana n'amwambaza ebyambalo bye eby'obwakabaka, bwe batyo ne batwalamu oyo nga balowooza batutte nnyo, kubanga "Ekijja omanyi kinyaga bitono ekiddukano tekinyaga byenda!" Bwe namubuuza ku ngeri Kabaka gye yali andowoolezaamu mu kaseera ako, kyalabika nga yali tanninaako mutawaana era nga nze bwe mmusisinkana anvaako bukumbu ng'embwa bwe yava ku nseko ng'ogggyeeko okunnyaninza n'okunyumyamu ng'abomukwano abedda. Kye nakola, namalirira ng'ayigga embogo ne ŋŋenda okusisinkana Kabaka wazira nga bambega bange bandi ku bbali era nga babunye wonna mu nju n'okwetooloola olubiri lwonna ewa Kabaka. Nga ntuuse

bwenti, Gwolyokya yannyanjulayo nti, “Mukwano gwo wuuno abonese.” Ko Kabaka nti, “Ani gw’ogamba?” Nze kwe kuyingira munda nange ne ngamusimba butamala ng’omuyizzi asisinkanye engo. Kyava atunula wansi, n’asekamu amakete ate n’amala n’alagira n’obukambwe nkwatibwe era nsibwe. Nga bankutte, baanjolekeza mu kisenge kye nga ndi musibe n’emigwa. Mba ndi awo, ng’omutanda ayingiddewo mu kisenge mwe nali nsibiddwa. N’aŋŋamba nti “Nsonnyiwa master, kubanga mbadde nnina okuwubya ba mbega ba bazungu abambeera ku bbampa buli kiseera.” Kino ate ne nkyebuuza muli era ne sifuna kya kuddamu, kubanga nali ndowooza nti baali tebamusuubira mu lubiri. Anti baali balowooza baamukutte bamale batwale amufaanana.Yannyumiza byonna byonna nga Gwolyokya okuggyako ekyenjawulo kyali nti, mbu yali ateeseteese engeri y’okumponyaamu ne Mukisa luli tumale tulwane, wazira bwe namubuuza ku ngeri gye yali agenda okukikolamu, nga amatama ntengo. Awo we namanyira nga bye yali aŋŋamba byali bya wakayima nga alambuza wango! Ddaaki twakkaanya era n’akkiriza tukolere wamu nga bwe twali okusooka. Wazira nasigala nkyalowooza ku musajja we oli eyatwalibwa nga Kabaka omuwambe.

Nga olubugabuga lutusaze mu maaso, twali ne Ssabasajja ku nnyanja ya Kabaka nga tufuuyibwa ku kawewo akaali akawoomu obulungi ennyo. Emboozi nga egudde amakerenda, nabuulira ku Magulunnyondo ekirowoozo kyange nze okugenda mu bazungu abo gye baali bawangaalira okununula musajja we eyali yeewaddeyo ku lulwe. Ko ye “Obeera weekuulidde akabazzi ku ntumbwe master, nze ŋŋamba, tusindikeyo Mukisa y’ajja okusobola okumukomyawo.” Bwe namubuuza ensonga emusindisa Mukisa, teyanziramu okuggyako okukona ng’ebikongo. Naye bwe nambuulira nga bwe njagala ennyo Mukisa era nga

bwansula ku mwoyo ng'olufuba ate era nga bwatawalana muntu yenna yenna, yambuulira kimu nti "Bw'omaliriza akanyamberege kano era n'okomyawo abalangira bange ababiri mpozzi ne musajja wange oli, nja kubakolera ekijaguzo ggwe ne Mukisa mufuuke omuntu omu mu kifo ky'ababiri." Ko nze "Mu bwangu ddala basajja bo bajjakuba bakutuuseeko." Nga bwe baalugera nti "Z'olaga omulungi tezirwa," ate ne "ennyonyi enkeeze y'erya ensiriŋŋanyi," natambilirawo okwolekera ku lunaku olwo lwennyini okukola omulimu. Bwe mba ntambuddeko emitala nga giigyo, kyenva nsanga endogoyi nga ttaano nga kuliko abazungu naye nga kuliko abakulembedde alinga akutte emizingo gy'ebiwandiiko wabula nga bagenda gyetuva. Nze saabafaako, nga nneeyongera kugenda mu maaso. Waba tewannayita ssaawa nnyingi, nga ngwa ku ggye eddene eryakula ne liwola era nalyo nga ligenda gyetuva wabula nalyo ne ndiyitaako nga tewali awuunye munne, newankubadde nze newankubadde bbo. Bwe mba ŋŋenda, abamu ku baserikale b'eggye eryo ne bagamba bannaabwe nti, "Abo tubakwate." Ko abalala "Abo batwala misolo gya Sultan baleke." Ko bali "Tukebere ku bye batwala tulabe." Awo Forken Williams gwe twali naye kyava abagamba nti "Nze Forken Williams, temunzijukira? Bano tebalina buzibu tutambulako butambuzi." Awo ne bamubuuzaako era ne banyumyayo nga kimu bibiri n'abasiibula ebigere ne byolera. Bwe natuuka Kabaka we yandagirira awaali wasuubirwa abalangira ne musajja we, ne nnengerayo Bawalabu so nga nali mbasuubira mu lubiri lwa Sultan n'okulwetooloola, kubanga nali mmanyi ebitfo bya Abawalabu ebisinga obungi e Mombasa. Nga mbuzaabuziddwa era nsobeddwa eky'okukola, natuma Mukisa agende yeetegereze ekiri mu kisaakaate we twatuukira n'oluvannyuma tusale amgezi amalala. Obutalandagga nnyo kubanga nnyini yo y'agikaddiya, Mukisa teyalwa nga

yeekolako ng'omugole ayonjeddwa bba nga ayolekera. Bwe yatuuka awali abakuumi, baamutunuulira butunuulizi amalusu ne bamira muganda si ku kanyiriro ke yaliko. Kyava ababuuza mu ddoboozi ery'akawoowo era ettono ennyo nti, "Omukulu waali?" Ko bbo nti, "Nedda eno taliiyo, ali ku mirimo gye, ali mu lubiri lwa Sultan." Ko ye "Ate akolayo ki bannange nze! Ooooooooooooo omuntu alabye nze." Ko bbo nti, "Wano ajjawo bwa lumu kubanga eno waliyo tterekero lya byakulwanyisa bye byokka, tatera kugoberayo nnyo eno nnyabo." Ko omu ku bakuumi nti, "Naye omukazi oyo ayinza okuba omulabe nga yenyogontoza bwenyogontoza ng'emmunyeenye ey'ekiro so nga kitole kya nzikiza." Ko Mukisa nti, "Ekyo nja kukimugamba nga mmutuuseeko kyoŋŋambye, ate nkulambye." Kyava yeefuula nga akaaba n'avaayo nga atambula kisezi butatunula mabega nate. Wabula bw'aba avaayo ati, abakuumi ne bajja nga badduka okumusanga n'amanya nti bandiba nga bamuguddemu era eyamwalula esiridde. Kyokka ekyamumaamulako enviiri zonna ku mutwe ne zigwa ttale, kwe kuba nga bonna baataayiza mutaayize n'okufukamira nga kw'otadde ne batandika okwetonda amajeemulukufu nga bagamba nti, "Hajati tusonyiwe." Ko ye nti, "Naye temuddangamu okuŋŋamba nga bwe mmuŋŋambye olwaleero, muwulidde?" Ko bbo nti, "Ye maama." Ko ye nti, "Kale mukuume ebyokulwanyisa bye byokka kwe tusibidde olukoba." Ko bo nti, "Weebale nnyo maama." Awo nno kwe kuvaayo ng'ayise ku lugwaanyu nga endiga okuva mu kamwa k'omusege naakunnumba ng'embuzi eyasizza entamu. Nga ntegedde bwe biri bwe bityo, nayolekera butereevu ku lubiri lwa Sultan. Wabula nga tutuuse mu ttale awo ebbali kumpi n'olubiri lwa sultan, nalengera nnamungi w'abakuumi ali wali bwati! Nga kika buka era nga okusindikayo Mukisa, obeera oziise muziike ng'olaba. Kyokka ye n'amalirira okugenda. Bwe

namukwata omukono aleme kugenda, yannesimattulako nga muzimu n'ateekako kakokola. Okutemya n'okuzibula nga atuuse ku mulyango oguyingira mu kisaakaate ewa Sultan era bwe gutyo ne gumumira. Amagezi ge mwattu gaamuyisaamu, anti twamulabira awo n'abalangira bombiriri ng'abaleese, kyokka ye musajja wa Kabaka eyatwalibwa nga tali naye. Oluvannyuma abalangira baatugamba nti yazzibwayo ewa Kabaka era nga kirabika ly'eggye liri eryatuyitako. Nze ne Mukisa twasooka ne tusiba ebibaddewo ku nkondo tudduke okutaasa Kabaka ekibambulira kubanga eggye eryatuyitako teryandekera birowoozo bitereevu mu mutima gwange. Wabula kye nasooka okukola, kwe kusala amagezi nfune ebyambalo bya Sultan kubanga kyandabikira nga abazungu baali beegasse wamu ne Sultan era nga bassa kimu mu kaseera ako. Kino kyo Mukisa ye yakikola. Anti yaddayo eri gye twasookera n'alagira bulagizi ebyambalo, eby'okulwanyisa, embalaasi, n'endogoyi ne bireetebwa. Tetwalwa, nga tubambagga, kyokka tuba tugenda, ne tuwulira abatuvaako emabega. Awo kyetuva twongera emisinde omulundi gumu ne tubaleka ate ne twekweka mu bisaka. Tuba tukyekwese, ne ndaba abaserikale nga amakumi asatu gayitawo ku misinde egy'ekika ekya waggulu. Naye tuba tukyalinda bayitewo, ne tugenda tulumbibwa obusekerezi n'enjuki omulundi gumu. Eyo twavaayo tetwesiikidde na kanyeebwa.

Olwali okuvaayo bwe tuti, nga tugoolekanya n'omulabe. Kye twakola, twebikka amaaso ne tussaako mangu sseppeewo ne tudduka eri awaali enjuki, olwo nno nga njagala zinnwanireko. Nazo tezaali mbi ne zibankolerako abamu, abasigadde ne tubakolako bwezizingirire, n'abalala ne baddayo gye baali bava nga tebaasobole kubeera kikufiiriddeko nga ndwadde ya nkoko. Abalenzi bange baali baagala okubamalawo naye nze ne mbakugira nga njagala

tugende mu maaso na lugendo lwaffe, kazzi nkola bya ssemaka eyakwata ku ssessota bwe yali yeetoziira nga n'ennimi zirasira oluvannyuma lw'okukwatibwa akamasu mu butamanya. Naye nga bwe baalugera nti "N'omugezi awubwa amatu tegawulira vvumbe, nagenda mu maaso na lugendo.

Bwe tuba tukyagenda nga tubuzaayo emitala nga ena tutuuke ku lubiri, ne nnengera ku kkono waffe e busukka kibira ng'omusajja atudde ku ndogoyi adduka embiro enzibu nga naye ayolekedde gyetulaga. Awo we namanyira ensobi yange okuleka abalabe nga bayinaayina nga sseddume w'embuzi ayasizza ekibya. Mu kiseera ekyo Sultan yali yatutegedde, kubanga n'omusajja oyo gwe nalengera yali atutte mawulire ku lubiri. Muli kye nva ŋŋamba nti "Akubaguulizaako oyagala wa mbazzi? Era bye bawonga byotawulira nti Lubaale anzita?"

Nga nkwata kasaale kange ke nali nneesiga obulungi, nga mmulasa. Naye teyankaluubiriza nga atonnya ku ttaka. Kazzi waliwo ow'okubiri gwe sirabye. Munnange nga ntuuka ku lubiri, olwali okutonnya bwenti, nga omubaka gwe nali sirabye wuuno asonze bwa ssekanyolya. Oyo naye ne mmusindika mu kkowe lye limu ng'eyasooka, kubanga "Ssekawuka kaali kakulumye bw'okalaba okadduka." Kye nakola, kwe kwawuzaamu eggye. Mukisa yatwalako ababe nange abange. Mukisa yalagira ababe beekweke mu ttale eryali ekyengulu w'olubiri ate nze nkulembere abange twolekere okutuukira ddala mu lubiri munda. Olw'ababbi b'okumayanja abaali abayitirivu mpozzi n'obutalabika bw'abasuubuuzi abaatundanga emmundu n'amasasi, emmundu zaali za kkekwa mu kiseera ekyo era mu lutalo luno saazikozesaako. Anti n'entono ezaaliwo temwali masasi ka libe erimu bwe liti. Naye bbo Abawalabu baazirina era baazikozesa newankubadde nga kyenkana baazikozesanga mu

kaseera ka kufa kokka basobole okukekkereza amasasi. Mu kiseera ekyo olubiri lwali lukyuma Bawalabu olw'obungi bwabwe, era nga bonna beewagise ebitala, abalala busaale, n'abatonotono emmundu. Nga Mukisa ne basajja be beekukumye ng'abaliira ku nsiko ebweru, nze nayolekera mu maaso g'omulabe buteesagga, era ne ntandikirawo okumussa obusaale nga bwe kisoboka. Nakasuka obuso na buli kye nalina nga ndi ne basajja bange okutuusa eggye ly'omulabe lwe lyaziŋŋama, ne likonziba era ne lirangaala ng'engajaba ezirima bwe zikola mu budde obwa kalasamayanzi. Mba naatera okululinnyako bwenti, ng'eggye eryali likutte e Bule ne Bweya omwali n'abalina emmundu nga liyingiddewo. Nali sirabanga ggye ddene nga liri, era na kaakano mbadde sinnaddamu kuliraba mpozzi ndi liraba oluvannyuma enkuyege bwe ziriba zikyankubira enduulu. Nga simaze kwebuuza na ku muntu yenna n'akamu n'akeddagala, nalagira basajja bange tuyotte era ne nkowoola ne Mukisa gyeyali yeekwese naye nga tampuuna. Bwe nalaba nga nkowoola musibe abombye, nze ne nteekako emisinde gye wali olabye nga mpita mu mmuli ze baali baazimbisa olubiri. Mu kiseera ekyo buli musajja wange emmuli yaziyitamu ng'ezitaliiwo, era tewali yaziwagamiramu okusigalamu newankubadde okumulemerera aleme okufuluma akattiro ng'olubiri bwe lwali lufuuse mu kaseera ako. Wazira bwe nali nkyatunudde engulu eri mmale nkoowoole Mukisa nga mmulabula, ensonjogo z'omulabe ze nali nva okusojjola zaalabula eggye eppya mu ddoboozi eddene nti "Mubakwate nga balamu ababuyabuya abo tuwoolere eggwanga ku kayirigombe ke batukaabizza n'ekikolobero ky'obuswavu kye batutuusizzaako ffe okuwangulwa."

Nze muli na buli kati sirowooza nti abasajja abo be baakyogera newankubadde nga simanyidde ddala yanzigya mu mannyo ga mpisi mu ngeri eyo na guno gwaka, kubanga

ssinga teryali ddoboozi eryo kugambibwa mulabe wange, ssinga kaakano nfumwa bufumwa, era sandifunye na mukisa kukunyumiza bino.

Munnange baatutwala ennyindo y'enkata era nga tudduka tulaba obwaffe bukomye, okuggyako nga Lugaba azzizza bibye. Obuyinja bwatunyiga era ne butusonjola engere zaffe tumale tujjemu ga kalikkupu gaffe mbu ngatto, anti nga gatuddusa mpola nnyo tuyinza okukwatibwa omulabe. Eggye ly'abalabe lyatugoba lituzza ku kizinga gye nabeeranga ne mmange, era n'akasuubi akatono ke nali nsigazzaamu ak'okuwona ne kakeewa. Anti baatugoba batwolekeza luwonko sso nga lwali luggukkira mu mazzi g'ennyanja.

Ekizinga ekyo kyenjogerako kwaliko ekkubo limu erikituukako nga toyise mu mazzi era nga lye lifuluma, kubanga ebbali awasigadde gaali mazzi meereere. N'ekkubo eryo erimu, lyabbiranga ne gabeera mazzi gokka ssinga nga tuli mu biseera byankuba n'addala eya ttogo. Wabula ekkubo eryo lyagendanga likkirira ng'oggyeeko obukubo obutono ennyo obwakekejjulwangako kumpi buli lunaku. Bwe wabanga oserengeta mu luguudo olwo, wayitanga wakati w'ebisaka ebyali ku mugguukiriro gwalwo eruuyi n'eruuyi, era n'okkirira bw'otyo okutuusa lwe waggukanga mu luwonko wansi ddala olwali lufaanana ng'entobo y'ekinnya ekiwanvu. Bwe walusomokanga, ate olwo n'oyambuukiriza okutuusa emitala eri awaggukira mu mazzi ssinga oddamu okuserengeta. Oluwonko olwo lwali wakati w'ensozi empanvu bbiri. Kasonko gye nagendanga ne mmange n'olulala Kawanvu jjajjaffe kwe yafiira. Wabula bwe kaakutandanga ensolo enkambwe n'ekugwako mu luwonko luli, n'omala owona, ng'omanya Dunda gyali, era olifa dda. Munnange y'eyo nno eggye ly'abalabe gye lyatugobera limale litusimbeko nga abaali baabbye endeku ya jjajja Mukasa mu

ssabo nga ali mu mpya ze. Wabula bwe tutuuka mu luwonko lwennyini, ensaale ne ziryoka ziyiikira abaali bakulembedde olunyiriri olutugoba okuva waggulu ku nsozi ebbiri ng'empendule sso nga bwe kyali. Ekyo nno kyatuwa omwagaanya okuddukira ddala ne tubabeera wala ddala. Bannaabwe abaabali emabega olwalaba ku kikangabwa ekyali kigwiikirizza bannaabwe mu ngeri gye kyali tekisuubirwa, kwe kusala ag'enkolwa okukyusa obuufu badde emabega ekyali tekikyasoboka mu kadde ako. Anti nabo abaali baasoose ku lunyiriri olwali lusembayo emabega baabaligitamu ensaale ezaali zaaka n'omuliro.

Bwe twatuuka emitala ku gufunvu ogusembayo waggulu nga okukkirira obeera oyolekedde mazzi meereere, twayimirira okulaba ekyali emabega waffe. Mu kiseera ekyo nakwata mu kiwato ne ntunuulira omuntu bwafiira mu luwonko wali nga amazzi bwe gafiira mu ntamu. Mba nkyatunula, ne ndaba nga amazzi gayiikira abalabe era akataayi tekaasala luggya nga bonna tebannatotobala na kutonnyolokoka. Kazzi gaali mafuta sso si mazzi.

Awo ensaale ezaali zaaka omuliro ne zibaweerezebwa, twawulira miranga na biwoobe. Anti ng'ekire ky'omukka ekifubutuka mu luwonko! Kika buka. Naye bambi abaserikale abo baafa bubi, era baafiira mu bulumi obutayogerekeka, kubanga omuliro ogwayaka gwayagala n'okutuuka mu makkati g'ensozi ziri okwenkana obuwanvu sso nga n'ebbugumu eryali lifubutuka mu luwonko lyali lingi nnyo. Olaba naffe gye twali lyatusiiyiika tumale twolekere mu mazzi nga tebulinnya! Kye siyinza kukunyumiza ne nkakasa nti nkinozezza, ye nnamungi w'omuntu eyafa ku lunaku olwo. Wazira oluvannyuma kye namanyaako kyokka kyali nti, abaafiira mu luwonko abo baali basukka emitwaalo enkaaga. Ebyo nno okubaawo byaddirira amagezi Mukisa geyawa

Kabaka nti okusinziira ku bungi bw'omulabe, baali tebasobola kumulwanyisa ne bamalako. So ng'ate okusinziira ku kkubo lye twakwata, twali ba kuggukira ebbali w'ensozi ezo ebbiri tutuuke mu luwonko oluli wakati wa Kawanvu ne Kasonko. Nannyonnyola nti ssinga bagenda ebbali w'ensozi ezo ebbiri ne batulinda okutuusa lwe tutuuka mu luwonko, baali bajja kutubala nze ne basajja bange nga tuli mu maaso, olwo balyoke bafaafaagane n'omulabe nga bakozesa obusaale obw'omuliro kubanga "Omumpi w'akoma w'akwata ensolosozi eruma atudde." Ate era "Nnyonyi ntono y'ekemba byoya." Bwe batyo ne bajja mu bwangu obw'ekitalo n'abalenzi abaaleeta amafuta n'olunkumuli lw'obusaale ne biggweera byonna ku ggye ly'omulabe n'okuzikirira ne lizikirira ddala bwe lityo.

Bwe nabitegeera ebyo bwe byali, ne nzisa ekikkowe ekinene ennyo, era bwe ntyo ne nneebaza Lugaba eyatuwonya nga ayita mu mwana muwala Mukisa, kubanga Kabaka gaali gamumyuse era ng'atunula ng'omusezi eyakakitegeera nti obwedda asera ntuumo ya ttaka ng'alowooza nti abadde asera malaalo. Wabula olw'okuba obusaale, amafuta n'ebyakozesebwa ebirala byali bya Kabaka, namwebaza okubeera nga naye yatutaasa mu ngeri eyo. Naye nga bwe bagamba nti ennyonyi eteyise ekolera makaayi, munnaffe oli eyali afaanana Kabaka gwe baawamba tumale tununule abalangira ba Kabaka ababiri yali yajjidde mu bano abaatokomokera mu luwonko. Era ye muntu waffe yekka bwati, eyafiira mu luwonko olwo ku lunaku olwo.

NNEEGATTA NE BAKABAKA ABALALA OKUMALAWO OBUSUUBUZI BW'ABADDU.

Bwakeddempulira yantujja nnyo ate n'annuma nnyo Mukisa amale amunsokoole mu kigere kyange nga wayiseewo olunaku lumu okuva lwe nawona eggye ly'omulabe eryatokomokera mu luwonko. Newakubadde twali baakufumbirigamwa ne Mukisa mu butongole ku mukolo Kabaka gwe yali yatusuubiza, yalagira ne gutabaawo, mbu kubanga twalemwa okutaasa musajja we eyafiira mu luwonko n'abalabe. Naye ffe ekyo tekyatuwaawaaza matu nze ne Mukisa, kasita enkolagana gye nali nwanirira wakati wange naye yali ezzeemu okubaawo. Kabaka bwe yalaba nga mbimmye maazzi ne bisirikka bwe bityo nze okubyogerangako, ensonyi zaamukwata n'atugabira ensiisira nze ne Mukisa okubeerangamu. Awo ne ndyoka mpeza ensiisira ssatu mu lubiri. Eyange omuntu omu, eya Birabwa n'eya Mukisa. Mu bintu ebyali bisanyusizza mmange mu nsi muno, yaŋŋamba nti okukkiriza okuwasa Mukisa ku olwo kye kyasinga okumusanyusa era yatulambulangako buli kawungeesi nga atubuulira ebigambo eby'amagezi buli lunaku. Kyokka nze saakitwala nga kipya oba ekyewuunyo, naye oba lwaki? Mpozzi lwakuba nali mbeeranga naye buli lunaku, nga mmulaba nga mwannyinaze.

Ng'ebbanga liyiseewo nga ndi ne Mukisa awamu n'omubereberye waffe Nakayiki, lumu twatuula mu muddo gwa kiragala okuzannyisa Nakayiki awamu n'okunyumyamu ng'abemikwano. Bwe twali tuli awo, Birabwa n'ajja nga musanyufu nnyo nga akimezezza okwenjala. Bwe yatuuka n'agamba Mukisa nti, awo nno Lwanyisa agenda kuwummula bulungi e magombe ate era nange ne bwe nfa kaakati mpummula bulungi kubanga obugumba tubusibye ku mpagi ffembiriri. Ko nze "Bulijjo yali ayogera ku mwana?" Ko Birabwa "Ye kye yali ategeeza era okuddibwamu okutuufu

kutuukiridde ku Nakayiki, Lugaba yeebale." Ko nze "Lwaki mwakinkweka luli?" Ko Birabwa "Wamma Mukisa, tunula eno." Naatunulayo, ne balyoka bansekerera olusekerera olwansesa nange. Nali mmanyi nti basekerera nze, kazzi basekerera forken Williams eyatuli emitala. Yali aleebukana na ndogoyi mbu ng'egaaanyi okulya omuddo. Wabula yo yamuddusa kata emusuule ne Kawansazi ng'emisinde gy'agibingako obubinzi bwegiti; Enseko zitta mulabi. Kyokka olwali okuginyweza bwati, yagibika enzo, evvu ne ligifuumuuka n'enyama. Bwe yalwawo nga agikuba bwatyo, nze amaaso ne nzigyayo ne ngatunuuliza Mukisa eyali yavudde edda ku by'okuzannyisa Nakayiki ng'ayooyoota kitala kye kye yajja ku Arafat Omuwalabu.

Enkeera w'olunaku olwo, nazuukuka mu matulutulu okubaga enteekateeka empya ku lupapula ey'okukolamu emirimu, kubanga nali mmaze ebbanga ddeneko nga sikyagenda kuwamba maato agatwala abaddu e Buwalabbu ne mu Bazungu. Wabula bwe nali nkyalowooza eky'okukola, ekirowoozo ne kinzijira mu mwoyo gwange nti "Abaganda nkoba za mbogo zejja zokka mu bunnya ate era ky'oyagala kikuseeza omunyoro amalibu gaamuttira olubimbi, lwaki sikunga obwakabaka n'amawanga gonna ge nsobodde ne twegattira wamu ne tusannyalaza abasuubuzi b'abaddu ne tubakuba awabi ne balekeraawo okutusuubula ng'abaddu, kubanga agali awamu geegaluma ennyama ow'amalibu akiina wa ngereka. Munnange nga ndoza kirowooza kyange ku Mukisa. Bwe namala nga nsiibula Mutanda nga nneeyongerayo kugatta mawanga na bwakabaka bwonna bwe nnaaba nsobodde. Kino kyantwalira amadaaza agawerako nga nkola omulimu guno, kubanga tegwali mutene mu nkula yaagwo. Mu kiseera kye kimu ekyo, we nasindikira Forken Williams e Bungereza okutwaala ekiwandiko kye nawandiika ekisaba okukomya obusuubuzi bw'abaddu n'okubalakasira

okunnyambako okukwata abasuubuzi b'abaddu nga mbattottolera akawonvu n'akagga abasuubulwa mu buddu engeri gye baliisibwamu akakanja ne babeera ng'omukazi omuyima be yatuulira ku kisaabo. Namusibira entanda nnene nnyo ey'okubatwalira gye nalowooza nti y'enaabakkirizisa okuwera obusuubuzi bw'abaddu mu nsi yaabwe oba oli awo n'efuuka ekyokulabirako ekirungi eri ensi endala entonotono ezigiriranye nazo okukola bwe zityo, kubanga ennyonyi enkulu y'eyigiriza ento okubuuka. Bwe waali waakayita amadaaza ataano okuva lwe natandika omulimu guno era nga we ntuuse nnaatera okugufundikira, nasembyayo n'eggwanga lya Nandi erisangibwa eyo ewala ennyo ddala okuva ku ttaka ly'obwakabaka bwa Buganda we buli kaakano. Nga bwe balugera nti "Atawubira nsiko ye taliira," era nti "Eyeetuukidde tanywa matabangufu, nagenda nze nzenyini okusaba Kabaka w'eggwanga mwe nabanga ntuuse okweyunga ku mugendo ogw'okulwanyisa obusubuzi bw'abaddu, kubanga ogutateganya teguzza nvuma. Naye lwe natuuka ku Kabaka wa Nandi omulundi gwange omubereberye, yantikka eggugu ly'obukwakulizo nange obwansiiya n'ennyindo.

Yaŋŋamba nti ssinga ndya amaterke n'engabo ne zikekkera wakati wange ng'omuntu n'obwakabaka bwa Masai era ne mbulinnya ku nfeete, olwo ne balyoka beeyunga ku luseregende lw'abalala abaali emabega wange okulwanyisa ekisuubula bantu nga abaddu. Bwe yamala okuluka ekiwempe ky'ebyayi ebikutufu era ebitannyikira mu mazzi nga antegeeza ensonga ezitazitowa ezimulumbisa ba Masai, namubuulira nga bwe siyinza kukkaanya nabo nga mpita mu kulwana, wabula okuteesa nabo. Ko ye nti, "Okuteesa ne Masai obeerra osiwa nsaano ku mazzi era nkuwa ga buwa toddamu okulowooza kigambo ekifaananako bwe kityo kubanga tekisoboka. Ebyo byonna yantegeezanga mmutunula

mu mutwe era nga byaŋŋamba bingwa ntoko. Newankubadde namulaga nti ebigambo bye mbikkirizza era ssiigende, nayolekera mu ba Masai okugenda okuteesa nabo mu mirembe awtali kulwanagana. Bwe ntyo kwe kugwa mu ddene ne njolekera. Olwali okutuuka bwenti, kyenva nnyinyonnyola abakuumi b'omulyango ekindeese. Kyezira kubagamba, ng'obusaale bwe busowokayo okuntunuulira. Era ssinga nali saayawuddemu ggye lyange nga ŋŋenda, awo nali sivaawo nga nkyassa.

Oti baabandaaaza, wa! Nga banasula busaale nga butuggwerako ffenna, anti naawe omanyi ng'okutambula bwe kuli okusiisima. Eky'omukisa, tewali gwe kaakuba mu kifo kisibukamu bulamu era tewali ku basajja bange yalugulamu bulamu. Awo Mukisa eyali alengerera ewalako n'ataama ng'enjuki, era abakuumi b'omulyango abo beeyitira ngo eriko n'omwana okuntuusaako ebisago kubanga Mukisa yasooka n'abayisaamu obuyiso buli obw'obutwa, n'abatulisa obusaale, ate ebitala byabwe byennyini bye ne bimaliriza omulimu. Mukisa yansitula n'anteeka ku bibegabega era n'abassajja be ne bakola bwe batyo abange. Tuba tugenda nga tutambuddeko akagendo mpa we kaaga, ne tulengera abajja okuva emabega waffe nga bayitirivu ng'obulo mu kibbo. Ebyembi nga binajja ekikere kiduka nga mpewo, mu kifo mwe twali kyali kyererezi, nga lwaazi lwereere, obuddo bwa muswaba, era nga wonna lukoola lwereere. Anti ng'eyeekwese n'ateekwese mwenna mufaanagana. Awo ne twewaayo mu birowoozo byaffe nti tugenze. Eggy teryalwa nga litutuukako. Omukulu w'eggye kyava atubuuza nti "Ani abakulira?" Awo Mukisa n'ansimba wansi ne nnyimirira naye nga ankwatiridde obutagwa. Ne nziramu nti "Nze" Ko ye nti, "Nga oli mwana muto nnyo okubeera n'eggye n'obuyinza bw'olina." Kyava ansekerera nambuuza nti "Kale yogera ekibadde kikuleese wano." Ko nze "Mukwano gwo ayagala muteese mu ddembe

tweggattire wamu nange okulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu." Ko ye nti, "Toyogedde bubi naye sooka ombuulire." Ko nze "Ye ssebo." Ko ye nti, "Naye tewazze na byakulwanyisa okusinziira bwe nkulaba, ani eyakubuulidde nti eno tebajja na byakulwanyisa?" Ko nze "Mukwano gwo gwe nkugambyeko Kabaka wa Nandi." "Ko ye nti, "Eee bulijjo muntu mulamu bwatyo?" Ko nze "Bwe kiri" Ko ye "Naye kale mmwe kamuttibwe ndabe oba taawoolere ggwanga!" Ko nze "Ekyo okoze bulungi okusinga lwe wandinsindise nga nga tozzeemu kusaba kwange." Ko ye nti, "Olowooza bw'onantisatiisa onawona?" Ko nze "Nze sisobola kutta muntu atalina kyakulwanyisa mu ngalo ze nga nkozesa obutiitiizi nga ggwe naye ate simala gafa nga kawuka nga ggwe."

Olwamala ebyo, kyenva nfuuwa mangu oluwa ne luyitamu. Awo abaserikale be kyebava batandika okuttiŋŋana, okukkakana nga abasigaddewo bamwetooloodde n'ebitala. Awo kyava atandika okuntunuulira kiziimuziimu omugole kyatunuulira ettooke etto n'agamba nti, "Kale nsonyiwa, naye nange mbadde……" Yayogera ebyo nga bwajjayo ekitala kasirise kazzi bamulaba. Olwali okukijjayo bwati, nga basajja bange bamusogga ebyabwe era n'ekikye kye kyamumalirizzza ye. Twavaawo tuwuniikiridde nga twewuunya abantu abo, era bwe tutyo bwe twawona abakambwe ba Masai Omulundi omubereberye lwe twasisinkana. Bino okubaawo, byaddirira abasajja bali nga bamaze okutuyiira obusaale. Mukisa bwe yabakuba obuyiso, ekyo kyayamba obutabaawo lugambo lutukolebwako eri munda mu kisaakaate nti ebweru waguddeyo ennabe era ne kiyamba n'obutatakkiza nduulu mu ngeri yonna.

Mukisa bwe yamala okubaserengesa bonna e kaganga, yayambula emirambo gy'abasajja abo ebyambalo byabwe

n’alagira abamu ku basajja be babyambale okusigala nga baketta n’okwetegereza entambula z’abantu abo. Awo abaali basigadde ne bawanirira ku ffe abaali bakubiddwa ensaale ne tutambula. Abaasigalayo bwe baamala okufuna we bakweka emirambo, ne bagwawo ng’abafudde olwo ne balinda ebiddirira. Wazira ng’ojjeeko okuketta, Mukisa yalowooza nti abalabe bayinza okumanya ne batuwondera, bwatyo n’abalekayo okwekuuma, kubanga bulijjo atatya musajja munne tawangaala.

Oluvannyuma lwa byonna, nga ab’omunda bategedde ekiri ebweru, mu kifo ky’okusooka okujjawo emirambo gya bannaabwe oba okugyekebejja, baagoba ffe mbagirawo n’omululu ndowooza batukole kye baasanga tukoze abaabwe. Omukulu oyo eyatugoberera bwe yali asimbula okutwolekera, abamu ku basajja ba Mukisa ne bamugamba nti “Naffe ka tujje obusungu bwe tulina tububamalireko ku kye bakoze bannaffe abafudde.” Ko ye nti, “Mujje buli akyalinamu oluyingo.” Ne bagoberera. Awo nno kwe kutaasibwa tutyo. Wazira kyennava ntya ennyo ng’eggye ly’omulabe litugoberedde, nalowooza nti bayinza okuba nga baategedde omutego Mukisa gwe yali yaluse, kyokka kasita basajja bange bantemyako nga bali mabega wa musajja oyo amale ansiiyiike ebibuuzo, ne mmanya nga Lugaba akyampaniridde mu bibatu by’engalo ze okunkuuma mu kaseera ako. Naye ng’oggyeeko ekyo, katubeere kakira ka nte akakuba erudda n’erudda. Nnyinza okuba saawuliriza kulabulwa kwa Kabaka wa Nandi, naye ate okusinziira ku bigambo bye yaŋŋamba mu kusooka, nali siyinza kumala gamukkiririzaamu ntyo. Naye owa! Kasita nawona ku lunaku olwo. Era ekimu ku bye nsinga okwenyumiriza mu Lugaba ku bye yali ankoledde, kye ky’okumponya ku lunaku olwo.

Nga mponye abajambula abo, nasooka ne mbavaako bukumbu okumala amazooba nga gaago. Naye lwali olwo, ne balumbibwa abasuubuzi b'abaddu. Baatwala bangi nnyo ku bantu baabwe nga mu buwaze obungi, ne bookya ensiisira zaabwe mpitirivu, era ne babakuba omuggo munene nnyo ggwe ssimanyi nga gulyerabirwa abo abaawona okutwalibwa. Ebyo olwangwa mu kutu, nga nfa kisiiri. Wazira nali ndi awo nvuga mbalaasi yange olweggulo nga empisa yange bwe yali, omubaka n'ajja okuva ewa Kabaka wa Masai nga ansaba buyambi. Nga mmaze okulwanira awamu naye ne tununula bangi ku ba Masai abaali bawambiddwa, Kabaka wa Masai oyo yanneeyitira yekka okunneegattako tulwanyise obusuubuuzi bw'abaddu nga simunyeze kigambo wadde ŋŋwi. Lino lye lyali eggwanga eryasembayo okunneegattako ggwe wamma omukeeka ne guggwa ggwe nali natandika edda okuluka ogw'okuyunga obwakabaka kyenkana bwonna obwali mu buvanjuba wa Ssemazinga waffe.

Newankubadde si gonna amawanga ge natuukamu nti ganzikiririzaamu omulundi gumu mu bwangu, naye waakiri agasinga ku go gaakikola era ne ntandika bupya okulwanyisa obuddu nga nnina obuyambi obuwera, kubanga "Ak'omuntu si ka nte nti we yakaabira jjo era na kati," ate era nti "Nnassiwa mu kange, asiwa mu kaabukuku."

BWEYINDA SI BWETONNYA

Yannakuwaza nnyo omulenzi oyo bwe yamira omukka era n'atunula ebikalu nga mmubuuzizza obanga ekiwandiiko ekyali kiragira buli ggwanga eryali emabega wange okulwanyisa buli musuubuzi w'abaddu ali mu ggwanga eryo kyali kibunye mu nsi zonna.

Ekiwandiiko ekyo nakiwandiika nga kiraga olunaku buli ggwanga erisangibwa mu Buvanjuba bwa Ssemazinga waffe lwe linajjayo eggye lyalyo okulwanyisa abasuubuzi b'abaddu mu ngeri bweti, nali nakozesa obuyinza obwampeebwa buli ggwanga ery'anneegattako okulabula buli musuubuzi w'abaddu obutaddamu nate kwetantala kugenda n'abwo mu maaso kubanga embuulire tefa yonna. Nali nasaba abafuzi Abazungu n'Abawalabu mu nsi zaffe ez'Abaddugavu okulagira bannaabwe okukomya okutusuubulanga nga abaddu. Ku lunaku olwo lwe nawandiikako ekiwandiiko ekyo kye nasindika, nalagira nti buli akwatibwa nga atunda oba okugula abaddu attibwe, kubanga y'engeri yokka eyali eyinza okumpisaamu mu kye njagala mu zonna ze nalowooza. Bwe ntyo kwe kulagira omulenzi asindike banne okusaasaanya ekiwandiiko ekyo, Oba nalina mukessi mu nnyumba yange eyandiiranga muli ng'omusege, oba yali ani eyandyamu olukwe, nange saamanya era ne kaakano simanyi. Anti waayita mbale nga gantuukako ng'ekiwandiiko bwe kyali kigudde mu mikono emikyamu era Abawalabu nga bwe baali bakisirikidde. Awo nno ne mmanya nga bwe nali nkatambye era n'obudde bwe buzze ku bunnaabwo. Ekiwandiiko ekyo kyasaasaanyizibwa mu ba Sultan abaali bakulembera emyalo egy'enjawulo omwali Mombasa, Zanzibar, Kilwa n'emirala era ne mpulira nga bwe banneeweredde nti ndi wa kulaba akabafaamu mpite ne mmange eyanzaala, ne batamanya nti gwe beewerera yeyasooka okubeewerera. Baayuuguuma

okufaako obufi nga balugu anaakwata omutuba ekyabawaliriza n'okutumya eggye eddene ennyo okuva ewa Kabaka waabwe e Buwalabu eyabatuma eno nga biwala ttaka, anti ndowooza nga balujjukidde olugamba nti, "Ennyonyi enkeeze y'erya ensiriŋŋanyi." Eggye eryajja enno lyali luvookwaaya nga lijjudde abakambwe abaatuuka n'okukanga abamu ku basajja bange ne bamaga ng'engabi enkasuke eryambe ezziba ne babeera ng'enkoko eziguddemu kamunye n'endiga ezirumbiddwa emisege mpozzi nga beerabidde olugamba nti "Ssebagoba musibe naye entuuyo zisala."

Awo eggye eryo ne lye yawuzzaamu ebitundutundu okumalayo ba Sultan bonna abaali bafuga mu nsi zaffe okwetooloola e Buvanjuba gye nali nsimbye amakanda n'awalala. Okusinziira ku bakessi bange, buli Sultan yali aweza eggye ly'abalwanyi abatakka wansi wa mutwalo era nga bonna beeswanta bweswansi nga beesunga olunaku lwe nawandiikako mu kiwandiiko okutuuka, balyoke bankangavvule era nange nkitegeeremu omusera. Newankubadde omwoyo gwange tegwaganya kubuutikirwa kutya ggye eryo, naye era n'okwalimu okutono ennyo kwasaanawo bwe najjukira ebigambo bya jjajja bye yaŋŋamba ku lusozi nti "Tunuulira ng'ensi yonna eri ku bibegabega byo gwe," ate era nti "Omanyi nti ggwe okiikiridde Balubaale ne bajjajjaabo, nga ensobi emu bweti gy'olikola , erimala bumazi okwonoona n'okutabangula ensi yonna……..." Awo ne mmanya nga nnina okusala amagezi butya bwennawangulamu olutalo olwo, mu bulungi ne mu bubi . Olwokuba ettooke oliwanirira likyali ku mugogo, nasindikirawo basajja bange abaali baakuguka mu kuluka emitego mu nsi zonna ezaali ku mugongo gwange kubanga ke kakodyo ke nasuubira okubeera akalungi okukulembera mu bwonna bwe nali nnina okukozesa nga akaseera katuuse ak'okugoolekanya n'ag'omulabe. Eky'omukisa, obudde nali nnina obumala kubanga olunaku

lwe nali nawandiikako lwali lwa kutuuka nga wayiseewo emyaka ebiri mirambirira.

Mu kino Ddunda yali wamu nange era nali wa mukisa ebintu okuyitamu nga bwe nabyagala anti "Omukisa nkukunyi……" Nga nfunye amawulire nti basajja bange batuuse bulungi gye nabatuma era emirimu gitandise, nange ne ndyoka ntandika emirimu gy'egimu egy'okuluka emitego egyo ne basajja bange wano ewa boobwe era nga twagiruka bwetuti.

Twasima ebinnya okwetooloola mu nsozi zonna nga buli kimu kiwanvu ddala era nga kigazi bulungi. Bwe twasimanga ne tutuuka ku lukuusi, ne tulyoka tussaayo emikebe gy'amafuta agajjudde obulungi ne gibooga. Olwo ne tuwummuzaako akatiba mwe twanywezanga ebitundu by'amafumu amasovu obulungi oba obuti obugumu obusongoleddwa obulungi. Awo nga tubikkako essubi ekkalu obulungi waggulu. Olw'okwagala okuwubya omulabe, twamansanga n'awalala awatali kinnya na kimu essubi ekkalu obulungi nga bwe twakoze ku kinnya tubuzaabulize ddala omulabe aleme kutegeera mutego gwaffe. Kwe twalabiranga nti awo waliwo ekinnya ate wali tewali, ku kinnya nga tubikkako ettete ate awatali kinnya nga tubikkawo ssenke. Olwo ne tulyoka twawula awakyamu n'awatuufu mu ngeri eyo.

Amafuta ge twassa wansi mu binnya ebyo gaali gaakukozesebwa ssinga omulabe abeera wansi w'olusozi okufaananako nga ekimusobola kya kumwokya na mafuta nga Mukisa bwe yakola mmale mponere watono okuttibwa Abawalabu emitwalo enkaaga. Ogwo gwe gwali omutego ogw'olubereberye.

Nakkiriza abasajja abeewaayo okuwalampa emiti basirikire mu matabi olwo nga bakutte obuwuzi obuwanvu ate obugumu ddala. Obwo nno bwali buyungiddwa ku bitittiriri bye twayunga n'emigwa nga tutisseeko agayinja aganene ddala era agazito ffulula biswa. Awo ne tuteesa nti ssinga omulabe ayitawo bwati, omusajja wange ali mu matabi g'emiti ajja kusika akawuzi olwo agatittiriri galeke ebiyinja ebinene biyiikire omulabe naye akijjemu omusera. Guno omutego twagulukira mu bibira ebyali byakwata enzikiza era nga bitiisa, bwe kityo nga ssi kyangu omuntu ayitamu okumala gatunula waggulu mu miti. Ogwo gwe gwali omutego gwaffe ogw'okubiri.

Nze ne basajja bange twafunayo abayizzi okuva mu byalo abaakkiriza okutulwanirako. Bano baali balina okwekweka mu bisaka n'ebitimba ebinene ate ebigumu ddala. Nga ssinga omulabe kamutanda n'asemberera ebisaka bwati, abayizzi nga bamukasukira ekitimba oluvannyuma ne bamussa amafumu. Ebisaka omutaali bayizzi, omwo nga bategamu ebitimba era nga omulabe abeera talina gyaddukira okujjako okukoma awo ne tumunyweza okusigala nga mulamu. Ogwo gwe gwali omutego ogw'okusatu.

Nalina abalwanyi abeewaayo n'obulamu bwabwe okwekweka mu nzizi z'amazzi eziringa ze bakyafuwazza nga basuddemu ebisanja, ebisubisubi n'ebintuntu ebirala. Olwo nga basajja bange bajja kubeera omwo nga balinze balabe kujja kweggweera mazzi balyoke bannyonnyole ekibaleese mu ngeri ya……. . Ebisanja ebyali mu mazzi mwe mwali mulina okubeera basajja bange obutaggweera mibiri gyabwe gyonna mu mazzi. Ebbali n'ebbali w'enzizi ezo naddala mu nsaalu nayo waalingayo abalwanyi nga buli omu alina ensawo y'obusaale ejjudde obulungi kubanga twateebererza nti omuntu eyekwese mu

bitoogo, kyangu okulwanyisa obusaale obungi okusinga eyeekwese mu mazzi g'oluzzi. Ogwo nagwo omutego twali tuguteeseteese okukuba omulabe ku nsoloboto.

Ate bo basajja bange abalala, beewaayo okwekweka mu njatika z'enduli z'emiti ze twayasa mu miti eminene ennyo egy'ebibira ebitali bimu. Twayasangamu ebinnya ng'omuntu asobola okugyamu n'ebyokulwanyisa bye ng'atudde oba nga asitamye. Naye lwakuba okumalako n'omutego guno, gwatutwalira akaseera kawanvu ddala okusojjola buli muti omunene ogwali mu bibira mwetwasuubira okuva oba okutambulira ennyo abalabe. Okuliraana ebinnya by'emiti egyo bye twayasangamu, twasimbawo emmuli okwetooloola omuti ogwo ezisobola okukulira omwaka gumu nga zino ze z'okusiikiriza omulabe aleme kutegeera nti mu muti mulimu omuntu. Abalwanyi abaali ab'okwekweka mu miti egyo baali balina kulwanyisa buso bwokka era nga baabukugukamu okubukasusa emikono gyombi, ogwa ddyo n'ogwa kkono era ne tubateekateeka bulungi nnyo. Ate mu byererezi omutali kifo kyonna muntu w'ayinza kwekweka, eyo twatuumayo ntuumu za ttaka ezaayagala okufaanana amalaalo mu ndabika yaazo. Mu makkati g'entuumu ezo, mwe mwali mulina okwekweka omuntu eyali ow'okubbirira amaaso mpolampola okulaba ekigenda mu maaso ebweru.

Mu butuufu nange natunuulira entuumu z'ettaka ziri nga malaalo gennyininnyini ameereere era nga kizibu kya kutegeera nti si malaalo wabula ntuumu za ttaka. Twakoleranga ddala ekinnya kimpi ate ekigazi era nga musajja wange asobola okwetaayizaamu, okutuulamu, n'okubuukamu nga takaluubiriddwa. Entuumu z'ettaka zino oluvannyuma tetwaziggyaako oba okuzikuulako omuddo, anti byonna nga kye twagala kwe kusiikiriza omulabe aleme kutugwa mu buufu. Abalwanyi b'omu binnya ebyo

baaweebwa buyiso obw'obutwa n'obusaale okusinga, era twabategekera ebikapu ebijjuvu obulungi ebyalimu eby'okulwanyisa ebyo. Ogwo gwe mutego gwaffe gwe twateekateeka ogw'omukaaga.

Twatereka emmere ey'ebika eby'enjawulo nnyingi gye twali tulina okuteekamu obutwa, olwo tugimanse okuliraana emirambo obutwa, olwo tugimanse okuliraana emirambo egifiiridde mu lutalo nga tugenderera mulabe kutuukira okwo ng'oluyala lubadde lumusakata nga n'ensowera agigobya lulimi. Twateekateeka n'amazzi ag'okutabulamu kanywe okawulire nga mangi ddala ng'oggyeeko okukuba eddagala ly'obutwa mu miyembe n'ebibala ebirala eby'emiti ebikyali waggulu ku muti. Guno omutego twali baakuguluka ng'olutalo lunaatera okutandika.

Tetwakoma okwo, twazimba n'ebigo bingi nnyo omwali n'obupande obulagirira abapya nti mu weema eno mulimu bya kulya, ate mu eri mulimu busaale n'endala mulimu kino oba kiri. Twabumbiramu n'ebibumbe ebitunuza obukambwe obw'ekika ekya waggulu era nga abo be bakuumi. Twassa mu buli kisenge n'emiti gy'omuliggya obusaale obuleegeddwa obulungi naye ng'ewuzi ezibukwatiridde ziyita ku ttaka. Kale ng'omuntu yenna alinnyako ekigere kye bwati, akasaale nga kamwesogga okusinziira we yabanga alinnye n'engeri gye twateekateekamu ekintu kyaffe. N'ogulinga omutego ogwasembayo, twetonderawo olulimi olwaffe ku bwaffe.

Oli bwe yayitanga nti "Gundi…." Oli n'addamu nti "Wangi…" Eyayise n'agamba nti "Mpa akasaale," asabiddwa ng'awaayo kitala. Ate oli bwe yasabanga ekitala, nga awaayo ngabo. Omulala bwe yasabanga engabo, ng'aweebwa kaso ate bwe yasabanga akaso, ng'aweebwa kasaale. Wazira ng'oggyeeko ebyo, bingi ku bikolwa n'ebigambo bye

twakyusakyusa kye bitegeeza n'enjatula yaabyo mu ngeri zaabyo. Bwe kityo nga kizibu kya kututegeera. Bwe waali wabulayo omwaka mulamba olunaku mulindwa lutuuke, nafuna eggye ly'Abawalabu abereere, abankisa mu bitereke bye baatwala e Buwalabu nga beefudde nga abasuubuzi okukolera wansi w'ebiragiro byange, ne tulinnya eryato ne tugenda e Muscat nzigyeyo buli kya kulwanyisa ekiriyo okwetegekera omulabe. Nagenda bulungi era n'adda bulungi n'ebyokulwanyisa byange nga bi ndi mu ttaano.

Mu butuufu nakola buli kyonna ekyali kyetaagisa mu magezi gange okwetegekera olutalo olwali lwolekedde okwetondekawo lwe twalowooza okutuuma kafungulankete. Newankubadde nalina eggye ly'abalwanyi kasanvu kokka, naye nabeera mugumu okulwana n'eggye ly'abantu emitwalo ng'etaano ab'omulabe era abaali ab'okunnwanyisa mu kiseera ekiteeketeeke. Namaliriza emitego gyange gyonna era n'abasajja bange ne bateekateekebwa bulungi nnyo. Wabula eba ebula wiki emu bweti olutalo lw'ekyasa eky'ekkumi n'omwenda lwetondekewo, emmeeme yange n'embuuza nti, "Naye lwaki togenda ku lusozi Kasonko okusabako n'okwewonga eri Balubaale okukulwanirako obeere n'obuwanguzi omutali nkenyera yonna?" Oti n'addamu? Wa! Nga njolekera. Namala ennaku ennungi ssatu nga sikombye ku kyakulya newankubadde eky'okunywa nga nsaba Balubaale bankulembere mu lutalo luno. Kye nneewuunya mu nnaku ezo essatu, ennaku ebbiri ezaasooka gwali musana mwereere, era n'olwokusatu twasiiba mu kasana ppereketya. Kyokka bwe buba bunaatera okuzimeera era nga bugenda kuzibira ddala bwe buti ku lunaku olwokusutu, enkuba omwali kibuyaga gwe nali sirabangako n'eryoka eyingirawo buteesagga, laddu ne zibwatuka, enzikiza n'ekwata n'omuzira ne gufukumuka okukamala obukamazi. Mu kaseera ako nali nneetoolooddwa bakabona bataano ku kyoterezo, era nga

bonna balindiridde bulidirizi biddirira. Mu kiseera ekyo Mukisa yansemberera mpolampola, n'ankwata ku bibegabega byombi n'aŋŋamba nti, "Baze lekeraawo okusaba tudde awaka, wuuyo omaze ennaku zino zonna ng'osaba, n'ak'omulubuto tokakombangako, gira osituke tugende ng'omuzira tegunnaba kututta."

Okwali ng'okumuddamu, namusukuma eri nze ne nneeyogerayo n'okusaba era saamulaga nti mmufuddeko n'akamu n'akettondo. Bwe waayitawo essaawa ng'emu okuva we nali nsukumidde Mukisa, ne ndaba ekizikiza ekikutte nga kimbutikira, ne kinnyambala nzenna, ne kinzikakkanya wansi okutuusa lwe nakubawo ekibegabega kyange ekya ddyo ku lwazi kwe nali nfukamudde ne mpunzikako n'omutwe. Awo we nasemba okutegeera. Bwe nadda engulu, ne ndaba nga Mukisa ali awo akaaba, ne bakabona nga banyookeza obubaane era ng'evvumbe libunye wonna okwetooloola ekisenge. Awo nze kwe kukwata ku nnyindo ne mbuuza nti "Tuli ludda wa?" Ko Mukisa "Baze ozuukuse?" Ko nze "Mpulira nziyira bannange, munzigye wano."

Awo Mukisa n'ansitulawo, nanfulumya omulyango n'antuusa ebweu. Naye bakabona bwe baamutuukako, ne bagezaako okunsitula banzizeeyo munda kyokka n'agaana. Olwo nno nze gwe basitudde, mbeegeka abiri ennyindo yakusatu. Wabula bwe baali bakyetema engalike, omu ku balenzi bange kwe kujja ng'ayita nti, "Master, owange master, ekintu kiwedde." Ko nze "Ekiki?" "Ko ye "Oti tukyetaaga okwetegekera olutalo?" Ko nze "Lwaki?" Ko ye "Anti waliwo omwami n'omukyala abava mu nsi z'ebweru bali mu kutambuza kiwandiiko ekiraga nga obusuubuzi bw'abaddu bwe bulinnyiddwa ku nfeete, era nga akwatibwako mbu asuubula abaddu kaakumujjuutuka." Ko nze "Kyogamba eby'olutalo tubifuuwe mu ŋŋombe?" Ko ye nti "Byonna bye

tumaze ebbanga nga tuteekateeka bulijjo, bifudde busa era bulijjo tutawaanira bwereere." Kyava aseka n'ebigere n'asiita n'ayongerako nti "Era we njogerera kati, eggye ly'Abawalabu ery'abadde ery'okutulumba n'okutulwanyisa liyinza n'okuba nga kaakano lituuse e Buwalabu." Bwe nawulira ebyo, kale ne nneewuunya ensi. Olw'awulira kino, Mukisa ne bakabon abaali banyookeza obubaane byonna baaleka awo ne tudduka ffenna okukakasa omulenzi kye yali atugambye. Oluvannyuma nakitegeera nti ensi ettaano omwali Amerika, China, Bungereza, Bufalansa, Bugirimaani n'endala, zaali zakkiriziganyizza okulekeraawo okusuubula abaddu, newankubadde nga Buwalabu yali tennaba kussa mukono ku kwandiiko ekyo ekyali kirambika okukoma kw'obusuubuzi bw'abaddu. Kale ne nneewuunya ebiseera bye nnamala, n'okumenyeka kwe namenyeka nga njiiya n'okuluka emitego. Bwe bityo bwe byafa obusa nno nga tebikozesebbwa. Bwe nagenda okutegeeza ku Kabaka, natuuka ye yansoose okubimanya n'okubitegeera. Okuva ku lunaku olwo, ne ntandika kuwenja na kuyigga abantu abo abanzigya ku mugwa omunene bwe gutyo, okubeebaza. Anti "Entasiima……."

Akawungeezi k'olunaku olwaddako, omu ku balenzi kyava ampita nti, "Owange Master, ŋŋamba oweekitiibwa master." Ko nze, "Wangi." Ko ye "B'onoonya boolekedde Tabora ne Ujiji eri mu Tanganyika okusaasaanya ekigambo kyabwe, era kaakano nsuubira banaatera okutuuka ku nsalo y'ensi yaffe ne Tanganyika." Naye olw'okuba ku olwo nali siri mu mbeera yange eya bulijjo olw'ebintu ebimu ku byali byasoowaganye emisana, nasalawo nkeere mu makya g'olunaku oluddako nkwate olugenda e Tabora okubalabako.

ENSISINKANO TEBA YA LUMU

Amaziga gaakulukuta okuva mu maaso ga Mukisa mmale mmugaane okugenda nange e Tabora. Era bwe ntyo bwe namuleka ng'ansabira okutuuka obulungi ate era nga ansuubizza okukuuma eggye eryange bwe twali twaluka emitego obulungi nga siriiwo. Ng'ennaku enzingu nnya ziyiseewo nga ndi mu kkubo, natuuka mu Tabora obudde bw'akawungeezi nga akalabiriza bazaana kayingirira. Bwe nali mpujjaddeko mu ddiiro ly'ensiisira gye nasulangamu, kyenva mpulira ankoonako. Nange kwe kuzuukuka ng'otulo tukyandimu okulaba oyo ampita. Mu kiseera ekyo omuwala eyanzuukusa kyava aŋŋamba nti "Owaaye master, waliwo akwagala mu luggya era obwedda akwebuuza nga takulaba. Olwali okufuluma nti, ne ndaba abantu babiri nga beegolodde bwa ntoogo mu luggya kyokka amangu ago ekifu ne kinzigya ku maaso." Bwe namala okunaabako mu maaso, ne ndaba akakyala akeeru nga kampita nti, "Katimba," n'omusajja eyali amuliraanye n'ampita nti "Master." Nze kwe kuyita nga sigenderedde nti "Sanyu," ffembi ne twegwa mu bifuba olwessanyu eringi. Mbazzi bwe yalaba ng'agenda kusubwa omugendo, naye n'atwegattako n'atugwamu ne tusanyukira wamu. Engeri gye twali tuludde okulabagana, twagenda mu kati akaali ebbali w'oluggya tunyumyemu nga ab'omukwano abasatu. Bwe nabuuza Sanyu engeri gye yawonamu, yannyumiza bwati. Yambuulira nti bwe yagwa mu Bazungu bali, baasalawo batte basajja be bonna wabula bawonyeewo ye, ndowooza olw'obulungi bwe. Wabula bwe baatuuka ku Nnamige, n'abagamba nti "Bwe mutta ono omukwasi w'obuwoowo bwange era omulabirizi w'olususu lwange, ŋŋenda kukoowoola Balubaale beewaffe bajje wano babatte mwenna nga tebaleseewo n'omu. Era guno gwe gusoose gwe gusembyeyo okubalabula. Sanyu yaŋŋamba nti mu kadde ako yali amanyi nti Namige agenda kuttibwa. Naye eky'omukisa

yawona. Bwe baali bakyali ku ebyo, omuyaga ne gukunta mungi ddala ogwatiisa bannannyini lyato. Sanyu naye kwe kukoowoola mu ddoboozi eddene nti "Balubaale mwebale kunzijukira mwanguwe mutusaanyeewo. Amangu ago onukulu w'eryato eryo kyava afukamira mu maaso ga Nnambi ne yeetonda, n'oluvannyuma n'akkiriza okumusonyiwa. Sanyu yaŋŋamba nti bwe yali yeebase, essajja eryo eryali likulira eryato ne lisooba mpola okumutuukako mu buliri mwe yali yeebase. Kyokka ye n'agugumuka omulundi gumu n'aliruma ettama ne kujjako ebbwa ddene ddala. Amangu ago ne lidduka okuva mu kisenge kya Nambi ne likuba omulanga, naye abakuumi be bwe baamubuuza, yabagamba nga bwe yali yeefumise akasaale mu butali bugenderevu, ne yeebuzaabuza bwatyo, n'ataddamu nate kusumbuwa Nambi okuva ku mulundi ogwo. Baatambula okutuusa lwe baatonnya mu bukiikakkono bwa America. Nga atuuseeyo, yatendekebwa n'oluvannyuma n'afuulibwa omuzinyi w'okumikolo. Lumu bwe baali ku mukolo ogumu, yazina bulungi nnyo n'asanyusa nnyo buli mulabi eyaliwo, olwo ng'obuluulu obumukubirwa bwe buti! Tebuggwaawo. Omukolo nga guwedde, omu ku bagagga eyali ayitibwa Spence kyeyava amugula ensimbi nange ze ssikyajjukira bulungi n'amutwala okuva ku mugagga eyamukozesanga.

Bwe yatuuka ewa Spence, Sanyu yagenda mu maaso n'okumusanyusanga, buli lunaku omwali okumuziniranga ku bubaga bwe obutaggwangawo awamu n'okulya naye emmere ku mmeeza. Wabula buli lwe baamalirizanga okulya ekyeggulo, nga Spence abaako kyayagala okumugamba kyokka nga yeebuzabuza nga takimugamba. Naye Sanyu ye teyafangayo, era yagendanga n'eyewummulira nga talina buzibu bwonna. Olwali olwo, neebaayo abalenzi abenjawulo abaagezaako okwagala Nambi naye ng'abagaana.

Bwe baalemerangako, nga abawawaabira ewa Spence. Kyokka mu mutima ogutaliimu busaasizi nga atta batte. Ekiseera bwe kyayitawo, Spence n'asiba ensonyi ku nkondo n'asalawo abuulire Sanyu ekyamusiibanga ku mutima.

Olwali okukimugamba, Sanyu teyali mubi nga amuddamu nti, "Onansonyiwa ssebo, naye sikyayagala bintu bya basajja era seetaagirako ddala, osobola okunsaba kyonna kyoyagala ne nkikola, naye ekyo sikisobola." Awo Spence n'anyiiga , n'ataddamu nate okumukkiriza okulya awamu naye ku mmeeza ye ennene. Lwali lumu, n'alagira Sanyu amuzinire nga bulijjo. Sanyu n'azina bulungi nnyo n'omugagga n'asiima.

Awo omukuumi we ow'okulusegere n'amulabula agobewo mangu Sanyu nga tannaba kuyitiriza, si kuba nga Spence akemebwa n'akola kyatandikoze. Kyokka ebigambo ebyo bimugwa butereevu nkoto. Ekiro ky'olunaku olwo lwennyini, omugagga yalumba Sanyu mu kisenge kye n'amusaba basule bonna, wazira Sanyu n'agaana. Ko omugagga muli nti, "Tondabanga" Awo Sanyu kwe kutakiza enduulu era n'agezaako okusindika omusajja naye nga buteerere. Anti, omugagga oyo yali mukungu mu magye g'ensi eyo era ng'alina eggye ddamba lye yali yasindika okumusuubuliranga abaddu n'abazaana okubatunda mu nsi ye, era omwo mwe yali yaggya n'obugagga bwonna bwe yali alina. Olw'amaanyi omusajja oyo ge yalina, ate nga n'obukono bwe tebusobola kulwanyisa musajja munnamagye oyo, Sanyu yasalawo ajje akaso akaali emitwetwe we ke yeekuumisanga waakiri yette, naye nga tayisibbwa bubi musajja oyo. Mbu n'ensonga eyali egenda okumukozesa ekyo enkulu, butamenya kisuubizo kye yansuubiza bwe twali tukyali ewa Muusa nga Lwanyisa agenda okumutwala mu magye, obuteeyononesa na musajja mulala yenna okuggyako nze. Wabula aba agenda

okukeesogga, omukuumi n'aggulawo mangu oluggi, n'asanga ng'omugagga abivuddeko eby'okulwana ayimiridde awo atunula butnuzi ng'ensowera etunula mu kamwa k'embwa enfu. Amangu ago omukuumi oyo n'ajjako Sanyu akaso nga tannaba kukeesogga. Era n'okukatwala n'akatwalira ddala.

Omugagga bwe yalaba nga Sanyu ajjiddwako akaso, kwe kugobawo omukuumi ate n'addamu okutawaanya Nnambi. Mukazi wattu Nnambi n'agezaako okulwana naye nga akoowoola musibe abombye. Bw'aba anaatera okutuukiriza ekikolobero, omukuumi oli kyava ajja n'asogga omugagga oyo akaso ke yali ajje ku Nambi n'amutta. Ko Sanyu "Otaasizza omutulumbi guno weebale." Ne Sanyu kwe kusindika omulambo ogwo ne gugwa wansi be ddu. Naye nga tategedde mukuumi oyo amuyambye. Oluvannyuma omukuumi oyo yajjako sseppeewo ku mutwe gwe ne yeeraga Sanyu era naye n'amutegeera bulungi. Teyali mulala, wabula mwana mulenzi Mbazzi. Mu kiseera ekyo Sanyu yasirikamu ate Mbazzi n'atandikira wano okunnyumiza. Yaŋŋamba nti bwe yawambibwa abalabe ku luli, yatwalibwa n'abazira abalala be bajja eno ewaffe okutwalibwa mu bukiika kkono bwa Amerika. Olwali okutuusibwaayo, omugagga gye yatuukira yateekawo empaka za matial arts wakati w'abazira abaaleetebwa nga za kufa na kuwona. Olulwana okuggwa, nga Mbazzi y'awangudde era ye yawonawo yekka bwati bwa nnamunigina.

Kyokka Mbazzi yalumizibwa nnyo omwoyo gwe ng'alabye omusaayi gw'ayiye, era n'asalawo ajeemere omugagga oyo n'aye bamutte nga banne abaali baasoose; n'ekisinga obukulu olw'okwawukana ku master we Lubaale Mbeera. Mbu omugagga yaleebuukana ne Mbazzi okutuusa lwe yalaamira Mbazzi n'ekiwandiiko okusikira obugagga bwe bwonna bw'aliba afudde kasita akkiriza okukolera wansi we

ng'omukuumi we ow'okulusegere olw'obuzira n'obukodyo bwe yayolesa.

Yatukakasa nze ne Sanyu nti yali yalaba dda Sanyu enfunda eziwera, naye ng'atya mugagga okwogera naye, si kuba nga yekyusa n'asazaamu ekiwandiiko eky'ekiraamo kye yakola. Wabula bwe yalaba omugagga ayagala okutuusa ku mukyala wa master we ekitali kituufu, yali tayinza ku kyebeera newankubadde okukigumiikiriza. Oluvannyuma Mbazzi yakwata omulambo gw'omugagga oyo n'agutwala mu kafo akamu mwe yasinga nga okubeera. Bwatyo n'afunayo omu ku baana be eyayogeranga okumutta olw'ekiraamo kye yakolera munnagwanga Mbazzi so nga eby'obusika byali birina kubeera bya mutabani we oyo. Olw'okuba mutabani we oyo yali yayagala na dda okutta Mbazzi mu lukujjukujju, Mbazzi kyava amutta n'assa omulambo gwe okuliraana ogwa kitaawe, n'addira omukono gw'omutabani n'agukwasa akaso nga kafumise mu mutima wakati ogwa kitaawe, ate n'omukono gwa kitaawe nga gukutte akaso akaali kafumise mu kifuba wakati eky'omulambo gw'omutabani.

Awo buli eyasanga emirambo gino ebiri, nga tayinza kulowooza kirala okuggyako okwewuunya n'okukakasa nti omutabani ne kitaawe baali besse omulundi gumu. Mwanawattu Mbazzi amagezi ge gaamuyisaamu. Era tewali yategeera nti Mbazzi ye yabatta, kubanga obujulizi bwabula obw'enkukunala okwogera ekituufu bwe kyali. Nga wayiseewo ennaku bbiri, buli kintu ekyali ekya Spence kaakano Mbazzi ye yali akifuga nga sitaddeeko okukuuma Sanyu obulungi mu mirembe nga bali mu nsi eyo.

Bwe yamala okutendekebwa obulungi ennyo, Mbaazi yeegatta ku lukiiko lw'eggwanga olukulu mu nsi eyo okufaananako nga Spence bwe yali ng'akyali mulamu. Lumu

bwe baali batudde bateesa, omu ku bagenyi abaava e Bungereza kyava ayanjulira olukiiko ekiwandiiko ekyenjawulo ekyali kisaba ensi ya Amerika okwegatta ku Bungereza bawere obusuubuzi bwa baddu, olw'ennaku abaddugavu gye b'ayonkanga mu mpagi eno embi. Omuzungu oyo yali ayitibwa Forken Williams, era ye yali omusaale mu kwagazisa n'okukaattiriza ensi z'abeeru ez'enjawulo okulekeraawo okusuubula abaddu n'addala abaddugavu. Omuzungu oyo Forken Williams yabaweerako ekiwandiiko kye ekirala ekyali kirombojja n'okulaga buli kika kya nnaku omuntu gye yasanga nga, ssinga abeera afuuse muddu. Olukiiko lw'ewuunya eyakiwandiika so ng'era omuwandiisi w'akyo naye yaliko omuddu ekyawaliriza n'abakungu mu lukiiko olwo okwegatta ku Forken Williams bakole omulimu ogw'okufufuggaza n'okumalawo obusuubuzi bw'abaddu. Ekiwandiiko ekyo omuwandiisi wakyo omutuufu yali nze, nga kyekyo kye nnawandiika mmale nkiwe Forken Williams okukintwalira e Bungereza, osanga bwe banaakisomako obusuubuzi bw'abaddu tuli bufuuwako mu ŋŋombe olunaku olumu. Nga bakwataganye Mbazzi, Sanyu ne Forken Williams, emirimu baagyanguya okugitambuza okutuusa Bungereza, Amerika, Bugirimaani ne Bufalansa. lwe z'assa omukono ku kiwandiiko ekikugira era n'okuwera obusuubuzi bw'abaddu mu nsi eyo. Bwe nabuuza Sanyu ne Mbazzi gye baaleka Forken Williams, Mbazzi yaŋŋamba nti yali talina ngeri ndala gye yali ayinza kwebazaamu Forken Williams olw'omulimu gwe yakola mu kigenderewa kyaffe kiryoke kituukirire, okuggyako okumuwa eby'obugagga bya Spence bya buwa kubanga naye yali yabiweebwa buweebwa omugenzi Spence. Nga mbitegedde bwe ntyo, neewuunya ebintu bwe byatambula mu ngeri gye nali sisuubira bwetyo.

Mbazzi bwe yali agenze okulambula gye yali agenda okusula, Sanyu kwe kumbuuza nti "Oli bulungi mukwano?" Ko nze

“Ndi bulungi nnyo Nnambi.” Ko ye “Siyinza na kukkiriza nti nzizeemu ne nkulabako nate.” Ko nze “Lwaki?” Ko ye “Mbadde ku kyokya nga siri naawe naye kati ekijja kijje kubanga wooli.” Ko nze “Bulijjo simanyi nti wakyaliyo n’omuntu gwe bayita Sanyu Nnambi kubanga ssinga tebwali budde kubula, wandisanzeewo eddaalo ddene ddala okuliko Sanyu Nambi.” Ko ye” Naawe toyogeraebyo, ndeka nkomewo mu mutima gwo era ndowoozaako.” Ko nze “Mwoli mu birowoozo byange kaakano era otudde ntende.” Ko ye “Naye ku ngeri gy’otunula, olabika wafunayo omulala.” Ko nze “Bw’onadda mu ebyo nno oyinza okuntyemula omutima ne gwekanga.” Ko ye “Awo nno oyogedde naye luli obadde ontiisizza!” Awo kwe kuwanika emikono mu bbanga n’agamba nti “Kale ndaba emmunyeenye ez’omukisa era ezirabika obulungi mu ngalo zange!” Awo nze ne nsirika, era bwe ntyo ne ntunula eri ngalina bye ndowoozaako. Awo Sanyu n’adduka, n’anoga obumuli obwali awo okumpimpi nga bungi n’abungiira nzenna ne bunzigwerako. N’anzannyisa nti “Teeba kano kamuli ki, ate kano, oswadde si keeko ……..”

Awo kwe kukwata omukono gwange ogwa kkono n’adduka, n’anzirusa n’amala n’agamba nti ye “Maama, tebakyayagala kusitulako ku bannaabwe, oba baabaaki abaana abo?” Awo ne nsekamu, ne mmusituulamu, ne mmwetoolooza naye nga byazitowa, tekigambikako. Bwe yalaba ng’akoze obukolomooni bwonna naye nga ssimmuka, kyeyava yeebuuza nga mpulira nti “Naye nnayimbanga era n’enzinira be ssaagala nga nkyali mu nsi endala. Lwaki sikola bwe ntyo ku gwe njagala?” Awo n’atandikirawo nga bwalya mu ndango nti:-

1.Woowe woowe

Nze ambuze

Mumbuulire abange

Mumbuulire abeeyo

Gyali omwana.

2.Gwe ndisanga n'omwana owange

Alinnyonnyola gye yamuggya owange

Era nga taliiwo owange

Mumbuulire mangu abange

Nze musange mangu owange

Sirirya kintu kyonna ekyange

Gyali omwana

3.Kale abadde wano ng'asengejja

Abadde wano ng'azibiridde

Kati agenze wa omwana(wa)ttu

Mundagirire engere ziwale

Gyali omwana.

4.Bwe nabadde nneebase otulo

Ne mmuloota ng'alya akalo

Bwe namuyiiridde nze obulo

Naŋŋamba nga bwalina otulo

Bwe namugambye aveemu otulo

Nawulidde luyi ne nva mu tulo

Gyali omwana……..

Bwe yali akyannyimbira, olwo nga bwe nkuba engalo, ne nnengera abavubuka abato, omuwala n'omulenzi nga bwalwana martial arts emitala. Bwe baali balwana, ne nzigya amaaso ku Sanyu ne ngassa ku bbo. Bwe nneetegereza, omulenzi kyeyava abuuka mu bbanga, ne yeefulira mu bbanga ate n'agwa ku ttaka ate era ne yeefuulira ne ku ttaka. Awo n'omuwala kyeyava amugeeyeenya, naye bwaba agezaako naye okwefuulira mu bbanga, kyeyava agwa ennume y'ekigwo ky'otalabanga. Omulenzi n'amuwa omukono, n'oli n'amuwa omukono n'amusitulawo, ne bamala ne baseka nga bwe badduka okutwolekera nze ne Sanyu. Awo nze kwe kugamba Sanyu nti "Tunulako emabega olabe." Kyokka ye n'ankwasa akamuli! Ko nze "Sooka oleke." Ko ye "Olaba bw'ogenda okuswala ng'okagaanye, wuuyo kasita ajja." Awo ne nkakwata, n'abavubuka ne batuuka. Ko omuwala "Maama, y'oyo kitange bulijjo gw'oyogerako?" Ko ye "Y'oyo munnange." Awo n'ajja n'angwa mu kifuba era n'asirikikira omwo. Nategeera luvannyuma nga Sanyu baamuwamba ali lubuto amale atwalibwe Abazungu era yannyumiza nti yazaalira eyo omuwala gwe yatuuma Lubaale Soo kubanga Soo lya Bakorea. Bwe ntyo nno bwe naddamu nate okusisinkana Sanyu Nambi omulundi ogw'okubiri oluvannyuma lw'ekiseera ekiwanvu ddala. Luli namusanga Buwalabu, ate ku luno ne mmusanga e Tabora mu Tanganyika. Kale kyewuunyisa!!!!!

NSIIBULWA KABAKA

Gaali makola ga byaggulo, mmale ntuuke ne Sanyu Nambi mu Lubiri okuva e Tabora. Olwali okutuuka nti, nga Mukisa agankubako amabi nga Kabaka bwe yali yalumbiddwa ekirwadde ekyali kimukoosezza akagiri gy'obeera ye yakittira nnyina. Kabaka olw'awulira nti ntonnye mu lubiri bwenti, kwe kuntumya, era bwatyo n'agobawo n'abakuumi mu kisenge okubaako ebigambo

byaba aŋŋamba nga tuli ffekka. Kyava aŋŋamba nti "Sembera wano mutabani." Ne nsembera. N'aŋŋamba nti "Nakola dda ekiraamo nga toliiwo. Nali sisuubira nti onaakomawo mangu, n'olwekyo ojja ku nsonnyiyira ddala obutagumiikiriza kukulindirira.

Mu kiraamo kyange ekyo, omulangira wange gwe nalonda andabikira okuba ng'akyali muto, nga yeetaaga omuntu anaamuwanga amagezi mu bukulembeze bwe. Nkusaba nga Kabaka wo okumumbuuliriranga asobole okukulembera obulungi abantu. Mmanyi nga tekijja kukukola bubi era ojja kukikola. Wabula nneeralikidde empagi emu enzirugavu era ekutte enzikiza egenda okuyimirira mu kkubo lyo ggwe wamu ne Kabaka omuggya. Ye mulangira Bakumba. Naawe omanyi nga nawasa abakazi abawerako era nnina abaana bangi ddala. Gwe nnonze si y'asinga obukulu wabula ye muggalanda. We njogerera bino, n'okubaawo taliiwo mu libiri olw'okutya baganda be, kyokka nze ggwe nalabye asobola okukulembera abantu bange obulungi. Mbadde nkusaba nkukwase ekiraamo kyange okinterekere era okisome nga nzaaye.

Naye kye nkusaba ekisembayo, ogumiikirizanga byonna oba olekanga byonna ne bibaawo, naye n'ofuba okulaba ng'oteeka omulangira wange ku nnamulondo mu buli ngeri. Weebale nnyo nnyo nnyo ku kye wakola okuleka ebitiibwa bye walina

mu matwale go e Buwalabu n'ensi yonna ng'ekutya n'okomawo wano ewammwe okulwanyisa obusuubuzi bw'abaddu. Si ekyo kyokka, naye n'ongattamu mu lutalo olwandibadde olwange ng'oyise mu nnyanja ey'omuliro awatali lyato nze okunzikirizisa. Abaana baffe, n'abazukulu, ne bannakabirye, ne bannakasatwe ab'emirembe gyonna egijja balitujjukira olw'engeri gye twalwanamu okusobola okutaasa n'okununula abantu baffe mu kusuubulwa ng'abaddu.

Nalagidde dda kaakano, era bwe bityo ebitabo biri mu kuwandiikibwa eby'ebyafaayo ku ebyo ebyatutuukako nze naawe mu mirembe gino. Awo abantu baffe mu biseera ebiggya bwe balisoma ebintu ebyo, obwabaka bwaffe bulibeera bw'amaanyi nnyo, kubanga tulibeera eky'okulabirako gye bali, era balisinziira ku buzira bwe twalaga ffe mu mirembe gyaffe, okulwanirira eggwanga lyabwe mu mirembe gyabwe. Kuuma bulungi omulangira wange awamu ne nnyina.

Mbakukwasizza bombi okubalabirira. Ggwe gwe ndekedde obuyinza bwonna n'okubeera omulamuzi okutuusa ng'otuuzizza Kabaka omuggya ku nnamulondo. Weeraba mwami Lubaale Mbeera, weebale na kunjigiriza buzira n'addala luli bwe wayita akagezo ke nakuwa omale onywe obukopo obubiri obw'omubisi gw'enjuki. Ekyo ndi kijjukira ne bwendituuka e magombe. Genda mu maaso n'obuzira obwo, era tobusuulanga. Weeraba mukwano gwange, kubanga nze ŋŋenze." Bwe nawulira ebigambo ebyo, ne mpulira ng'emmeeme yange yeebbise e buziba awatasoboka kuviika, era bwatyo nga amaze okuŋŋamba okumuyitira ku musawo we, navaawo nga nsobeddwa eka ne mu kibira era nga nnyeenya mutwe ng'embuzi etenda enkuba.

Ng'ennaku ssatu ziyiseewo, biwoobe na miranga bye byawulirwa mu Buganda, anti ng'enjole ya Ssabasajja egalamidde awo mu ddiiro kwe tulaba. Bwatyo Omutanda n'abeera ng'asigadde kujjukirwanga mu byafaayo nga Ssekabaka Ssuuna ow'okubiri eyaliko Kabaka wa Buganda. Yamala n'agalamizibwa mu masiro e Kasubi nga kkumi na bbiri omwezi ogwa Mugulansigo mu 1852. Nga wayiseewo ennaku nnya okuva ku olwo, era nga Buganda egenda yeesiimula ettaka eryali libunye ekyenyi n'engoye zaayo olw'ekigwo ekinene kyeyagwa okufiirwa Magulunnyondo, nayita olukiiko ttabamiruka okuteesa n'abakungu ku by'okutuuza Kabaka omuggya ku nnamulondo. Nga tutudde, nalagira Bansekereranga okusoma eddaame lya Ssabasajja lye yali yakola nga tannaba kubula. Olukiiko luno lwalimu abalangira bonna n'abambejja, abakungu ba Kabaka n'abebitiibwa abalala abaatulanga ku lukiiko olufuzi olw'obwakabaka.

Ng'asituse okusoma, yagamba bwati; "Ayi abantu bange mbalamusizza nnyo. Mmanyi nga mumperekedde bulungi era nsiimye nnyo nsiimidde ddala. Obutalandagga, nnonze omulangira wange omwagwala ennyo gwe ndabye nga yajja okukulembera abantu bange obulungi. Era si mulala, naye omulangira Walugembe Muteesa mutabani wa Gwolyokya ava mu kika ky'enjovu.

Mmukwasa mu butongole omwami Lubaale Mbeera okumutuuza ku nnamulondo, okumuwabulanga era n'okumuyambanga mu kino oba kiri. Mweraba abantu bange."

Awo ng'amalirizza okukisoma, buli omu yatunuulira omulangira Muteesa nga yeewuunya okulondebwa okubeera Kabaka. Awo nze kyenva nnyimirira nga ssentebe ne ndeeta

ekirowoozo eky'okumutuuza ku nnamulondo enkeera oba ku olwo naye nga si mu nnaku zaawala. Twafundikira tusazeewo kumutuuza ku lunaku oluddako mu mwaka gwa 1852.

Ng'obudde butuuse enkeera, twanoonya omulangira Muteesa nga tumulabako! Wa! Nga tabangawo mu lubiri. Twamunoonya, ne tubuuza, naye nga talabikako. Tewali yamanya mayitire ge era tewali yategeera lya mutwala. Nga tumunoonyezza okumala omwaka mulamba era nga tulowooza nti osanga yazaawa n'agoberera kitaawe, nasalawo okulonda omulangira eyali asinga obukulu okumutikkira nga Kabaka ku nnamulondo. Nga tukikkaanyizzaako ffenna mu Lukiiko omwali abalangira abalala, abakungu ba Kabaka, n'abebitiibwa abaatulanga ku lukiiko olufuzi nga empisa bwe yali, twalonda omulangira Bakumba okudda mu kifo kya munne Muteesa. Yasanyuka nnyo nnyini era n'anneebaza bya nsusso. Wabula bwe namujjukiza lwe nasookera ddala okumulaba ku lyato amale alondebwe ng'omukulembeze kyokka n'atabeera olw'okulemwa okuddamu ekibuuzo ky'omukadde oli, teyaddamu kunninnyako newankubadde okwogera nange ng'asaagasaaga, wabula okwogera nange nga muzadde we oba omuntu ow'ekitiibwa. Mu kiro ky'olunaku olwo lwennyini, naloota ekiroto nga Kabaka andabula obutakikola kubanga omulangira Muteesa yali akyali mulamu era ng'atemya bukofu.

Omutanda yayongera okundabula era obutateeka mulangira Muteesa ku nnamulondo newankubadde ng'akomyewo okuva gyeyagenda, okuggyako ng'azzeemu okundoosa mu kirooto nti mmuteekeko. Ng'amaze okundabula, yambulako mu kirooto ng'omuzimu, bwe ntyo ne mpawamuka mu tulo. Natya olutya olw'ankubya n'enduulu. Awo mukisa kwe kuva mu kisenge kye n'ajja okumbuuza ekintuseeko. Omanyi ku olwo nali nasuze wa Mukisa era Sanyu yabitegeera nkeera

ng'abakuumi bange bamubuulidde. Awo Mukisa n'ambudaabuda okutuusa obudde okukya. Nga mmaze okulowoolereza ennyo, nasalawo ekirooto ekyo nkibuulireko Mukisa, kubanga yali muwala wa mmizi atayogerayogera okulaalaasa ky'aba awulidde. Ku olwo ne Kaddulubaale eyankwasibwa Kabaka mwennyini (Gwolyokya) teyakimanya.

EBBUGUMU LYA NABAKYALA NE BAKUMBA

Bwe nabuulira abakungu nti nsazizzaamu okutuuza omulangira Bakumba ku nnamulondo, baasoberwa ensonga entuufu eyali eŋŋaanyisizza. Newankubadde baambuuza nnyo ensonga eyaŋŋaanyisa okugenda mu maaso ng'enteekateeka bwe yali, nagaana okubabuulira wabula ne nneekwasa okwetegekera olutalo mbu kubanga nali nawulidde nti waaliwo eggwanga eryali lyagala okutulwanyisa. Era ne mbagumya nti ssinga tuwangula entalo ezo, twali baakuteeka Kabaka ku nnamulondo nga bwe tulya era nga bwe tunywa olw'obuwanguzi bwe tunaaba tutuuseeko. Kwe kugamba, twali ba kukuba ebinyonyi bibiri n'ejjinja limu nga tukoze bwe tutyo. Eky'omukisa, baakkiriza ekiteeso kyange, era buli omu n'asalawo okukigenderako.

Bino olw'agwa mu matu ga Bakumba, n'alyoka anyiiga, n'amala ennaku bbiri nga talidde newankubadde okunywa ekintu kyonna okujjako okuyomba mu busungu obw'ekika ekya waggulu. Mpozzi nga yeerabidde enjogera egamba nti "Kyoyagala tekijja gyoli nnabuzaana akwata Banyoro." Mu kiseera kyo Omulangira Bakumba bwe yamalako ennaku ebbiri ezo, yatuuka n'aggwamu amaanyi okutuusa lwe yakkakkana. Kye yakola, yasalawo agende ew'omulubaale alagulwe.

Mu kiseera kye kimu, muwala wange Nakayiki era muwala wa Mukisa yali yakula kaakano, naye nga yafuuka mulubaale era nga emirimu gino agikola asinziira ku lusozi oluwanvu ennyo okwali ebisaka enkumu olwali luyitibwa Kakongovule. Ku lusozi luno, omuntu bwe yagendayo ne kamutanda n'afulumya ekigambo kyonna, olwo ng'omuntu oyo taliva ku lusozi olwo ebbanga ly'obulamu bwe bwonna. Wabula omuntu oyo ssinga yakikolanga tamanyi, eddoboozi lya Nakayiki lyamulabulanga obutaddamu kukola nsobi eyo nate. Kyokka bwe yabanga avudde mu bitundu ebiriraanye olusozi era nga amanyidde ddala nti teboogerera ku lusozi olwo wabula n'akola ensobi eyo, okuvaayo yamalanga kugenda mu kigo kya Nakayiki n'amukoowoola okutuusa lw'amulaba olwo n'amuwa eddagala n'okumukolako emikolo egy'enjawulo, olwo n'alyoka ava ku lusozi olwo. Ekituufu kyali nti, eno Omulangira Muteesa gye yali yagenda okuyiga obuwangwa n'ennono mu ngeri ey'enjawulo, okuwongebwa mu Balubaale abeere Kabaka wa maanyi, awamu n'okutambuliranga ku lwegye lw'emikisa buli gy'anaagendanga yonna. Eyo yamalayo omwaka mulamba be ddu. Lumu bwe yali yeetendeka amafumu mu muti gw'omuvule si wala nnyo okuva ku kkubo erikyama ku ssabo lya Nakayiki, n'awulira omuntu ayitawo nga ayolekera essabo kyokka ye n'atamufaako era n'agenda mu maaso n'okwegezaamu amafumu. Omuntu oyo eyamuyitako teyali mulala wabula omulangira Bakumba. Omulangira ono yali azze ew'omulubaale Nakayiki amulagule obanga asobola okufuuka Kabaka ssinga omulangira Muteesa abeera takomyewo mu lubiri n'afiira eyo gye yali mu kaseera ako, olw'ensonga nti yali tamanyiddwaako mayitire.

Awo omulubaale n'amuddamu nti "Mazima ddala olibeera Kabaka, wabula tolibeera ng'omulangira Muteesa akyali mulamu. Bw'aliba tafudde, nkukakasa nti toliyinza

kuyimirira, kubanga alikulwanyisa okutuusa lw'alikuwangula ggwe n'eggye lyo. Bw'obanga oyagala emirembe, okola nga byonna naye n'otakola nsobi yonna ku kitange, kubanga lw'oligikola lw'olifa. Wabula otaasanga mutaase ssinga alibeera atuuse mu buzibu era owulirizanga kyaliba akugambye oleme okufuna omutawaana. Lwana nga bukyali osobole okufuuka Kabaka, naye bw'olirwawo, n'obudde ne bukuyitako ggwe, olitegeera nga tolifuuka Kabaka obulamu bwo bwonna. Era mu kiseera ekyo, okkirizanga bukkiriza okuweereza Omulangira Muteesa bw'alifuuka Kabaka," Ko Bakumba nti, "Nditegeera ntya nti obudde bumpeddeko, era ndimanyira wa lwe nnina okulekeraawo okulwana mmuweereze ye Omulangira Muteesa?" Ko omulubaale nti "Bwe walibaawo olutalo wakati wo ne kitange, ng'omulangira Muteesa ye muduumizi we ow'okuntikko, mulirwana mmwe babiri ggwe ne kitange. Newankubadde kitange akusinga amaanyi n'obukodyo, Balubaale tebalimuganya kukusinga, era olimusinga ggwe mu byonna. Awo bw'aliraba ng'ogenda kumutta, alyemulula mpolampola n'adduka. Bw'olimugoba ennyo, olituuka ekiseera n'omukasukira ekitala okumufumita. Wabula alikiwulira nga kimujjira era alyewugula okukiwona. Bwalimala okukyewugula bwati, aligwa mu kateebe olwo ggwe n'omuggyamu okumutaasa. Bwe kibeeranga bwe kiti nga bwe nkugambye, lw'olitegeera, era oddukanga buddusi okudda mu kigo kyo obeere eyo okutuusa amagye go lwe galikomawo mu kigo era n'olutalo lulikoma awo." Ko Omulangira Bakumba nti, "Biki ebiriddirira?" Ko Omulubaale nti, "Emmandwa egenze ebadde enjogererako, awo nange simanyi kya kukwanukula, wabula ekikulu kye nsigadde okukugamba kiri kimu kyokka." Ko Omulangira nti "Kiki?" Ko omulubaale "Kuva wano kati odde gye wavudde." Awo omulangira Bakumba n'avaayo ng'atidde era ng'alowoolereza nnyo

by'agambiddwa omulubaale. Ebyo nno Nakayiki ye yabimbuulira lwe twasisinkana olumu.

Bwe mba ndi mu lubiri, nga Mbazzi wuuno, taludde agankubyeko (amawulire) nti omulangira Muteesa akomyewo. Nga ŋŋenze okumwaniriza, natuuka abantu bonna bamukubira emizira nga basanyufu bya nsusso. Awo abakungu bonna ne bamukulisaayo n'atuukira ku kijjulo ekinyuvu ddala.

Ng'amaze ennaku nga bbiri mu lubiri okuva lwe yakomawo, abakungu baatuulirawo mu lukiiko okuteesa ddi ne butya bwe banaamutuuza ku nnamulondo. Baateesa byonna nga nze nsirise siyanukula, era buli omu n'akakasa nga ŋŋenda kukkiriza atuule ku nnamulondo. Nze kyenva mbabuulira nga bwe nali sikisiimye era bwe nali saagala ayanguwe mangu okuteekebwako. Bonna ne balyoka bankyukira ne bampakanya, wabula eyannyambako okubayimiriza ye Mulangira Muteesa yennyini. Awo nga Gwolyokya atandise okukola enteekateeka z'okutuuza Omulangira Muteesa mu kyama, yayita Omulangira we okuzeetabamu. Omulangira yakomba ku erima era n'atakkiriza kuzeetabamu. Teyakoma okwo, n'amulaalika nga bwatawagidde nteekateeka ezo kugenda mu maaso. Bino nno olowooza nnyina yabissaako omulaka mbu omulangira agaanyi? Wa! Ye yagenda bugenzi mu maaso nga bugolo. Awo kaddulubaale Gwolyokya n'ateesa mu kyama okunsanyaawo ku lunaku lwe nalina okusula ewuwe asobole okutwala ensonga z'okutuuza omulangira Muteesa ku nnamulondo nga tewali agamba.

Omanyi nze eyali omulamuzi mu kaseera kano ku lw'ekiragiro ky'omutanda eyabula era y'ensonga lwaki, nali nnina obuyinza obusukkulumu okusalawo ekisembayo olwo ekiteeso ekyo ekiba kyanjuliddwa Olukiiko ne kiryoka kikola.

Ku lunaku lwe nalina okusula ewa Kaddulubaale, natuuka yanfumbidde ekijjulo ekitabangawo nange ekyannewunyisa. Mutasalanjala n'ensenyi ze zokka ezaali zoogerera ku ttooke ng'oggyeko enkofu ezaali zaakula ne ziwola era ensava ezaali ziwooma okuzaama.

Eby'okulya n'okunywa byali tomooni ggwe wamma nga n'owemmindi asena. Nga butuuse mu ttumbi eyo, Kaddulubaale yakoleeza ettaala bwatyo n'akwata erudda n'ajjayo ekitala. Bwe yakireeta, nze ku mukkuto ogwandiko, nali simanyi biri ku nsi era nga ndi mu tulo tungi nnyo. Yasooka n'antunuulira olwo n'anyeenya omutwe ate n'azzaayo ekitala mu kiraato kyakyo. Bwe yamala n'akomawo n'ankwatako mu kyenyi n'aŋŋamba nti "Nsonyiwa busonyiyi naye sirina kyakukola. "Bw'akireeta ati, are n'atya n'akizzaayo. Bino byonna okubaawo, Mukisa yali bbali ng'amulaba. Wabula ng'amulinze waanakolera nsobi emu bweti alyoke amubuulire ekyaganna embwa okumera amayembe. Bwe yaddayo mu kisenge kye, ate n'akomawo. Ku luno yanzuukussa ne ntuula ku buliri. Olwo n'ajjayo ekitala n'akinteeka ku bulago era n'andagira okukwata ekkalaamu. Bwe nagikwata, n'aŋŋamba nti "Bw'otowandiika kulaga nti okkirizza okutuuza omwanange ku nnamulondo enkya, obubwo bukomye kati." Ko nze "Nze asinga okwagala okumufuula Kabaka n'okusinga ggwe kamuzaala."

Mba nkyayogera, kyava ansala ekirimi nti, "Olimba ki munnanfuusi ggwe ayagala okussaako Nnamige." Bwe nawulira kino, nawulira bulala ne mutunuulira butunuulizi nga sseggwanga bw'etunuulira akaana ka kamunye akabundabunda. Mu kiseera ekyo nali nneesibye akatambaala kitange ke yampa ku mutwe. Awo Kaddulubaale kyava ankwata mu mutwe, ne mmugamba nti "Togezaako

kunzigyako katambaala ako ku mutwe kubanga nkakuumidde ebbanga okuva mu buto bwange era n'okanzigyako enkya bajja ku kuziika nze nkubuulira." Ko ye nti "Kale nkalese, kati nno wandiika mangu okukakasa nti omukolo gwa kubaawo nkya oba si kyekyo, obulamu bwo buli mu matigga." Ko nze "Lindako okuwanika ekitala". Ko ye nti "Sikyasobola kulinda era ŋŋenda kukukola nga bwe nateeseteese." Ko nze "Kale nkukkirizza." Awo n'awanika ekitala. Bw'aba tannaba na kukituusa bulungi mu bbanga, nga Mukisa yakimuggyeeko dda era n'amuwumbirawo. Ekiro ekyo kyennyini yasula mu kisenge ky'abagenyi nga takkirizibwa kuvaayo. Wabula bwaba tannatwalibwa mu kisenge ekyo, namugamba nti "Mbadde nkusaasidde nga saagala kino kibeewo ku ggwe, kubanga we ŋŋambidde nti lindako okuwanika ekitala, mbadde ŋŋamba Mukisa so si ggwe," ekyamwewunyisa kyokka n'aseka amajeemulukufu.

Enkeera yaleetebwa mu maaso gange okumusalira omusango. Nga aleeteddwa, saamukkiriza kuwoza newankubadde omuntu yenna okumuwolereza ekyalowoozesa abantu bonna nti ŋŋenda kumusalira kibonerezo kya kuttibwa.

Kyokka ate nze nalagira bulagizi ateebwe era agende anfumbire ekyemisana, n'ekiro ky'olunaku olwo nsule ewuwe. Abasinga baakyewuunya nga n'okukiwakanya kw'otadde ng'oggyeeko ye mwennyini n'omulangira Muteesa abaategera ensonga eyansazisaawo ekyo. Kino nno okubaawo, kyaddirira ekirooto kye naloota nga Kabaka ambuulira engeri gye naakwatamu omusango gwa Gwolyokya okwagala okusanyaawo. Kabaka yaŋŋamba nti ssinga nkolayo ekintu kimu ekinaakakasa nti mwesiga, taliddamu nate kukola kintu kifaananako bwe kityo. Bwe namubuuza kye nali ow'okukola, n'alyoka ampa amagezi obutamusalira musango wabula okumuwembejja n'okumukkirizisa okunfumbira

eky'emisana nga Kaddulubaale. Yansaba n'okumubuulira nti kwali kusalawo kwa Kabaka obutassa mulangira we ku nnamulondo. Nga nvudde mu kirooto ekyo, nagendayo mu kisenge gye yasibwa ekiro ekyo ne mmubuulira buli kimu era n'abitegeera bulungi n'okwenenya ne yeenenya. Awo nange kwe kumusuubiza okumujjako omusango mu lwatu so si mu nkukutu.

OMULONDE ABEERA MULONDE

Mu mwaka gwa 1854, mu mwezi ogwa Mukutulansanja, omulangira Bakumba yatanula okulumba olubiri n'eggye lye ng'ayagala kulwanyisa omulangira Muteesa awamu n'okufufuggaza enteekateeka z'okumutuuza ku nnamulondo mu buwaze.

Nga nkitegedde nti abaserikale be baali bazimbye ekigo kyabwe e Munyonyo, nange nayita eggye lyange ne twolekera e Kazo ne tuzimbayo ekigo. Olwo ng'ekigendererwa ekikulu, tutaayize abalabe baleme kutuuka mu lubiri. Mu lutalo luno, n'omulangira Muteesa yaliwo era ye yali omuduumizi wange ow'okuntikko. Mu lunaku olwaddako, nawa ebiragiro ku nteekateeka eyali ey'okugobererwa mu lutalo olwo kafungulankete. Nagamba omulangira Muteesa okukwata eggye lye asigale ku kigo kyaffe ng'akuuma ekinaddirira. Nze nali nnina okukwata eggye lyange ŋŋende nnumbe nsaanyeewo abakyamu era nga mbamazeewo tutuule n'omulangira Bakumba mmukkirizise okukyuka okudda ku ludda lwaffe olutuufu. Naleka ŋŋambye omulangira Muteesa asigale bulindaala ng'abaserikale tebali mu kigo munda, wabula ebweru waakyo okukyetooloola mu bibira ebyali biriraanyeewo. Nabagamba okubeera abeetegefu n'obusaale

okukuba omulabe ssinga abeera azze okunyaga mu weema zaffe.

Nakola bwenti nga simanyi nti kinaatuyamba oluvannyuma kubanga nali sisuubira kuwangulwa. Kyokka ate kyatuyamba nnyo nnyini ng'olutalo luwedde. Anti baalugera dda nti "Kawuulu kagezi kaleka keeyalidde ne kagenda okunywa ogw'obusogozi." Newankubadde kyali bwe kityo, naduumira eggye n'essanyu, anti nga nnina buli kimu ekyetagisa era nga nninze lutalo kuggwa nkomewo n'obuwanguzi obunyooka n'omukka. Bwe natwala eggye lyange ery'enkumi ettaano ez'abalwanyi, Omulangira Bakumba ye yalina abalwanyi lukumi mu bitaano bokka. Kino kyali kirabikirawo nti nali wa kuwangula olw'abalwanyi abangi be nali nazze nabo ate nga balwanyi nnamige abateerya ntama mu kulwana olutalo. Kazzi ku ndali kugenda okujjako ensenke.

Awo obudde bwe bwali bukya, enkoko nagikwata mumwa bwe ntyo ne njolekera. Nali mmanyi bulungi bambega b'omulabe abaali mu kigo kyaffe, wabula nabaleka mu bugenderevu bagende babuulire mukama waabwe nti tugenda kulumba. Nali siyagala mbalumbe nga tebategedde okwekwasa era n'omusaayi gwabwe okusigala ku ngalo zange nti natta abantu nga tebeerwanyeeko weewaawo baali ku luda lwa mulabe. N'ekirala, nali sinnalaba ku Mukisa bwakomawo nga nnyinza okumuttirayo mu kulwanagana, kubanga ye yali mbega wange eyali yeeyama okubeera mu kigo ky'omulabe mu kaseera ako. Lwakuba simanyi nga nandikikoze ekyo ssinga nategeera ebyali bijja okuddirira oluvanyuma lw'olutalo. Ng'omulabe ategedde, bwe mba ntuuka n'eggye lyange e Kibuli, ne nnengera eggye ly'omulabe eritwolekedde. Awo nange ne nnyongera okusembera mu maaso n'abaserikale bange. Bwe twali tunaatera okusisinkana nze naye, yampita mu ddoboozi ery'omwanguka tusisinkane

wakati w'amagye gombi twogeremu ng'abantu abakulu. Awo ne ndagira amagye gange okusigala we gaali gayimiridde n'oli n'akola bwatyo, olwo ne tusisinkana. Bwe twasisinkana, ne tubuuzaganya mu bulungi. Awo kyava aŋŋamba nti "Wanika nga bukyali." Ko nze" Ogamba okusuula eby'okulwanyisa? Ekyo kikafuuwe." Ne mmugamba nti "Nze nnina abaserikale enkumi ttaano ate ggwe olina abaserikale lukumi mu bitaano. Abo batono nnyo nnyo era mu kitundu ky'essaawa nja kuba mbamazeewo." Ko ye nti "Kasita ggwe ogaanyi okuva ku lutalo luno, n'olwekyo tonnenya!" Ko nze "Nze naawe tonnyenya nga nkukubye awabi."

Awo ne tuddayo buli omu gye yali mu ggye lye. Nga buli omu atuuse ku ggye lye, nze nalagirira tusanyeewo omulabe mu bwangu ddala obatalekawo n'omu ng'oggyeko omulangira Bakumba yekka. Awo nno abaserikale bange ne balyoka badduka okusomoka ekiwonvu, baabo bagenze okulumba ab'omulabe. Ekyanneewunyisa, abaserikale bange baalumbanga naye ng'ab'omulabe tebava mu kifo. Nze nasigala mabega era saalumba, kubanga Mbazzi yali yaŋŋumizza nti agenda kusanyaawo buli mulabe yenna awatali agamba.

Abalwanyi bange bwe baba batuuka ku b'omulabe bwe bati, bali ne balyoka babakuba obusaale obwali obugada ng'ennyama abaali bakulembedde ennyiriri ne bagwa bonna ku ttaka. Abange bwe baba bakyagenda, ne babongera okubakuba obusaale emirundi musanvu egy'omuddiriŋŋanwa. Awo ne ntegeera ng'obudde bugayeggaye era buzibye ate nga misana ttuku. Tebaakoma okwo, abaali bakulembedde kyebava balekawo ebbanga nga bakutama wansi, olwo abaali emabega waabwe ku lunyiririu olw'okubiri ne bakasukira abange envuumuulo, ne ziryoka zibatonnyako ng'enkuba. Nabo ne bawa bannabwe ebbanga nga bakola nga bannaabwe

ab'olubereberye, abalala ne bajja n'obuso obwali ng'omusenyu gw'ennyanja. Ne balyoka babukasukira abange, ggwe wamma ne babuna emiwabo. Baakasukanga obuso, olwo abalala nga bwe basomba obuso obulala nga baleetera bano abakasusi. Ng'obwo buweddewo, ab'obusaale ne bakomawo buto ne babukuba mu bbanga, mu mbiriizi, ne wansi ku magulu era ku mulundi guno abasajja bange abasinga tebaalutonda.

Awo Mbazzi bwe yalaba olutalo lukutte wansi ne waggulu, kyava agamba mu ddoboozi eddene nti "Master, lagira abaserikale baffe badde emabega naye tuggwaawo, master nkwegayiridde." Awo ne ndagira tudde emabega kubanga ekyamazima kyali nti omulabe yali atuzimbyeko akasiisira akoolekera e magombe. Ko omulangira mu ddoboozi eddene ennyo nange lye nawulira gye nali nti "Temubaleka kugenda." Awo ne batugoba nga batuweerekeza obusaale, obuso, envuumuulo n'ebifunfugu. Olutalo okugenda okuggwa obulungi, eyagenda n'enkumi ettaano nakomawo n'abaserikale abatawera na kikumi. Ate naabo abatono be nakomawo nabo, bwe baalaba bafa nga biwuka, ne basuula eby'okulwnayisa byabwe ne beewaayo mu mukono gy'omulabe.

Awo nze ne Mbazzi ne tudduka emisinde ng'obusaale twewoma bwewome si kuba nga babutusoya. Okumanya baatutwala kirinnya mutikka, twasuula n'ebitala byaffe n'engabo okusobola okuweenyuka tutaase obulamu, ekiwejjowejjo nga tutuuse mu kigo.



Twasuula n'ebitala byaffe n'engabo

Bwe tuba tutuuka mu kigo bwe tuti, ko Mbazzi nti, “Master wano tebaliiwo, twabalese mu kibira.” Ko nze, “Mbadde nzijukira naye nze nkooye, ka ntuulemu ggwe genda obagambe nti tuve wano.” Bw’aba agenda bwati, nga tuwulira ebigere ebiva emabega wa weema we nali ntudde. Okwetegereza, nga baleese omuduumizi wange ow’eggye omulangira Muteesa n’eggye lyange lye nali nalese emabega nga liwambiddwa. Okutemya n’okuzibula nga baatutaddeko dda obunnyogoga nga tutambula batutwala. Omulabe ye teyafiirwayo muntu n’omu okuggyako bataano bokka be namanyaako abaafuna ebisago ebitegeerekera. Munnange siikulwiseeyo nga tusibwa mu kkomera lya mulabe. Bwe tuba tuli mu kkomera, kyenva mbuuza omulangira engeri gye baali baamuwambyemu. Ko ye nti, “Bwe mwabadde temunnaba kudda okuva mu lutalo, waliwo abasajja b’omulabe abazze ne batandika okukuŋŋaanya ebintu mu kigo kyaffe. Awo ne tulowooza nti baagala kubba buli kintu kyaffe kye nabadde siyinza kukkiriza n’akatono. Bwe tuba tukyatunula nze ne basajja bange, omu ku baserikale b’omulabe abo kyava agezaako okuleeta omuliro ayokye weema zaffe. Wazira bwe yabadde tannaba kwokya, ffe kwe kufubutuka mu kibira gye twabadde twekwese ne tubeetoolola ne batuwamba. Bwe twabadde tubasiba emigwa, ne batusekerera, okugenda okukyuka emabega waffe bwe tuti, ng’abalala bannaabwe batwetoolodde mu bungi era ne batulagira okussa wansi ebitala n’amafumu byaffe bwe tuba twagala obulamu. Naffe tetwabasumbuye, twakoze nga bwe baatugambye. Kwe kuwambibwa okwo na buli kati. Naye ssinga wabadde tewatuwadde magezi kubeera bweru wa kigo, abalabe banditusse bussi so si kutuwamba era kyatuyambye nnyo.”

Nga tuli mu kkomera, nayita omu ku bakuumi Abawalabu abaali baapangisiddwa omulabe ne nteesa naye. Bwe namubuuza ensimbi ze yali alina okusasulwa, yaŋŋamba

ebitundu bya ffeeza amakumi attaano. Nze kyenva nteesa naye mmuwe ebitundu bya ffeeza kikumi ate asigaleyo afune n'ataano ge yali akolerera. Nga tumaze okuteesa n'okukkaanya, yaleeta angoye ez'ekikungu ne tuzambala nze, Mbazzi omulangira Muteesa n'abakulu b'amagye gange abalala babiri. Awo n'atusumulula mpolampola n'atukulembera okutuusa lwe twafuluma ekkomera. Bwe twatuuka awalungi, awo nze kwe kukwata mu mutwe gwange, ne mpenjula okatambaala akambeeranga mu mutwe aka kitange, ne nkwata ensawo y'ensimbi ne ntoolamu ebitundu bya ffeeza kikumi ne mbimuwa, ne mmulagira addeyo ku mulimu. Bwe yali tannadduka bigere kkumi ng'addayo, abakuumi b'omulabe ne batwetooloola era ne batuwamba buto. Awo nno ne mmanya nga kirabika Balubaale twali twabanyiizizza oba ng'omukazi omuyima yali yatutuulidde ku kisaabo.

Awo kwe kulengera omuntu ayambadde engoye enjeru ng'ajja we twali. Yali Mukisa, kyava alagira abakuumi abo baddeyo ku mulimu. Ko omu ku bbo nti, "Yii Mukama waffe, tebaatutolokeko?" Ko ye "Mbagambye muddeyo mangu, temulina matu?" Awo ne badduka ne baddayo. Mukisa n'atuwerekerako okutuusa lwe twagwa ku bakuumi abalala abaali baatulinze emitala. Bwe twatuukawo bwe tuti, Mukisa n'atulagira okugenda mu masso ye asooke abeeko byakola. Bwatyo n'atuleka mu nkuyanja y'abalabe ye n'addayo, kubanga twali tetunnasomokera ddala kuva mu kigo ky'abalabe, anti n'abakuumi abaali baatulinze, era baali ku ludda lwa mulabe. Awo eyali akulira abakuumi abo kyava atulagira tusibwe buto. Bwe baatusiba, kyenva ngezaako okubasuubiza okubawa ensimbi batuleke. Naye oti nga bampuliriza? Wa! Baayongera kututwala. Awo nze kwe kubabuuza nti, "Nga lino ekkubo lye tukutte si lye lituzza mu kkomera, tulaga wa?" Ko omu ku bbo nti, "Anti wano

bw'ogezaako okutoloka, ottibwa buttibwa era kati mugenda kufa, kubanga mugezezzaako okutoloka." Awo omulangira n'afukumula ebigambo nkumu naye nga bali bongera kutusirisa na kututwala. Baamala ne batutuuza mu kigaali ekisikibwa endogoyi ne batwongerayo. Bino nno ebigaali byali byaleetebwa basuubuzi Abawalabu okutikkangako ebizito, mpozzi nabo bennyini okutambulirangako okuva ku mwalo ogumu okutuuka ku mulala. Nze amaanyi ganzigwa n'okwebaka ne nneebakamu ekisisimuka. Wabula ŋŋenda okudda engulu nneekkaanye, nga batuleese mu lubiri, era bwe batyo ne batwaniriza buto era ne batukulisaayo nnyo. Kyokka ekyanneewunyisa, Mukisa yaliwo nnyo okutukulisaayo era n'atwetondera okuleetebwa mu lubiri bwe tutyo, kubanga yali alina okuwugula bambega b'omulangira Bakumba baleme kumukonjera nga bwali omuli w'enkwe nga bazzeeyo mu kigo. Twawulira essanyu lingi era omulangira kata afukamire okwebaza Mukisa olw'essanyu eringi lye twawulira. Mu kissera ekyo, nasaba Mukisa asule naffe mu lubiri naye n'agaana, n'asalawo addeyo mu kigo ky'omulabe okukola emirimu gy'obwambega. Nange ne mmuleka n'agenda. Nga wayiseewo ezzooba limu okuva ku olwo, nasobola okutendekayo eggye eddala ne nnyongerako n'eggye eripangisibwa tusobole okuddamu okulwana n'omulabe kubanga nze saasobola kuwulira mirembe ng'omulabe akyayinaayina era ng'alya butaala. Nga nneetegese bulungi nnyo, nasalawo nziremu nnumbe omulabe. Obutafaananako nga luli, ku luno nali wa kulumba nga tebategedde, olwo ndyoke mbasanyeewo bonna obutasonyiwa mulabe n'omu. Mu lutalo luno, nateekateeka embalaasi ebikumi bibiri ze nagula okuva ku basuubuzi Abawalabu mu kiseera ekyo.

Napangisa eggye ly'abalwanyi ebikumi bisatu abaali baakafulu mu kuwuuba ekitala, okulwanyisa obusaale n'obuso, mpozzi n'okulwanyisa amafumu. Nagezaako

okufuna emmundu naye zambula. Bwe ntyo ne nsalawo ŋŋende mu maaso n'ekiriwo. Anti enkumbi okubula ewa munafu mpoza nze kye sisobola kukola. Siikulwiseeyo nga nduumira ggye kugenda mu lutalo. Nagenda n'eggye ly'abantu lunaana okulwana. Bwe tuba tunaatera okutuuka ku kigo kyabwe, ne tulengera eggye eridduka okuva ku kigo kyabwe okujja okutuyimiriza. Ekituufu kyali nti, abalabe baali baakitegedde nti tugenda kulumba era baali baatwetegekedde. Bwe natunuulira eggye lyabwe, nalengera abaserikale batono nnyo okusinga ffe n'okusinga luli bwe baali mu lutalo olwasooka. Ne nsooka ntyamu, era bwe ntyo ne ntuma omulenzi okugenda okubuuza mbega waffe we twateeseza okumusanga atubuulire omulabe bwe yali ayimiridde. Gwe natuma nga akomyewo, yandeetera olupapula lw'obukessi olwali lwawandiikiddwa mbega waffe. Mu lupapula luno, mbega yagamba nti; omulabe yali azze n'eggye ly'abantu bikumi bibiri bokka. Bwe najja amaaso ku lupapula nga nsoma omuwendo ogwo, nagezaako okulengera ewala ne nneekkaanya abaserikale ng'amakumi ataano nga buli omu alina emmundu n'ebisalaganda by'amasasi. Awo ne ntegeera ensonga eyaleesa omulabe abaserikale abatono. Bwe nazza amaaso ku lupapula, mbega wange yayongera okundabula obutanyaga kigo kyabwe, olw'ensonga nti eggye erisinga obungi lyali lyasigadde mu kigo. Ng'omulangira Bakumba ky'ayagala nti ssinga mpangula, njakulagira abaserikale bange okugenda mu kigo kye okufuna omunyago, olwo nga tutuuseeyo, balyoke batwetooloole, batuyiire obusaale. Era ku luno batusaanyeewo ffenna n'omulangira Muteesa nga mwali. Awo ne mmanya ng'omusajja oyo mumalirivu okulya obwakabaka, kubanga yali annyigirizza nnyo olukokola lw'omukono gwe ogwa ddyo mu mbiriizi zange okusinziira mu ndaba gye nalabamu olutalo luno nga bwe lwali lugenda okubeera. Mba ndi awo, ng'obubaka obulala butuuka. Bwe

nabukebera, mbega wange n'ambuulira ku mmundu ebikumi bitaano empya ezaali zaakaleetebwa. Bwe mba ntandise okwewuunya, ne nnengera n'amaaso gange nga baamusibiramubbwa b'omulabe bonna babakwasa emmundu, era ng'ebitala n'obusaale babikwasa abalenzi baabwe okubizzaayo. Ne nzigwamu amaanyi, kyokka ekyanneewunyisa ennyo ne kaakano kye nategeera oluvannyuma, emmundu ezo zaali tezikola, byali biti era ebibaawo ebyakomolebwa okufaanana ng'emmundu, olwo ne babisiiga langi enzirugavu okusiriwaza bambega bange nange ntye nzigwemu n'agalwana olutalo. Nga omulangira Bakumba bwe yateekateeka era bwe kyali kubanga bambega bange baasiriwazibwa nga nange mwendi kamwa koogera.

Nga nsobeddwa eky'okukola, omulangira Muteesa kyava ambuuza eky'okukola, anti nga ffenna bitusobedde. Awo ne mmugamba nti, "Kaŋŋende nsabe omusajja oyo nnwane naye martial arts. Bwe nnaamuwangula, nga nze mpangudde oba bw'ampangula nga ye yawangudde." Omulangira yampuliriza era n'akkiriza. Nga musabye mu ddoboozi eddene, omulangira Bakumba yakkiriza okulwana nange. Ng'akkirizza bwati, nava ku mbalaasi ne nzigya nga nnyanguwa okutuuka mu makkati g'amagye gaffe, nze n'omulangira Bakumba. Okutemya n'okuzibula naye nga yatuuse dda. Awo nno ne tulyoka tweteekateeka okweragako buli omu kye yali asobola. Twasooka kulwanyisa bitala, era byakaabira ddala okwesooza kudda bbali. Waliwo lwe yakuba ekitala kyange ng'akozesa ekikye ne kigwa eri. Nga nsigaliddewo, yabuuka mu bbanga, olwo ne yeefuulira mu mpewo okunsaanyaawo. Engeri gye nali mmanyi obulungi nti nange ye nkola gye nakozesanga era nga mmanyi enkola yaayo eri omuntu gwe boolekera mu ngeri eyo, nategeera nti ssinga sibaako kye nkola mu bwangu, obwange bwali bukomye. Awo mu kwefuulira mu bbanga, we nnayoolera

enfuufu ne ngimuyira mu maaso ne mu kamwa. Agenda okutuuka ku ttaka, nga tabitegeera bibaddewo. Awo kyenva ntunulako ebbali, ne ndaba Mukisa ng'ampagira nnyo weewaawo yali ku ludda lw'abalabe. Bwe nakyusa nti amaaso, ne ndaba ng'omulangira Muteesa, Mbazzi ne Nnamige bantunulidde butunulizi tewali kirala. Mu kaseera ako omulabe kyava agamba nti "Owange, oli musajja wa kisa, n'otanzita ng'obadde ofunye omukisa?" Ko nze Sisobola kukutta ggwe, naye nkwagaliza buwanguzi n'addala ng'okyuse okuva ku ludda olukyamu okudda ku ludda olutuufu." Awo ne ndaba ng'akendedde ettumbiizi ly'okwagala okunzita.

Bwe twaddamu ne tulwana, waliwo lwe namusuuza ekitala kye ne kigwa ttayo. Mu kaseera ako kyenva mbuuka mu bbanga mmumalirize, wabula ne mbuuka nnyo. Awo nga nkyefuulira mu bbanga, yasalawo ajjeyo akatala akatono (akaso) akankasukire kanfumite olutalo luggwe. Wazira bw'aba apapirira okukasokoolayo, omulangira Muteesa n'amulasa akasaale mu kibatu kye ekya ddyo ekyali kikakutteko. Nze nagenda okutonnya ku ttaka obulungi, oli nga yavuddewo dda n'akasaale ke. Olowooza yayimirizaamu okulwana, wa! Kye yakola, yankuba ensamba ggere ne ngwa eri, olwo n'asiba ekiwundu kye, n'addamu buto okunnwanyisa. Nga tulwanye okumala akabanga, yatuuka n'ajjayo envuumuulo aginkube. Mu kaseera ako yali anneesuddeko akabanga.
Bwatyo yagikasuka, wabula kyo yali enkubye, naye yampita ku mutwe waggulu, kata ekoone ku sseppeewo yange. Era bwetyo yatuukira ku muserikale we eyandi emabega n'emukuba ku nnyindo. N'oluvannyuma omuserikale oyo yagwa ku kitala kya munne n'afiirawo. Bwe yalaba nga tenkubye wabula okutta omuserikale we, naawulira obusungu era n'asiba ekyenyi ng'ekizzizza omusango. Awo

n’ankusikira obuso obutono obw’okumukumu okunfumita. Naye nno amaanyi ge agaabukasuka gaafa busa, kubanga nabwewoma bwonna. Naye nga ekyasinga okubuntaasaako obuso bwe obutanfumita, nali ku ludda lw’abasajja be nga tulwana. Awo buli lwe yakasukanga akaso okunfumita ne nneewoma, nga kafumita omu ku basajja be. Era olw’okukasuka obuso obungi, yafumita bangi nnyo ku basajja be.

Nagenda okulaba, nga tulwana tetumala, kyokka omusajja nga mukugu mu kulwana, ate nga alina amaanyi mangi. Natuuka ekiseera ne nzikiriza nti omusajja oyo alabika yali ansingako mu maanyi ne mukulwana. Kyenva ŋŋamba muli mu mwoyo gwange nti, “Obulamu businga okuswala, leka nziruke ntaase obulamu nga musajja mukulu tannansaanyaawo, waakiri nnaaswalira eyo olw’okudduka omulabe naye nga sifudde.” Awo ne mmutiisatiisaamu katono ne ndyoka nziruka emisinde gye wali olabye. Olowooza yandeka bulesi? Wa! Yantwala ennyindo y’enkata era yamperekeza embiro ziri nga ne kakutanda ekigere kyo ne kimala kiwagamirako mu bintuntu nga kalandalugo n’ogwa, bwe kutaba kuwongerera nnyo bajjawo kumalirako ttaka. Nga tudduse olugendo luwanvuko ddala, natuuka ne nsanga emizinga gy’enjuki kyokka ne mpitamu miyite. Bwe mba nneeyongerayo, ne nsanga ezaali zikoze engeri y’ekire okuva waggulu okutuusa wansi nga bye ziwuuma!!!! Kika buka. Awo nga bw’oziyitamu, obeera weeyitira walumbe akukimeko mu ngeri enkyamu. Bwe ntyo nga ntuuse we zaali, nayimirira ne sseeyongera mu maaso olw’okutya okungi. Mba nkyali awo, okukyuka emabega ng’omutemu ajja. Awo bwe nali nkyuse okuweta okuddukira ku luuyi olulala era nga naye enjuki azirabye, n’alyoka ansindikira ekitala n’amaanyi ge gonna. Wazira ate bwe nali nkyewoma ekitala kye, ne ngwa mu kateebe. Bwe mba nnaatera okubulirayo, kyava adduka mangu n’ajja

n’anzigyayo, n’anteeka ku lukalu. Bwe namala okwekubako amazzi, ne mmulaba ng’antuuseeko, ne mmanya ng’eyanjalula bw’esiridde era bwe ŋŋenda okugoberera bajjajjange abansookayo.

Ekyannewunyisa, yankwata emikono gyombi naŋŋamba nti “Totya master, kaakano nkwegasseeko okukuweereza, kubanga ompagudde kaakano.” Ko nze “Munnage nnina omukazi n’abaana, ndekera obulamu ŋŋende, kubanga nze nakkirizza dda nti wampangudde,.” Ko ye nti “Sikulimba gwe mukama wange kaakati, era nzikirizza mpeereze omulangira Muteesa ng’atudde ku ntebe ey’obwakabaka.’ Nze kwe kumuddamu nti “Ndi mu kirooto oba?” Ko ye nti, “Taata yandoosezza ekirooto obutaddamu nate kuyiwa musaayi gwa bwereere, era luno lwe lulwana lwange olubadde lusembyeyo. Naye kye nkusaba kiri kimu.” Ko nze, “Kiki?” Ko ye nti, “Nkukutte entege n’amagulu, nsonyiwa ebibi bye nkukoze ne byenkoze omulangira. Mbadde mukyamu era neenenyezza. Kye nzudde nti siri wa kubeera Kabaka ne bwendikola ntya, naye simanyi ngeri gye nnyinza kwetondamu n’okkiriza.” Ko nze “Bw’oba weenenyezza, nkusonyiye era n’omulangira ajja kukusonyiwa ng’akitegedde nti weenenyeza.” Tuba tukyayogera, gye twakuba amaaso ku njuki ezaali zifuumuuka ng’olufu okutwolekera. Kyetuva tusalawo tudduke. Twaduuka bwe tugwa okutuusa lwe twatuuka gye twali twavudde. Nga tutuuse we twali twalwanidde, Omulangira Muteesa ye yalowooza nti omusajja oyo waakunzita. Awo bwe yali ayasamya akamwa ke abeeko kyayogera, Omulangira Muteesa n’amukuba akasaale mu kifuba.

Nga akubiddwa akasaale bwati, Bakumba kyava ayogera nti “Gunsinze, nkoze ensobi nnene obutakola nga bwe baaŋŋamba.” Bwe yamaliriza okwogera ebyo, n’agwa eri n’akutuka n’afa. Saasooka kutegera kye yali agambye nga

agenda okufa okutuusa lwe najjukira (Nga kirabika yali ategeeza ebigambo by'omulubaale Nakayiki lwe yamulagula, amale amulabule obutadduka kwolekera magye ge, wabula okugenda awalala ng'amaze okunzigyayo mu kateebe.) Okwetegereza ng'eyomulangira Bakumba yavuunikiddwa dda, era ng'asigadde kufumwa bufumwa. Eggye lye lyali ku bbali nga batunula. Abaserikale be bwe baalaba ng'omukulembeze waabwe afudde, ne badduka okudda mu kigo kyabwe. Mbazzi kyava aduumira eggye lyange okubagoba, naye nze ne mmugaana. Mu kiseera ekyo omulangira Muteesa yatuuka ku mulangira munne Bakumba n'amusalako omutwe. Ng'amusse, obusungu bwange bwabuubuukira Omulangira Muteesa okutta omuntu eyali yeenenyezza ne ntuuka n'obutamuddamu kibuuzo kyonna kye yambuuza wazira okumutunuulira obutunuulizi. Ssinga teyali mulangira, simanyi nga nandimulekedde obulamu bwe okusanyaawo omuntu eyeenenyezza era eyali amponyezza mu kateebe. Bwe twali tuddayo mu lubiri, olwo nga tuli n'amagye g'omugenzi, nabuulira omulangira buli kimu ekyaliwo nga tudduse okuva we twali tulwanira. Bwe yakitegeera, yeenenya nnyo muli, era n'ansaba ekisonyiwo olw'okutta omuntu eyali afuuse mukwano gwafffe mu kaseero ako. Nga tuzzeeyo mu lubiri, twatuuka batukukubira mizira olw'obuwanguzi bwe twali tutuuse nabwo. Newankubadde baatusanyukira nnyo nnyini abambejja n'abakungu abalala, ffe tetwali basanyufu, kubanga twali tutuuse n'obuwanguzi obwali bugengewadde era nga buyuliseyulise ebituli okuba nga twakomawo n'enjole y'omulangira Bakumba sso nga yali yeenenyezza era nga atuukiridde. Ng'ennaku musanvu ziyiseewo, omulangira Muteesa namutuuza ku nnamulondo, era n'afuuka Kabaka, kubanga kitaawe yali yandagidde okumutikkira mu bwangu ddala nga ndi mu kirooto ekiro. Nga Kabaka Walugembe Muteesa akajjalidde ku nnamulondo, nawulira nga

mpewedde. Awo lumu bwe nagenda mu bazadde bange okubabuuzaako, baanjozaayoza nnyo ku buwanguzi bwe natuukako era ne bansanyukira nnyo okusigaza ekitiibwa eky'okutuuza Kabaka ku nnamulondo. Ebyo nga biwedde, lumu bwe nali nsuze ewa Mukisa, kyava ampita nti "Baze." Ko nze "Wangi." N'addamu nti, "Baze." Ko nze nti, "Wangi mukwano." Ko ye nti, "Baze." Ko nze nti, "Mulungi wange nze nzuuno." Ko ye nti, "Enkya ŋŋenda kukuvaako obutaddamu ku ndaba nate." Ko nze nti, "Naye maama Naaka, leka kuntiisa kiro kino nga ŋŋenda kwebaka, nnyinza okuloota ebirooto ebibi." Awo bwe nalaba ng'amaziga gatandiise okukulukuta nga mukoka w'enkuba, ne ndyoka ntegeera nga sibya kusaaga. Ko nze "Kiki mukwano ekikuluma?" Ko ye nti, "Siyinza kubeera wano mirembe ng'abaana b'omugenzi babonaabona awatali ayamba." Ko nze "Ogamba omulangira Bakumba eyafudde?" Ko ye nti, "Bwe kiri Kabaka." Ko nze "Bajja kukuwulira ng'ompita Kabaka so nga Kabaka omuggya waali amoga!" Ko ye nti, "Anti ggwe Kabaka w'omutima gwange." Ko nze "Kati bw'onaagenda naasigala naani nze?" Ko ye nti, "Kasita Sanyu waali." Ko nze, "Nedda nze njagala ggwe ataasizza obulamu bwange emirundi enkumu." Ko ye nti, "Nnina okugenda ndabirire abaana ba mwannyinaze kubanga nnamwandu tajja kusobola kubalabirira ng'ali yekka." Awo ne mmuddamu nga gampitamu agajjulujjulu nti, "Naye simanyi oba ng'omanyi bwe nsiima ennyo era bwe nkwebaza ennyo olw'okunkuuma buli kiseera n'okunnwaniriranga!!!" Ko ye nti, "Nkimanyi munnange, kubanga oli musajja mulungi nga nze." Awo ne tusekamu katono. Kyenva mmubuuza nti, "Oba Sanyu alina bye yakugambye ebitatuukiridde nga bye bikunyiizizza?" Ko ye nti, "Owa! Bizibu." Olwawulira kino, ne ntegeera nga Sanyu ye yanyiizizza Mukisa. Awo ne nvaawo nga


nsunguwadde ne njolekera ekiro ekyo mmubuuze akana n'akataano.

Bwe nali ntuuka mu luggya, ne ndaba abaserikale abanneetooloola. Bwe nabuuza ekibakoza ekyo, omu ku bbo kwe kuddamu nti, "Twagala kukuta, omwoyo gwo gugende n'ogwa mukama waffe okugwetondera ku lw'ensobi ya Kabaka gye yakola awamu n'eyiyo. Bwaba tannakimalayo, nga Mukisa yabafumise dda awatali kubuuza kintu kyonna. Awo n'ankwata n'anzizaayo mu kisenge kyange, ne ngalamira ku buliri nga nneewuuya ensi bwe yali yeesulise mu bubangalavu bwe sitegeera bulungi. Obudde nga bukedde, Mukisa yakeera wa Sanyu okumusiibula, n'agenda ne mu bazadde bange, n'agenda n'asiibula ne Kabaka. Eyo nno yalwayo nnyo nga banyumya. Teyakoma okwo, n'asiibula ne mikwano gye emirala egyali mu lubiri. Obudde nga butuuse awo nga ku ssaawa kkumi enkoloto we zisabira obuyambi bw'okuzimba enju ennene okuva mu zinnaazo endala, yatanula nate okusiibula olubiri mu butongole. Nze naliwo, Kabaka yaliwo, Sanyu yaliwo na buli muntu yenna eyali amumanyi yaliwo.

Awo kyava alinnya embalaasi ye, n'akawala akaamukwatiranga eby'okulwanyisa. Naalagira eggye ly'omugenzi abaali bazze okumukima, n'abaduumira ne bagenda. Eggye lye yagenda nalyo mu kaseero ako baali abaserikale enkumi bbiri nnambirira nga tekuli ggye ppangise lye twabeeranga nalyo. Anti nange namuwa abamu ku basajja bange abaakulemberwa Mbazzi. Bwe nali nsaba Mbazzi okuwerekera Mukisa, yafukamira wansi kye nali sirabangako. n'ayogera nga bw'akaaba nti "Bambi master, nsaasira busaasizi nsigale naawe kubanga nze nawayo obulamu bwange bwonna okukuweereza okutuusa lwe ndifa." Ko nze "Nsiimye nnyo ebbanga lyonna lye tumaze nga tuli ffenna,

era nkukakasa nti toliva mu mutima gwange obulamu bwange bwonna. Kasita olibeera ne Mukisa, owuliranga kye kimu nga bwe wabeeranga nange, era kasita oli muweereza ye, omuweerezanga kye kimu nga bwe wampeerezanga nze. N'olwekyo omulwaniriranga nga bw'obadde onnwanirira, era buli ky'anaakugambanga okiwulirizanga. Sikusiibudde butaddamu kukulaba nate, naye nkuyozaayoza kuva mu kitundu ekimu okugenda mu kirala, kubanga omuntu si lusozi, nti we yatonderwa waalibeera ennaku ze zonna ku nsi." Awo Mbazzi naava we nali nga ndaba emmeeme ye emwebbise, nga n'amaaso ge gamyuse galinga kaamululi. Bwe baali basimbula, Mukisa yali tamanyi nga namuwadde Mbazzi okubeera naye. Olw'amulaba, ye n'amugaana, kyokka nze ne simuganya kunziriza kirabo kyange ekyali kinsingira omuwendo, eky'omusajja wange Mbazzi, kye nali mmugabidde. Bwe batyo ne bava mu lubiri ne mu bwakabaka bwa Buganda, okwolekera mu nsi endala nange gye simanyi, kubanga na guno gujwa, siddangamu kubalaba newankubadde okubawulizaako. Era simanyi nga ndiddamu okubalaba, kubanga olumu natambulako ebitundu eby'enjawulo okwetooloola ensi yaffe nga mbanoonya, naye ne sibalaba. Ng'obudde buzibye, nagenda okuwulira ng'ebirowoozo binzimbyeko ensiisira ewedde n'okusereka. Awo kye nakola, nga nfuluma bweru, nfuna mbalaasi, nga ngyeebaggala okugoberera Mukisa. Tewali muntu yakimaanya, kubanga n'abakuumi bange nakibakweka. Awo ne nsimbula ne ŋŋenda. Eky'omukisa, sirina kabi kantuukako mu kkubo era nabatuukako mirembe, naye nabatuukako bugenda kukya. Bwe nabalengera nga naatera okubatuukako, nasalinkiriza ne mbataayiza mu maaso nga batambula. Bwe nabayimirira mu maaso gaabwe, kyenva ntunuulira Mukisa, ne nva ku mbalaasi, naye n'ava ku yiye, ne tugwaŋŋana mu kifuba ne tumala ne twetunuulira. Twabeera bwe tutyo okutuusa lwe

yaŋŋumya bwe yaŋŋamba nti tali nneerabira emirembe n'ennaku, era nga bwe kinaabanga kisobose, alikomawo okumbuuzangako ne tulabagana n'okunyumya mu biseera ebijja mu maaso. Awo n'ansiibula naye nga si nze gwe basiibula. Awo ne bagenda, ne bandekawo nga nkyabatunuulidde okutuusa ekibira lwe kyabamira n'olufu ne lubasiikiriza okuba nga sikyabalaba, kubanga lwali lwagudde lungi nnyo ku lunaku olwo.



Awo n'ansiibula naye nga si nze gwe basiibula.

Awo kwe kwebaggala embalaassi yange. Mba nkyali awo, ne mpulira ng'obunnyogovu buzze okubuna omubiri gwange gwonna. Awo n'enva ku mbalaasi, ne nkwata akagwa kaayo, olwo ne nkyusa ate okukomawo mu lubiri nga ntambuza bigere, obunnyogovu bukendeereko. Ate olwo nsisinkane kaddulubaale wange ow'olubereberye mu bulamu bwange, mwana muwala Han Hye Jin gwe natuuma Sanyu Nnambi, awamu ne Nnamige Mutabani wange omubereberye.

EBIMU KU BISOKO N'AMAKULU GAABYO

1. Kwokya musubi-kudduka.
2. Eyakwalula okusiriira (enkejje) - omutawaana okukujjira.
3. Ebintu okuba eby'ekiyita mu luggya -Ebintu ebiseebengerera amangu ne biggwaawo.
4. Okulinnya mu Kyoto -kugaanira ddala.
5. Nga buteerere-Omuntu Okugezaako ennyo okukola ekintu naye ne kigaana.
6. Okwekwata omusoobooza -kubeera na nsonyi.
7. Obugere okukuba sikyakyala - kuzirika.
8. Okuyimbya omuntu endubaale- kubonyaabonya muntu.
9. Okwambala musajja tabanjika -kwambala ngoye nkadde, nga njulifu ate nga za biraka
10. Okukyusa obuwuufu- kudda gy'ova.
11. Okwessa mu ddene- kutandika kutambula.
12. Okukuba omuntu ku nsolobotto – kugaana muntu kwogera kyabadde ayagala ayogere.
13. Okutwala omuntu n'ekisubi ku liiso – kubonyaabonya muntu.
14. Fulula biswa- ekintu ekisukkulumu mu bunene oba mu buzito.
15. Okukkirira ennyindo gye zirembekera mukoka – kuserengeta magombe, kufa.
16. Ekiddirawamu – ekinyonyi ekirya enkoko.
17. Nga lumalamu amazzi – Ng'omuntu afa.
18. Omuntu okumumaza emmere – kutta muntu.
19. Kukuba bulatti ng'omusezi asula ku limbo –kubeera mu ddembe nga n'okukaada okaada.
20. Kwagaagala nga ekirugu- kukola ky'oyagala nga bw'olabye.
21. Okumiza omuntu omukka omusu – kutta muntu.

22. Omuntu okuba nga yamazeemu dda omusulo – omuntu okuba nga yadduse dda.
23. Ensanke- omusaayi oguyiika.
24. Omuntu okumubuzaako obwekyusizo – kumalako muntu mirembe.
25. Omuntu okugoberera bajjajjaabe abaamusookayo- kufa.
26. Okutta ku bigere-kutambula ne weekengera n'oyimiriramu okuwuliriza.
27. Okutta enswa- okukwata enswa.
28. Mutasalanjala- enkoko
29. Akataayi okusala oluggya – mu bwangu obw'ekitalo.
30. Nga lumalamu amazzi- Ng'omuntu afa.
31. Emirembe n'ennaku – bulijjo.
32. Omuntu okutwalibwa ng'ennyindo y'enkata – muntu kudduka nnyo nga bamugoba.
33. Nga kakujjuutuka – ng'obuzibu bukujjide.
34. Okujjayo n'ag'omubuto- kukola ekintu n'amaanyi go gonna awatali kwerekerayo.
35. Kuyotta- kudduka.
36. Okusuula ekintu magalabanja – butafa ku kintu so nga kya mugaso.
37. Okugalinnyamu gye gava- kwereetera buzibu.
38. Okweyolera empiri mu bunnya - kwereetera mutawaana.
39. Okumiza omuntu omukka omusu – kutta muntu.
40. Okukuba ennoga kaalanga – kuwoomerwa nnyo.
41. Enkoko okugikwata omumwa – kukeera kumakya nnyo.
42. Obulungi okumukuba ku mpagi- muntu (n'addala omuwala) kubeera nga yalungiwa.
43. Olusebenju- okuliraana ku bbalaza ly'enju.
44. Okukona ng'ebikongo – kusirikira ddala.

45. Omuntu ekintu okumujja enviiri ku mutwe – muntu kulaba ky'abadde tasuubira.
46. Okulumuviira ku ntono – kunyumiza muntu mboozi nga bwe yali mu bulambulukufu.
47. Omuntu okulya munne obumere – Omuntu okutta munne.
48. Okujja ku mugga okwemalako ekko – kutuuka mu kifo kituufu awali ky'oyagala.
49. Enjala mawulenge – enjala esukkiridde okuba ennyingi.
50. Okwegolola obw'entoogo - okuyimirira bulambalamba.
51. Omuntu atasiba zikweya- Omuntu omuzibu era omukambwe.
52. Okuwala enswaswa ku lwazi – kuteganira bwerere.


EZIMU KU NGERO ZO'LULIMI OLUGANDA

1. Omukadde lw'alabye ku babe – empewo lw'emufuuwa.
2. Kateeyanira – kafa omutego.
3. Gw'osusa emmwanyi – omusanga ku nnyanja ng'awungula.
4. Ezinunula omunaku – Lugaba azitunga kiro.
5. Ndikumma okulya – ne nkulyowa omwoyo.
6. Tokiiya ŋŋonge nto- bw'ekula ogyambalako eddiba.
7. Sserwajja okwata – lukiza nnyinimu entannama.
8. Kyaterekera omunaku-tekivunda.
9. Kikonyogo bakikasuka kulaalira – kijja na kirimba.
10. Okuliraana omukulu ataddiza – oliraana empagi ey'empumbu.
11. Tekirya munaku- nga tekimulabye.
12. Omukwano masavu-ogalya gakyayokya.
13. Abataka nkwenge – Gw'olya naye y'akutta.
14. Bw'olaba omugenge yeeyunira ettu- Ng'omanya ku lugalo kwasigalako ensajja.
15. Abalungi ndagala nnamu – teziggwa mu lusuku.
16. Ekita ekitava ku ssengenjero – ye wankindo.
17. Ensisinkalo teba ya lumu – Enkejje ereka amazzi mu nnyanja n'egasanga mu ntamu.
18. Abayita ababiri bejjukanya- Enviiri zikubuulira engo.
19. Omuzira afiira watono – amazzi gafiira muntamu.
20. Ataalukutambulire- akusibira y'amenvu.
21. Ssekamuli kansaze- nga ggwe okagagambudde.
22. Balubuuliza mbazzi – luli ku muddo lulya.
23. Omusango bijanjaalo – obikkuta kiro.
24. Tota mabi- nga omutwe gw'ente simukube
25. Embuulire – tefa yonna.
26. Kiridde bwami- ekyamusengusanga akyerabira.
27. Omwami alidda ddi – bw'adda ku ggwe kwaggukira ng'akuba.

28. Agenda akaaba- tekikulobera kumulagiriza.
29. N'omugezi awubwa – amatu tegawulira vvumbe.
30. Omukwano gutta bingi – enkukunyi emegga embwa.
31. Akeezimbira- tekaba kato.
32. Awalungi tewaba wannyu – oleka mujaguzo evuga n'okkirira mu kyalo.
33. Abalirira ekigula enkumbi – tawa munne ssooli ddene.
34. Ndi mugezi – nga mubuulire.
35. Bwe baba babuulirira omwana wa boowo- nga naawe ow'omunaku okutu okunkumula.
36. Anaaseera owuwe- nti leka ab'ebweru balye.
37. Agamyuka omutezi – ge gamyuka n'akasolo.
38. Ennaku bw'ekusanga ogigumiranga - ekikere kisula kisitamye.
39. Akataazimbe – emmuli kazitwala bukiika.
40. Oluganda kulya – olugenda enjala terudda.
41. Ak'omuntu si ka nte – nti we yakaabira jjo na kati.
42. Omuwabutwa alina emmere ye- tabulwa gw'atta.
43. Oluyitaayita – lukira oluliira ku nkoligo.
44. Omugenyi tamala nnaku zisinga wano -nga ze yalaga zituuse.
45. Atamanyi bikiinibwa – bwe bamuyita okulya ng'ajja.
46. Abalungi mbwa ya nnamaaso – bwe tabba eyigga.
47. Enkerettanyi bwe bagitega amenvu- erya bibombo.
48. Akuwaliriza okulinnya – bwogwa akuyita kadduwannema.
49. Kirimuttu- kimanyibwa nnyini kyo.
50. Akukeera bwatakuzinga muggo- akuzinga bugenyi.
51. Anaakwata enswa ensjjere- asooka kusima nvubo.
52. Ssenkusigule nkusigule omumwa ogw'engulu gwasigula ogw'emmanga, nti gira tulye eby'okya." Bwe baatandika okubirya, ogw'engulu gwo gwewanika

bwewanisi waggulu, nga guleka ogw’emmanga okwokebwa.

This document was downloaded from https://exoticnotes.com



Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?

Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/

If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/science/

If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/english/

If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/